

Enjigiriza y'eba Baibuli

HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.

Olusoma luno luli kitundu ku “**Harvestime International Institute,**” ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuukiridde.

Omulumwa omukulu mu kutendekebwu kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery’etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuvira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw’ekubisaamu, okwetegeka n’okwekuñhaanya okutuuka ku kiuubirirwa eky’okubuulira enjiri.

EBIRI MUKITABO KINO

Enkozes a y'ekitabo.....	3
Ebyandikoeddwa abasomera mu bibinja.....	4
Ennyanjula y'olusoma.....	5
1. Essuula Esooka: Enjigiza ku Katonda Taata.....	9
2. Essuula eyokubiri: Enjigiriza ku Yesu Kristo.....	35
3. Essuula ey'okusatu: Enjigiriza ku Mwoyo Omukuvu.....	77
4. Essuula ey'okuna: Enjigiriza ku Bamalayika.....	111
5. Essuula ey'okutaano: Enjigiriza ku Sitaani Ne Ziddayimooni.....	126
6. Essuula ey'omukaaga: Enjigiriza ku Baibuli.....	141
7. Essuula ey'omusanvu: Enjigiriza ku Kibi.....	168
8. Essuula ey'omunaana: Enjigiriza ku Bulokozi.....	184
9. Essuula ey'omwenda: Enjigiriza ku Kkanisa.....	196
10. Essuula Ekkumi: Enjigiriza ku bunnabbi, Ebiseera eby'enkomerero, Emirembe n'emirembe..	209
Okuwumbawumba.....	223
Eby'okuddamu Ku bibuuzo by'okwegezaamu.....	224

ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

(Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

Ebigendererwa: Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

Olunnyiriri olukulu: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

Ebiri mu ssuula: Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

Okwegezaamu: Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

Okweyongerayo okusoma: Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

Ebigezo ebyakamalirizo: Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

EBYANDIKOLEDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

OLUTUULA OLUSOOKA.

Okuggulawo: Mugguleewo na kusaba olwo mwelianjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

Okutendereza n'okusinza: Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

Gabira abayizi ebitabo: Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakylo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

Tegeka omulimu ogusooka: Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweeddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZZIDDIRIRA.

Okuggulawo: Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bona era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

Okwejjukanya: Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

Essomo: Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuzzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

Okwegezaamu: Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

Okweyongera okusoma: Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

Ebibuzzo ebyakamalirizo: Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

ENNYANJULA Y'OLUSOMA

Ekigambo "theology" kiva mu bigambo bibiri eby'Oluyonaani, *theos* ekitegeeza "Katonda" ne logos ekitegeeza"ekigambo ekikwata ku" oba "okusoma" ku Katonda nga bwabikkulwa mu Byawandiikibwa. Mu ngeri ennyangu, kitegeeza okusoma Baibuli Entukuvu mu bujuvu okuzuula Katonda byeyeyogeddeko,ebigendererwa bye, enteekateeka ze, n'ebisuubizo bye.

AMASOMO KU NJIGIRIZA Y'EBYA BAIBULI

Amasomo amakulu mulimu okusoma:

- ✓ Enjigiriza ku Katonda, Taata.
- ✓ Enjigiriza ku Mwana, Yesu Kristo.
- ✓ Enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu.
- ✓ Enjigiriza ku bamalayika.
- ✓ Enjigiriza ku sitaani ne badayimooni.
- ✓ Enjigiriza Bayibuli Entukuvu, ng'eno kwekubikkulirwa kwa Katonda.
- ✓ Enjigiriza ku kibi.
- ✓ Enjigiriza obulokozi nga eno ye nteekateeka ya Katonda eri ekibi.
- ✓ Enjigiriza ku Kkanisa.
- ✓ Enjigiriza obunnabbi bwa Baibuli, ebiseera eby'enkomerero, n'emirembe n'emirembe.

Emizingo gyonna giwandiikkidwa ku buli misomo gino--ekitabo kisobola okuwandiikibwa ku buli mulamwa. Kyokka ekigendererwa ky'okunoonyereza kuno kwe kuwa mu bufunze okuyiga okwetongodde ne/oba okusomesa ensonga enkulu ez'eb'y'eddiini. Ekozesza Ebyawandiikibwa ng'ekikozesewa ekikulu, era tekikwata ku nsonga z'eb'y'eddiini ezikontana.

OMULAMWA OMUKULU

Baibuli eraga ekyama ky'enteekateeka ya Katonda nga guno gwe mulamwa ogugatta Baibuli. Kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo ng'Omulokozi w'abantu aboonoonyi. Yesu yannyonnyola engeri Endagaano enkadde gyeyali yeesigamye ku Ye: "*Nabateegeza nga nkyali nammwe nti ebantu byonna ebyampandiikkibwako mu mateeka ga Musa, ne mu bya bannabbi, ne Zabbuli, byali biteekwa okutuukirira.*" (Lukka 24:44). N'ennyanjula eno, Yesu yagenda mu maaso era "...Nalyoka asumulula emitima gyabwe okutegeera ebyawandiikibwa" (Lukka 24:45). Kisumulozo ki Yesu kye yabawa okutegeera Ebyawandiikibwa? Eky'okuba nti omulamwa gwayo omukulu gwali gutunuulidde Ye: "...Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona , n'okuzuukira mu bafu ku lunaku

olwokusatu: N'okwenenya okwo n'okusonyiyibwa ebibi kulina okubuulirwa mu linnya lye mu mawanga gonna, okutandikira mu Yerusaalemi. Era Mmwe muli bajulirwa b'ebintu bino" (Lukka 24:46-48)

Endagaano enkadde n'empya zombi zinyumya emboozi ya Yesu. Endagaano Enkadde etuteekerateekera okujja kwe ate endagaano empya eraga engeri gye kyaliwo. Kino kigatta Baibuli yonna n'okuyiga ebya Baibuli mu mulamwa gumu omukulu: Yesu Kristo.

OBUKULU BW'OKUSOMA EBIRI MU BAIBULI

Waliwo ensonga enkulu eziwerako ezivirako okusoma n'okutegeera enjigiriza enkulu ez'Ebyawandiikibwa.

-Kikulu nnyo mu kukula n'okukulaakulana mu by'omwoyo gw'omuntu osobole "...*kula mu kisa, ne mu kumanya Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo*" (2 Peetero 3:18). Okukula kutwala obudde mu nsi ey'obutonde awamu n'ensi ey'omwoyo. Mu amazima g'eba Baibuli gasobola okutegeerwa okumala ekiseera ekigere. Okugeza, bw'oba omukkiriza omupya, oyinza obutategeera bwesigwa bwa Katonda nga bwe kiri omuntu aweerezza Mukama okumala emyaka.

-Kiikulu okusobola okwewala ensobi mu njigiriza. Ekibi ekyasooka kyava ku mulabe nga abuuza "...Katonda ayogedde?" (Olubereberye 3:1). Bw'oba tomanyi Katonda kyagamba mu Kigambo kye ku nsongza z'omusingi ez'okukkiriza, olwo oyinza okugwa mu njigiriza enkyamu era--ku nkomerero--mu kibi.

-Kikulu nnyo okusobola okunnyonnyola amazima ga Baibuli eri abatakkiriza n'okubeera mwetegefu okuwa eky'okuddamu olw'essuubi eriri munda mu mmwe (1 Peetero 3:15).

-Kyetaagisa nnyo mu kutambula kwo okw'omwoyo n'obuweereza bwo. Nga bwe kiri mu kuyiga Baibuli kwonna, ggwe alina okunoonya okumanya kw'omutima--so si kumanya mu mutwe kwokka—ng'oyita mu kuteeka mu nkola by'oyize. Eki gendererwa ky'okubikkulirwa si kufuna bubaka bwokka, wabula okuteeka mu nkola okubikkulirwa okwo ne kukusa obulamu bwo.

ENGERI Y'OKUKOZESA ESSOMO LINO

Oyinza okusalawo okusoma oba okusomesa omusomo gwonna oba osobola okulonda emitwe gimu na gimu essira n'oliteeka ku mulamwa gumu. Okusobola okuganyulwamu, olina:

-Okusoma n'ebirowoozo eby'omwoyo kubanga "...*omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo.*"(1 Abakkolinso 2:14). Endowooza ey'omwoyo y'eyo ekyusiddwa olw'okuzaalibwa obuggyaa ng'ebatizibba n'obwagazi bwa Katonda n'e Kigambo kye.

-Ennyiriri zonna ezi juliziddwa mu kitabo kino zirina okusomebwa n'okwekeneenyezebwa.

-Ebintu ebirala ebya Harvestime International Network ebikwatagana ennyo kun soma ya Baibuli agoogeddwako mu kunoonyereza kuno gajja kwogerwako, era wekyetaagisiza olina okugasoma.

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola Enjigiriza y'eba Baibuli.

.....
.....
.....

2. Nnyonnyola Enjigiriza ku Katonda Taata.

.....
.....

3. Nnyonnyola Enjigiriza a ku Mwana, Yesu Kristo.

.....
.....
.....

4. Nnyonnyola Enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu.

.....
.....

5. Nnyonnyola Enjigiriza ku Bamalayika.

.....
.....

6. Nnyonnyola Enjigiriza ku Sitaani ne Ziddayimooni.

.....
.....

7. Nnyonnyola Enjigiriza ku Baibuli.

.....
.....

8. Nnyonnyola Enjigiriza ku kibi.

.....
.....

.

9. Nnyonnyola Enjigiriza ku Bulokozi.

.....
.....

10. Nnyonnyola Enjigiriza ku Kkanisa

.....
.....

11. Nnyonnyola Enjigiriza ku Bunnabi, ebiseera eby'enkomerero n'emirembe n'emirembe.

.....
.....

12. Omulamwa omukulu ku Njigiriza y'eba Baibuli gutunuulidde ani?

.....
.....
.....

13. Wa ensonga nnya Iwaki kikulu okusoma Enjigiriza y'eba Baibuli.

.....
.....
.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

ESSUULA ESOOKA

ENJIGIRIZA KU KATONDA TAATA

OKUNNYONNYOLA

Paterology kiva mu bigambo bibiri eby'Oluyonaani ebitegeeza "Taata" ne "Ekigambo". Bwe bigattibwa wamu n'ebikozesebwa mu ngeri y'ebysoma ya Baibuli, bitegeeza "okusoma ku Kitaffe". Amasomo agasomesebwa mu njiriza eno, mulimu okumanya okubeerawo kwa Katonda, Obusatu bwa Katonda, engeri za Katonda, amannya ga Katonda, obufuzi bwe, n'ebigendererwa bye n'enteekateeka ze.

OKUMANYA KU OKUBEERAWO KWA KATONDA

Tufuna okumanya ku Katonda mu ngeri zino wammanga:

-Okuva mu butonde.

Ebigambo ebisooka mu Olubereberye bye bino: "Mu lubereberye Katonda yatonda..." Olubereberye essuula 1-3 eraga nti Katonda ye mutonzi. Bw'otokkiriza bigambo bino ebitaano ebisooka, olwo ojja kulemererwa okutegeera oba okukkiriza amazima amalala agakwata ku njiriza y'eba Baibuli. Katonda ye yatonda ensi ey'obutonde n'ensi ez'omwoyo.

Zino z'ennyiriri endala ezikakasa Katonda okuba Omuronzi:

Ayi Mukama ow'Eggye, Katonda wa Isirayiri, atuula wakati mu bakerubbi, ggwe Katonda wekka afuga obwakabaka bwonna obw'omu nsi, ggwe wakola eggulu n'ensi. (Isaaya 37:16)

Ayi Mukama Katonda, ggwe wakola eggulu n'ensi n'amaanyi go amangi ennyo, n'omukono gwo ogugoloddwa. Tewali kintu na kimu kikulema. (Yeremiya 32:17)

Kigambo yaliwo ng'ensi tennatondebwa. Kigamboa yali ne Katonda, era Kigambo yali Katonda. Oyo, okuva ku lubereberye yaliwo ne Katonda. Ebintu byonna byatondebwa ku lulwe, era tewaliwo kintu na kimu ekyatondebwa nga taliwo. (Yokaana 1:1-3)

Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakkolosaayi 1:16)

Katonda yatonda buli kimu--obutonde bwonna, ensi, ebimera, ebisolo, amazzi, ekitangaala, sizoni, n'ebirala. Ekitonde ekisinga obukulu yali muntu eyakolebwa mu kifaananyi kye

Ebitonde byonna bikyagenda mu maaso n'okuwanirira Katonda:

**Afukirira ensozi ennene ng'osinziira waggulu gy'obeera; ensi n'ekkuta ebibala by'emirimu gyo.
Olagira omuddo ne gukula okuliisa ente, n'ebirime abantu bye balima, balyoke bafune
ebyokulya okuva mu ttaka. (Zabuli 104:13-14)**

**Kristo yaliwo nga byonna tebinnabaawo, era mu ye ebintu byonna mwe binywezebwa.
(Abakkolosaayi 1:17)**

**Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era abeezaawo buli
kintu olw'ekigambo kye eky'amaanyi. Bwe yamala okukola ekikolwa eky'okututukuza okuva
mu bibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda mu Bwakabaka obw'omu ggulu.
(Abaebbulaniya 1:3)**

Mu butuufu obutonzi bulangirira era bukakasa okubeerawo kwa Katonda:

**Eggulu litegeeza ekitiibwa kya Katonda, ebbanga ne litegeeza emirimu gy'emikono gye. Buli
lunaku litegeeza ekitiibwa kye, era liraga amagezi ge buli kiro. Tewali bigambo oba olulimi
olwogerwa, era n'eddoboozi lyabyo teriwulikika. (Zabuli 19:1-3)**

Eggulu lirangirira obutuukirivu bwe; n'abantu bona ne balaba ekitiibwa kye. (Zabuli 97:6)

**Kubanga okuvira ddala ku kutondebwa kw'ensi, ebintu bye ebtalabika, bwe buyinza bwe
obutaggwaawo n'obwa Katonda bwe, bitegeerwa ne birabikira ddala mu by'obutonde bwe,
abantu balyoke baleme kubaako na kya kwewolereza. (Abaruumi 1:20)**

-Okuva mu byafaayo.

Ebyafaayo bikakasa okubeerawo kwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda--okuzaalibwa kwe, obuweereza
bwe, okufa kwe, n'okuzuukira. Ebiwandiiko eby'ebafaayo ebikwata ku bakabaka, entalo, n'ebintu
ebirala ebiri mu Baibuli nabyo bikakasiddwa okusinziira ku byafaayo.

-Okuva mu Nnono.

Okumanya Katonda okutuufu kuyisibwa okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala.

-Okuva mu Bumanyirivu.

Okuyita mu kuzaalibwa obuggy, abantu batuuka ku kumanya Katonda omulamu. Ebintu ebibaddewo
gamba ng'ebirooto n'okwolesewba nabyo biyinza okuva okumanya ku Katonda ow'amazima, nga bwe
kiri mu kuyita mu kwetegereza Katonda ng'akola mu bulamu bw'abalala mu byamagero n'okukyusibwa.

-Okuva mu Kubikkulirwa.

Okukakasa okusinga obunene okw'okubeerawo kwa Katonda kusangibwa mu Kigambo kya Katonda okuyita mu ebigambo ebingi nga bino

Nze Katonda, Katonda wo...(Zabuli 50:7)

Mudde gye ndi, mulokoke, mmwe mwenna abali ku nkomerero z'ensi, kubanga nze Katonda so tewali mulala. (Isaaya 45:22)

Mujukire ebigambo ebyasooka eby'edda ennyo. Kubanga nze Katonda, teri mulala. Nze Katonda, teri ali nga nze; (Isaaya 46:9)

OBUSATU BWA KATONDA

Katonda omu ow'amazima abikkuliddwa mu ngeri ssatu ez'enjawulo eza Kitaffe, Omwana Yesu Kristo, n'Omwoyo Omutukuvu. Baly'omu mu bukulu, Katonda omu ng'alina embala za biti bisatu eby'enjawulo. Enjigiriza y'obusatu eno eri kukkirizibwa okuyita mukkukiriza, nga bwekiri ekizibu okugitegeera n'ebirowoozo byaffe eby'obuntu.

Omuntu asooka mu Busatu bwa Katonda ayitibwa Kitaffe. Ye Taata wa:

-Isiraeri: Okuva 4:22

-Bamalayika: Yobu 38:7

-Yesu Kristo: Yokaana 17:1

-Abakkiriza bona: Yokaana 1:12-13

Mu ndagaano enkadde, ekigambo ky'Olwebbulaniya ekitegeeza Katonda, "Elohim", kigambo kya bungi. Eky'obungi kino kikozesebwaku Katonda (Olubereberye 1:26), era malayika wa Yakuwa atwalibwa okuba nga ye Kristo mu ndagaano enkadde (Abalamuzi 2:1-5). Olunyiriri lw'Endagaano Enkadde olusinga amaanyi olw'enjigiriza y'obusatu lwe:

Munsemberere muwulirize bino. Okuva ku lubereberye saayogera mu kyama. Nze mbaddewo okuviira ddala ku ntandikwa. Era kaakano Mukama Ayinzabyonna n'Omwoyo we antumye. (Isaaya 48:16)

Mu ndagaano empya, Kitaffe, Omwana n'Omwoyo bakakasibwa okuba ab'obwakatonda, okukola emirimu gyia Katonda, era okusinzibwa. Bingi ebiwandiikkidwa ku bwakatonda bwa Yesu (ebyokulabirako mu Yokaana 1:1, Tito 2:13), naye ate ng'ayawulwa okuva ku Kitaffe n'Omwoyo. Omwoyo era ye Katonda (Matayo 28:19-20; Ebikolwa 5:3-5), naye nga baawukana ku Kitaffe n'Omwana.

Katonda alina obutonde obw'obusatu nga bulina abantu basatu ab'enjawulo, naye ate ye Katonda omu:

Wulira, Ayi Isirayiri: Mukama Katonda waffe ali omu. (Ekyamateeka 6:4)

Waliwo Ebyawandiikibwa ebiwerako ebikakasa obutonde buno obwa Katonda obw'obusatu. Yesu bwe yali nga abatizibwa Yokaana Omubatiza mu mugga Yoludaani, Katonda n'ayogera era Omwoyo Omutukuvu n'akka:

Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba. Eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo. (Matayo 3:16-17)

Nga tannadda mu Ggulu oluvannyuma lw'obuweereza bwe ku nsi, Yesu yayogera ku kujja kw'Omwoyo Omutukuvu okuva eri Katonda:

Kyokka mmwe ndibatumira Omubeezi okuva eri Kitange, Omwoyo ow'amazima ava eri Kitange era alibategeeza buli ekinaako. (Yokaana 15:26)

Omutume Peetero yayogera ku butonde bwa Katonda obw'obusatu:

Mulina omukisa bwe muvumibwa olw'erinnya Iya Kristo kubanga Omwoyo ow'ekitiibwa owa Katonda ali ku mmwe. (1 Peetero 4:14)

Omutume Pawulo yayogera ku Busatu mu biwandiiko bye:

Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa. Amateeka ga Musa kye gataayinza kukola, olw'okunafuyizibwa omubiri, Katonda yakikola mu Mwana we yennyini bwe yamutuma mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi, n'asalira ekibi omusango mu mubiri. (Abaruumi 8:2-3)

Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, n'okussekimu okwa Mwoyo Mutukuvu, bibeerenga nammwe mwenna. (2 Abakkolinso 13:14)

Ku bw'oyo Kristo ffenna tuyita mu Mwoyo omu okutuuka eri Kitaffe. (Abaefeso 2:18)

Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume era kikakasa obutonde bwa Katonda obw'obusatu:

Awo bwe yagulumizibwa n'alaga ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, n'aweebwa Mwoyo Mutukuvu eyamusuubizibwa Kitaffe, n'alyoka atuwa kino nammwe kye mwerabiddeko era kye mwewuliriddeko. (Ebkolwa 2:33)

EMBALA ZA KATONDA

Katonda Kitaffe, Yesu Kristo, n'Omwoyo Omutukuvu bogerwako mu Baibuli mu okusinziira ku mbala zaabwe. Bwe twogera ku "Mbala" tutegeeza engeri enkulu ezinnyonnyola Katonda. Embala zino era zimanyiddwa nga "enneeyisa" ekitegeeza "engeri." Baibuli eraga nti Katonda:

Wa lubeerera.

Obusatu bwa Katonda bwa lubeerera obutalina ntandikwa wadde enkomerereo

Ayi Mukama, obadde kifo kyaffe eky'okubeeramu emirembe gyonna. Ensozi nga tezinnabaawo, n'ensi yonna nga tonnagitonda; okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero y'emirembe gyonna, ggwe Katonda. (Zabuli 90:1-2)

Awo Ibulayimu n'asimba ensuku mu Beeruseba, n'ayita eyo erinnya Ibulayimu n'asimba omuti omumyulimu mu Beeruseba n'akaabiririra eyo erinnya Iya Mukama, Katonda Ataggwaawo. (Olubereberye 21:33)

Obutonde bwa Katonda obutaggwaawo busobola okulagibwa n'enkulungo. Enkulungo terina ntandikwa eraga oba enkomerero, naye nga ate w'eri.

Omwoyo:

Katonda mwoyo. Kino kitegeeza nti talina nnyama na musaayi n'olwekyo talabika eri ab'obutonde n'amaaso g'omuntu:

Kubanga Katonda Mwoyo n'abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima. (Yokaana 4:24)

Mussukulumu:

Katonda ye mussukulumu--amaanyi agafuga obutonde bwonna. Soma Abeefeso 1 n'Abaruumi 9.

Abeera buli wamu:

Katonda buli wamu waali:

Kubanga amaaso ga Mukama galaba wonna mu nsi, nga ganyweza emitima gy'abo abamwesigira ddala. Ky'okoze kya busirusiru, era okuva ne leero oija kubeeranga n'entalo. (2 Ebyomumirembe 16:9)

Amaaso ga Mukama galaba buli wantu, alaba abatuukirivu n'abakozi b'ebibi. (Engero 15:3)

Nnaagenda wa Omwoyo wo gy'atali? Oba nnaagenda wa ggwe gy'otoli? Bwe nnaalinya mu ggulu, nga gy'oli; bwe nnakka emagombe, nayo nga gy'oli. (Zabuli 139:7-8)

Amanyi byonna:

Katonda amanyi ebintu byonna:

Ekigambo kye nnaayogera, Ayi Mukama, okimanya nga sinnaba na kukyogera. (Zabuli 139:4)

Singa omutima gwaffe tegutusalira musango, Katonda ye asinga omutima gwaffe era ye ategeera ebintu byonna. (1 Yokaana 3:20)

Katonda amanyi ebintu byonna, so tewali kitonde na kimu ekikwekedwa amaaso ge. Alaba buli kintu, era tulyogera mazima nga tumutegeeza buli kimu. (Abaebbulaniya 4:13)

Omuyinza w'ebintu byonna:

Katonda muyinza w'ebintu byonna

...Nze Katonda Omuyinza w'Ebintu Byonna... (Olubereberye 17:1)

...Eri Katonda ebintu byonna bisoboka. (Matayo 19:26)

...Kubanga Mukama Katonda ayinza byonna y'afuga. (Okubikkulirwa 19:6)

Katonda ayogedde ekintu kimu, kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti: Katonda, oli w'amaany. (Zabuli 62:11)

Takyuka.

Katonda takyuka, mu butonde bwe, oba ebigendererwa bye eby'obwakatonda:

Kubanga nze Mukama sijjulukuka: mmwe, batabani ba Yakobo, noolwekyo siribazikiriza. (Malaki 3:6)

Yesu Kristo nga bwe yali jjo, ne leero bw'ali era bw'aliba emirembe n'emirembe. (Abaebbulaniya 13:8)

Mutukuvu/mutuukirivu:

Katonda talina kibi, mulongoofu ddala:

...Mubeerenga batukuvu, kubanga nze Mukama Katonda wammwe ndi mutukuvu. (Eby'Abaleevi 19:2)

Mwenkanya:

Katonda mwenkanya era tasosola mu kusalawo:

Lwe Iwazi, emirimu gye mituukirivu, n'ebikolwa bye byonna bya bwenkanya. Ye Katonda omwesigwa, ataliiko bukuusa, omwenkanya era omutereevu mu byonna. (Ekyamateeka 32:4)

Mwesigwa:

Katonda atuukiriza ebisuubizo bye era mwesigwa.

...Asigala nga mwesigwa: Tayinza kwegaana. (2 Timoseewo 2:13)

Omuzirakisa:

Katonda mulungi, wa kisa, era ayagala bulungi bwo. Alina kisa eri ebitonde bye byonna:

Mukama mulungi eri buli muntu, era okusaasira kwe kubuna byonna bye yatonda. (Zabuli 145:9)

Musaasizi:

Katonda alaga okusaasira okutambula obutasalako eri abantu aboonoonyi:

Mukama n'ayita mu maaso ga Musa n'agamba nti, "Nze Mukama, Mukama Katonda alina ekisa n'okusaasira okungi, atasunguwala mangu, ajjudde obwesigwa n'okwagala okutaggwaawo. Akuumma okwagala eri enkumi n'enkumi asonyiwa ebisobyo byabwe, n'obujeemu bwabwe, n'ebibi byabwe. Talema kubonereza oyo asingiddwa omusango. Abonereza abaana n'abazzukulu olw'ebisobyo bya bakadde baabwe n'ebya bajajjaabwe, okutuukira ddala ku mulembe ogwokusatu n'ogwokuna. (Okuva 34:6-7)

Wa kisa:

Katonda alaga ekisa eri omuntu omwonoonyi:

...Kubanga ndi wa kisa. (Okuva 22:27)

Mukama wa kisa, ajudde okusaasira, alwawo okusunguwala era ajudde okwagala okutaggwaawo. (Zabuli 145:8)

Okwagala:

Katonda kwe kwagala:

Naye buli atalina kwagala tamanyi Katonda, kubanga Katonda kwagala. (1 Yokaana 4:8)

Mugumiikiriza.

Katonda "mugumiikiriza"--ekitegeeza nti tasala musango mangu ku kibi, wabula ayagala abantu bonna okwennenya era n'okubagumiikiriza okukkiriza ebibi byabwe n'okudda gy'ali.

Mugezi:

Katonda alaga okutegeera okw'amaanyi n'okutegeera okulungi.

Amagezi, Mukama ge yakozesa okuteekawo emisingi gy'ensi; n'okutegeera kwe yakozesa okuteekawo eggulu; (Engero 3:19)

Katonda taliiko kkomo:

Katonda tafugibwa bukwakkulizo bwa butonde n'obw'abantu. Tafugibwa bukwakkulizo bwa kifo:

**Naye ddala Katonda anaabeeranga ku nsi? Laba, eggulu n'eggulu ly'eggulu terikumala, ne
yeekaalu eno toyinza kugigamu. (1 Bassekabaka 8:27)**

Tagoberera kkomo lya biseera:

Mukama alifuga emirembe n'emirembe. (Okuva 15:18)

Laba ne 1 Bassekabaka 8:27, Okuva 15:18, Ekyamateeka 33:27, Nekkemiya 9:5, Zabbuli 90:2, Yeremiya 10:10; ne Okubikkulirwa 4:8-10.

AMANNYA GA KATONDA

Katonda yeeyolekedde mu ngeri nnyingi mu Baibuli Entukuvu, omuli n'amannya ge mwe yayita okubikkula embala n'empisa ze. Ekigambo "Katonda" (oyo asinzibwa) kitibwa abantu kyebakozesa okunnyonnyola Omuntu ow'oku ntikko. Mu Baibuli amannya gasukkulumu okutuumibwa obutuumibwa. Gaba gannyonnyola oyo nnyini go. Amannya ga Katonda mulimu:

- Yakuwa: Kitegeeza Mukama.
- Yakuwa-Lafa: "Mukama awonya": Okuva 15:26
- Yakuwa-Nissi: "Mukama bendera yaffe": Okuva 17:8-15
- Yakuwa-Salomu: "Mukama emirembe gyaffe": Abalamuzi 6:24
- Yakuwa-Ra'ah: "Mukama omusumba wange": Zabbuli 23:1
- Yakuwa-Tsidkenu: "Mukama obutuukirivu bwaffe": Yeremiya 23:6
- Yakuwa-Yireh: "Mukama agaba": Olubereberye 22:14
- Yakuwa-Shammah: "Mukama gy'ali": Ezeekyeri 48:35
- Eloyimu: Kitegeeza Katonda era likozesewa awali amaanyi ga Katonda ag'obutonzi :
Ebikolwa 17:28; Yokaana 1:12-13
- Taata: Abba--Kitaffe ow'omu ggulu: Abaruumi 8:15
- Adonayi: Kitegeeza Mukama oba Mukama: Okuva 23:17; Isaaya 10:16,33
- El: Kino kitera okukozesewa nga kigatta wamu n'ebigambo ebirala ebitegeeza Katonda:
- El Shaddai: "Katonda amala ebyetaago by'abantu be": Okuva 6:3

-Elolam: "Katonda ataggwaawo": Olubereberye 21:33

-El Elyon: "Katonda Ali waggulu ennyo, agulumiziddwa okusinga bakatonda abalala bona": Olubereberye 14:18-20

OBUSSUKULUMU BWA KATONDA

Ekigambo ekisinga obulungi ku nteekateeka ya Katonda ey'obussukulumu kisangibwa mu Westminster Shorter Catekisu: "Ebiragiro bya Katonda kye kigenderererwa kye eky'olubeerera, ng'okw'okwagala kwe bwe kuli, mu ngeri eyo, olw'ekitiibwa kye ye, yategeka dda ebyo ebigena okubaawo."

Ebikwata ku nteekateeka ya Katonda bibikkuliddwa bulungi mu Abaruumi 9 n'Abaefeso 1:11: "...mu oyo naffe mwe twafuukira obusika bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akoza byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe."

Ebiragiro bya Katonda bino birina okwawulwa ku Katonda by'ayagala ku bikwata ku biragiro bye n'ebikugira ebiragiddwa obulungi mu Kigambo kye. Okugeza, okugwa kw'omuntu—nga kyava mu kiragiro nti "obutalya bibala"—kyali ky'amanyibwa Katonda, naye si ye y'ensibuko y'ekibi. Abantu balina eddembe ery'okwesalirawo era be bavunaanyizibwa ku kusalawo kwabwe. Ekiragiro kya Katonda tekyali kya kulya Kibala, naye yali akimanyi nti omuntu aija kulya ekibala ekyo.

Yesu yayigiriza nti okufa kwe tekwali kabenne, wabula okusinziira ku byategekebwu edda era ng'enteekateeka ya Katonda bwe yali (Lukka 22:22). Peetero ayogera ku bikwata ku kukomererwa kwa Yesu ng'ekigenderererwa kya Katonda n'okumanya kwe". Naye mu mbeera zino zombi tewaali bibi by'abantu bano oba ebivaamu eby'empisa n'ebi'omwoyo bwe byakendeezebwu. Abantu bavunaanyizibwa ku kusalawo kwabwe, wadde ng'okusalawo kwabwe okwo Katonda yali yakumanya.

Yesu yagamba nti "zimusenze" omuntu eyamulyamu olukwe era Peetero n'ayogera ku basajja abo "ababi" abaamukomerera (Ebikolwa 2:22-24). Ekkanisa eyasooka yayogera ku Kerode, Pontiyo Piraato, Abayudaaya, ne b'amawanga mu kikolwa kino eky'entiisa, nga bagamba nti baakola ekyo "omukono gwa Katonda n'ebyo by'ayagala okukola nga tebinnabaawo." Nate kino kikakasa nti Katonda amanyi ebiseera eby'omu maaso kubanga ye yasalawo kiki ekirina okubaawo.

Tutegekeddwu mu ngeri emu, nti abantu bona balina okukola ekibi olw'ekibi olw'embala y'ekibi:

Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mu ngeri y'emu olw'okuba nga bona baayonoona, bona balifa. (Abaruumi 5:12)

Okusinziira ku Abaruumi 8:29, enteekateeka ya Katonda gye yategekera edda eri nti ffenna tufaananyizibwe ekifaananyi ky'Omwana we okuyita mu bulokozi bw'okuzaalibwa obuggy: "...Kubanga abo be yamanya oluberyeberye, yabalonda okufaanayizibwa mu kifaananyi ky'Omwana." Katonda omussukulumu amanyi ani agenda okutwala enteekateeka Ye, era ani agenda okugigaana--naye nga tatyoboola ddembe ly'omuntu ery'okwesalirawo.

Katonda ye mussukulumu wa byonna mu nsi:

- Afuga obutonde bwonna obulabika: Matayo 5:45; Ebikolwa 14:17.
- Afuga ebisolo: Zabbuli 147:9; Matayo 6:26.
- Afuga amawanga: Danyeri 2:38-39; 4:17,25; Abaruumi 13:1.
- Afuga abantu ssekinnoomu: Abaggalatiya 1:15-16; Lukka 1:52; Abafiripi 4:19; Matayo 10:30.
- Afuga enkomerero y'ababi: Zabbuli 11:6.

EBIRUUBIRIRWA BYA KATONDA

Ekigendererwa kya Katonda si ekyo ekitategeerekeka oba ekigendererwa "ekisuubirwa".

Ekigendererwa kya Katonda kyeyoleka bulungi mu Kigambo kye. Mpozzi ekimu ku bifunze ebisinga obulungi ku kigendererwa kye kiweereddwa mu kitabo ky'Abaefeso. Wano waliwo ekigambo kya Katonda eky'ekigendererwa:

Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 3:11;1:9-10)

Katonda ayagala okuleeta abantu bona mu nkolagana entuufu ey'omwoyo naye yennyini:

Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bona beenenye. (2 Peetero 3:9)

Ekigendererwa kya Katonda kiri nti abantu bona bafune okusonyiyibwa ebibi okuyita mu Yesu Kristo, okuyingira enkolagana entuufu naye, n'okufuuka ekitundu ky'Obwakabaka bwa Katonda (Yokaana 3). Baibuli akakasa nti ebigendererwa bya Katonda bijja kutuukirizibwa:

Mukama Katonda ow'Eggye alayidde n'ayogera nti, "Ddala nga bwe nalowooza, bwe kirituukirira bwe kityo era nga bwe nateesa, bwe kirinywera bwe kityo. (Isaaya 14:24)

Eno y'entegeka eyategekerwa ensi yonna: era guno gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna. Kubanga Mukama Katonda ow'Eggye ye yateesa, kale ani ayinza okukijulula? Omukono gwe gugoloddwa, kale ani ayinza okuguzzaayo? (Isaaya 14:26-27)

ENTEEKATEEKA YA KATONDA

Katonda takoma ku kuba n'ekigendererwa ekiteereddwavo, naye assa mu nkola enteekateeka okutuukiriza ekigendererwa ekyo. Katonda akozes aabantu ssekinnoomu, amawanga, Yesu, Omwoyo

Omutukuvu, n'Ekkanisa okutuukiriza enteekateeka ze.

Abantu ssekkinoomu.

Okuva ku ntandikwa y'ebiseera nga bwe tukimanyi kati, Katonda akoze ng'ayita mu bantu ssekkinoomu okutuuka okutuukiriza ebigendererwa bye. Bayibuli ejjudde emboozzi eziraga engeri Katonda gye yakozesaamu abasajja ab'enjawulo era abakyala ng'ekitundu ku nteekateeka Ye.

Mu biseera by'Endagaano Enkadde Katonda yasitula abakulembeze abakulu nga Nuuwa, Ibulayimu, Yusufu, ne Musa. Ye era ne bannabbi, bakabaka, n'abalamuzi abaafukibwako amafuta okutuukiriza ebigendererwa bye. Mu biseera by'Endagaano Empya, Katonda yakozesa abantu ssekkinoomu nga Yokaana Omubatiza, abayigirizwa ba Yesu, Pawulo, Timoseewo, Balunabba n'abalala bangi.

Katonda yatuuka n'okutwala abasajja aboonoonyi abatagenda kukwatagana na nteekateeka ye n'akyusa enteekateeka zaabwe embi okutuuka okutuukiriza ebigendererwa bye. Katonda teyabaleetera bikolwa byabwe eby'ekibi, wabula yakola ng'ayita mu bo okutuukiriza by'ayagala. Ng'ekyokulabirako, Katonda yagamba ku bikwata ku Falaawo omubi mu Misiri:

**Naye olw'ensonga eno kyennava nkuleka n'obeera mulamu, ndyoke njolesamaanyi gange,
era n'erinnya lyange liryoke litegeezebwe mu nsi yonna. (Okuva 9:16)**

Amawanga.

Mu biseera by'Endagaano Enkadde Katonda yasitula eggwanga lya Isirayiri okutuukiriza ekigendererwa kye mu ensi. Ng'eggwanga, Isirayiri yaweebwakira okubikkulira enteekateeka ya Katonda eri amawanga abakaafiiri mu nsi. Enfunda n'enfunda, baalemererwa mu buvunaanyizibwa buno.

Olw'ekyo, omusango gwajja ku Isirayiri okuyita mu mawanga ag'amawanga agaabbeerangawo bbo. Katonda yali mumalirivu nnyo okutuukiriza enteekateeka ye ne kiba okuyita mu bikolwa ebibi ebya amawanga gano aboonoonyi, wadde nga teyakkiriza bikolwa byabwe era n'abavunaana.

Yesu Kristo.

Ku ntandikwa y'ebafaayo, Katonda yasuubiza Omulokozi ng'okuyita mu ye okusonyiyibwa ekibi mwe kwandifunirwa eri abantu bonna. Ekisubizo kyasooka kuweebwa Adamu ne Kaawa oluvannyuma lw'ekibi kyabwe mu Lusuku lwa Adeni. Katonda yagamba nti:

**Nteeka obulabe wakati wo n'omukazi, ne wakati w'ezzadde lyo n'ezzadde ly'omukazi; ezzadde
lye linaakubetentanga omutwe, naawe onoolibojjanga ekisinziiro. (Olubereberye 3:15)**

Eno ye yali entandikwa y'ebisuubizo ebingi eby'Omulokozi. Okumala ebbanga ddene Katonda teyabikkula ebikwata ku ngeri gye yandituukirizzaamu enteekateeka eno. Kyaali kyama kinene nnyo. Oluvannyuma, mu kiseera bya Bannabbi b'endagaano enkadde, Katonda yagabana ebisingawo ku nteekateeka ye. Mu biseera by'Endagaano Empya, bino ebikwata ku nsongwa eno byatuukirira era ekyama ne kibikkulwa Katonda bwe yatuma Omwana we omu yekka, Mukama waffe Yesu Kristo,

okufiirira ebibi by'abantu bona;

Enteekateeka ya Katonda yali tekyali kyama. Enteekateeka ze n'ekigendererwa kye byabikkulwa mu lwatu mu Yesu Kristo:

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 1:9-10)

Okuva mu buto, Yesu yali akimanyi nti ekigendererwa kya Katonda kwe kuwa abantu bona obulokozi n'okuzzaawo abantu bona n'amawanga gonna mu kussa ekimu naye. Obulamu bwe ku nsi bwali kutuukiriza bigendererwa bya Katonda. Ne bwe yali akyali mwana muto, Yesu yali afaayo--si ku nteekateeka ze n'ebigendererwa bye—wabula ebyo ebya Katonda Kitaffe. Bazadde Be bwe baalowooza nti abuze era okukkakkana nga bamuzudde...

Yesu n'abaddamu nti, "Mubadde munnoonyeza ki? Temwatedgedde nga kinjwanidde okukola ebintu bya Kitange. (Lukka 2:49)

Obuweereza bwa Yesu bwassa essira ku bigendererwa bya Katonda. Buli nteekateeka, buli kusalawo, na buli kikolwa essira lyali litekeddwa ku bigendererwa bino:

Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe, n'okulangirira ekiseera kya Mukama eky'okulagiramu ekisa kye. (Lukka 4:18-19)

Yesu yalagira abagoberezi be, omuli abakkiriza bona ab'amazima, okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda:

Kale mugende mufuule abantu bona mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya Iya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. 20 Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nablagira mmwe, era Ndi nammwe bulijo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)

Essuula ekwata ku njigiriza y'Omwana Yesu Kristo etuwa ebikwata ku buweereza bwa Yesu

Omwoyo Omutukuvu:

Omwoyo Omutukuvu era kitundu ku nteekateeka ya Katonda. Oluvannyuma lwa Yesu okudda mu Ggulu, amaanyi ag'enjawulo gaaweebwa okuyita mu kuweebwa Omwoyo Omutukuvu okwogerwako mu Bikolwa 2. Obumanyirivu buno buyitibwa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu gaaweebwa okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda mu nsi:

Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Omwoyo Omutukuvu awa okulungamizibwa eri abakkiriza okubasobozesa okutuukiriza enteekateeka za Katonda. Kubanga Omwoyo Omutukuvu amanyi Katonda by'ayagala, era kubanga anoonya era ategere omwoyo gw'omuntu, Akola ng'omuyungirano wakati wo ne Katonda okukuyamba okutuukiriza ebigendererwa bino:

Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:27)

Omwoyo Omutukuvu akolagana naawe okutuukiriza Katonda by'ayagala. Nga bw'oyogera Ebigambo bya Katonda, Asalira abatakkiriza omusango gw'ekibi, n'abaleetera okukkiriza Enjiri (Yokaana 16:7-11). Enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu mu kitabo kino etuwa ebisingawo ku Mwoyo Omutukuvu.

Ekkanisa:

Abakkiriza bona abatuufu kitundu kya Klezia, kati kye kikozesebwa Katonda mw'ayita okukola okutuukiriza ekigendererwa kye n'enteekateeka ze ku nsi:

Katonda eyatonda ebintu byonna yayaga buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekedwa mu Katonda. Katonda yakigenderera atyo, ng'ayita mu kkanisa, alyoke yeeyoleke eri amaanyi n'obuyinza ebiri mu nsi ey'omwoyo eya waggulu, ng'abalaga nga bw'alina amagezi amangi ag'ebika eby'enjawulo. (Abaefeso 3:9-10)

Katonda akola mu bulamu bw'abakkiriza abali mu Kkanisa okutuukiriza ebigendererwa bye:

Kubanga Katonda yakolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa. (Abafiripi 2:13)

"Okukola ekimusanyusa" kitegeezza nti akola mu ggwe okutuukiriza ebigerendererwa bye mu bulamu bwo. Kuno kw'ogatta obulokozi, okijjuza Omwoyo Omutukuvu, okukukozesa okuweereza abalala, n'obutasalako ng'akufaanana n'ekifaananyi ky'Omwana we, Yesu Kristo:

Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okikozesebwa ebitali bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe bikozesebwe eby'obutuukirivu eri Katonda. (Abaruumi 6:13)

Bw'owaayo okufuuka "ebikozesebwa mu butuukirivu eri Katonda" kitegeezza nti oleeta obulamu bwo n'obuweereza bwo nga bikwatagana n'ekigendererwa kye n'enteekateeka ze. Bw'okola kino, ofuuka ekikozesebwa Katonda mwasobola okuyitira:

Kati olwo, tuli babaka ba Kristo... (2 Abakkolinso 5:20)

Ffe olwo, ng'abakozi awamu naye... (2 Abakkolinso 6:1)

Katonda bw'aba nga takola mu ggwe era nga tayitira mu ggwe, olwo emirimu gyammwe gyonna gya bwereere.

Mukama bw'atazimba nnyumba, abo abagizimba bazimbira bwereere. Mukama bw'atakuuma kibuga, abakuumi bateganira bwereere. (Zabuli 127:1)

Obuweereza bwo tebjja kutuuka ku buwangizi okuggyako nga buzimbibwa ku bigendererwa bya Katonda eby'olubeerera, okusinga omusajja:

Noolwekyo kye njamba kye kino nti, Abasajja bano mubaleke bagende! Kubanga, obanga enteekateeka eno y'abantu ejja kukoma. Naye obanga biva eri Katonda, temuyinza kubaziyiza, kubanga mujja kuba nga mulwanyisa Katonda.” Ne bamuwulira. (Ebikolwa 5:38-39)

Enjigiriza endala ku nteekateeka ya Katonda eri Ekklesia eweereddwa mu ssuula ekwata ku bunnabbi bwa Baibuli, ebiseera eby'enkomerero, n'emirembe n'emirembe.

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola Enjigiriza ku Katonda Taata.

.....
.....

2. Masomo ki agamu agasomesebwa mu Njigiriza ku Katonda Taata?

.....
.....

3. Nnyonnyola engeri bino wammanga gye biwa okumanya ku kubeerawo kwa Katonda.

-Okutonda.

.....
.....

-Ebyafaayo.

.....
.....

-Ennono.

.....
.....

-Obumanyirivu.

.....
.....

-Okubikkulirwa.

.....
.....

4. Ng'okozesa okukubaganya ebirowoozo ku Busatu bwa Katonda mu ssuula eno, funza ekigambo kino kyekitegeesa n'okuzuula abantu abasatu abali mu Busatu.

.....
.....

5. Wandiika ebyawandiikibwa ebimu ebiweereddwa mu ssuula eno ebikakasa obutonde bwa Katonda obw'obusatu

.....
.....
.....
.....
6. Nnyonnyola embala za Katonda ezoogeddwako mu ssuula eno.

WaLubeerera:.....

Mwoyo:.....

Mussukulumu:.....

Taliiko kkomo:.....

Ali buli wamu:.....

Amanyi byonna:.....

Muyinza a byonna:.....

Takyuka:.....

Mutukuvu/mutuukirivu:.....

Mwenkanya:.....

Mwesigwa:.....

Muzirakisa:.....

Musaasizi:

Wakisa:.....

Kwagala:.....

Mugumiikiriza:.....

Mugezi:.....

Taliiko kkomo:.....

6. Amannya gano aga Katonda gategeeza ki?

Yakuwa:

.....
.....

Yakuwa-Lafa:

.....
.....

Yakuwa-Nissi

.....
.....

Yakuwa-Salomu:

.....
.....

Yakuwa-Ra'ah:

.....
.....

Yakuwa-Tsidkenu:

.....
.....

Yakuwa-Yireh:

.....
.....

Yakuwa-Sama:

.....
.....

Elohim:

.....
.....

Taata:

.....
.....

Adonai:

.....
.....

El:

.....
.....

El Shaddai:

.....
.....

Elolam:

.....
.....

El Elyon:

.....
.....

7. Enteekateeka ya Katonda ensukkulumu kitegeeza ki?

.....
.....
.....

8. Ng'okozesa okukubaganya ebirowoozo ku nteekateeka ya Katonda ensukkulumu, ddamu ebibuuozo bino wammanga:

- Katonda amanyi ebiseera eby'omu maaso?

- Okumanya kwe ku biseera eby'omu maaso kumalawo eddembe ly'omuntu ery'okwesalirawo?

.....
.....

9. Kyawandiikibwa ki ekituwa mu bufunze ekigendererwa kya Katonda?

.....
.....

10. Okusinziira ku 2 Peetero 3:9, Katonda ky'ayagala kye ki?

.....
.....

11. Nnyiriri ki ebbiri ezikakasa nti ebigendererwa bya Katonda bijja kutuukirizibwa?

-
.....
12. Ng'okozesa okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno, mufunze enteekateeka ya Katonda eri abantu ssekinnoomu.
-
.....
13. Ng'okozesa okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno, funza enteekateeka ya Katonda eri amawanga.
-
.....
14. Ng'okozesa okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno, funza enteekateeka ya Katonda eri Yesu Kristo.
-
.....
15. Ng'okozesa okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno, funza enteekateeka ya Katonda eri Omwoyo Omutukuvu.
-
.....
16. Ng'okozesa okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno, funza enteekateeka ya Katonda eri Ekkanisa.
-
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Endowooza ez'obulimba ezikwata ku Katonda z'oyinza okusanga:

-Atheism: Beegaana okubeerawo kwa Katonda.

-Agnosticism: Agamba nti omuntu tamanyi oba tasobola kumanya oba waliwo oba nedda aKatonda.

-Materialism: Egamba nti ensi yonna nkola ya bintu ebikwatibwako.

-Polytheism: Enzikiriza mu bakatonda bangi ab'enjawulo.

-Pantheism: Egamba nti Katonda ye buli kimu era buli kimu ye Katonda.

-Deism: Akkiriza nti Katonda abikkulwa okuyita mu butonde bwokka.

-Animism: Agamba nti obutonde bwonna bulamu n'emyoyo ekiyinza okuyamba oba okukola obulabeabantu.

-Dualism: Bakkiriza ebirungi n'ebibi byokka

-Dynamism: Akkiriza nti waliwo amaanyi g'amaanyi g'obulamu agatali ga muntu agabunye mu byonna ebantu omuntu by'ayinza okukozaamu olw'ebirungi oba ebibi.

-Evolution: Egamba nti ebitonde byonna byakula ng'enkola y'enkyukakyuka, omuli n'omuntu.

2. Ng'okozesa ebijuliziddwa bino wammanga, soma ebisingawo ku njigiriza ya Katonda Taata.

Katonda Kitaffe:

Matayo 11:27; 19:17,26; 22:32; 23:9

Makko 12:26-27,29; 10:18,27

Lukka 10:22; 18:19,27; 20:37-38

Yokaana 4:24; 5:17,37, 6:46; 10:29; 14:28,31, era nga 14:28,31; 15:8

Katonda yatonda ensi:

Olubereberyeye 1:1-32; 2:3-4; 5:1-2

Nekkemiya 9:6

Yobu 38:1-41

Zabbuli 74:17; 89:11; 104:1-35; 115:15; 121:2; 124:8; 134:3; 136:6; 148:5

Engero 8:23-31

Omubuulizi 3:11

Isaaya 40:28; 42:5; 43:1,7; 44:24; 45:8,12,18, 48:13; 54:16; 65:17

Yeremiya 10:12; 27:5; 31:22; 32:17; 51:15

Ezeekyeri 28:13,15

Amosi 4:13

Zekkaliya 12:1

Malaki 2:10

Yokaana 1:3

Ebikolwa 4:24; 17:24

Abaruumi 1:20

Abeefeso 2:10; 3:9; 4:24

Okubikkulirwa 10:6

Katonda ayimirizaawo ensi n'amaanyi ge:

Zabbuli 75:3; 95:4

Abakkolosaayi 1:16-17

Abebbulaniya 1:3; 6:7

2 Peetero 3:4

Okubikkulirwa 4:11

Obutonde bwa Katonda obw'obusatu:

Okuva 20:3

Ekyamateeka 4:35,39; 6:4

1 Samwiri 2:2

2 Samwiri 7:22

1 Bassekabaka 8:60

2 Bassekabaka 19:15

Nekkemiya 9:6

Isaaya 44:6-8

1 Timoseewo 1:17

Okubeerawo kwe buli wamu:

Olubereberye 28:15-16

Ekyamateeka 4:39

Yoswa 2:11

Engero 15:3

Isaaya 66:1

Yeremiya 23:23-24

Amosi 9:2-4,6

Ebikolwa 7:48-49

Abeefeso 1:23.

Okumanya kwe okw'ebintu byonna:

Olubereberye 18:18,19

2 Bassekabaka 8:10,13

Ebyomumirembe 28:9

Zabbuli 94:9; 139:1-16; 147:4-5

Engero 15:3

Isaaya 29:15-16; 40:28

Yeremiya 1:4, 5

Ezeekyeri 11:5

Danyeri 2:22, 28

Amosi 4:13

Lukka 16:15

Ebikolwa 15:8,18

Abaruumi 8:27,29

1 Abakkolinso 3:20

2 Timoseewo 2:19

Hebrews 4:13

1 Peter 1:2

1 John 3:20

Amaanyi ge:

Oluberyeberye 1:1, 17:1, 18:14

Okuva 15:7

Ekyamateeka 3:24, 32:39

1 Eby'omumirembe 3:24, 32:39

Yobu 40:2

Isaaya 40:12-15

Yeremiya 32:17

Ezeekyeri 10:5

Danyeri 3:17, 4:35

Amosi 4:13, 5:8

Zekaliya 12:1

Matayo 19:26

Okubikkulirwa 15:3, 19:6

Obutukuvu bwe:

Okuva 15:11

Eby'abaleevi 11:44-45

Yoswa 24:19

1 Samwiri 2:2

Zabbuli 5:4, 111:9, 145:17

Isaaya 6:3, 43:14-15

Yeremiya 23:9

Luka 1:49

Yakobo 1:13

1 Peetero 1:15-16

Okubikkulirwa 4:8, 15:3-4

Obwesigwa bwe:

Okuva 34:6

Okubala 23:19

Ekyamateeka 4:31

Yoswa 21:43-45, 23:14

1 Samwiri 15:29

Yeremiya 4:28

Isaaya 25:1

Ezeekyeri 12:25

Danyeri 9:4

Mikka 7:20

Luka 18:7-8

Abaruumi 3:4, 15:8

1 Abakkolinso 1:9; 10:13

2 Abakkolinso 1:20

1 Abasessalonika 5:24

2 Abasessalonika 3:3

2 Timoseewo 2:13

Abebbulaniya 6:18; 10:23

1 Peetero 4:19

Okubikkulirwa 15:3

Obulungi bwe:

Zabbuli 25:8

Nakkumu 1:7

Zabbuli 145:9

Abaruumi 2:4

Matayo 5:45

Zabbuli 31:19

Ebikolwa 14:17

Zabbuli 68:10; 85:5

Okusaasira kwe:

Tito 3:5

Okukungubaga 3:22

Danyeri 9:9

Yeremiya 3:12

Zabbuli 32:5

Isaaya 49:13; 54:7.

Okwagala kwe:

Ekyamateeka 7:8

Abeefeso 2:4

Zeffaniya 3:17

Isaaya 49:15-16

Abaruumi 8:39

Koseya 11:4

Yeremiya 31:31

ESSUULA EY'OKUBIRI

ENJIGIRIZA KU MWANA, YESU KRISTO

OKUNNYONNYOLA

Christology ekolebwa ebigambo "Kristo," nga bitegeeza Yesu Kristo ne "ology," ekitegeeza "Okusoma ku" Bwe kityo, ekigambo "Christology" kikwata ku kusoma kwa Yesu Kristo. Kitundu ku kusomesa ku busatu bwa Katonda, omuli: Enjigiriza ku Katonda Taata, n'enjigiriza ku Mwoyo Mutukuvu.

Emitwe egisomesebwa mu njigiriza ya Kristo, mulimu okubaawo kwa Kristo nga tannabaawo; obunnabbi obumukwatako; Obuntu bwe n'obwakatonda bwe; Engeri ze, amannya ge, n'ebitiibwa bye; Okuzaalibwa kwe, obulamu bwe obw'obuto, obuweereza bwe, okufa kwe, okuzuukira, okugenda mu ggulu, n'okudda; ne ofiisi z'alina.

Enjigiriza ku Yesu Kristo nkulu kubanga Yesu gwe mulamwa ogugatta ebyawandiikibwa byonna, nga bwe yabikkula nti, "*..N'atandikira ku Musa n'ayitaayita mu bannabbi bona ng'agenda abannyonnyola Ebyawandiikibwa bye bimwogerako.*"(Lukka 24:27).

OKUBEERAWO KWA KRISTO NGA TANNABAAWO

Nga tannaba kubeerawo ku nsi, Yesu yaliwo emirembe n'emirembe ng'omuntu ow'okubiri ow'Obwakatonda Obusatu. Ye yali ne Katonda mu lubereberye era yali Katonda (Yokaana 1:1). Yokaana agamba nti "ekigambo" kyafuuka omubiri, ekitegeeza nti Yesu yaliwo nga tannafuuka mubiri--ekigambo ekitegeeza nti Ye yafuuka omubiri (Yokaana 1:1,14).

Yesu yennyini yagamba nti yalina ekitiibwa ne Kitaffe nga ensi tennabaawo (Yokaana 17:5); nti Ye yali yava eri Kitaffe (Yokaana 5:43; 6:38); era nti yaliwo nga Ibulayimu tannabaawo (Yokaana 8:58).

Okubikkulirwa 22:13 era ekakasa okubeerawo kwa Kristo emirembe gyonna bw'langirira nti: "*Nze alpha ne omega, asooka era asembayo, entandikwa n'enkomerero.*"

Omutume Pawulo yagamba nti Kristo yali mugagga, naye yafuuka mwavu; nti Yali "mu kifaananyi kya Katonda" naye "yetoowaza"; era nti yali "nga byonna tebinnabaawo" (Abakkolosaayi 1:17). Ebigambo bino byonna bikakasa nti Yesu yaliwo nga tannajja ku nsi (laba ne 1 Abakkolinso 15:45; n'Abafiripi2:6).

OBUNNABI OBUKWATA KU YESU KRISTO

Endagaano enkadde erimu obunnabbi bungi obukwata ku Yesu era endagaano empya ebukakasa. Obunnabbi kigambo kya mangu okuva eri Katonda ekibikkula ebintu ebikwata ku biseera eby'omu maaso ekitasobola kumanyibwa magezi ga buntu. Obunnabbi buno bulaga engeri, ddi, ne wa Yesu we yazaalibwa n'ebikwata ku bulamu bwe, obuweereza bwe, okufa kwe, n'okuzuukira kwe--nga...

-Masiya yandizaalibwa mu Besirekemu: Mikka 5:2; Matayo 2:1; Lukka 2:4-6

-Masiya yandizaalibwa omukazi: Olubereberye 3:15; Matayo 1:20; Abaggalatiya 4:4.

-Masiya yandizaalibwa omuwala embeerera: Isaaya 7:14; Matayo 1:22-23; Lukka 1:26-31.

-Masiya yandivudde mu lunyiriri Iwa Ibulayimu: Olubereberye 12:3; 22:18; Matayo 1:1; Abaruumi 9:5.

-Masiya yandibadde muzzukulu wa Isaaka: Olubereberye 17:19; 21:12; Lukka 3:34.

-Masiya yandibadde muzzukulu wa Yakobo: Okubala 24:17; Matayo 1:2.

-Masiya yandivudde mu kika kya Yuda: Olubereberye 49:10; Lukka 3:33; Abebbulaniya 7:14.

-Masiya yandibadde musika wa ntebe ya Kabaka Dawudi: 2 Samwiri 7:12-13; Isaaya 9:7; Lukka 1:32-33; Abaruumi 1:3.

-Entebe ya Masiya ejja kuba ya lubeerera: Zabbuli 45:6-7; Danyeri 2:44; Lukka 1:33; Abebbulaniya 1:8-12.

-Yandiyitibwa Imanuweri: Isaaya 7:14; Matayo 1:23.

-Yandibadde Mwana wa Katonda: Zabbuli 2:7; Abebbulaniya 1:5; 5:5.

-Yandimaze ebiseera mu Misiri: Koseya 11:1; Matayo 2:14-15.

-Okuttibwa kw'abaana kwandibaddewo mu kifo we yazaalibwa: Yeremiya 31:15; Matayo 2:16-18.

-Omubaka yandimutegekera ekkubo: Isaaya 40:3-5; Malaki 3:1; Matayo 11:10-13; Lukka 3:3-6.

-Yandikuleembeddwamu obuweereza bwa Eriya: Malaki 4:5-6; Matayo 11:13-14.

-Yandigaaniddwa abantu be bennyini: Zabbuli 69:8; Isaaya 53:3; Yokaana 1:11; 7:5.

-Yandibadde nnabbi: Ekyamateeka 18:15; Ebikolwa 3:20-22.

-Yandirangiriddwa okuba Omwana wa Katonda: Zabbuli 2:7; Matayo 3:16-17.

-Yandiyitibwa Omunazaaleesi: Isaaya 11:1; Matayo 2:23.

-Yandiyitibwa Kabaka: Zabbuli 2:6; Zekkaliya 9:9; Matayo 27:37; Makko 11:7-11.

-Yandireese ekitangaala: Isaaya 9:1-2; Matayo 4:13-16.

-Yandisomesezza ng'akozesa engero: Zabbuli 78:2-4; Isaaya 6:9-10; Matayo 13:10-15, 34-35.

-Yandiwonyezza abamenyese emitima: Isaaya 61:1-2; Lukka 4:18-19.

- Yandibadde kabona ng'agoberera ensengekera ya Merukizeddeeki: Zabbuli 110:4; Abebbulaniya 5:5-6.
- Yandifunye ettendo okuva mu baana: Zabbuli 8:2; Matayo 21:16.
- Yandiyingidde Yerusaalemi mu buwanguzi: Zekkaliya 9:9; Matayo 21:4-5; Yokaana 12:14-15.
- Yandikyayibwa awatali nsong: Zabbuli 35:19.
- Yali waakulibwamu olukwe: Zabbuli 41:9; Zekkaliya 11:12-13; Lukka 22:47-48; Matayo 26:14-16.
- Abayigirizwa be baali basaasaana: Zekkaliya 13:7; Matayo 26:31,56; Makko 14:27,50.
- Ensimbi z'okulya mu nsi olukwe zandikozesebwa okugula ennimiro y'omubumbi: Zekkaliya 11:12-13; Matayo 27:9-10.
- Yandivunaanibwa mu bukyamu: Zabbuli 35:11; Makko 14:57-58.
- Yandisirise mu maaso g'abamulumiriza: Isaaya 53:7; Makko 15:4-5.
- Yanditulugunyiziddwa: Isaaya 50:6; Matayo 26:67; Zabbuli 69:4; Yokaana 15:24-25.
- Yandikomererwa n'abamenyi b'amateeka: Isaaya 53:12; Matayo 27:38; Makko 15:27-28.
- Emikono gye n'ebigere byandifumitiddwa: Zabbuli 22:16; Zekkaliya 12:10; Yokaana 20:25-27.
- Yandiweereddwa omwenge okunywa: Zabbuli 69:21; Matayo 27:34; Yokaana 19:28-30.
- Yandisekereddwa: Zabbuli 22:7-8; Lukka 23:35.
- Yandigumidde ensonyi zaffe: Zabbuli 69:19; Matayo 27:28.
- Abaserikale baali bazanya zzaala olw'ebiyambalo bye: Zabbuli 22:18; Lukka 23:34; Matayo 27:35-36.
- Yandirekeddwa Katonda: Zabbuli 22:1; Matayo 27:46.
- Yandisabidde abalabe be: Isaaya 53:12; Lukka 23:34.
- Yandibaliddwa n'abamenyi b'amateeka: Isaaya 53:12; Lukka 23:33.
- Yandifudde nga akomererwa ku musaalaba: Isaaya 53:5-6;10; Yokaana 19:16.
- Yandibadde alumwa ennyonta: Zabbuli 69:3; Yokaana 19:28.
- Yanditunuuliddwa: Zabbuli 22:17; Matayo 27:36.
- Yandisiimye Omwoyo we eri Katonda: Zabbuli 31:5; Lukka 23:46.
- Yandibadde ssaddaaka ey'enkomerero olw'ekibi: Isaaya 53:5-12; Abaruumi 5:6-8.

- Okufa kwe kwandikuumye "ab'oluganda bangi": Abebbulaniya 2:12.
- Yandi "kulembeddemu abali mu buwambe": Zabbuli 68:18; Abeefeso 4:8-10.
- Amagumba ge tegandiminenye: Okuva 12:46; Zabbuli 34:20; Yokaana 19:33-36.
- Oludda lwe lwandifumitiddwa: Zekkaliya 12:10; Yokaana 19:34.
- Omusaayi n'amazzi byandikulukuta okuva mu mubiri gwe: Zabbuli 22:14; Yokaana 19:34.
- Yandiziikiddwa n'abagagga: Isaaya 53:9; Matayo 27:57-60.
- Yandizuukidde mu bafu: Zabbuli 16:10; 49:15; Matayo 28:2-7; Ebikolwa 2:22-32.
- Yandirinnye mu ggulu: Zabbuli 24:7-10; Makko 16:19; Lukka 24:51.
- Yanditudde ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo: Zabbuli 68:18; 110:1; Makko 16:19; Matayo 22:44.

Yesu yalagula okufa kwe n'okuzuukira kwe (Matayo 20:17-19; 1 Abakkolinso 15) n'okuzuukira kwe okulinnya mu ggulu (Lukka 24:46-53). 1 Abasessalonika 4:13-18 byogera mu ngeri ey'enjawulo ku kintu ekitamanyiddwa, ebiseera eby'omu maaso abafu mu Kristo mwe banaasooka okuzuukira, nga bagoberera abakkiriza bona abalamu okubeera ne Yesu emirembe gyonna.

Ekitabo ky'Okubikkulirwa kiraga nti emyaka musanvu egy'omusango gjija kubaawo oluvannyuma lw'okukwakulibwa, okugobererwa Kristo okudda ku nsi n'abakkiriza okuwangula omulabe. Mu kiseera ekyo, Yesu ajja kutuukiriza omulimu gwe nga Masiya n'okufuga okuva ku ntebe ye ey'obwakabaka mu Yerusaalemi okumala emyaka 1,000. Kino kimanyiddwa nga obwakabaka obw'emyaka olukumi (Okubikkulirwa 20:1-6). Ku nkomerero y'ekiseera kino, obujeemu bwa Sitaani obw'enkomerero bujja kubaawo nga bugobererwa omusango ogw'enkomerero. (Okusobola okunoonyereza okugaziyiziddwa ku nsonga eno, laba essuula ekwata ku bunnabbi, ebiseera eby'enkomerero, n'emirembe n'emirembe.)

OBUNTU N'OBWAKATONDA BWA YESU KRISTO

Katonda Omwana, Yesu Kristo, agatta obutonde obw'obwakatonda n'obw'omuntu mu bumu. Katonda Kitaffe yasindika Yesu Kristo ku nsi mu kifaananyi ky'omuntu ng'akyalina obutonde bwe obw'obwakatonda. Yesu yasindikibwa Katonda ku nsi omuntu asobole okusonyiyibwa ekibi:

Kubanga Katonda bwe yayagala ensi, bw'atyo n'awaayo Omwana we omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo. Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi kugisalira musango, wabula ensi erokolebwe okuyita mu ye. Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga kubanga takkiririza mu linnya ly'Omwana oyo omu yekka owa Katonda. (Yokaana 3:16-18)

Emboozu y'obuweereza bwa Yesu ku nsi ewandiikiddwa mu Baibuli mu bitabo bya Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana. Ebitabo bino biwa ebikwata ku kuzaalibwa, obulamu, okufa, okuzuukira, enjigiriza, n'obuweereza bwa Yesu Kristo. Ng'ekimu ku nteekateeka ya Katonda, Yesu yajja ku nsi mu kifaananyi

ky'omuntu, n'aweereza mu bantu, n'afiirira ebibi by'omuntu, n'azuukira mu bafu, era yalagira abagoberezi be okutwala Enjiri eri amawanga g'ensi.

Abafiripi 2:6-11 eraga nti Yesu ye Katonda era nti kyeyagalire yafuuka omuntu asobole okufiirira ebibi by'abantu. (Kino kiyitibwa enjigiriza ya "kenosis".) Ekitundu kino kikakasa nti Ye bulijo ye Katonda eyafuuka omuntu, era emirembe gyonna ajja kuba Katonda era omuntu mu muntu omu.

Abebbulaniya 1:6-8 eraga nti Yesu Kristo Mwana wa Katonda era Katonda eyafuuka omuntu. 1 Timoseewo 3:16 egamba nti Yesu yabikkulwa mu mubiri, ekiraga nti yaliwo nga Katonda nga tannabikkulwa mu kifaananyi ky'omuntu. Abaruumi 1:3-5 ekakasa nti Yesu muzzukulu wa Dawudi ku ludda lw'omuntu ate Omwana wa Katonda ku ludda olw'obwakatonda.

Waliwo obukakafu bungi mu Baibuli obulaga nti ddala Yesu yali muntu mu bujuvu. Ye yalina amannya g'abantu (okugeza, Yesu, Omwana wa Dawudi), era ng'akwatagana n'abantu abalala ng'omuntu (Yokaana 9:16). Yesu yalina omubiri (1 Yokaana 1:1); yayogera olulimi lw'omuntu; yeeyogerako ng'omuntu (Yokaana 8:40); n'abantu abalala baamuyita omuntu (Ebikolwa 3:22). Yesu yalaba obulamu ng'omuntu (Lukka 2:52)--nga mw'otwalidde n'enjala (Matayo 4:2); ennyonta (Yokaana 19:28); okukoowa (Yokaana 4:6); n'ennaku (Yokaana 11:35; Lukka 13:34-35). Era yafuna okufa (Abaebbulaniya 2:14-15)

Baibuli ekakasa nti Yesu bwe yali mubiri, era yali Katonda. Yokaana agamba nti yali Katonda (Yokaana 1:1). Pawulo agamba nti ye "kifaananyi kya Katonda kyennyini" (Abafiripi 2:6) era Katonda waffe omukulu era Omulokozi waffe (Tito 2:13). Ayogerwako nga Mukama (Matayo 2:43-45), era Kabaka wa Bassekabaka (Okubikkulirwa 19:16).

Yesu yakola emirimu gya Katonda, omuli n'okutonda (Yokaana 1:3; Abakkolosaayi 1:15-20); okuyimirizaawo (Abaebbulaniya 1:3-4); okulokola (Matayo 1:23); okuzuukiza abafu (Yokaana 5:25); okusala omusango (Yokaana 5:27); okusindika Omwoyo Omutukuvu (Yokaana 14:26; 15:26); n'okuzimba Ekkanisa entuufu (Matayo 16:18). Yesu akiriza okusinza okuva mu bantu (Matayo 14:33) ne bamalayika (Abaebbulaniya 1:6), era olunaku lumu mu biseera eby'omu maaso abantu bona bajja kufukamira mu maaso ge (Abafiripi 2:10, Isaaya 45:23). Ebyamagero bye byayolesa Amaanyi ge agasukkulume ku ga bulijo ku bulwadde, ebintu, n'okufa. Asuubiza okusonyiyibwa ebibi, okuddamu okusaba, n'obulamu obutaggwaawo (Makko 2:1-12; Yokaana 10:27-33; 14:13-14).

Olw'okuba Yesu yali muntu ng'ate Katonda, ekibuuzo kizze kibuuzibwa oba ebikemo ebyakolebwa Sitaani byali bituufu era oba nga kyali kisoboka n'okuba nti yayonoona. Ensonga enkulu mu kukubaganya ebirowoozo kuno kwe kuba nti Yesu yali Katonda era omuntu. Ng'omuntu ali mu kifaananyi ky'omuntu, Ye yali awangudde okukemebwa (Abaebbulaniya 4:15) era asobola okutuyamba mu biseera byaffe eby'okukemebwa Yabonaabona, ye yennyini ng'akemebwa, alyoke ayambe abo abakemebwa. (Abaebbulaniya 2:18).

EMBALA ZA YESU KRISTO

Olw'okuba ali kitundu kya Busatu bwa Katonda, Yesu Kristo alina engeri ze zimu ne Katonda. Baibuli akakasa bino mu nnyiriri zino wammanga. Yesu ye:

Omuyinza w'ebintu byonna:	W'amaanyi.	Matayo 28:18
Amanyi byonna:	Amanyi buli kimu.	Matayo 16:30; Yokaana 21:17
Asangibwa buli wamu:	Buli wamu waali.	Matayo 18:20; 28:20
Lubeerera:	Talina ntandikwa wadde enkomero.	Yokaana 1:1-2; 8:58
Takyuka:	Asigala nga bwe yali.	Ababbulaniya 13:8
Atuukiridde:	Mutukuvu ddala.	Abakkolosaayi 1:19; 2:9-10

AMANNYA N'EBITIIBWA BYA YESU KRISTO

Engeri Yesu gy'eyafunamu Amannya Ge.

Yesu yafuna erinnya lye mu ngeri essatu abantu abakulu gye bafunamu amannya gaabwe ku nsi:

-Okuzaalibwa: Yesu yafuna erinnya lye mu kuzaalibwa, okuyita mu busika okuva eri Kitaawe:

**Edda, Katonda yayogeranga ne bajjajaffe mu ngeri nnyingi ez'enjawulo ng'ayita mu bannabbi;
2 naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogera naffe ng'ayita mu Mwana, gwe yalonda
okuba omusika wa byonna, era mu oyo mwe yatondera ensi n'ebintu byonna ebirimu.
Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala bw'ali, eraabeezaawo buli
kintu olw'ekigambo kye eky'amaanyi. Bwe yamala okukola ekikolwa eky'okututukuza okuva
mu bibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda mu Bwakabaka obw'omu ggulu.
Bw'atyo n'asinga bamalayika, nga kyeragira ku linnya lye okuba ery'ekitiibwa okusinga
amannya gaabwe. (Abaabbulaniya 1:1-4)**

Yesu yasikira erinnya erisinga ekitonde ekirala kyonna mu bwengula. Erinnya lye lisinga kabaka, pulezidenti oba omukulembeze w'ekika. Lisinga erinnya lya malayika yenna mu Ggulu.

-Okutuuka ku buwanguzi: Yesu naye yafuna erinnya lye olw'okutuuka ku buwanguzi kubanga yawangula amaanyi g'omulabe gonna:

Yakikola alyoke awe eddembe abo bona abaali bamaze obulamu bwabwe bwonna mu buddu olw'entiisa y'okufa. (Abakkolosaayi 2:15)

-Mu kuweebwa: Yesu naye yafuna erinnya lye nga limuweebwa:

Katonda kyeyava amugulumiza, n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna; buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi, era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu, era buli lulimi Iwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. (Abafiripi 2:9-11)

Amannya N'ebitiibwa Bya Yesu.

Erinnya "Yesu" litegeeza "Omulokozi oba omununuzi" (Matayo 1:21). Erinnya "Kristo" litegeeza "oyo eyafukibwako amafuta" (Yokaana 3:34). Amannya n'ebitiibwa ebirala ebyaweebwa Yesu Kristo mu Baibuli mulimu:

Omuwolereza	1 Yokaana 2:1
Ayinza byonna	Okubikkulirwa 1:8
Entandikwa era enkomerero	Okubikkulirwa 21:6
Amiina	Okubikkulirwa 3:14
Ow'edda n'edda	Danyeri 7:9
Malayika w'okubeerawo kwe	Isaaya 63:9
Eyafukibwako amafuta okusinga bona.	Zabbuli 45:7
Omutume omukulu	Abaebbulaniya 3:1
Omukono gwa Mukama	Isaaya 51:9-10
Omutandisi era omumaliriza w'okukkiriza kwaffe	Abaebbulaniya 12:2
Omutandisi w'obulokozi obutaggwaawo	Abaebbulaniya 5:9
Eyazaalibwa Katonda	1 Yokaana 5:18
Omwagalwa	Abaafeeso 1:6
Omulabirizi w'emmeeme	1 Peteero 2:25

Aweebwa omukisa era nnannyini buyinza bwonna	1 Timoseewo 6:15
Ettabi	Zakaliya 3:8
Ettabi, obutuukirivu	Yeremiya 23:5
Ettabi ly'obutuukirivu	Yeremiya 33:15
Ettabi ly'ekikolo kya Yesse	Isaaya 11:1
Omugaati gw'obulamu	Okubikkulirwa 22:16
Emmunyeenye y'enkyा	Okubikkulirwa 22:16
Omukulu w'eggye lya Mukama	Yoswa 5:15
Mutabani w'omubazzi	Matayo 13:55
Ejjinja ery'okunsonda	1 Peetero 2:6
Ye Kristo	Yokaana 1:41
Kristo ye Mukama	Lukka 2:11
Kristo Yesu Mukama waffe	Abaruumi 8:39
Kristo maanyi ga Katonda	1 Abakolinso 1:24
Atubudaabudda	Isaaya 9:6
Endagaano y'abantu	Isaaya 42:6
Emmambya esala	Lukka 1:78
Emmunyenye ey'enkyा	2 Peetero 1:19
Omununuzi	Abaruumi 11:26
Oluggi	Yokaana 10:9
Omulonde	Isaaya 42:1
Emmanweri	Matayo 1:23
Obulamu obutaggwawo	1 Yokaana 5:20
Kitaffe ow'olubeerera	Isaaya 9:6
Mwesigwa era wamazima	Okubikkulirwa 19:11

Omujulirwa omwesigwa	Okubikkulirwa 1:5
Omwana omuberyeberye	Abaebbulaniya 1:6
Omuberyeberye	Zabuli 89:27
Omuberyeberye mu baganda abangi	Abaruumi 8:29
Ekiberyeberye	1 Abakolinso 15:23
Omuberyeberye era asembayo	Okubikkulirwa 22:13
Omusingi gwa Sayuuni	Isaaya 28:16
Mukama ow'ekitiibwa	Isaaya 33:21
Katonda wa Yisirayiri	Isaaya 45:15
Katonda alinaffe	Matayo 1:23
Omusumba omulungi	Yokaana 10:11
Katonda ow'amaanyi	Tito 2:13
Kabona omukulu	Abaebbulaniya 4:14
Omutwe gw'omubiri	Abakolosaayi 1:18
Akulira ebintu byonna	Abafeeso 1:22
Ejjinja ly'okunsonda ekkulu	Zabuli 118:22
Omusika w'ebintu byonna	Abaebbulaniya 1:2
Eyafukibwako amafuta ge	Zabbuli 2:2
Omutukuvu wa Yisirayiri	Isaaya 41:14
Essuubi ery'ekitiibwa	Abakolosaayi 1:27
Ndi	Yokaana 8:58
Ekifaananyi kya Katonda atalabika	Abakolosaayi 1:15
Emmanweri	Isaaya 7:14
Yesu Kristo Mukama waffe	Abaruumi 1:3
Omulamuzi wa Yisirayiri	Mikka 5:1

Kabaka ow'ekitiibwa	Zabuli 24:7
Kabaka	Zaakaliya 9:9
Kabaka w'ensi yonna	Zaakaliya 14:9
Endiga ya Katonda	Yokaana 1:29
Ekitangaala ky'ensi	Yokaana 8:12
Ekimuli ky'omukiwonvu	Oluyimba 2:1
Omugaati omulamu	Yokaana 6:51
Mukama Katonda ayinza byonna	Okubikkulirwa 4:8
Mukama era omulokozi Yesu Kristo	2 Peetero 2:20
Mukama wa bona	Ebikolwa 10:36
Mukama obutuukirivu bwaffe	Yeremiya 23:6
Mukama, omununuzi wo	Isaaya 43:14
Kwagala	1 Yokaana 4:8
Omuntu ow'okusaasira	Isaaya 53:3
Mukama	Matayo 23:10
Masiya	Danyeri 9:25
Katonda ow'amaanyi	Isaaya 9:6
Amaanyi ga Yakobo	Isaaya 60:16
Malayika yange	Okuva 23:20-23
Asinga obutukuvu	Danyeri 9:24
Asinga amaanyi	Zabuli 45:3
Omunnazareesi	Matayo 2:23
Katonda omugezi yekka	1 Timoseewo 1:17
Okuyitako kwaffe	1 Abakolinso 5:7
Omusawo	Lukka 4:23

Omulangira ow'emirembe	Isaaya 9:6
Omulangira wa bakabaka b'ensi	Okubikkulirwa 1:5
Nnabbi	Ekyamateeka 18:15-18
Omutango	Abaruumi 3:25
Labbayi (Omusomesa)	Yokaana 1:49
Omununuzi	Isaaya 59:20
Okuzuukira	Yokaana 11:25
Omuweereza omutuukirivu	Isaaya 53:11
Olwazi	1 Abakolosaayi 10:4
Ekikolo kya Yesse	Isaaya 11:10
Ekimuli kya Saalooni	1 Yokaana 4:14
Omukokozi w'ensi	1 Yokaana 4:14
Ensigo ya Daudi	Yokaana 7:42
Ensigo y'omukyala	Oluberyeberye 3:15
Omwana wa Katonda	Abaruumi 1:4
Omwana w'omuntu	Ebikolwa 7:56
Mutabani wa Mariam	Makko 6:3
Mutabani w'asinga	Lukka 6:3
Emmunyeeny ya Yakobo	Okubala 24:17
Ejjinja	Matayo 21:42
Enjuba y'obutuukirivu	Malaki 4:2
Omusingi omunywevu	Isaaya 28:16
Omusomesa	Yokaana 3:2
Mazima	Yokaana 14:6
Ekirabo ekitayogerekaka	2 Abakolinso 9:15

Omuzabbibu	Yokaana 15:1
Ekkubo	Yokaana 14:6
Ow'ebiyewuunyo	Isaaya 9:6
Ekigambo	Yokaana 1:14
Ekigambo kya Katonda	Okubikkulirwa 19:13

OKUZAALIBWA KWA YESU KRISTO

Yesu Kristo yafunirwa Omwoyo Omutukuvu mu ngeri esukkulumye ku butonde era n'azaalibwa Maliyamu embeerera (Matayo 1:23; Abaggalatiya 4:4) mu kutuukiriza okulagula kwa Isaaya (Isaaya 7:14). Yokaana bw'atyo bw'agamba ekigambo--Yesu Kristo--yafuuka omubiri era nti Katonda "yatuuula" mu ffe (Yokaana 1:1, 14).

Katonda yafuuka omuntu okusobola okununula ebitonde bye okuva mu kibi n'okutuukiriza endagaano ya Dawudi nga Kabaka eyasuubiziba (Lukka 1:31-33). Eki gendererwa kye mu kujja kyal kya kubikkula Katonda eri abantu (Yokaana 1:18); okuwonya aboonoonyi (Abaggalatiya 1:4); okuzikiriza ebikolwa bya sitaani (1 Yokaana 3:8); okulamula abantu (Ebikolwa 17:31); okuleeta ebintu byonna mu bitonde okugondera Katonda (1 Abakkolinso 15:20-28; Abeefeso 1:10-11); n'okwegayirira abakkiriza (Abaruumi 8:34).

OBULAMU BWA YESU KRISTO OBWASOOKA

Yesu yakomolebwa okusinziira ku mateeka g'Abayudaaya era n'ayanjulwa mu yeekalu (Lukka 2:21-22). Ye yabeera mu Besirekemu ng'akyali mwana muto, mu Misiri oboolyawo okumala omwaka mulamba, era yakuzibwa mu Nazaaleesi. Okukula kwamanyibwa olw'okukula kwe mu magezi, mu kigera, n'okusiiimbwa Katonda n'abantu (Lukka 2:4-52). Yali agondera bazadde be (Lukka 2:49-51), era yali amanyi eby'o kitaawe by'ayagala (Lukka 2:49). Omulimu gwe yakola ng'akyali muvubuka gwali gwa kubajja.

OBUWEEREZA BWA YESU KRISTO

Yesu yatandika obuweereza bwe mu kubatizibwa Yokaana (Matayo 3:15 ne Yokaana 1:31), n'addirirwa ekiseera eky'okukemebwa Sitaani (Matayo 4). Ebigendererwa ebikulu eby'obuweereza bwa Kristo byali:

Okubikkulira Katonda eri Abantu.

Katonda yafuuka omubiri era n'abikkulirwa Yesu Kristo: "*Tewali n'omu eyali alabye ku Katonda, okuggyako Omwana we omu yekka, abeera mu kifuba kya kitaffe, oyo ye yatutegeeza byonna ebimufaako.*" (Yokaana 1:18).

Okununula Omuntu Mu Kibi.

Mu kufa kwa Yesu Kristo mwe musumululwa okuva mu buddu bw'ekibi mwe yali yatuteeka:

Babasuubiza eddembe, so nga bo bennyini baddu ba bikolwa ebibi eby'okuzikirira. Kubanga omuntu afuu ka muddu w'ekyo ekimufuga. (2 Peetero 2:19)

Ebitonde birifuulibwa bya ddembe okuva mu kufugibwa okuvunda ne bigabanira wamu n'abaana ba Katonda ekitiibwa eky'okuba mu ddembe. (Abaruumi 8:21)

Kale nga Kristo bwe yatufuula ab'eddembe, bwe mutyo munywerere mu ddembe eryo muleme kusibwa nate mu kikoligo ky'obuddu. (Abaggalatiya 5:1)

Okusaanyaawo emirimu nya Sitaani.

...Omwana wa Katonda kyeyava aija mu nsi azikirize ebikolwa bya Setaani. (1 Yokaana 3:8)

Okulamula Omuntu.

Kubanga nga Kitaawe w'Omwana bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye, era yamuwa obuyinza okusaliraabantu emisango, kubanga ye Mwana w'Omuntu. (Yokaana 5:26-27)

Okuleeta ebintu byonna okugondera Katonda.

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 1:9-10)

Okwegayirira Abakkiriza.

Mu Ggulu Yesu ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda Kitaffe ng'asaba abakkiriza, ng'abeegayiririra:

Ani alibasalira omusango? Kristo Yesu yafa, kyokka okusinga byonna yazuukizibwa, era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, ng'atwegayiririra. (Abaruumi 8:34)

OKUFA KWA YESU KRISTO

Ebitabo by'Enjiri byonna ebina biwandiika ku kufa kwa Kristo olw'okusonyiyibwa ebibi by'abantu bonna, okuteekawo Endagaano Empya, n'okuwangulwa kwa Sitaani. Ebikulu ebijuliziddwa ebikwata ku kufa kwa Yesu ye Matayo 26-27; Makko 14-15; Lukka 22-23; ne Yokaana 18-19.

Obunnabbi bw'endagaano enkadde bwalagula okuliibwamu olukwe n'okufa kwe:

-Yesu yaliibwamu olukwe mukwano gwe: Zabbuli 41:9.

-Yaliibwamu olukwe olw'ebitundu bya ffeeza 30: Zekkaliya 11:12-13.

-Yesu yatulugunyizibwa: Isaaya 50:6.

-Yesu yasirika mu maaso g'abamulumiriza: Isaaya 53:7.

-Yesu yandikomererwa olw'ebibi byaffe: Isaaya 53:4-6.

-Zakaliya yannyonnyola okukomererwa: Zekkaliya 12:10.

-Yesu yandibaliddwa wamu n'abasobya: Isaaya 53:12.

-Yesu yandiziikiddwa mu ntaana y'omugagga: Isaaya 53:9.

Abawandiisi b'Endagaano Empya bakakasa okufa kwe: Matayo 26-27; Makko 14-15; Lukka 22-23; Yokaana 18-19.

Ensonga Lwaki Yesu Yafa.

-Okutabaganya abantu ne Katonda: Abaruumi 5:9-11; 2 Abakkolinso 5:18-19; Abeefeso 2:14-16; Abakkolosaayi 1:20-22.

-Okwetikka ebibi byaffe: Abebbulaniya 9:28; 1 Peetero 2:24.

-Okuggyawo ebibi: Yokaana 1:29; Abebbulaniya 9:26; 10:4,10-12; 1 Yokaana 3:5.

-Okutusonyiwa ebibi: Abeefeso 1:7; Abakkolosaayi 1:14; 2:13-14; 1 Yokaana 1:9.

-Okutuwa obulamu obutaggwaawo: Yokaana 3:14-16; 10:10, 27-29, ne 10:10, 27-29; 1 Yokaana 5:6-13

-Okukola Katonda by'ayagala: Abebbulaniya 10:7-14.

-Okulokola aboonoonyi: Matayo 9:13; Lukka 19:10; 1 Timoseewo 1: 15.

-Okutuukiriza amateeka: Matayo 5:17; Abaruumi 10:4.

-Okununula abo abali wansi w'amateeka: Abaggalatiya 3:13-14, 24; 4:4-5; 1 Peetero 1:18-19.

-Okulaga obutuukirivu bwa Katonda: Abaruumi 3:24-26; 2 Abakkolinso 5:21.

-Okwolesa okwagala kwa Katonda: Yokaana 3:16; Abaruumi 5:8; 1 Yokaana 3:16; 4:9-18.

-Okuleeta abantu ababuze eri Katonda: Abebbulaniya 2:9-10; 1 Peetero 3:18.

-Okusaanyaawo amaanyi ga sitaani: Abebbulaniya 2:14-15.

-Okutuukiriza emirimu gya kabona omukulu omwesigwa: Abebbulaniya 2:17-18; 4:14-16.

-Okuwaayo obulamu bwe ng'ekinunulo: Matayo 28:28; 1 Timoseewo 2:5-6.

OKUZUUKIRA KWA YESU KRISTO

Oluvannyuma lw'okufa kwe ng'akomererwa, Yesu yaziikibwa, naye teyasigala mu ntaana. Emboozzi y'Okuzuukira kwe okw'ekyamagero kuwandiikkidwa mu Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, ne Yokaana 20.

Okuyitira mu kuzuukira kwe okuva mu bafu, Yesu yafuna obuwanguzi ku kufa okw'omubiri. Abo abafuuka ekitundu ky'Obwakabaka bwa Katonda bayinza okufa mu mubiri, naye era bajja kuzuukira okuva mu bafu nga bwe yakola. Olw'okuba Kabaka waffe wa lubeerera, tuli kitundu kya bwakabaka obutaggwaawo abalina obulamu obutaggwaawo.

-Abawandiisi b'Endagaano Enkadde balagula okuzuukira kwe. Eby'okulabirako biri mu Koseya 6:1-2 ne Zabbuli 16:10.

-Abawandiisi b'Endagaano Empya bakakasa okuzuukira kwe. Kyogerwako nnyo mu Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, ne Yokaana 20. Bamalayika baakikakasa: Matayo 28:5-7; Makko 16:5-7; Lukka 24:4-7; ne Yokaana 20:12. Abawandiisi b'Endagaano Empya bamala ebiseera bingi ku nsonga y'okuzuukira. Ekyokulabirako eky'edda kiri mu 1 Abakkolinso 15 Pawulo gy'agamba nti Kristo bw'aba tazuukidde okuva mu bafu olwo yafiira bwereere; Yalimba era naffe tukyagenda mu maaso n'okulimba; okubuilira n'okukkiriza kwaffe tekulina mugaso kubanga Omulokozi omufu tayinza kulokola muntu yenna, kale tubuze mu bibi byaffe; abantu baffe abaafa tebakkyadda emirembe gyonna; era tulina okusaasirwa! Naye Pawulo amaliriza nti ebintu bino si bituufu kubanga Yesu Kristo mulamu!

Oluvannyuma lw'okuzuukira kwe mu bafu, Yesu yalabikira abantu bangi, n'akakasa ensonga ye okuzuukira:

-Okulabika kwe okwasooka yali eri Maliyamu Magudaleene, ku makya g'okuzuukira: Makko 16:9; Yokaana 20:10-18.

-Yalabikira abakazi nga bakomawo okuva mu ntaana: Matayo 28:9-10.

-Yalabikira abayigirizwa babiri mu kkubo erigenda e Emawo: Lukka 24:13-32; Makko 16:12-13.

-Yalabikira Peetero mu Yerusaalemi: Lukka 24:34; 1 Abakkolinso 15:5.

-Yalabikira abayigirizwa be (Tomasi nga taliiwo): Lukka 24:36-43; Yokaana 20:19-23.

-Yesu yaddamu okulabika eri abayigirizwa be nga Tomasi aliwo: Yokaana 20:24-29.

-Yalabikira abayigirizwa musanvu ku lubalama lw'enyanja y'e Ggaliraaya: Yokaana 21:1-24.

-Yesu yalabibwa abakkiriza 500 mu kiseera kimu: 1 Abakkolinso 15:5-7

-Yalabikira Yakobo: 1 Abakkolinso 15:7.

-Yalabikira ku lusozi lw'emizeyituuni, n'oluvannyuma n'alinnya mu Ggulu: Matayo 28:18-20; Lukka 24:50-53.

-Yalabibwa Pawulo mu kkubo erigenda e Ddamasiko: Ebikolwa 9:3-6; 1 Abakkolinso 15:8.

-Yalabibwa ng'alinnya mu Ggulu: Ebikolwa 1:3-11.

OKUGENDA KWA YESU KRISTO MU GGULU

Okulinnya kwa Yesu mu Ggulu kwawandiikibwa mu Matayo 28:16-20, Makko 16:19-20, Lukka 24:50-53, ne Ebikolwa 1:1-11. Oluvannyuma Iwa Yesu okulabikira abantu bangi okumala ennaku amakumi ana, Yesu yakulembera Abayigirizwa be nga bagenda ku lusozi, yabawa omulimu ogusembayo okubuulira Enjiri eri ensi, n'alinnya mu Ggulu mu kire.

Yesu yagulumizibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda (Zabuli 110:1; Ebikolwa 2:34-35) era mu kiseera kino afuga obutonde bwonna (Abaefeso 1:20-22a). Ye mutwe ku bintu byonna ebikwata ku Kkanisa(Abaefeso 1:22-23; 1 Peetero 3:22) era atumye Omwoyo Omutukuvu nga bwe yasuubiza (Ebikolwa 2:33). Mu kiseera kino yeegayirira abakkiriza bonna ab'amazima (Abaebbulaniya 7:25) era aija kusigala mu Ggulu okutuusa ekiseera ky'okudda n'okussaawo Obwakabaka bwa Katonda obulabika mu ngeri ey'enkomerero.

OKUDDA KWA YESU KRISTO

Bayibuli eraga nti Yesu aija kudda ku nsi mu kimanyiddwa okukwakulibwa. Ebikwata ku nsonga eno okudda biweereddwa mu 1 Abasesalonika 4:13-18. Abo abeebaka ne Yesu balikomawo naye; Mukama alikka okuva mu ggulu n'eddoboozi ery'omwanguka, n'eddoboozi lya malayika omukulu, era n'ekkondeere lya Katonda; abafu mu Kristo balisooka kuzuukira olwo ffe abalamu era abasigaddewo ne tuba ne basitula wamu nabo mu bire okusinkana Mukama mu bbanga; era bwe tutyo bwe tunaabeeranga ennaku zonna ne Mukama. Oluvannyuma, Yesu aija kudda ku nsi mu kujja okw'okubiri okufuga Sitaani nebonna abalabe n'okunyweza Obwakabaka bwe obutaggwaawo. (Laba essuula ekwata ku bunnabbi bwa Baibuli, ebiseera eby'enkomerero n'emirembe n'emirembe.)

Bayibuli eraga nti Obwakabaka bwa Yesu bujja kuba bwa lubeerera:

Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n'obwakabaka bwe tebulikoma. (Lukka 1:33)

Buli bwakabaka bw'ensi n'obwakabaka bwa Sitaani bijja kuwangulwa Kabaka wa Bassekabaka. Kunkomerero ekirangiriro kigenda kulangirirwa nti...

...Obwakabaka bw'ensi eno kati bufuuse bwa Mukama waffe ne Kristo we, era anaafuganga emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 11:15)

W'OFIISI ESATU EZA YESU KRISTO

Kristo Ye Nabbi.

Mu Ekyamateeka 18:18 Musa yalagula nti Katonda yandisindika nnabbi omulala nga ye eri abantu ba Isiraeri. Yokaana ne Peetero bombi bajulirwa nti Yesu ye nnabbi oyo (Yokaana 6:14; 7:40; Ebikolwa

3:22-24). Kristo yakola nga nnabbi okuyita mu kubikkulirwa okuva eri Katonda era yali, mu kifaananyi ky'omuntu, okubikkulirwa okuva eri Katonda (Yokaana 1:18).

Kristo Ye Kabona Waffe.

Nnabbi yali mukiise wa Katonda eri abantu. Kabona ye yali omukiise w'abantu mu maaso ga Katonda, kale kino kitegeeza nti Yesu Kristo naye yakolera mu kifo kya bakabona. Mukifo ky'okuwaayo ssaddaaka z'Abaleevi olw'ekibi naye, Yesu yeewaayo nga ssaddaaka esembayo--omulundi gumu era ku lwa bonna--olw'ebibi byonna eby'abantu bona. Nga kabona, yayingira mu kifo ekitukuvu eky'ebitukuvu mu Ggulu era n'atuggulirawo ekkubo okutuuka mu maaso ga Katonda. Abaruumi 8:34 n'Abaebbulaniya 7:25 bibikkula nti mu kiseera kino atuwolereza.

Kristo Ye Kabaka Waffe.

Yesu Kristo yatuukiriza omulimu gwa Kabaka. Okwawukana ku bakabaka ba Isiraeri abasinga obukulu, Yesu y'afuga ensi yonna (Abaefeso 1:20-23). Bw'akomawo ku nsi mu kujja kwe okw'okubiri, Ye ajja kutwala ekifo kye ekituufu nga "Kabaka wa Bakabaka" (Okubikkulirwa 19:16).

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola Enjigiriza ku Mwana Yesu Kristo.

.....
.....
.....

2. Miramwa ki egimu egitera okusomesebwa njigiriza ya Yesu Kristo?

.....
.....
.....

3. Lwaki enjigiriza ya Yesu Kristo nkulu?

.....
.....
.....

4. Soma ekitundu mu ssuula eno ku "Okubeerawo kwa Kristo nga tannabaawo" era ofunze kiki ky'oyize.

.....
.....
.....

5. Obunnabbi mu ndagaano enkadde bwalaga ki ku Yesu?

.....
.....
.....

6. Ng'okozesa ennyiriri eziweereddwa, jjuzaamu ebifo ebtaliimu.

Masiya yandizaalibwa mu _____ :Mikka 5:2; Matayo 2:1; Lukka 2:4-6.

Masiya yandizaalibwa _____ : Olubereberye 3:15; Matayo 1:20; Abaggalatiya 4:4.

Masiya yandizaalibwa _____ : Isaaya 7:14; Matayo 1:22-23; Lukka 1:26-31.

Masiya yandivudde mu lunyiriri lwa_____ Olubereberye 12:3; 22:18; Matayo 1:1; Abaruumi 9:5.

Masiya yandibadde muuzzukulu wa _____: Olubereberye 17:19; 21:12; Lukka 3:34.

Masiya yandibadde muuzzukulu wa _____: Okubala 24:17; Matayo 1:2.

Masiya yandivudde mu kika kya _____: Olubereberye 49:10; Lukka 3:33; Abebbulaniya 7:14.

Masiya yandibadde musika wa _____ entebe y'obwakabaka: 2 Samwiri 7:12-13; Isaaya 9:7; Lukka 1:32-33; Abaruumi 1:3

Entebe ya Masiya ejja kuba _____: Zabbuli 45:6-7; Danyeri 2:44; Lukka 1:33; Abebbulaniya 1:8-12.

Yandiyitibwa _____: Isaaya 7:14; Matayo 1:23.

Yandibadde _____: Zabbuli 2:7; Abebbulaniya 1:5; 5:5.

Yandimaze ekiseera mu_____: Koseya 11:1; Matayo 2:14-15.

Okuttibwa kw'abaana kwandibaddewo ku _____: Yeremiya 31:15; Matayo 2:16-18.

Omubaka yanditegese _____: Isaaya 40:3-5; Malaki 3:1; Matayo 11:10-13; Lukka 3:3-6.

Yandikulembeddwamu obuweereza bwa _____: Malaki 4:5-6; Matayo 11:13-14.

Yandigaaniddwa _____ Ye: Zabbuli 69:8; Isaaya 53:3; Yokaana 1:11; 7:5.

Yandibadde _____: Ekyamateeka 18:15; Ebikolwa 3:20-22.

Yandirangiriddwa okuba _____: Zabbuli 2:7; Matayo 3:16-17.

Yandiyitibwa _____: Isaaya 11:1; Matayo 2:23.

Yandiyitibwa _____: Zabbuli 2:6; Zekkaliya 9:9; Matayo 27:37; Makko 11:7-11.

Yandireese _____: Isaaya 9:1-2; Matayo 4:13-16.

Yandisomesessa ng'akozesa _____: Zabbuli 78:2-4; Isaaya 6:9-10; Matayo 13:10-15, 34-35.

Yandiwonye _____: Isaaya 61:1-2; Lukka 4:18-19.

-Yandibadde kabona oluvannyuma lw'omutendera gwa _____: Zabbuli 110:4; Abebbulaniya 5:5-6.

Yandifunye ettendo okuva mu _____: Zabbuli 8:2; Matayo 21:16.

Yandiyigidde Yerusaalemi mu _____: Zekkaliya 9:9; Matayo 21:4-5; Yokaana 12:14-15.

Yandikyayibwa nga talina _____: Zabbuli 35:19.

Yandibadde _____: Zabbuli 41:9; Zekkaliya 11:12-13; Lukka 22:47-48; Matayo 26:14-16.

Abayigirizwa be bandikoze _____: Zekkaliya 13:7; Matayo 26:31,56; Makko 14:27,50.

Ensimbi z'okuliibwamu olukwe zandikozesebwa okugula _____: Zekkaliya 11:12-13; Matayo 27:9-10.

Yandibadde mu bulimba _____: Zabbuli 35:11; Makko 14:57-58.

Yandisirise nga _____ tennabaawo: Isaaya 53:7; Makko 15:4-5.

Yandibadde _____: Isaaya 50:6; Matayo 26:67; Zabbuli 69:4; Yokaana 15:24-25.

Yandikomererwa ne _____: Isaaya 53:12; Matayo 27:38; Makko 15:27-28.

Emikono gye n'ebigere bye byandibadde _____: Zabbuli 22:16; Zekkaliya 12:10; Yokaana 20:25-27.

Yandiweereddwayo _____ okunywa: Zabbuli 69:21; Matayo 27:34; Yokaana 19:28-30.

Yandibadde _____: Zabbuli 22:7-8; Lukka 23:35.

Yandisitulidde _____ yaffe: Zabbuli 69:19; Matayo 27:28.

Abaserikale baali bazannya zzaala ku lwa _____ Ye: Zabbuli 22:18; Lukka 23:34; Matayo 27:35-36.

Yandisuuliddwa _____: Zabbuli 22:1; Matayo 27:46.

Yandisabidde _____: Isaaya 53:12; Lukka 23:34.

Yandibaliddwa ne _____: Isaaya 53:12; Lukka 23:33.

Yandifudde nga _____: Isaaya 53:5-6;10; Yokaana 19:16.

Yandi _____: Zabbuli 69:3; Yokaana 19:28.

Yandibadde _____: Zabbuli 22:17; Matayo 27:36.

Yandisiimye _____ ye eri Katonda: Zabbuli 31:5; Lukka 23:46.

Yandibadde ssaddaaka esembayo ku lwa _____: Isaaya 53:5-12; Abaruumi 5:6-8.

Okufa kwe kwandikuumye _____: Abebbulaniya 2:12.

Yandi "kulembeddemu obuwambe _____": Zabbuli 68:18; Abeefeso 4:8-10.

-Amagumba ge tegandibadde _____: Okuva 12:46; Zabbuli 34:20; Yokaana 19:33-36.

Oludda lwe lwandibadde _____ Zekkaliya 12:10; Yokaana 19:34.

Omusaayi ne _____ byandikulukuta okuva mu mubiri gwe: Zabbuli 22:14; Yokaana 19:34

Yandiziikiddwa wamu n'aba _____: Isaaya 53:9; Matayo 27:57-60.

Yandibadde _____ okuva mu bafu: Zabbuli 16:10; 49:15; Matayo 28:2-7; Ebikolwa 2:22-32.

Yalinnye okutuuka ku _____: Zabbuli 24:7-10; Makko 16:19; Lukka 24:51.

-Yanditudde ku _____: Zabbuli 68:18; 110:1; Makko 16:19; Matayo 22:44.

7. Funza okulagula kw'Endagaano Empya okukwata ku Yesu.

.....
.....

8. Ng'okozesa ekitundu ekituumiddwa "Obuntu N'Obwakatonda bwa Yesu Kristo", wandiika mu bufunze ekiwandiiko ekikwata ku by'oyize

.....
.....
.....

9. Nnyonnyola engeri za Yesu zino wammanga. Ali:

Muyinza w'ebintu byonna:.....

Amanyi byonna:.....

Abeera buli wamu:.....

Wa Lubeerera:.....

Takyukakyuka:.....

Atuukiridde:.....

10. Mu ngeri ki essatu Yesu gye yafuna erinnya lye?

.....
.....
.....

11. Erinnya "Yesu" ligegeeza ki?

.....
.....
.....

12. Erinnya "Kristo" ligegeeza ki

.....
.....
.....
.....
.....

13. Funza by'oyize ku kuzaalibwa kwa Yesu.

.....
.....
.....
.....
.....

14. Funza by'oyize ku bulamu bwa Yesu obw'olubereberye.

.....
.....
.....
.....

15. Wandiika obuwereera bwa Yesu obwogeddwako mu ssuula eno.

.....
.....
.....
.....

16. Bitundu ki ebiwandiika ku kufa kwa Yesu?

.....
.....
.....

17. Kiki ky'oyiga ku kufa kwa Yesu mu bitundu bino wammanga?

Zabbuli

41:9:.....

Zekkaliya 11:12-13:.....

Isaaya 50:6:.....

Isaaya 53:7:.....

Isaaya 53:4-6:.....

Zekkaliya 12:10:.....

Isaaya 53:12:.....

Isaaya 53:9:.....

18. Bitundu ki eby'omu Ndagaano Empya ebikakasa okufa kwa Yesu?

.....

.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....
.....

19. Ennyiriri zino wammanga ziraga ki ku nsonga lwaki Yesu yafa?

Abarumi 5:9-11; 2 Abakkolinso 5:18-19; Abeefeso 2:14-16; Abakkolosaayi 1:20-22

.....
.....

Abebbulaniya 9:28; 1 Peetero 2:24

.....
.....

Yokaana 1:29; Abebbulaniya 9:26; 10:4,10-12; 1 Yokaana 3:5

.....
.....

Abeefeso 1:7; Abakkolosaayi 1:14; 2:13-14; 1 Yokaana 1:9

.....
.....

Yokaana 3:14-16; 10:10, 27-29, 10:10, 27-29; 1 Yokaana 5:6-13

.....
.....

Abebbulaniya 10:7-14

.....
.....

Matayo 9:13; Lukka 19:10; 1 Timoseewo 1: 15

.....
.....

Matayo 5:17; Abarumi 10:4

.....
.....

Abaggalatiya 3:13-14, 24; 4:4-5; 1 Peetero 1:18-19

Abaruumi 3:24-26; 2 Abakkolinso 5:21

Yokaana 3:16; Abaruumi 5:8; 1 Yokaana 3:16; 4:9-18

Abebbulaniya 2:9-10; 1 Peetero 3:18

Abebbulaniya 2:14-15

Abebbulaniya 2:17-18; 4:14-16

Matayo 28:28; 1 Timoseewo 2:5-6

20. Bitundu ki eby'omu Ndagaano Empya ebikwata ku kuzuukira?

21. Kiki Yesu kye yatuukako ng'ayita mu kuzuukira kwe?

22. Kiki ky'oyiga ku kuzuukira kwa Yesu mu bitundu bino wammanga?

Koseya 6:1-2:

Zabbuli 16:10:.....

Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, Yokaana 20:.....

Matayo 28:5-7; Makko 16:5-7; Lukka 24:4-7; Yokaana 20:12:.....

1 Abakkolinso 15:.....

23. Ng'okozesa ebitundu bino wammanga, wandiika Yesu gwe yalabikira oluvannyuma Iw'okuzuukira kwe

Makko16:9; Yokaana 20:10-18.....

Matayo 28:9-10.....

Lukka 24:13-32; Makko 16:12-13.....

Lukka 24:34; 1 Abakkolinso 15:5.....

Lukka 24:36-43; Yokaana 20:19-23.....

Yokaana 20:24-29.....

Yokaana 21:1-24.....

1 Abakkolinso 15:5-7.....

1 Abakkolinso 15:7.....

Matayo 28:18-20; Lukka 24:50-53.....

Ebikolwa 9:3-6; 1 Abakkolinso 15:8.....

Ebikolwa 1:3-11.....

24. Ebyo ebikwata ku kulinnya kwa Yesu mu Ggulu biwandiikkidwa wa?

.....
.....
.....
.

25. Kiki ekyatuuka ku Yesu oluvannyuma lw'okulinnya mu ggulu? Kati Ali ludda wa? Akola ki?

.....
.....
.....

26. Soma 1 Abasessalonika 4:13-18 era ofunze by'oyiga ku kudda kwa Yesu Kristo.

.....
.....
.....

27. wofiisi ki essatu Yesu z'alina?

.....
.....
.....
.

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Okusobola okumanya ebikwata ku Yesu Kristo mu bujuvu, "laba Harvestime Legacy Bible" Outline ekwata ku bitabo by'Enjiri.
2. Buli ssuula mu kitabo kya Yokaana eyogera ku katonda wa Kristo. Soma ennyiriri zino wammanga era ofunze by'oyize.

1:49 _____

11:27 _____

2:11 _____

12:32 _____

3:16 _____

13:13 _____

4:26 _____

14:11 _____

5:25 _____

15:1 _____

6:33 _____

16:28 _____

7:29 _____

17:1 _____

8:58 _____

18:11 _____

9:37 _____

19:7 _____

10:30 _____

20:28 _____

21:14 _____

3. Soma ebiwandiiko bino ebikakasa obutonde bwa Yesu Kristo obw'obwakatonda:

Matayo 9:5-6; 10:32-33; 11:4-6,27; 12:6,41-42, 16:13,15,17,27,16:13,15,17,27; 21:42; 22:42-45; 23:10; 26:53,64, era nga 26:53,64; 27:11; 28:18

Makko 2:9-11,28; 8:27,29; 12:10-11,35-37, 14:62; 15:2

Lukka 5:23-24; 6:5; 7:22-23; 9:18,20; 10:22; 11:20,31-32,11:20,31-32; 19:40; 20:17-18,41-44, 22:69-70; 23:3

Yokaana 1:51; 3:13; 4:10,26,32, 10,26,32; 5:17,19-23,26-27,30-32,34,36-37,39,41
6:27,29,35,46,51,62,7:17- 17 .18; 8:14,16-19,23,25,29,42, 50,54-56,58, 9:35,37 10:25,30,34-38,
10:25,30,34-38; 12:30,44-45 13:31-32; 14:1,6,7,9-11,20; 15:23; 16:15,27-28,16:15,27-28; 17:1-
3,5,8,10-11,21-24,28-29; 18:36-37; 19:1.

4. Soma bino ebijuliziddwa ebikakasa obutonde bwa Yesu Kristo obw'obuntu:

-Matayo 3:15; 8:20; 11:19; 26:10-13,38-39,42,45,27:46

-Makko 14:7-9,26,34,36,41;15:34

-Lukka 7:34; 9:58; 22:28,42, 24:39,41

-Yokaana 4:7; 12:7-8; 19:26,28; 20:27; 21:5,12

5. Okwongera okusoma ku butume bwa Kristo:

Matayo 4:4; 5:17; 9:12-13; 10:34-36; 11:15; 15:26; 18:11-13; 21:33-40

Makko 1:38; 2:17; 4:21-22; 7:16,27; 12:1-9

Lukka 2:49; 4:18-19,21,23-27,43, 5:31-32; 8:16,17; 11:30,33, 12:2-3,14,49,51-53,13:32-33; 19:10; 20:9-16

Yokaana 3:19-21; 4:13,14,34 5:25,28-30, 6:38-40,50,55,56,58, 7:7,16; 8:12,26; 9:3-5,39; 10:1-5,7,9-18,27-29, 11:4,9,10; 12:26,27,47-50,13:20; 18:15,16,37

6. Weeyongere okusoma ku buweereza bwa Kristo:

Matayo 9:15,37,38; 12:25-30; 20:28

Mako 2:19; 3:23-27; 10:45

Lukka 5:34; 11:17-23

Yokaana 2:4; 3:11; 4:35-38; 12:35,36

7. Soma obulamu bwa Yesu Kristo ng'okozesa ensengeka eno egatta ebitabo by'Endagaano Empya ebya Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana.

Obulamu Bwa Yesu Kristo

1. Nga Kabaka tannabaawo. Yokaana 1:1-18
2. Okwanjula kwa Kabaka
 - (A). Okutuuka kwa Kabaka:
 - i. Olulyo Iwa Kabaka: Matayo 1:1-17, Lukka 3:23-38
 - ii. Okutuuka kwa Kabaka:
 - (a) Okulanga okuzaalibwa kwa Yokaana: Lukka 1:5-25
 - (b) Okulanga eri Mariamu ku kuzaalibwa kwa Yesu: Lukka 1:26-38
 - (c) Okutuuka kwa Mariamu e Buyudaaya: Lukka 1:339-45
 - (d) Okutendereza kwa Mariamu: Lukka 1:46-56
 - (e) Okuzaalibwa kwa Yokaana: Lukka 1:57-80
 - (f) Okulanga kw'okuzaalibwa kwa Yesu eri Yozefu: Matayo 1:18-25
 - (g) Okuzaalibwa kwa Yesu Kabaka: Lukka 2:1-7
 - (h) Okulanga kw'okuzaalibwa kwa Yesu eri abasumba: Lukka 2:8-20

Obuwere n'obuto bwa Kabaka:

- (a) Okukomolebwa kwa Kabaka: Lukka 2:21
- (b) Okulagibwa kwa Kabaka: Lukka 2:22-38
- (c) Obuwere bwa Kabaka:
 - Mu Beserekemu: Matayo 2:1-12
 - Mu Missiri: Matayo 2:13-18
 - Mu Nazaresi: Matayo 2:19-23, Lukka 2:39
 - (d) Obuto bwa Kabaka.
 - Okukula kwa Kabaka: Lukka 2:40
 - Kabaka akyalira Yerusalem: Lukka 2:41-50

- Okukulakulana kwa Kabaka: Lukka 2:51-52

Eyasookayo Kabaka: Yokaana omubatiza.

(a) Obubaka eri Yokaana: Makko 1:1, Lukka 3:1-2

(b) Obubaka bwa Yokaana: Matayo 3:1-6, Makko 1:2-6, Lukka 3:3-6

(c) Okunnyonnyola kwa Yokaana: Matayo 3:11-12, Makko 7-8, Lukka 3:15-18

3. Okukakasibwa kwa Kabaka.

(A). Okukakasibwa kwa Kabaka.

(a). Ku kubatizibwa kwe: Matayo 3:13-17, Makko 1:9-11, Lukka 3:21-23

(b). Ku kukemebwa kwe: Matayo 4:1-11, Makko 1:12-13, Lukka 4:1-13

(c). Eyamusookayo: Yokaana.

- Okujulira kwa Yokaana eri abakulembeze: Yokaana 1:19-28

- Okujulira kwa Yokaana eri Yesu: Yokaana 1:29-34.

(B). Okukirizibwa kwa Kabaka.

(a). Okukkiriza kw'abayigirizwa abaasooka: Yokaana 1:35-51.

(b). Okukkiriza okwava mu ky'amagero ekyasooka: Yokaana 2:1-12

(c). Obwanannyini ku kkanisa: Yokaana 2:13-22

(d). Okukkirizibwa e Buyudaaya: Yokaana 2:23-36

(e). Okujulira kwa Yokaana: Yokaana 3:23-36

(f). Mu Zebuluuni/Nafutaali: Matayo 4:12, Makko 1:14, Lukka 3:19-20, 4:14, Yokaana 4:1-4

(g). Okukkirizibwa mu Samariya: Yokaana 4:5-42

(h). Okukkirizibwa mu Galiraaya: Yokaana 4:43-45

Obuyinza bwa Kabaka.

(1) Obuyinza bwe okubuulira: Matayo 4:17, Makko 1:15, Lukka 4:14-15

(2) Obuyinza bwe ku ndwadde: Yokaana 4:46-54

(3) Okugaanibwa kw'obuyinza bwe mu Nazaareesi: Lukka 4:16-30

(4) Obutuuze mu Kaperenawumu: Matayo 4:13-16

(5) Obuyinza bwe ku butonde: Matayo 4:18-22, Makko 1:16-20, Lukka 5:1-11

(6) Obuyinza bwe ku zi ddayimooni: Makko 1:21-28, Lukka 4:31-37

- (7) Obuyinza ku ndwadde: Matayo 8:14-17, Makko 1:29-34, Lukka 4:38-41
- (8) Obuyinza okubuulira: Matayo 4:23-25, Makko 1:35-39, Lukka 4:42-44
- (9) Obuyinza ku butali bulongoofu: Matayo 8:1-4, Makko 1:1-12, Lukka 5:12-26
- (10) Obuyinza bwe ku kusonyiyibwa kw'ebibi: Matayo 9:1-8, Makko 2:1-12, Lukka 5:17-26
- (11) Obuyinza bwe ku bantu: Matayo 9:9-13, Makko 2:13-17, Lukka 5:27-32
- (12) Obuyinza ku buwangwa: Matayo 9:14-17, Makko 2:18-22, Lukka 5:33-39
- (13) Obuyinza bwe ku Ssabbiiti:
 - Ng'awonya omusajja omulwadde: Yokaana 5:1-47
 - Ng'awakana ku lw'emigaati: Matayo 12:9-14, Makko 2:23-28, Lukka 6:1-5
 - Ng'awonya omukono ogukaze: Matayo 12:9-14, Makko 3:1-6, Lukka 6:6-11
- (14) Obuyinza bwe ku kuwonya: Matayo 12:15-21, Makko 3:7-12
- (15) Obuyinza bwe okuwa emirimu: Makko 3:13-19, Lukka 6:12-16
- (16) Obuyinza bwe mu kutaputa amateeka: Matayo 5:1-7, Lukka 6:17-42
 - (a) Ye katuukiriza: Matayo 5:17-20
 - (b) Agaana okutaputa amateeka mu ngeri ey'edda:
 - Obutemu: Matayo 5:21-26
 - Obwenzi: Matayo 5:27-30
 - Okwawukana: Matayo 5:31-32
 - Okulayira: Matayo 5:33-37
 - Okuwoolera: Matayo 5:38-42
 - Okwagala: Matayo 5:43-48, Lukka 6:27-30, 32-36
 - (c) Okugaana enkola y'ekifirisaayo:
 - Okuwaayo: Matayo 6:1-4
 - Okusaba: Matayo 6:5-15
 - Okusiiba: Matayo 6:16-18
 - Endowooza eri obuggagga: Matayo 6:19-24
 - Okusala omusango: Matayo 7:1-6, Lukka 6:37-42
 - (d) Ekiragiro eri abaliyingira obwakabaka.
 - Okusaba: Matayo 7:7-11
 - Obutuukirivu: Matayo 7:12, Lukka 6:31, 43-45
 - Omulyango omuyitibwa: Matayo 7:13-14
 - Okulabula ku basomesa abalimba: Matayo 7:15-23
 - Emisingi ebiri: Matayo 7:24, 8:1, Lukka 6:46-49
- (17) Okumanya obuyinza bwa Kabaka mu Kaperenawumu: Matayo 8:5-13, Lukka 7:1-10
- (18) Okumanya obuyinza bwa Katonda mu Nayini: Lukka 7:11-17
- (19) Okulaba ekkumi n'ababiri ab'obwakabaka: Matayo 9:35, 11:1, Makko 6:6-13, Lukka 9:1-6

Okukaayana ku Kabaka:

- (A) Okugaanibwa kwa Yokaana: Matayo 11:2-19, Lukka 7:18-35
 - Okufa kwa Yokaana: Matayo 14:1-12, Makko 6:14-29, Lukka 9:7-9

- (B) Ekikolimo ku bibuga bye Galiraaya: Matayo 11:20-30
- Okunenyezebwa olw'obutakkiriza bwabwe: Matayo 11:20-24
 - Okunnyonnyola kw'obutakkiriza bwabwe: Matayo 11:25-27
 - Okuyitibwa eri okukkiriza: Matayo 11:28-30

- (C) Okukaayana ku mwononyi: Lukka 7:36-50
- (D) Okujulira ku Kabaka: Lukka 8:1-3
- (E) Abakulembeze bagaana Kabaka: Matayo 12:22-37, Makko 3:19-30
- (F) Abakulembeze basaba Kabaka akabonero: Matayo 12:38-45
- (G) Okugaanibwa kw'eggwanga: Matayo 12:46-50, Makko 3:31-35, Lukka 8:19-21
- (H) Okubikkulirwa ku Kabaka eyagaanibwa;
- Obwakabaka obuliwo: Matayo 13:1-53, Makko 4:1-34, Lukka 8:4-18
 - Obuyinza ku butonde: Matayo 8:18, 23-27, Makko 4:35-41, Lukka 8:22-25
 - Amaanyi ku zi ddayimooni: Matayo 8:28-34, Makko 5:1-20, Lukka 8:26-39.
 - Amaanyi ku birwadde/okufa: Matayo 9:18-26, Makko 5:21-43, Lukka 8:40-56
 - Amaanyi eri obuzibe: Matayo 9:27-34

Okugaanibwa mu Nazaareesi: Matayo 13:54-58, Makko 6:1-6

Ekiragiro kya Kabaka eri abayigirizwa;

- (A) Okuliisa enkumi ettaano: Matayo 14:13-21, Makko 6:30-44, Lukka 9:10-17, Yokaana 6:1-13
- (B) Agaana omukisa gw'okufuulibwa Kabaka: Matayo 14:22-23, Makko 6:45-46, Yokaana 6:14-15
- (C) Ekiragiro ky'ekyokulabirako mu Genesareeti: Matayo 14:34-36, Makko 6:53-56.
- (D) Ekiragiro ekikwata ku mugaati ogw'obulamu: Yokaana 6:22-71
- (E) Ekiragiro ekikwata ku butali bulongoofu: Matayo 5:1-20, Makko 7:1-23, Yokaana 7:1
- (F) Ekiragiro mu:
- Ttuulo ne Sidoni: Matayo 15:21-28, Makko 7:24-30
 - Dekapolisi: Matayo 15:29-38, Makko 7:31, 8:9
 - Magadani: Matayo 15:39, 16:4, Makko 8:13-26
 - Okulabula eri okugaanibwa: Matayo 16:5-12, Makko 8:13-26
- (G) Okwatula kwa Peetero: Matayo 16:13-20, Makko 8:27-30, Lukka 9:18-21
- (H) Ekiragiro ku kufa kwa Kabaka: Matayo 16:21, 17:22-23, Makko 8:31-33, 9:30-32, Lukka 9:22, 43-45
- (I) Ekikwata ku buyigirizwa: Matayo 16:22-28, Makko 8:34, 9:1, Lukka 9:23-27
- (J) Okubikkulirwa obwakabaka: Matayo 17:1-8, Makko 9:2-8, Lukka 9:28-36
- (K) Ekiragiro ekikwata ku Eriya: Matayo 17:9-13, Makko 9:9-13
- (L) Ekikwata ku kubeerwa: Matayo 17:14-21, Makko 9:2-8, Lukka 9:37-43
- (M) Ekikwata ku butabani: Matayo 17:24-27
- (N) Obukkakkamu: Matayo 18:1-5, Makko 9:33-37, Lukka 9:46-48
- (O) Amalala: Matayo 18:6-14, Makko 9:38-50, Lukka 9:49-50
- (P) Okusonyiyibwa: Matayo 18:15-35
- (Q) Obuyigirizwa: Matayo 8:19-22, Lukka 9:57-62
- (R) Ekizibu n'aboluganda Iwa Kabaka: Yokaana 7:2-9

(S) Olugendo lwe Yerusalemi: Lukka 9:51-56, Yokaana 7:10

Okuwakanyizibwa kwa Kabaka.

- (A) Akavuyo ku mbaga y'omunsiisira
 - Obuyinza bwa Kabaka bwebuuuzibwa: Yokaana 7:11-15
 - Okunnyonnyolwa okwa Kabaka: Yokaana 7:16-24
 - Kabaka ng'omuntu abuuuzibwa: Yokaana 7:25-27
 - Okunnyonnyolwa kwa Kabaka: Yokaana 7:28-30
 - Okuddibwamu: Yokaana 7:31-36
 - Okuyitibwa okuva ewa Kabaka: Yokaana 7:37-52
- (B) Olutalo ku tteeka: Yokaana 7:53, 8:11
- (C) Olutalo ku kitangaala: Yokaana 8:12-20
- (D) Olutalo ku muntu nga Kabaka: Yokaana 8:21-59
- (E) Olutalo ku kuwonyezebwa kw'omuzibe: Yokaana 9:1-43
- (F) Olutalo ku Musumba: Yokaana 10:1-21
- (G) Okulabibwa kw'abo omusanvu: Lukka 10:1-24
- (H) Olutalo ku kibuuzo ky'obulamu obutaggwaawo: Lukka 10:25-37
- (I) Olutalo ku mbaga y'okwewaayo: Yokaana 10:22-39
- (J) Olutalo ku kuwonyezebwa kw'eyaziba omumwa: Lukka 11:14-36
- (K) Olutalo ku bikolebwa mu bwangwa: Lukka 11:37-54

Ekiragiro ky'abayigirizwa okuva ewa Kabaka:

- (A) Eky'okulabirako ky'okujhjaana: Lukka 10:38-42
- (B) Ekiragiro mu kusaba: Lukka 11:1-13
- (C) Ennono z'obwakabaka ezikwata ku;
 - Obunnanfuusi: Lukka 12:1-12
 - Okwewaygaliza wekka: Lukka 12:13-34
 - Okwegendereza: Lukka 12:35-41
 - Obwesigwa: Lukka 12:42-48
 - Ebiva mu kujja kwa kabaka: Lukka 12:49-53
 - Obubonero bw'ebiseera: Lukka 12:54-59
 - Okwenenya: Lukka 13:1-9
 - Ekyetaago kya Yisirayiri: Lukka 13:10-17
 - Enteekateeka y'obwakabaka: Lukka 13:18-21
- (D) Okuva mu Buyudaaya: Yokaana 10:40-42
- (E) Ekiragiro ekikwata ku kuyingira obwakabaka: Lukka 13:22-35
- (F) Ekiragiro ku nju y'abafarisaayo: Lukka 14:1-24
- (G) Ekiragiro ku nnono z'obwakabaka ezikwata ku;
 - Buyigirizwa: Lukka 16:1-30
 - Katonda bw'atwala abonoonyi: Lukka 15:1-32

- Obugagga: Lukka 16:1-31
- Okusonyiyibwa: Lukka 17:1-6
- Okuweereza: Lukka 17:7-10
- (H) Okuzuukizibwa kwa Lazaaro:
 - Ekyamagero: Yokaana 11:1-44
 - Olutalo ku kyamagero: Yokaana 11:45-54
- (I) Ekiragiyo ku nnono z'obwakabaka ezikwata ku;
 - Okwebaza: Lukka 17:11-19
 - Okujja kwa Kabaka: Lukka 17:20-37
 - Essaala: Lukka 18:1-14
 - Okwawukana: Matayo 19:1-12, Makko 10:1-12
 - Okuyingira mu bwakabaka: Matayo 19:13-15, Makko 10:17-31, Lukka 18:31-34
 - Yisirayiri: Matayo 20:29-34, Makko 10:46-53, Lukka 18:35-43
 - Okukkiriza kw'omuntu: Lukka 19:1-10
 - Obwakabaka obwayongerwayo: Lukka 19:11-28

Okulagibwa kwa Kabaka.

- (A) Kabaka atuuka e Besaniya: Yokaana 11:55, 12:1, 9-11
- (B) Okuyingira mu Yerusaalemi: Matayo 21:1-11, 14-17, Makko 11:1-11, Lukka 19:29-44, Yokaana 12:12-19
- (C) Obuyinza bwa Kabaka: Matayo 21:12-13, 18-19, Makko 11:12-18, Lukka 19:45-48
- (D) Okuyitibwa Kabaka: Yokaana 12:20-50
- (E) Okukakasa kw'obuyinza: Matayo 21:20-22, Makko 11:19-25, Lukka 21:37-38
- (F) Obuyinza bwa Kabaka busoomoozebwa;
 - Bakabona n'abakadde: okugaanibwa kwa Kabaka: Matayo 21:23, 22:14, Makko 11:27, 12:12, Lukka 20:1-19
 - Abafarisaayo ne Bakeerodde: ennono z'obwakabaka ezikwata ku musolo; Matayo 22:15-22, Makko 12:13-37, Lukka 20:20-26
 - Okwa Baseddukaayo: Ennono z'obwakabaka ku kuzuukira: Matayo 22:23-33, Makko 12:18-27, Lukka 20:27-40
 - Okw'Abafarisaayo: Etteeka erisinga obukulu mu bwakabaka: Matayo 22:34-40, Makko 12:28-34
- (G) Okusoomozebwa kabaka: Matayo 22:41-42, Makko 12:35-37, Lukka 20:41-44
- (H) Ennono z'okulamulwa: Matayo 23:1-39, Makko 12:38-40, Lukka 20:45-47
- (I) Ennono z'obwakabaka ez'okuwaayo: Makko 12:41-44, Lukka 21:1-4

Enteekateeka y'okufa kwa Kabaka:

- (A) Okuteeberezebwa Kabaka:
 - Ekibuuzo: Matayo 24:1-3
 - Okutulugunyizibwa: Matayo 24:27:30
 - Okudda omulundi ogw'okubiri: Matayo 4:27-30

- Okuddamu okuhjaanya Isirayiri: Matayo 24:31
- Engero z'enkomerero;
Omuti omutiini: Matayo 24:32-44
Omuddu omwesigwa: Matayo 24:45-51
Abawala ekkumi: Matayo 25:1-13
Talanta: Matayo 25:14-30
- Okulamulwa kw'abanamawanga: Matayo 25:31-46

(B) Okutegeka okufa kwa Kabaka:

- Okuteebereza okufa kwe: Matayo 26:1-2, Makko 14:1, Lukka 22:1
- Enteekateeka y'abafuzi: Matayo 26:3-5, Makko 14:1-2, Lukka 22:2
- Okuyiibwako amafuta: Matayo 26:6-13, Makko 14:3-9, Yokaana 12:2-8
- Okusuubiza ku lukwe: Matayo 26:17-19, Makko 14:10-11, Lukka 22:3-6
- Okutegeka okuyitako: Matayo 26:17-19, Makko 14:12-16, Lukka 22:7-13
- Okuyitako: Matayo 26:20, Makko 14:17, Lukka 22:14-16, 24-30
- Okuwa eky'okulabirako: Yokaana 13:1-20
- Okuteebereza Yuda okulyamu olukwe: Matayo 26:21-25, Makko 14:18-21-23, Yokaana 13:21-30
- Okuteebereza kw'okugaanibwa kwa Peetero: Matayo 26:31-35, Makko 14:27-31, Lukka 22:31-38, Yokaana 13:37-38
- Ekijjukizo: Matayo 26:26-30, Makko 14:22-26, Lukka 22:17-20

(C) Obubaka bwa Kabaka obusembayo;

- Ennyanjula: Yokaana 15:1-17
- Ebizibu: Yokaana 13:36, 14:24
- Ebisubbizo: Yokaana 14:25-31
- Ekiragiro ku;
Okubala ebibala: Yokaana 15:1-17
Abalabe b'abayigirizwa: Yokaana 15:18, 16:4
Obuweereza bw'omwoyo omutukuvu: Yokaana 16:5-15
Ebiva mu kuzuukira: Yokaana 16:16-28
Okufundikira: Yokaana 16:29-33

(D) Essaala za Kabaka ezisembayo:

- Essaala ye ku lulwe: Yokaana 17:1-5
- Essaala ye eri abayigirizwa be: Yokaana 17:6-19
- Essaala ye eri abakkiriza bona: Yokaana 17:20-26

(E) Essaala y'ennimiro: Matayo 26:36-46, Makko 14:32-42, Lukka 22:39-46, Yokaana 18:1

Okufa kwa Kabaka.

- (A) Okukwatibwa: Matayo 26:47-56, Makko 14:43-52, Lukka 22:47-53, Yokaana 18:2-12
- (B) Okugezesewba bannaddiini eri Kabaka;

- Okubuuibwa mu maaso ga Annasi: Yokaana 18:12-14, 19-23
- Okubuuibwa mu maaso ga Kayafasi: Matayo 26:57, 59-68, Makko 14:53, 55-56, Lukka 22:54, 63-65, Yokaana 18:24
- Peetero okumwegaana: Matayo 26:58, 69-75, Makko 14:54, 66-72, Lukka 22:54-62, Yokaana 18:15-18, 25-27
- Okusalawo kwa bakabona abakulu: Matayo 27:1, Makko 15:1, Lukka 22:66-71
- Okufa kwa Yuda: Matayo 27:3-10

(C) Okugezesebwa kwa Kabaka.

- Okugezesebwa mu maaso ga Pilaato: Matayo 27:2, 11-14, Makko 15:2-5, Lukka 3:1-5, Yokaana 18:28-30
- Okugezesebwa mu maaso ga Kerodde: Lukka 23:6-12
- Okugezesebwa mu maaso ga Pilaato: Matayo 27:15-26, Makko 15:6-19, Yokaana 19:2-3

(D) Olugendo lwe Kalivariyo: Matayo 27:31-34, Makko 15:16-19, Yokaana 19:16-19

(E) Okukomererwa kwa Kabaka.

- Essaawa essatu ezasooka: Matayo 27:35-44, Makko 15:24-32, Lukka 23:33-43, Yokaana 19:18-27
- Essaawa essatu ezaddako: Matayo 27:45-50, Makko 15:33-37, Lukka 23:45, 47-49

(F) Okuziikibwa kwa Kabaka: Matayo 27:57-60, Makko 15:42-47, Lukka 23:50-56, Yokaana 19:31-42

(G) Okuggalwa kw'entaana ya Kabaka: Matayo 27:62-66

Okuzuukira kwa Kabaka.

(A) Okuteekbwatekebwa kw'abakazi: Matayo 28:1, Makko 16:1

(B) Okweggula kw'entaana: Matayo 28:2-4

(C) Okukyalira kw'abakazi: Matayo 28:5-8, Makko 16:2-8, Lukka 24:1-8, Yokaana 20:1

(D) Alipoota eri abayigirizwa: Lukka 24:9-12, Yokaana 20:2-10

(E) Kabaka alabikira Mariam: Makko 16:9-11, Yokaana 20:11-18

(F) Kabaka alabikira abakyala: Matayo 28:9-10

(G) Alipoota y'abakuumi: Matayo 28:11-15

(H) Okulabikirwa eri abayigirizwa abaali ku luguudo lwe Emmawusi: Makko 16:12-13, Lukka 24:13-32

(I) Alipoota y'abayigirizwa ababiri: Lukka 24:33-35

(J) Okulabikako kwa Kabaka eri abayigirizwa ekkumi n'omu: Yokaana 20:26-31

(K) Okulabikako eri abayigirizwa omusanvu: Yokaana 21:1-25

Okutumibwa kwa Kabaka: Matayo 28:16-20, Makko 16:15-18, Lukka 24:44-49

Kabaka addayo mu ggulu. Okuddayo kwe mu ggulu: Makko 16:19-20, Lukka 24:50-53

8. Ensengeka y'ebiseera ey'ebafaayo ey'obulamu bwa Kristo:

- 6-4 BC Okuzaalibwa kwa Yesu Kristo.
- 5-4 BC Mudduke e Misiri. Okutta abaana.
- 4 BC Kerode Omukulu afa.
- 7-8 AD Yesu akyalira Yerusaalemi ng'akyali mwana muto.
- 12 AD Augustus afuula Tiberiaso omunywanyi
- 14 AD Tiberiyo afuuka Kayisaali.
- 25 AD Piraato ne Kayaafa balondeddwa mu ofisi.
- 29 AD Obuwereza bwa Yokaana Omubatiza butandise.
- 29 AD Obuwereza bwa Kristo butandika.
- 33 AD Yesu afa.
- 36 AD Piraato aggyiddwa ku ntebe. Kayaafa yagobwa mu ntebe.
- 37 AD Tiberiyo Kayisaali afudde.

9. Soma ebyamagero Yesu bye yakola mu buweereza bwe obw'olubereberye.

Ebyamagero By'obugabirizi Ebintu Ebisukkulumye ku Butonde:

Amazzi gakyuka ne gafuuka omwenge: Yokaana 2:1-11.

Ekitimba kya Peetero nga kijjudde ebyennyanja: Lukka 5:1-11.

Abasajja enkumi ttaano baliisibwa, nga kwotadde n'abakazi n'abaana: Matayo 14:15-21; Makko 6:35-36 44; Lukka 9:12-17; Yokaana 6:5-14.

Abasajja enkumi nnya baliisibwa, nga kwotadde n'abakazi n'abaana: Matayo 15:32-39; Makko 8:1-10

Ekyennyanja kiwa ssente z'omusolo: Matayo 17:27.

Okukwata eky'ennyanja: Yokaana 21:6-14.

Ebyamagero By'okuzuukiza Abafu:

Omwana omu yekka owa nnamwandum: Lukka 7:11-16.

Muwala wa Yayiro: Makko 5:22-24, 35-43; Matayo 9:18-26; Lukka 8:41,42,49-56.

Laazaalo: Yokaana 11:32-44.

Omubiri gwe yennyini: Lukka 24:1-7; Yokaana 19:42-20:14; Makko 16:9-11.

Ebyamagero By'okuwonya:

Omwana w'omusajja ow'ekitiibwa, ow'omusujja: Yokaana 4:46-54.

Nnyazaala wa Peetero, ow'omusujja: Makko 1:29-31; Matayo 8:14-17; Lukka 4:38-39.

Omusajja omugenge: Makko 1:40-45; Matayo 8:2-4; Lukka 5:12-16.

Omusajja alina obulwadde bw'okusannyalala: Makko 2:3-12; Matayo 9:1-8; Lukka 5:17-26.

Omusajja eyabonyaabonyezebwa emyaka amakumi asatu mu munaana: Yokaana 5:1-16.

Omusajja alina omukono ogwakala: Makko 3:1-5; Lukka 6:6-10; Matayo 12:9-13.

Omumeereza w'omukulu w'ekitongole, ow'okusannyalala: Matayo 8:5-13; Lukka 7:1-10.

-Omukazi eyali amaze emyaka 12 n'ekikulukuto omusaayi: Makko 5:25-34; Lukka 8:43-48; Matayo 9:20-22.

Okulaba kuzzeemu eri abasajja babiri: Matayo 9:27-31.

Okuwulira n'okwogera bikomezeddwawo: Makko 7:32-37.

Okulaba kuzzeemu: Makko 8:22-26.

Okulaba okuweebwa omusajja eyazaalibwa nga muzibe: Yokaana 9.

Omukazi eyali amaze emyaka 18 ng'abonyaabonyezebwa: Lukka 13:11-17.

Omusajja alina obulwadde bw'amazzi: Lukka 14:1-6.

Abasajja kkumi abalina ebigenge: Lukka 17:11-19.

Okulaba kukomezeddwawo eri omusabiriza: Lukka 18:35-43.

Okulaba kukomezeddwawo eri Baltimayo: Makko 10:46-52; Matayo 20:29-34.

Okutu kw'omuddu wa kabona asinga obukulu: Lukka 22:50-51.

Ebyamagero By'okugoba Sitaani:

Omusajja alina omwoyo omubi: Makko 1:23-26; Lukka 4:33-37.

Omuzibe w'amaaso n'omusiru ow'emisambwa: Matayo 12:22-23; Makko 3:19-30; Lukka 11:14-23.

Abasajja ababiri abaalina emyoyo emingi: Matayo 8:28-34; Lukka 8:26-39; Makko 5:1-20.

Kasiru alimu sitaani: Matayo 9:32-35

Omulenzi omulalu: Matayo 17:14-21; Makko 9:14-39; Lukka 9:37-43.

Sitaani eyaleeta obusiru: Makko 9:14-26.

Ebyamagero By'omusango:

Embizzi zidduka wansi mu kifo ekiwanvu ne ziyingira mu nnyanja ne zibbira mu mazzi: Matayo 8:30-32.

Omutiini gukala: matayo 21:18-21; Makko 11:12-14,20-24.

Ebyamagero By'okununulibwa Mu Mubiri:

Yesu yenunula okuva mu balabe be: Lukka 4:30.

Peetero alokose okuva mu nnyanja: Matayo 14:28-31; Makko 6:45-52.

Yesu anunula abayigirizwa okuva mu kibuyaga: Makko 4:37-39; Lukka 8:23-24 .

Ebyamagero Ku Bintu Bya Butonde:

Omutiini gukala: Matayo 21:18-21; Makko 11:12-14,20-24.

Yesu atambulira ku mazzi: Matayo 14:22-32; Makko 6:47-52.

Yesu akakkanya omuyaga: Makko 4:37-39; Lukka 8:23-24.

Ebyamagero Ebikakasa Obwakatonda bwa Kristo:

Obubonero bwe yazaalibwa: Matayo 2:1-9.

Obubonero ku kubatizibwa kwe: Matayo 3:16-17; Makko 1:9-12; Lukka 3:21-23.

Obubonero ku kukyuka kwe: Matayo 17:1-14; Lukka 9:28-37; Makko 9:1-14.

Obubonero mu kiseera we yafiira: Matayo 27:45-53.

Obubonero bw'okuzuukira kwe: Matayo 28:2; Makko 16:4.

Obubonero ku kulinnya kwe: Makko 16:19; Lukka 24:50-51; Ebikolwa 1:6-12.

10. Soma engero za Yesu.

Essomo:

Akasasiro n'ekisiki

Ebizimbe bino ebibiri

Okujuliza:

Lukka 6:37-43

Matayo 7:24-27; Lukka 6:47-49

Abaana mu katale	Matayo 11:16; Lukka 7:32
Ababiri ababanja	Lukka 7:41
Omwoyo omubi	Matayo 12:43-45; Lukka 11:24-26
Okufumiitiriza kw'omugagga	Lukka 12:16
Omutiini ogutabala	Lukka 13:6-9
Omusiga	Matayo 13:3-8; Makko 4:3-8; Lukka 8:5-8
Omuddo gw'omuddo	Matayo 13:24-30
Ensigo	Makko 4:26
Empeke ya Kaladaali	Matayo 13:31,32; Mark. 4:31,32, Lukka 13:19
Ekizimbulukusa	Matayo 13:33; Lukka 13:21
Omumuli ogwo	Matayo 5:15; Makko 4:21; Lukka 8:16; 11:33
Akatimba	Matayo 13:47,48
Eky'obugagga ekikusike	Matayo 13:44
Luulu ey'ebbeeyi ennene	Matayo 13:45,46
Nnannyini nnyumba	Matayo 13:52
Obufumbo	Matayo 9:15; Makko 2:19,20; Lukka 5:34,35
Ekiwero ku lugoye	Matayo 9:16; Makko 2:21; Lukka 5:36
Eccupa z'omwenge	Matayo 9:17; Makko 2:22; Lukka 5:37
Amakungula	Matayo 9:37; Lukka 10:2
Omulabe	Matayo 5:25; Lukka 12:58
Ababiri ababanja abatasobola kusasula	Matayo 18:23-35
Omusamaliya omulungi	Lukka 10:30-37
Emigaati esatu	Lukka 11:5-8
Omusumba omutuufu	Yokaana 10:1-16
Omulyango omufunda	Matayo 7:14; Lukka 13:24

Abagenyi	Lukka 14:7-11
Ekyeggulo ky'obufumbo	Matayo 22:2-9; Lukka 14:16-23
Ekyambalo ky'embaga	Matayo 22:10-14
Omunaala	Lukka 14:28-30
Kabaka ng'agenda mu latalo	Lukka 14:31
Endiga eyabula	Matayo 18:12,13; Lukka 15:4-7
Ekitundu kya ssente ekyabula	Lukka 15:8,9
Omwana omujaajaamya	Lukka 15:11-32
Omuwanika atalina bwenkanya	Lukka 16:1-9
Nnamwandu omukambwe	Lukka 18:2-5
Omufalisaayo n'omusolooza w'omusolo	Lukka 18:10-14
Ofiisi y'omuweereza	Lukka 17:7-10
Abakozi mu nnimiro y'emizabbibu	Matayo 20:1-16
Ebitone	Matayo 25:14-30; Lukka 19:11-27
Abaana bombi ab'obulenzi	Matayo 21:28
Abalimi abatemu	Matayo 21:33-43; Makko 12:1-9; Lukka 20:9-16
Omuti gw'ettiini	Matayo 24:32; Makko 13:28; Lukka 21:29-30
Nnannyini nnyumba atunudde	Matayo 24:43; Lukka 12:39
Omusajja ali ku lugendo olw'ewala	Makko 13:34
Empisa z'abaweereza babiri	Matayo 24:45-51; Lukka 12:42-46
Abawala embeerera ekkumi	Matayo 25:1-12
Abaweereza abalindirira	Lukka 12:36-38
Omuzabbibu n'amatabi gaagwo	Yokaana 15:1-6

Mu kubatizibwa kwe: Lukka 3:21

Mu kifo ng'ali yekka: Makko 1:35

Mu ddungu: Lukka 5:16

Ekiro kyonna nga tannalonda bayigirizwa be: Lukka 6:12

Nga tannayitibwa kwe nti "Jjangu gyendi": Matayo 11:25-27

Ku kuliisa abantu 5,000: Yokaana 6:11

Oluvannyuma lw'okuliisa emitwalo etaano: Matayo 14:23

Bwe yawa essaala ya Mukama: Lukka 11:1-4

E Kayisaliya-Firipi: Lukka 9:18

Nga tannakyusibwa: Lukka 9:28-29

Eri abaana abato: Matayo 19:13

Nga Lazaalo tannazuukira mu bafu: Yokaana 11:41-42

Mu yeekaalu: Yokaana 12:27-28

Ku kijjulo: Matayo 26:26-27

Eri Peetero: Lukka 22:32

Eri abayigirizwa n'abagoberezi be ab'omu maaso: Yokaana 17

Mu Gesusemane: Matayo 26:36,39,42,44

Ku musaalaba: Lukka 23:24

E Emawu: Lukka 24:30

Essaala ya Mukama: Matayo 6:9-13

ESSUULA EY'OKUSATU

ENJIGIRIZA KU MWOYO OMUTUKUVU

ENNYANJULA

Ekigambo "Pneumatology" kiva mu bigambo "pneuma"--ekitegeeza "empewo oba omwoyo"--ne "ology" ekitegeeza "okusoma kwa". Mu by'eddiini, Pneumatology kwe kusoma ebyo Baibuli by'eyigiriza Omwoyo Omutukuvu.

Pneumatology mulimu okusomesa ku mbala z'Omwoyo Omutukuvu; okufuna Omwoyo Omutukuvu, Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu; obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu, ebirabo n'ebibala by'Omwoyo Omutukuvu.

Enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu kwa mugaso nnyo eri Abakristaayo kubanga Omwoyo Omutukuvu akola kinene nnyo mu bulamu bwa buli mukkiriza. Okusoma ku buvunaanyizibwa n'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu nakyo kikuuma abakkiriza eri enjigiriza ezitali ntuufu.

Harvestime erina omusomo ogw'enjawulo ogukwata ku ssomo lino ogutuumiddwa "Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu" okukusobozesa okusoma enjigiriza ya Mwoyo Mutukuvu mu bujuvu. Bw'omala omusomo guno ojja kuba asobola:

- Okunnyonnyola embala y'Omwoyo Omutukuvu.
- Okuwandiika amannya n'ebitiibwa eby'enjawulo eby'Omwoyo Omutukuvu.
- Okuwandiika obubonero obukiikirira Omwoyo Omutukuvu.
- Okunnyonnyola obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu.

-Okunnyonnyola engeri y'okufunamu okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

-Okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

-Okuwandiika n'okunnyonnyola ebirabo by'Omwoyo.

-Okuzuula ekirabo kyo (ekirabo kyo eky'omwoyo).

-Okuzuula ebibala by'Omwoyo.

-Okuzuula ebikolwa by'omubiri.

-Kulakulanya ebibala by'omwoyo omutukuvu mu bulamu bwo.

Okumanya ebisingawo ku Njigiriza y'omwoyo Omutukuvu, soma "Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu" k'osobola okufuna ku bwerere ku mutimbagano ku: <http://www.harvestime.org>

OBWAKATONDA BW'OMWOYO OMUTUKUVU

Omwoyo Omutukuvu ayawukana ku Kitaffe n'Omwana era naye akwatagana ne Kitaffe n'Omwana. Yenkana ne Katonda nga bw'ali ekitundu ku Busatu bwa Katonda.

Omwoyo Omutukuvu ayitiba "Katonda:"

Naye Peetero n'agamba Ananiya nti, "Ananiya, Iwaki Setaani ajjudde mu mutima gwo, n'okulimba n'olimba Mwoyo Mutukuvu ne weeterekerako ku muwendo gw'ennimiro? Teyali yiyo? Era bwe yamala okutundibwa, teyali mu buyinza bwo? Lwaki ekikolwa ekyo kikujidde mu mutima gwo? Tolimbye bantu wabula olimbye Katonda. (Ebikolwa 5:3-4)

Ayogerwako nga "Omwoyo wa Katonda:"

Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba. Eddoboozi ne liva mu ggulu ne ligamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa gwe nsanyukira ennyo. (Matayo 3:16-17)

Omwoyo Omutukuvu si "ki." Ayogerwako mu Baibuli ne Nakasirwa ez'obuntu. Yesu yayogera ku Mwoyo Mutukuvu nga "Ye." Yesu yagamba nti:

-Ajja kwogera ku nze: Yokaana 15:26.

-Nja kumutuma gye muli: Yokaana 16:7

-Alimpa ekitiibwa: Yokaana 16:14.

-Tajja kwogera ku Ye: Yokaana 16:13.

Enkolagana y'Omwoyo Omutukuvu ne Kitaffe eragibwa mu biwandiiko bino wammanga mu Baibuli.

Ayitibwa: Omwoyo wa Katonda: Olubereberye 1:2; Matayo 3:16.

-Omwoyo wa Mukama: Lukka 4:18.

-Omwoyo wa Yakuwa: Abalamuzi 3:10.

-Omwoyo wa Mukama Katonda: Isaaya 61:1.

-Omwoyo wa Katonda Omulamu: 2 Abakkolinso 3:3.

Enkolagana y'Omwoyo Omutukuvu ne Yesu yeeyolekera mu biwandiiko bino wammanga mu Baibuli.

Ayitibwa:

Omwoyo wa Kristo: Abaruumi 8:9.

Omwoyo wa Yesu Kristo: Abafiripi 1:19.

Omwoyo wa Yesu: Ebikolwa 16:7 .

Omwoyo gw'Omwna we: Abaggalatiya 4:6.

Omwoyo wa Mukama: Ebikolwa 5:9; 8:39.

EMBALA YA MWOYO MUTUKUVU

Bwe twogera ku mbala ya Mwoyo Omutukuvu, tuba twogera ku ngeri enkulu ezimunyonyola. Baibuli eyigiriza nti Omwoyo Omutukuvu ye:

Abeera buli wamu.

Aliwo buli wamu:

Nnaagenda wa Omwoyo wo gy'atali? Oba nnaagenda wa ggwe gy'otoli? (Zabuli 139:7)

Amanyi byonna.

Amanyi ebintu byonna:

Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebintu byonna, n'eb'yomunda ennyo ebya Katonda. Kubanga muntu ki ategereera eby'omuntu omulala okuggyako omwoyo w'omuntu oyo ali mu ffe? Noolwekyo n'ebintu bya Katonda tewali abimanyi okuggyako Omwoyo wa Katonda. (1 Abakkolinso 2:10-11)

Muyinza w'ebintu byonna.

Omwoyo Omutukuvu wa maanyi gonna:

Katonda ayogedde ekintu kimu, kyokka nze nziggyemu ebintu bibiri nti: Katonda, oli w'amaanyi. (Zabuli 62:11)

Naye mulifuna amaanyi oluvannyuma lw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe... (Ebikolwa 1:8)

Wa lubeerera.

Ye wa lubeerera. Talina ntandikwa era talina nkomerero:

Omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyewaaayo ye yennyini eri Katonda olw'Omwoyo ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke tuweereze Katonda omulamu? (Abaebbulaniya 9:14)

Omutukuvu.

Omwoyo Omutukuvu ekyo kyennyini--Mutukuvu, ekitegeeza nti Mutuukirivu:

Ebyogera ku Mwana we, eyava mu zadde lya Dawudi mu mubiri, eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 1:3-4)

W'amazima.

Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo bona bawa obujulirwa ku mazima. Waliwo okukakasa kwa mirundi esatu: (1 Yokaana 5:7)

OMWOYO OMUTUKUVU NG'OMUNTU

Omwoyo Omutukuvu ali kitundu ku busatu bwa Katonda, naye Omwoyo Omutukuvu alina embeera ezoobuntu. Baibuli etubikkulira Omwoyo Omutukuvu nga:

ALINA ENDOWOOZA:

Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky'alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng'okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:27)

AKEBERA ENDOWOOZA Y'OMUNTU:

Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebintu byonna, n'ebymunda ennyo ebya Katonda. (1 Abakolinso 2:10)

ALINA KYAYAGALA:

Naye Omwoyo akola ebyo byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala.
(1 Abakolinso 12:11)

Okwagala kwa Mwoyo Mutukuvu kwe kuluhjamya abakkiriza ng'abalemesa okukola ebintu ebimu:

Pawulo ne banne ne batambula ne bayita mu nsi y'e Fulugya n'e Ggalatiya kubanga Mwoyo
Mutukuvu yali abaziyizza okugenda mu Asiya okubuulirayo Ekigambo.

Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo wa Yesu
n'atabakkiriza. (Ebikolwa 16:6-7)

Okwagala kw'omwoyo Omutukuvu era kuluhjamya abakkiriza ng'abawa olukusa:

Pawulo bwe yafuna okwolesewa okwo ne yeetegeka mangu okulaga e Makedoniya, kubanga
yakitegeera nga Katonda atutumye okubabuulira Enjiri. (Ebikolwa 16:10)

AYOGERA:

Yayogera ne Firipo:

Awo Mwoyo Mutukuvu n'agamba Firipo nti, Semberera eggiali eryo oligenderek. (Ebikolwa
8:29)

Yayogera ne Peetero:

Awo Peetero bwe yali ng'akyebuuza eby'okwolesewa okwo, Mwoyo Mutukuvu n'amugamba
nti, "Laba, abasajja basatu bakunoonya. (Ebikolwa 10:19)

Yayogera n'abakadde mu kibuga ky'e Antiokiya:

Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti,
"Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde. (Ebikolwa 13:2)

Okubikkulirwa 2 ne 3 eraga obubaka obw'enjawulo obwayogerwa Omwoyo Omutukuvu eri ekkanisa omusanvu mu Asiya.

ALINA OKWAGALA:

Kaakano mbakuutira abooluganda, mu Mukama waffe Yesu Kristo ne mu kwagala
kw'Omwoyo, okufubiranga awamu nange, nga munsabira eri Katonda. (Abaruumi 15:30)

YEEGAYIRIRA:

Emu ku mbala za Mwoyo Mutukuvu ezoobuntu kwe kuba omwegayirizi. Kino kitegeeza nti asaba Katonda ku lw'abalala:

N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira,
naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekeka. (Abaruumi 8:26)

ALINA ENNEEWULIRA.

Omwoyo Omutukuvu anakuwazibwa olw'ebikolwa eby'ekibi eby'abakkiriza. Tulabulwa nti:

So temunakuwaza Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, gwe mwassibwako akabonero okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa. (Abaafeeso 4:30)

AMANNYA GA MWOYO MUTUKUVU

Mu Baibuli, amannya gakozesebwā okukakasa ekifo ky'omuntu ne/oba omulimu gwe. Amannya agaweebwa Omwoyo Omutukuvu mu Baibuli gabikkula bingi ku kifo kye n'omulimu gwe. Omwoyo Omutukuvu ayitibwa:

OMWOYO WA KATONDA:

Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakolinso 3:16)

OMWOYO WA KRISTO:

Naye mmwe temufugibwa mubiri wabula mufugibwa Mwoyo, kubanga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe. Era omuntu yenna bw'ataba na Mwoyo wa Kristo, oyo si wa Kristo. (Abaruumi 8:9)

OMWOYO ATAGGWAAWO:

Kino kitegeesa nti Omwoyo Omutukuvu wa lubeerera, talina ntandikwa na nkomerero:

Omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyewaaayo ye yennyini eri Katonda olw'Omwoyo ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke tuweereze Katonda omulamu? (Abaebbulaniya 9:14)

OMWOYO OW'AMAANYI:

Omwoyo Omutukuvu y'ensibuko y'amazima agaluhfjamizibwa ekigambo kya Katonda, Baibuli. Abikkula amazima gano eri omuntu:

Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibalunjamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo. (Yokaana 16:13)

OMWOYO W'EKISA:

Noolwekyo omuntu alinnyirira Omwana wa Katonda, era n'omusaayi gw'endagaano ogunaazaako ebibi n'aguyisa ng'ogwa bulijo, era n'anyoomoola Omwoyo ow'ekisa, talibonerezebwa n'obukambwe obusingawo? (Abaebbulaniya 10:29)

OMWOYO W'OBULAMU:

Kubanga etteeka ery' Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa. (Abaruumi 8:2)

OMWOYO W'EKITIIBWA:

Mulina omukisa bwe muvumibwa olw'erinnya lya Kristo kubanga Omwoyo ow'ekitiibwa owa Katonda ali ku mmwe. (1 Peetero 4:14)

OMWOYO W'AMAGEZI N'OKUBIKKULIRWA:

Omwoyo Omutukuvu awa abakkiriza amagezi n'abikkula n'okumanya kwa Yesu Kristo:

Ne mbasabira, Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo, Kitaffe ow'ekitiibwa, abawe Omwoyo ow'amagezi n'okubikkulirwa mweyongere okumutegeera. (Abaafeeso 1:17)

OMUBEEZI:

Omwoyo Omutukuvu agumya abakkiriza mu biro eby'ebizibu, ennaku, n'ekiwuubaalo:

Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange,... (Yokaana 14:26)

OMWOYO W'EKISUUBIZO:

Omwoyo Omutukuvu ye Mwoyo w'ekisuubizo kubanga ye Mwoyo eyatumibwa okutuukiriza ekisuubizo kya Katonda:

Awo bwe yali ng'alya nabo ekijjulo n'abalagira baleme kuva mu Yerusaalemi naye balindirire ekisuubizo kya Kitaawe. Yagamba nti, Ekyo kye mwawulira nga mbagamba nti.

Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa 1:4-5)

OMWOYO W'OBUTUKUVU:

Eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 1:4)

OMWOYO W'OKUKKIRIZA:

Bwe tuba n'omwoyo omu ow'okukkiriza, ng'ekyawandiikibwa bwe kigamba nti, "Nakkiriza noolwekyo kyennava njogera," naffe tukkiriza, noolwekyo kyetuva twogera. (2 Abakolinso 4:13)

OMWOYO ATUFUULA ABAANA:

Kuba kuyita mu Mwoyo Omutukuvu mwe tufuulibwa abaana mu maka ga Katonda ng'omwana wa Katonda:

Temwaweebwa mwoyo gwa buddu ate mutye, wabula mwaweebwa Omwoyo eyabafuula abaana, era ku bw'oyo tumukoowoola nti, "Aba, Kitaffe." (Abaruumi 8:15)

OBUBONERO BWA MWOYO MUTUKUVU

Baibuli ekoza obubonero obw'enjawulo okulaga Omwoyo Omutukuvu. Akabonero kakiikirira ekintu, kaba kalina amakulu ag'enjawulo. Buno wammanga bwe bubonero obukozesebwa mu Baibuli okulaga Omwoyo Omutukuvu.

EJJIBA:

Omwoyo Omutukuvu yabikkulirwa okuyita mu ngeri y'ejjiba mu kiseera ky'okubatizibwa kwa Yesu. Akabonero kano aka Mwoyo Mutukuvu kalaga okukakasa, obutukuvu n'emirembe:

Awo Yokaana Omubatiza n'abategeeza nga bwe yalaba Mwoyo Mutukuvu ng'akka okuva mu ggulu ng'ali ng'ejjiba n'abeera ku Yesu. (Yokaana 1:32)

Okukakasa:

Awo Yokaana Omubatiza n'abategeeza nga bwe yalaba Mwoyo Mutukuvu ng'akka okuva mu ggulu ng'ali ng'ejjiba n'abeera ku Yesu. (Yokaana 1:32)

Emirembe:

Ne njogera nti, Singa nnina ebiwaawaatiro ng'ejjiba, nandibuuse ne ηnjenda mpummulako. (Zabuli 55:6)

Obutukuvu:

Ejjiba lyange, owange ataliiko bbala, ow'enjawulo... (Oluyimba 6:9)

AMAFUTA:

Amafuta gakozesebwa mu Baibuli ng'akabonero aka Mwoyo Mutukuvu. Amafuta galaga ekitangaala, okuwonyezebwa, n'amafuta g'obuweereza. Bino byonna biweebwa omukkiriza okuyita mu Mwoyo Omutukuvu:

Omwoyo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe. (Lukka 4:18)

Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)

Wayagala obutuukirivu n'okyawa obujeemu. Katonda, era Katonda wo kyeyava akufukako amafuta ag'omuzeeyituuni agaleeta essanyu okusinga banno. (Abaebbulaniya 1:9)

AMAZZI:

Amazzi gakiikirira obulamu obupya n'okutukuzibwa mu kibi Omwoyo Omutukuvu byaleetera omukkiriza. Yesu yayogera ku Mwoyo Omutukuvu okubeera ng'amazzi:

Awo ku lunaku olw'embaga olusembayo, olusingira ddala obukulu, Yesu n'ayimirira n'ayogera n'eddoboozi ery'omwanguka n'agamba nti, "Buli alina ennyonta, ajje gye ndi anywe!

Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe.

Yesu yali ayogera ku Mwoyo Mutukuvu, abamukkiriza gwe baali bagenda okufuna, kubanga Mwoyo oyo yali tannagabibwa, kubanga Yesu yali tannaba kugulumizibwa. (Yokaana 7:37-39)

Kubanga ndifuka amazzi ku ttaka eririna ennyonta n'enzizi ku ttaka ekkalu. Ndifuka Omwoyo wange ku zadde lyo, era n'omukisa gwange ku bazzukulu bo. (Isaaya 44:3)

ENVUMBO:

Envumbo kaba kabonero ak'enjawulo akalaga obwannannyini. Era kalaga ekimaze okugulibwa. Omwoyo Omutukuvu atadde ku bakkiriza envumbo y'okubeera nga bantu ba Katonda. Kiraga nti obulokozi bwabwe mulimu ogwaggwa:

**Nammwe, Kristo yabaleeta eri amazima, kye kigambo eky'Enjiri ey'okulokolebwa kwammwe.
Bwe mwamukkiriza, ne muteekebwako envumbo eya Mwoyo Mutukuvu eyasuubizibwa.
Nammwe, Kristo yabaleeta eri amazima, kye kigambo eky'Enjiri ey'okulokolebwa kwammwe.
Bwe mwamukkiriza, ne muteekebwako envumbo eya Mwoyo Mutukuvu eyasuubizibwa.
(Abafeeso 1:13)**

Era temunakuwazanga Mwoyo Mutukuvu wa Katonda, eyabateekako akabonero akalaga nga mwanunulibwa. (Abafeeso 4:30)

**Era ye oyo eyatussaako akabonero, n'atuwa amazima g'omwoyo mu mitima gyaffe.(2
Abakolinso 1:22)**

KIBUYAGA:

Kibuyaga nako kabonero aka Omwoyo Omutukuvu. Kalaga amaanyi ga Mwoyo Mutukuvu:

**Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuma kwayo, naye tomanyia gy'eva
newaakubadde gyegenda; bw'atyio bw'abeera omuntu yenna azaalibwa Omwoyo. (Yokaana
3:8)**

Awo olunaku Iwa Pentekoote bwe Iwatuuka bona baali bakunjaanidde mu kisenge kimu.

**Amangwago okuwuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne
kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde. (Ebikolwa 2:1-2)**

Tosobola kulaba kibuyaga mu nsi ey'omubiri naye osobola okulaba ebiva mu muyaga ogwo. Mu nsi ey'omubiri, kibuyaga alina omugaso gwe. Omugaso gwe biba byakulabirako eby'omubiri ebiraga omugaso gwa "kibuyaga" ow'Omwoyo Omutukuvu.

Kibuyaga aleeta obulamu:

Amansa ensigo buli lw'afumuuka era kino ne kireetawo okumeruka okupya. Omwoyo Omutukuvu aleetawo obulamu okuyita mu nsigo ey'ekigambo kya Katonda buli lwe kisaasaanyizibwa mu mitima n'endowooza z'abantu. Obulamu buno sibwe butaggwaawo olw'obulokozi kyokka, wabula obulamu obukuze okuyita mu kubala ekibala eky'omwoyo ekiva mu nsigo y'ekigambo.

Kibuyaga ayawula ejjhano ku bisusunku:

Atukuza buli lwakunta n'afuumuula eri buli kakica. Omwoyo Omutukuvu akola ng'amaanyi agatutukuza mu bulamu bw'abakkiriza.

Kibuyaga awujja Amanda agaagala okuzikira ne gawkata omuliro buto:

Empewo y'Omwoyo Omutukuvu ewujja abantu ba Katonda mu kuzzibwa obujja n'abakoleeza buto eri omuliro gw'obuweereza eri ensi.

MULIRO:

Omuliro nako kabonero ka Mwoyo Mutukuvu. Omuliro gukiikirira:

Okubeerawo kwa Mukama:

**Malayika wa Mukama n'amulabikira ng'asinziira mu muliro ogwaka, mu makkati g'ekisaka.
Musa n'atunuulira ekisaka, n'alaba nga kyaka naye nga tekisiriira. (Okuva 3:2)**

Okukakasibwa kwa Mukama:

**Omuliro ne gujja nga guva eri Mukama Katonda ne gumalirawo ddala ekiweebwayo
ekyokebwa n'amasavu ebyali ku kyoto. Awo abantu bona bwe baakiraba ne baleekaana ne
bagalamira wansi ng'amaaso gaabwe gali ku ttaka. (Ebyabaleevi 9:24)**

Okukuuma n'okulujhjamy:

**Emisana Mukama yabakulemberanga ng'ali mu mpagi ey'ekire okubalaga ekkubo, n'ekiro
ng'ali mu mpagi ey'omuliro okubamulisiza, balyoke batambulenga emisana n'ekiro. (Okuva
13:21)**

Okutukuza:

Isaaya 6:1-8 ayogera ku nnabbi Isaaya nga bw'atukuzibwa omuliro gwa Mwoyo Omutukuvu. Soma ekitundu kino mu Baibuli yo.

Ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu:

Omwoyo Omutukuvu nga ky'ajje asooke okuweebwa, omuliro gwakozesebwa nga akabonero k'okubeerawo kwe:

Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro. (Ebikolwa 2:3)

Okusala omusango:

Kubanga ddala, "Katonda waffe, gwe muliro ogwokya."(Abaebbulaniya 12:29)

OKWEYAMA.

Omwoyo Omutukuvu "gw'emusingo" ogw'ekitiibwa ekigenda okuggyga:

Gwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa bw'alinunula abantu be, ne Katonda n'agulumizibwa era n'atenderezebwa. (Abaefeso 1:14)

Kubanga Katonda, mu magezi ge, yalaba ng'ensi teyinza kumumanya ng'eyita mu kutegeera kwayo. Katonda kyeyava asiima okuyita mu busirusiru bw'okubuulira Enjiri okulokola abakkiriza. Kubanga Abayudaaya banoonya bubonero, Abayonaani bo ne banoonya amagezi. (2 Abakkolinso 1:21-22)

OKUTONDEBWA

Mwoyo Mutukuvu yali akola mu kutondebwa kw'ensi:

Ensi yali njereere nga yeetabuddetabudde, ekizikiza nga kibisse kungulu ku buziba, n'Omwoyo wa Katonda ng'atambulira ku mazzi. (Oluberyeberye 1:2)

Bw'oweereza Omwoyo wo, ne bifuna obulamu obuggyga; olwo ensi n'ogizza buggyga. (Zabuli 104:30)

E BYAWANDIIKIBWA

Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu buzingiramu ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa ekiyitibwa ebyawandiikibwa ebitukuvu oba Baibuli entukuvu. Omwoyo Omutukuvu yaweereza ne:

OKUBIKKULIRWA:

Yayogera n'abantu abawandiisi ku kigambo kya Katonda:

Kubanga bannabbi tebaayogeranga byabwe ku bwabwe, wabula baategeezanga ebyo Katonda bye yabalagiranga nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabibawanga. (2 Peetero 1:21)

OKULUħħAMYA:

Yalufħħamya abawandiisi bano okuleeta obubaka obutuukiridde:

Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋjamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋjamya ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu,

Omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi. (2 Timoseewo 3:16-17)

OKUMULISA:

Amulisa emitima gy'abantu okutegeera obubaka bw'enjiri:

Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alija alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:26)

ISIRAYIRI

Eggwanga lya Isirayiri lyalondebwa Katonda mw'anaayita okweyoleka n'okutuukiriza enteekateeka ye enkulu eri ensi. Masiya yayita mu Isirayiri okujja alokole abantu mu kibi. Isirayiri bye yayitamu byakolanga ekyokulabirako ky'obuwanguzi n'okulemererwa kw'abakkiriza. Okuva mu Yerusalem, ekibuga ekikulu ekya Isirayiri, enjiri yabuna ensi yonna.

Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu eri Isirayiri bulabikira ddala okuva ku ntandikwa y'eggwanga. Omwoyo Omutukuvu:

YAKKA KU BAKULEMBEZE BA ISIRAYIRI:

Waliyo ebyokulabirako bingi nnyo ku kino okubizza byonna mu nnyiriri ne biteekewa mu kitabo kino. Okujuliza kuteereddwa mu kitundu "Eky'okweyongera okusoma" eky'essuula eno. Okusoma ku kino kiwa okutegeera ku ngeri Omwoyo Omutukuvu bwe yatambulira mu bulamu bw'abantu mu biro by'endagaano enkadde.

YAKKA MU BIFO ISIRAYIRI MWE YASINZIZANGA:

Awo ekire ne kibuutikira Eweema ya Mukama ey'Okukuŋjaanirangamu, yonna n'ejjula ekitiibwa kya Mukama. (Okuva 40:34)

Awo bakabona bwe baava mu kifo ekitukuvu, ekire ne kibuna yeekalu ya Mukama. (1 Bassekabaka 8:10)

OKUBALUŋŋAMYA OKUGENDA MU NSI ENSUUBIZE:

Wabawa Omwoyo omulungi okubayigiriza, so tewabammanga manu okulya, era wabawanga n'amazzi okumalawo ennyonta yaabwe. (Nekemiya 9:20)

ALIJJA ERI ISIRAYIRI MU BIRO BY'OKUBONYAABONYEZEBWA:

Okubonyaabonyezebwu biro ebirijja ebiribaamu obuzibu obw'amaanyi ku nsi. Katonda ajja kuteeka akabonero ak'enjawulo okukuma Isirayiri:

Ne ndaba malayika omulala ng'ava ebuvanjuba ng'akutte akabonero k'envumbo aka Katonda omulamu, n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba bamalayika abana abaali baweereddwa obuyinza okwonoona ensi n'enyanja nti.

Temukola kintu kyonna, ekinaayonoona ensi, n'enyanja oba emit, okutuusa nga tumaze okuteeka akabonero k'envumbo ka Katonda akakulu ku byenyi by'abweereza ba Katonda waffe.

Awo ne mpulira omuwendo gw'abo abaateekebwako akabonero k'envumbo nga baali emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya (144,000) okuva mu bika ekkumi n'ebibiri ebya Isirayiri. (Okubikkulirwa 7:2-4)

AJJA KUKKA KU ISIRAYIRI MU KYASA:

Ekyasa gy'emyaka olukumi eg'yemirembe Yesu mw'anaafugira ku nsi:

Era ndifuka ku nnyumba ya Dawudi era ku batuuze ba Yerusaalemi Omwoyo ow'ekisa n'okwegayirira. Balintunuulira nze gwe baafumita: era balimukungubagira ng'omuntu bw'akungubagira omwana we omu yekka, era balimulumirwa nnyo omwoyo ng'omuntu bw'alumirwa mutabani we omubereberye. (Zakaliya 12:10)

SITAANI

Omwovo Omutukuvu alina n'obuweereza obukwata ku Sitaani. Omwoyo Omutukuvu g'e maanyi agaziyiza aga Sitaani:

Noolwekyo balitya erinnya lya Mukama okuva ebugwanjuba, n'ekitiibwa kye okuva ebuvanjuba, kubanga alija ng'omugga ogukulukuta n'amaanyi, omukka gwa Mukama gwe gutwala. (Isaaya 59:19)

Omwovo Omutukuvu bw'anaggibwa mu nsi, awo Omwoyo awakanya Kristo yajja okufuga okumala akaseera. Awakanya Kristo y'oyo omubi ajja okukulembera ensi:

Kubanga ekyama ky'obujeemu kyatandika dda okukola, naye ye yennyini tagenda kujja okutuusa oyo amuziyiza lw'aliva mu kkubo.

Olwo omuntu ow'obujeemu alyoke alabisibwe, Mukama waffe Yesu gw'alimalawo n'omukka ogw'omu kamwa ke n'amuzikiriza n'okulabisibwa kw'okujja kwe.

Omuntu oyo alijjira mu maanyi ga Setaani gonna n'akola obubonero n'eb'amagero, eby'obulimba.

Era n'obulimba obwa buli ngeri obw'obutali butuukirivu eri abo abazikirizibwa, kubanga bagaana okukkiriza amazima okulokolebwa.

Katonda kyava abawaayo eri okubuzibwabuzibwa okw'amaanyi bakkirize eby'obulimba.

Era bona balyoke basalirwe omusango olw'okukkiriza obulimba, ne bagaana amazima ne basanyukira okukola ebitali bya butuukirivu. (2 Abasesalonika 2:7-12)

YESU

Obuweereza obw'omwoyo Omutukuvu bwayolekera mu bulamu bwa Yesu. Yesu yali:

YAFUNIBWA LWA MWOYO OMUTUKUVU:

Malayika n'amuddamu nti, "Mwoyo Mutukuvu alikukkako, n'amaanyi g'Oyo Ali Waggulu Ennyo galikubuutikira, n'omwana alizaalibwa aliba mutukuvu, Omwana wa Katonda. (Lukka 1:35)

Okuzaalibwa kwa Yesu Kristo kwali bwe kuti: Maliyamu nnyina bwe yali ng'akyayogerezebwa Yusufu, era nga tebanaba kufumbiriganwa n'alabiya ng'ali lubuto ku bwa Mwoyo Omutukuvu.

Naye bwe yali ng'agalamidde ku kitanda kye ng'akyabirowoozaako, n'afuna ekirooto; n'alaba malayika wa Mukama ng'ayimiridde w'ali, n'amugamba nti, Yusufu, omwana wa Dawudi, totya kutwala Maliyamu okuba mukazi wo! Kubanga olubuto Iw'alina yalufuna ku bwa Mwoyo Mutukuvu. (Matayo 1:18, 20)

YAFUKIWAKO MWOYO OMUTUKUVU AMAFUTA:

Awo amangwago Yesu nga yakamala okubatizibwa nga yaakava mu mazzi, eggulu ne libikkuka n'alaba Omwoyo wa Katonda ng'amukkako mu kifaananyi ky'ejjiba. (Matayo 3:16)

Omwovo wa Mukama ali ku nze. Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri. Antumye okubuulira abasibe okuteebwa, n'abazibe b'amaaso okuzibulwa amaaso balabe, n'abanyigirizibwa okufuna eddembe. (Lukka 4:18)

Era mumanyi bulungi Yesu Omunnazaaleesi nga Katonda bwe yamufukako amafuta ne Mwoyo Mutukuvu n'amaanyi, eyatambula ng'agenda akola ebirungi, ng'awonya abaanyigirizibwanga Setaani, kubanga Katonda yali naye. (Ebikolwa 10:38)

Wayagala obutuukirivu n'okyawa obujeemu. Katonda, era Katonda wo kyeyava akufukako amafuta ag'omuzeeyituuni agaleeta essanyu okusinga banno. (Abaebbulaniya 1:9)

YATEEKIWAKO MWOYO ENVUMBO:

Temukolerera mmere eggwaawo, wabula munoonye emmere ebeerera era etuusa mu bulamu obutaggwaawo, Omwana w'Omuntu gy'alibawa, kubanga Kitaawe w'Omwana amussizaako akabonero. (Yokaana 6:27)

YAKULEMBERWA MWOYO:

Awo Yesu n'atwalibwa Mwoyo Mutukuvu mu ddungu okukemebwa Setaani. (Matayo 4:1)

YAWEEBWA MWOYO AMAANYI:

Naye bwe mba ngoba baddayimooni n'amaanyi g'Omwoyo wa Katonda, kale Obwakabaka bwa Katonda buzzé gye muli. (Matayo 12:28)

YAJUZIBWA MWOYO:

Awo Yesu, ng'ajjudde Mwoyo Mutukuvu, n'avaayo ku mugga Yoludaani, Omwoyo n'amutwala mu ddungu. (Lukka 4:1)

Kubanga oyo eyatumwa Katonda ategeeza ebigambo bya Katonda, n'Omwoyo gw'agaba tagerebwa. (Yokaana 3:34)

YAFUNA OBUYINIKE MU MWOYO:

Yesu bwe yamulaba ng'akaaba era n'Abayudaaya abaali naye nga bakaaba n'anyolwa mu mutima, n'ajjula obuyinike. (Yokaana 11:33)

YAJAGULIZA MU MWOYO:

**Mu kiseera ekkyo Yesu n'ajjula essanyu ku bwa Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti,
"Nkutendereza Kitange, Mukama w'eggulu n'ensi, kubanga wakweka ebantu bino abagezi
n'abayivu, naye n'obibikkulira abaana abato. Weewaawo Kitange, bw'otyo bwe wasiima.
(Lukka 10:21)**

YEEWAAYO LWA MWOYO:

**Omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyewaayo ye yennyini eri Katonda olw'Omwoyo
ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke
tuweereze Katonda omulamu? (Abaebbulaniya 9:14)**

YAZUUKIZIBWA MWOYO:

**Kubanga ddala Kristo yabonyaabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, Omuntu Omutuukirivu
ku lw'abatali batuukirivu, alyoke abaleete eri Katonda bwe yattibwa mu mubiri, kyokka
n'abeera mulamu mu mwoyo. (1 Peetero 3:18)**

**Eyakakasibwa okuba Omwana wa Katonda mu maanyi aga Mwoyo Mutukuvu olw'okuzuukira
kw'abafu, ye Yesu Kristo Mukama waffe. (Abaruumi 1:4)**

YALAGIRA ABAYIGIRIZWA BE MU MWOYO:

**Okutuusa ku lunaku lwe yatwalibwa mu ggulu ng'amaze okuwa abatume be, be yalonda,
ebiragiro ku bwa Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 1:2)**

ABONOONYI

Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu obukwata ku mwonoonyi bwannyonnyolwa Yesu;

Naye mbategeereza ddala nti ekisinga obulungi gye muli Nze kwe kugenda. Kubanga bwe sigenda Omubeezi tagenda kujja, kyokka bwe ḥejenda, ndimutuma gye muli.

Ye bw'aliija, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu n'olw'omusango.

Kubanga tebanzikkiriza.

Olw'obutuukirivu kubanga ḥejenda eri Kitange era temukyandaba.

N'olw'omusango, kubanga omufuzi w'ensi eno asaliddwa omusango. (Yokaana 16:7-11)

EKKANISA

Omwoyo Omutukuvu akola ebintu eby'enjawulo mu kkanisa:

YEYAGIKOLA:

Noolwekyo temukyali baamawanga oba abagwira, wabula muli ba kika kimu n'abatukuvu, abantu ba Katonda, era muli ba mu nnyumba ya Katonda.

Mwazimbibwa ku musingi ogw'abatume ne bannabbi, nga Kristo Yesu ly'eijinja ekkulu ery'oku nsonda.

Mu oyo ffenna tuzimbibwa wamu ne tugattibwa wamu ne tubeera essinzizo ettukuvu mu Mukama waffe.

Era nammwe mwazimbibwa wamu mu kizimbe ekyo Kristo ky'azimbye okubeeranga ekifo Omwoyo wa Katonda mwabeera. (Abafeeso 2:19-22)

ALUḥḥAMYA OKUSINZA KWA YO:

Kubanga ffe bakomole, abasinza Katonda ng'Omwoyo bw'atuluḥḥamya, era twenyumiririza mu Kristo Yesu so tetwesiga mubiri. (Abafiripi 3:3)

ALUḥḥAMYA EMIRIMU GYAYO EGY'OBUMINSANI:

Awo Mwoyo Mutukuvu n'agamba Firipo nti, "Semberera eggaaali eryo oligenderek. (Ebikolwa 8:29)

Pawulo ne banne ne batambula ne bayita mu nsi y'e Fulugya n'e Ggalatiya kubanga Mwoyo Mutukuvu yali abaziizza okugenda mu Asiya okubuulirayo Ekigambo.

Bwe baatuuka e Musiya ne bagezaako okugenda Bisuniya, naye Mwoyo wa Yesu n'atabakkiriza.

Pawulo bwe yafuna okwolesebwa okwo ne yeetegeka mangu okulaga e Makedoniya, kubanga yakitegeera nga Katonda atutumye okubabuulira Enjiri. (Ebikolwa 16:6, 7, 10)

Awo bwe baali nga basinza Mukama era nga bwe basiiba, Mwoyo Mutukuvu n'agamba nti, Munjawulire Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde.

Awo Balunabba ne Sawulo ne batumibwa Mwoyo Mutukuvu okugenda e Serukiya, gye baava ne bawunguka okulaga e Kupulo. (Ebikolwa 13:2, 4)

ALONDA ABAWEEREZA BAAYO:

Mwekumenga era mukuumenga n'ekisibo kyonna Mwoyo Mutukuvu mwe yabateeka okuba abalabirizi okulabiriranga Ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe. (Ebikolwa 20:28)

AFUKA MAFUTA KU BABUULIZI BAAYO:

Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu. (1 Abakolino 2:4)

ALUħħAMYA OKUSALAWO KWA YO:

Kubanga kwe kuteesa kwa Mwoyo Mutukuvu, era naffe, nga tekisaanira kubatikka migugu gya bwereere egiteetaagibwa, wabula musaana okugoberera bino. (Ebikolwa 15:28)

AGIBATIZA MU MAANYI:

Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuaka bona baali bakunjaanidde mu kisenge kimu.

Amangwago okuwuuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde.

Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro.

Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:1-4)

ABAKKIRIZA

Omwovo Omukuvu akola omulimu ogw'amaanyi mu bulamu bw'abakkiriza:

ALUMIRIZA:

Mwoyo Mutukuvu y'alumiriza ekibi okusembeza abasajja n'abakazi eri Yesu. Wali toyinza kufuuka mukkiriza awatali buweereza bwa Mwoyo Omukuvu:

Ye bw'alija, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu n'olw'omusango.

Kubanga tebanzikkiriza.

Olw'obutuukirivu kubanga ɳjenda eri Kitange era temukyandaba.

N'olw'omusango, kubanga omufuzi w'ensi eno asaliddwa omusango. (Yokaana 16:8-11)

AZZA BUGGYA:

Omwoyo Omutukuvu akyusa obulamu bwo bw'ofuuka omukkiriza:

N'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola, wabula olw'okusaasira kwe mu kunaazibwa okw'okuzaalibwa okw'omulundi ogwokubiri n'okufuulibwa abaggya olwa Mwoyo Mutukuvu. (Tito 3:5)

Yesu n'amuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwakubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda."

Nikodemo n'amuddamu nti, "Omuntu ayinza atya okuzaalibwa bw'aba nga muntu mukulu? Ayinza okuyingira mu lubuto lwa nnyina omulundi ogwokubiri, n'azaalibwa?"

Yesu kwe kumuddamu nti, "Ddala ddala nkugamba nti, Okuggyako ng'omuntu azaaliddwa amazzi n'Omwoyo tasobola kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

Ekizaalibwa omubiri kiba mubiri, n'ekizaalibwa Omwoyo kiba mwoyo.

Noolwekyo teweewuunya kubanga nkugambye nti kibagwanira okuzaalibwa omulundi ogwokubiri. (Yokaana 3:3-7)

ATUKUZA:

Omwoyo Omutukuvu awala obulamu buno obukyusiddwa olw'okulokolebwa era n'ayamba mu kubeera abatuukirivu:

Naye kitugwanidde okwebazanga Katonda ennaku zonna ku lwammwe, abooluganda abaagalwa mu Mukama waffe, kubanga Katonda yabalondera obulokozi okuva ku lubereberye, ng'abatukuza olw'okukola kw'Omwoyo n'okukkiriza amazima. (2 Abasesalonika 2:13)

ABATIZA

Essuula eyookuna ey'ekitabo kino ekwata kubatizibwa Omwoyo Omutukuvu:

Bonna ne bajuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:4)

ABEERA MU GGWE:

Obukulu bw'okubeerawo kwe okwomunda kwe kunyweza embala empya efunibwa olw'okulokolebwa:

Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye Yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu Katonda gwe yabawa, era n'emibirgyammwe si gyammwe ku bwammwe? (1 Abakolinso 6:19)

Temumanyi nti mmwe muli yeekaalu ya Katonda era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakolinso 3:16)

Noolwekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggy. (2 Abakolinso 5:17)

Mbagamba nti, mutambulirenga mu Mwoyo, mu ngeri yonna, mulemenga kutuukiriza kwegomba kwa mubiri.

Kubanga okwegomba kw'omubiri kulwanagana n'Omwoyo, n'Omwoyo n'alwanagana n'omubiri; kubanga bino byombi bikontana, mulemenga okukola bye mwagala. (Abaggalatiya 5:16-17)

Mu nsi ey'omubiri, ng'omuntu amaze okusulako mu nju okumala ekiseera ekigere kiraga bulungi embala yomuntu oyo. Mu ngeri y'emu, ennyumba zaffe ez'omwoyo zirina okwolesa embala eya Mwoyo Mutukuvu abeera mu yo.

ANYWEZA:

Nsaba Katonda oyo akola eby'ekitalo era agulumizibwa, agumyenga era anywezenga omuntu wammwe ow'omunda, olw'Omwoyo we. (Abaefeeso 3:16)

AGATTA:

Omwoyo Omutukuvu afuula omukkiriza omu ne Katonda n'abakkiriza abalala. Kino ky'ekiyitibwa "obumu" obw'omwoyo:

Naye eyeegatta ne Mukama waffe bafuuka omu mu mwoyo. (1 Abakolinso 6:17)

Kuba omubiri nga bwe guli ogumu, ne guba n'ebitundu bingi, ate ebitundu byonna ne byegatta ne biba omubiri gumu, kale, ne Kristo bw'ali bw'atyo.

Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu. (1 Abakolinso 12:12-13)

YEEGAYIRIRA:

N'Omwoyo bw'atyo atubeera mu bunafu bwaffe. Tetumanyi kusaba nga bwe kitugwanira, naye Omwoyo yennyini atwegayiririra n'okusinda okutayogerekka. (Abaruumi 8:26)

Kubanga ebitonde tebyafugibwa butaliimu nga byeyagalidde, wabula ku bw'oyo eyabifugisa, mu kusuubira. (Yuda 20)

nga musabiririranga mu ssaala zonna nga mwegayiririranga mu mwoyo buli kiseera. Mwekuumenga nga mugumiikirizanga, era nga mwegayiririranga abatukuvu, be bantu bona abo Katonda. (Abafeeso 6:18)

ALUħħAMYA:

Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alijja alibaluñjanya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigena okubaawo. (Yokaana 16:13)

kubanga abo bona abakulemberwa Omwoyo wa Katonda be baana ba Katonda. (Abaruumi 8:14)

AYOLESA OKWAGALA:

Omwovo Omutukuvu alaga okwagala kwa Kristo eri abakkiriza okuyita mu kukkiriza:

Era essuubi teritukwasa nsonyi kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajuza emitima gyaffe okwagala kwe. (Abaruumi 5:5)

AKYUSA MU KIFAAANANYI KYA KRISTO:

Omwovo Omutukuvu akyusa omukkiriza eri ekifaananyi kya Kristo:

Kaakano ffe ffenna, amaaso gaffe nga gabikuddwa, ekitiibwa kya Katonda kyakaayakana mu ffe ng'endabirwamu emulisa ekitiibwa kye ne tukyusiibwa okumufaanana okuva mu kitibwa okutuuka mu kitibwa, ekiva eri Mukama waffe, Mwoyo. (2 Abakolinso 3:18)

ABIKKULA AMAZIMA:

Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebintu byonna, n'ebi'omunda ennyo ebya Katonda. (1 Abakolinso 2:10)

ASOMESA:

Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muttu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y'abayigiriza buli kimu, era w'amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza. (1 Yokaana 2:27)

AKAKASA OBULOKOZI:

Omwovo yennyini akakasiza wamu n'omwoyo waffe nga bwe tuli abaana ba Katonda. (Abaruumi 8:16)

Kale oyo agondera ebiragiro bye abeera mu Ye, era naye abeera mu ye. Kino tukimanyi ng'ali mu ffe, kubanga Mwoyo Mutukuvu gwe yatuwa abeera mu ffe. (1 Yokaana 3:24)

AWA EDDEMBE:

Kubanga etteeka ery'Omwoyo aleeta obulamu mu Kristo Yesu, lyannunula okuva mu tteeka ly'ekibi n'okufa. (Abaruumi 8:2)

Kale nno Mukama ye Mwoyo, era buli Omwoyo wa Mukama w'abeera, wabaawo eddembe. (2 Abakolinso 3:17)

AGUMYA:

Mu kiseera ekkyo Ekkanisa n'eba n'emirembe mu Buyudaaya, ne mu Ggaliraaya ne mu Samaliya; ne yeeyongera mu maanyi ne mu muwendo gw'abantu abakkiriza. Ne bayiga okutya Mukama, era Mwoyo Mutukuvu n'abasanyusanga. (Ebikolwa 9:31)

Mwoyo ow'Amazima ensi gwe teyinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi. Naye mmwe mumumanyi kubanga abeera nammwe, era anaabeeranga mu mmwe.

Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alijja alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:17, 26)

AFUULA MULAMU:

Era obanga Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu okuva mu bafu abeera mu mmwe, oyo eyazuukiza Kristo mu bafu, alifuula emibirgyammwe egifa okuba emiramu ku bw'Omwoyo we abeera mu mmwe. (Abaruumi 8:11)

AYOGERA:

Bwe balibakwata ne babawaayo, temveraliikiriranga kya kuwoza. Kye munaaweebwanga okwogera mu kiseera ekkyo kye munaayogeranga kubanga si mmwe muliba mwogera wabula Mwoyo Mutukuvu y'aliba ayogerera mu mmwe. (Makko 13:11)

AYOLESA AMAANYI GA KATONDA:

Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu.

Okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)

ALUħħAMYA OKUSINZA:

Kubanga Katonda Mwoyo n'abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima. (Yokaana 4:24)

AWA AMAANYI AG'OKUJULIRA:

Amaanyi g'okujulira ky'ekyoleka ekituufu oyo aba abatiziddwa Omwoyo Omutukuvu:

Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)

AWA EBIRABO ERA AKULAKULANYA EKIBALA:

Omwoyo Omutukuvu awa ebirabo by'omwoyo eri abakkiriza. Buno bwe busobozi obw'enjawulo obumuyamba okukola ebituukiridde ng'ekitundu ku kkanisa. Era Omwoyo Omutukuvu akuza ekibala ky'omwoyo ekiri mu bulamu bw'omukkiriza. Ekibala eky'omwoyo kitegeeza embala eya Mwoyo Mutukuvu mu bulamu bw'omukkiriza. Olw'omugaso gwabyo, ekibala n'ebirabo eby'omwoyo Omutukuvu binnyonnyoddwa mu ssuula ey'enjawulo.

OKUBATIZIBWA MU MWOOYO OMUTUKUVU

Mu ndagaano empya mulimu ebitundu musanvu omukozesebea ekigambo "okubatizibwa" ekikozesebea okulaga Omwoyo Omutukuvu. Ebina ku byo bigambo bya Yokaana omubatiza ebiragibwa mu njiri:

Nze mbabatiza na mazzi okutuuka ku kwenenya, naye waliwo omulala aija, oyo ye ansinga amaanyi era sisaanira na kukwata ngatto ze, oyo alibabatiza ne Mwoyo Mutukuvu n'omuliro. (Matayo 3:11)

Nze mbabatiza na mazzi, naye ye alibabatiza na Mwoyo Mutukuvu. (Makko 1:8)

Yokaana n'addamu bona ng'agamba nti, "Nze mbabatiza na mazzi, naye waliwo aija, alina obuyinza okunsinga, n'okusaanira sisaanira na kusumulula lukoba lwa ngatto ze. Oyo alibabatiza n'omuliro ne Mwoyo Mutukuvu. (Lukka 3:16)

n'abagamba nti, "Nze saamutegeera, kyokka Katonda bwe yantuma okubatiza yaŋjamba nti, 'Bw'olabanga Mwoyo Mutukuvu ng'akka n'abeera ku muntu, nga oyo, ye Kristo abatiza ne Mwoyo Mutukuvu. (Yokaana 1:33)

Yesu yayogera ku kubatizibwa okwa Mwoyo Omutukuvu:

Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mujja kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu mu nnaku si nnyingi. (Ebikolwa 1:5)

Peetero bwe yayogera ku byali mu maka ga Koloneeriyo, yajuliza ebigambo bya Yesu:

Awo ne nzijkira ebigambo bya Mukama waffe bwe yagamba nti, ‘Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mulibatizibwa na Mwoyo Mutukuvu. (Ebikolwa 11:16)

Paulo era yakozesa ekigambo “okubatiza” okukwata ku Mwoyo Omutukuvu:

Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu. (1 Abakolinso 12:13)

Okukozesa enjogera ya “okubatizibwa mu” Mwoyo Omutukuvu ky’ekimu n’ekikozesebwa ku kubatizibwa kw’abakristaayo mu mazzi. Mu nkola zombi, okubatizibwa ky’ekyo ekikakasa eky’okungulu ku ekyo ekikolebwa omwoyo munda.

Omwoyo Omutukuvu yaweebwa mu kiseera ky’okukuza ekijjulo ekiytibwa ekya Pentekooti. Noolwekyo, okubatizibwa okwa Mwoyo Mutukuvu kuyitibwa, “Ensisinkano eya Penteekooti ate ekiseera ky’okuweebwa Omwoyo kiyitibwa, “Olunaku Iwa Pentekoti.”

Omwoyo Omutukuvu yakka okuva mu ggulu ne yennyika (n’abatiza) abakkiriza abaali bakuñjaanidde mu kisenge ekya waggulu mu Yerusaalemu. Baamulindirira oba “beekuumirawo” nga balindirira okujja kwe nga bwe baali balagiddwa Yesu. Peetero yagamba nti ensisinkano eno yali etuukiriza ekyo Katonda kye yasuubiza “mu nnaku envannyuma, nja kufuka Omwoyo gwange mu mibiri gyonna.” Ekisuubizo kino kyaweebwa nnabbi Yoweeri:

Awo olulituuka oluvannuma lw’ebyo, ndifuka Omwoyo wange ku bantu bona. Batabani bammwe ne bawala bammwe balitegeeza eby’omu maaso; abakadde baliroota ebirooto, n’abavubuka bammwe balyolesebwa.

Mu biro ebyo ndifuka Omwoyo wange ku baweereza bange abasajja n’abakazi. (Yoweeri 2:28-29)

Abasajja n’abakazi, abato n’abakulu bona baali kitundu ky’okuyiibwako Omwoyo Omutukuvu. Baalina okulagula, okuloota ebirooto, okulaba okwolesebwa. Omwoyo wa Katonda yali wa kuwa maanyi abawereza be (abasajja) n’abayambi baabwe (abakazi). Olunaku Omwoyo Omutukuvu lwe yaweebwa, Peetero yagamba:

Mwenenye, buli omu ku mmwe abatizibwe mu linnya lya Yesu Kristo musonyiyibwe ebibi byammwe, olwo nammwe mujja kufuna ekirabo ekya Mwoyo Mutukuvu.

Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n’eri abaana bammwe, n’eri bona abali mu nsi ezeewala abalikoowoola Mukama Katonda waffe. (Ebikolwa 2:38-39)

Ekigambo kya Peetero kyalaga nti ekisuubizo kya Mwoyo Omutukuvu, kyal:

- Ekisuubizo ky’eggwanga: Gye muli (abantu Abayudaaya)

- Ekisuubizo ky'amaka: Abaana bo.
- Ekisuubizo ekya buli muntu: Eri bonne abali ewala.

Mu ndagaano empya mulimu ebifo bisatu mwe tubuulirwa ku byaliwo abantu bwe baabatizibwa Omwoyo Omutukuvu:

OLUNAKU LWA PENTEKOOTI:

Ebikolwa 2:2-4, alaga ebyaliwo ku lunaku Iwa Pentekooti:

Amangwago okuwuuma, nga kuli ng'empewo ey'amaanyi ennyo ekunta, ne kuva mu ggulu, ne kujjula mu nnyumba yonna mwe baali batudde.

Ku buli omu ne kutuulako ennimi ng'ez'omuliro.

Bonna ne bajjuzibwa Mwoyo Mutukuvu, ne batandika okwogera ennimi ez'enjawulo nga Mwoyo Mutukuvu bwe yabasobozesa. (Ebikolwa 2:2-4)

ENNYUMBA YA KOLONEERIYO:

Ebikolwa 10:44-46, alaga ekyabaawo Peetero bwe yabuulira enjiri eri omusajja ayitibwa Koloneeriyo n'abenju ye:

Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Mwoyo Mutukuvu n'akka ku abo bona abali bawuliriza ekigambo.

Abakkiriza abakomole bangi abaawerekera ku Peetero ne beewuunya nnyo okulaba ng'ekirabo kya Mwoyo Mutukuvu kifukibbwaa ne ku baamawanga.

Kubanga baabawulira nga boogera mu nnimi endala nga batendereza Katonda. (Ebikolwa 10:44-46)

ABAKKIRIZA B'E EFEESO:

Ebikolwa 19:6, annyonnyola ekyabaawo ku kibinja ekyasooka okukkiriza mu Efeeso:

Pawulo bwe yabassaako emikono gye, Mwoyo Mutukuvu n'abakkako, ne batandika okwogera ennimi endala era n'okuwa obunnabbi. (Ebikolwa 19:6)

Nga bwe tugeraageranya ebitundu bino, waliwo akabonero kamu akalabikira mu byonna ebrisatu: Abo abaafuna okubatizibwa kwa Mwoyo Omutukuvu baayogerera mu nnimi endala. Obubonero obulala obwa Mwoyo Omutukuvu obwogerwako, naye tewali ku bwo keeyoleka mu bitundu byonna ebrisatu.

Ku lunaku Iwa Pentekooti, waaliwo eddoboozi lya kibuyaga akunta era n'ennimi z'omuliro ezaalabika. Bino tebyalagibwa mu bitundu ebirala. Mu Efeeso abaali baakakkiriza baalagula. Ate kino tekyogerwako mu byaliwo ku lunaku Iwa Pentekooti oba mu nju ya Koloneeriyo.

Akabonero akamu ahookungulu abatume ke baalaba mu nju ya Koloneeriyo kaali nti baayogerera mu nnimi. Akabonero kano akalabika kaalaga abayigirizwa nti ab'enju baali babatiziddwa mu Mwoyo Mutukuvu. Okusinziira ku bitundu bya Baibuli bino tuwunzika tugamba nti akabonero ahookungulu ak'okwogerera mu nnimi okuyita mu maanyi ga Mwoyo Mutukuvu kikakasa nti omuntu aba abatiziddwa mu mwoyo Omutukuvu.

Akabonero "ak'ennimi" kasobola okuba ak'ennimi ezimanyiddwa omuntu. Kino ky'ekyabaawo ku lunaku lwa Pentekooti:

Ne bawuniikirira ne beewuunya ne bagamba nti, "Bano bona aboogera si Bagaliraaya?

Kale Iwaki tuwulira buli muntu olulimi Iw'ewaffe gye twazaalibwa? (Ebikolwa 2:7-8)

Ennimi era zisobola okubeera olulimi olutamanyiddwa muntu. Kino ky'ekiyitibwa ennimi ezitamanyikiddwa:

Kubanga ayogera mu nnimi tayogera n'abantu, wabula ayogera na Katonda. Kubanga tewali n'omu ategere by'agamba. Aba ayogera bya kyama mu Mwoyo. (1 Abakolinso 14:2)

EBIRABO BY'OMWOYO OMUTUKUVU

Ekigambo "eky'omwoyo" kitegeeza "ekimanyiddwa oba ekifugibwa Omwoyo Omutukuvu." Ekirabo eky'omwoyo bwe busobozi obusukkulomye ku butonde obuweebwa Omwoyo Omutukuvu eri omukkiriza okubasobozesa okuweereza ng'ekitundu ku mubiri gwa Kristo.

Ebirabo by'obukulembeze eby'Omwovo Omutukuvu mulimu abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, abasumba, n'abasomesa. Ebirabo eby'okwogera eby'Omwovo Omutukuvu mulimu obunnabbi, okuyigiriza, okubuulirira, ekigambo ky'amagezi, n'ekigambo eky'okumanya. Ebirabo by'Omwovo eby'okuweereza mulimu okuweereza, okuyamba, obukulembeze, okuddukanya emirimu, okugaba, okulaga ekisa, okwawula emyoyo, okukkiriza, n'okusembeza abagenyi. Ebirabo by'Omwovo Omutukuvu eby'obubonero mulimu ennimi, okuvvuunula, ebyamagero, n'okuwonya. Okwongerako okusoma ku birabo bino, laba omusomo gwa Harvestime ogwa "Obuweereza bwa Mwovo Mutukuvu."

Ebigendererwa by'ebirabo by'Omwovo Omutukuvu biwandiikiddwa mu Abeefeso 4:12-15:

Ekyo yakikola olw'okutendeka abantu ba Katonda olw'omulimu ogw'obuweereza, okuzimba omubiri gwa Kristo. Ekyo kijja kutwongera okugenda mu maaso, okutuusa ffenna Iwe tulibeera n'okukkiriza kumu, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda nga tukulidde ddala mu mwovo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali.

Tuteekwa okulekeraawo okweyisa ng'abaana abato, nga tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera enteekateeka ey'obulimba. Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna, nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekklesia. (Abaefeso 4:12-15)

Okusinziira ku kitundu kino, ebigendererwa by'Omwovo Omutukuvu bye bino:

-Okutuukiriza abatukuvu.

-Okutumbula emirimu gy'obuweereza.

-Okuzimba Kristo n'Ekklesia.

Ebigendererwa oba ebiruubirirwa by'ebirabo eby'omwoyo bye bino:

-Tufuuke obumu mu kukkiriza.

-Tukulakulanya okumanya kwaffe ku Kristo.

-Kkulakulana mu butuukirivu, nga Kristo ye kyakulabirako kyaffe.

-Mufuuke banyewe, tolimbibwalimbibwa njigiriza za bulimba.

Tukule mu by'omwoyo mu Kristo.

Buli mukkiriza alina waakiri ekirabo kimu eky'omwoyo:

**Buli omu asaanidde okukozesa n'obwesigwa buli kirabo Katonda kye yamuwa olw'okugasa
banne nabo balyoke bafune emikisa gya Katonda emingi gy'agaba. (1 Peetero 4:10)**

**Mwoyo Mutukuvu yeeragira mu buli omu olw'okugasa bona. Naye Omwoyo akola ebyo
byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala.(1 Abakkolinso 12:7,11)**

Ebitundu ebikulu ebiraga ebirabo eby'omwoyo bye bino:

-Abaruumi 12:1-8

-1 Abakkolinso 12:1-31

-Abaefeso 4:1-16

-1 Peetero 4:7-11

Jjukira nti ebirabo bino busobozi bwa njawulo okuva eri Katonda okuweereza mu ngeri ez'enjawulo. Naye wayinza okubaawo obujulizi obumu ku bino mu bulamu bwo, tekitegeesa nti olina ekirabo ekyo. Okugeza, abakkiriza bona balina okuwaayo eri omulimu gwa Mukama n'ekimu eky'ekkumi n'ebiweebwayo, naye ekirabo eky'okugaba bugabi obutali bwa bulijo obukubirizibwa Omwoyo wa Katonda. Abakkiriza bona balina ekipimo ky'okukkiriza okusinziira ku kigambo kya Katonda. Naye ekirabo eky'okukkiriza bwe busobozi obwenjawulo bw'okukkiriza okusukka obw'Omukristaaayo owa bulijo.

abantu abamu bagamba nti ebirabo byonna eby'omwoyo ebiwandiiikiddwa mu Baibuli si bya Kkanisa leero. Bakkiriza nti ebirabo ebimu nga obunnabbi, ennimi, ebyamagero n'ebirala, byali bya Kkanisa eyasooka yokka. Batera okukozesa 1 Abakkolinso 13:10 okuwagira endowooza zaabwe:

Naye ebituukiridde bwe birija, olwo eby'ekitundu nga biggwaawo. (1 Abakkolinso 13:10)

Abantu bano bagamba nti Ekkanisa bwe yatandikibwawo, tewaa liwo bwetaavu bwa bimu ku birabo bino ebisingawo eby'amagero. Kye balemererwa okwetegereza kwe kuba nti okumanya nakyo kyogerwako mu kitundu kye kimu nga "kirikoma" oba okuggyibwawo:

Okwagala tekulemererwa; obunnabbi buliggyibwawo, n'ennimi zirikoma, n'eby'amagezi birikoma. (1 Abakkolinso 13:8)

Bwetukozesa olunyiriri luno okugamba nti ennimi, okuvvuunula, n'obunnabbi tebikyakwetaagisa, olwo ffe era tulina okugamba nti okumanya tekukyakwetaagisa. Ekitundu kino mu butuufu kitegeesa ekiseera eky'omu maaso nga Obwakabaka bwa Katonda obutuukiridde butandikibwawo ku nsi. Okuva bwe kiri nti ekituukiridde kijja kujja mu kiseera ekyo, tetujja kuba na bwetaavu bwa kirabo kyonna ku by'omwoyo olwo, kubanga...

Ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka nga lyogera okuva mu ntebe ey'obwakabaka nti, "Laba eyeekaalu ya Katonda kaakano eri mu bantu, anaabeeranga nabo era banaabeeranga bantu be, Katonda yennyini anaaberanga nabo, era anaaberanga Katonda waabwe.

(Okubikkulirwa 21:3)

Tetujja kwetaaga bubaka nga tuyita mu bunnabbi, ennimi, oba okuvvuunula, kubanga tujja kuba tubeera n Katonda alunjjamya obubaka obw'engeri eyo. Tetujja kwetaaga bigambo bya magezi oba okumanya, kubanga tujja kuba tubeera n'ensibuko y'okumanya. Tetujja kwetaaga kwawula myoyo, kubanga...

Tewali ekitali kirongoofu ekirikkiriziba okuyingira mu kyo, wadde abo abatambulira mu mpisa ezitali nnongoofu oba abalimba, wabula abalikibeeramu, beebo bokka, amannya gaabwe agaawandiikiba mu kitabo eky'obulamu eky'Omwan gw'Endiga. (Okubikkulirwa 21:27)

Tewajja kubaawo kwetaaga birabo bya kuwonya...

Nga gukulukutira wakati mu luguudo olunene. Ku mbalama zombi ez'omugga kwaliko emitii eky'obulamu, gumu ku buli ludda, egibala ebibala ekkumi n'ebibiri era nga buli mwezi kuberako ebibala eby'engeri endala; n'amakoola gaagwo nga gakozesebwaa ng'eddagala okuwonya amawanga. (Okubikkulirwa 22:2)

Era jjukira ebigendererwa n'ebiruubirirwa by'ebirabo eby'omwoyo ebiweereddwa mu Abeefeso 4:12-15. Ebigendererwa bya kutuukiriza batukuvu, okutumbula omulimu gw'obuweereza, n'okuzimba Kristo n'Ekkanisa. Ebigendererwa by'ebirabo bino bikyalivo. Abatukuvu bakyetaaga okutuukiriziba, Enjiri ekyalina okugaziwa okutuuka ku nkomerero z'ensi, ne Kristo n'Ekkanisa byeetaaga okuzimbibwa. Ebiruubirirwa--nti tujja kuba bumu mu kukkiriza; okukulaakulanya mu kumanya Kristo; okukulaakulana mu butuukirivu ne Kristo nga ekyokulabirako kyaffe; okufuuka abatebenkevu, si okulimbibwa enjigiriza ez'obulimba; era n'okukula mu by'omwoyo mu Kristo--bikyalina okutuukirira.

Katonda teyandiwadde birabo bya mwoyo olw'ebigendererwa n'ebiruubirirwa bino ebitongole n'oluvannyuma n'abiggyawo ng'ebintu bino tebituukiridde.

-Abakkiriza bona bali bumu mu kukkiriza?

-Buli muntu akulakulanye mu bujuvu mu kumanya Kristo?

-Ffenna tutuukiridde?

-Bammemba b'Ekkanisa yaffe banywevu era tebalimbibwa njigiriza za bulimba?

-Bammemba b'Ekkanisa yaffe bona bakuze mu by'omwoyo?

Eky'okuddamu mu bibuuzo bino byonna kiri nti "nedda." Olw'ensonga eno tukimanyi nti ebirabo byonna eby'omwoyo webiri n'okutuusa kati. Katonda yawa ebirabo eby'omwoyo okutuukiriza ebigendererwa ebimu mu Kkanisa. Tajja kukikola okuggyayo ekirabo kyonna ku bino nga ebigendererwa bino tebituukiridde. Bayibuli era bw'etyo bw'egamba "ebirabo n'okuyitibwa kwa Katonda tebirina kwenenya" (Abaruumi 11:29). Kino kitegeeza nti Katonda tajja kyusa endowooza ye era ajjewo ekirabo eky'omwoyo oba okuyitibwa kw'awadde.

EBIBALA KY'OMWOYO OMUTUKUVU

Ekibala ky'Omwoyo Omukulu kigezeza enkulaakulana y'obutonde bw'Omwoyo obubikkuliddwa mu bulamu bw'omukkiriza, engeri ez'omwoyo ezirina okweyoleka mu bulamu bw'Abakristaayo bona. Ebirabo by'Omwoyo Omukulu bya maanyi. Ebibala by'Omwoyo Omukulu bya kukulakulanya empisa mu bulamu bw'omukkiriza. Wano waliwo engeri oba "ebibala eby'omwoyo" ebirina okukulaakulanyizibwa mu bulamu bw'abakkiriza ab'amazima: "*Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza, obuwombeefu, obulungi, okukkiriza, Obuwombeefu, obutebenkevu: awali ebyo tewali teeka libiwakanya*" (Abaggalatiya 5:22-23). Okumanya ebisingawo ku bino laba essomo lya Harvestime International Institute omusomo "Obuweereza Bw'Omwoyo Omukulu".

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola Enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu.

.....
.....
.....

2. Enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu kuzingiramu ki?

.....
.....
.....

3. Lwaki enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu nkulu nnyo?

.....
.....
.....

4. Nga okozesa ekitundu ku "Obwakatonda Bw'Omwoyo Omutukuvu" mu ssuula eno, funza by'oyiga ku bikwata ku nsonga eno.

.....
.....
.....

5. Ebigambo bino wammanga biraga ki ku mbala ya Mwoyo Omutukuvu?

Ali buli

wamu:.....

Amanyi
byonna:.....

Muyinza wa
byonna:.....

Wa
lubeerera:.....

Mutukuvu:.....

W'amazima:.....

6. Ng'okozesa ekitundu ekiri mu ssuula eno ku "Obuntu bw'Omwoyo Omutukuvu," wandiika ebintu musanvu by'oyize ku buntu bw'Omwoyo Omutukuvu.

.....
.....
.....
.....

7. Ng'okozesa ekitundu mu ssuula eno ku "Amannya G'Omwoyo Omutukuvu", wandiika amannya 13 agalaga ekifo kye n'omulimu gwe.

.....
.....
.....
.....

8. Ng'okozesa ekitundu ekiri mu ssuula eno ku "Obubonero Bw'Omwoyo Omutukuvu," wandiika obubonero musanvu obumukiikirira era onnyonnyole amakulu ga buli kimu.

.....
.....
.....
.....

9. Funza obuveereza bw'Omwoyo Omutukuvu mu nkolagana ne:

Okutonda:.....

Ebyawandiikibwa:.....

Isirayiri:.....

Sitaani:.....

Yesu:

Aboonoonyi:

Ekkanisa:.....

Abakkiriza:.....

10. Nga okozesa ekitundu ekiyitibwa "Okubatiza Omwoyo Omutukuvu", wandiika ebyawandiika musanvu mu ndagaano empya ebijuliza okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

.....
.....
.....
.....

11. Funza by'oyiga ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu mu Yoweri 2:28-29.

.....
.....

12. Ekisubizo ekiri mu Ebikolwa 2:38-39 kiweereddwa ani?

.....
.....

13. Wandiika ebitundu bisatu mu ndagaano empya ebinnyonnyola ebyaliwo ng'abantu baabatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu. Okwolesebwa ki okwaliwo?

.....
.....
.....

14. Biki ebibiri ebiraga akabonero k'ennimi?

.....
.....

15. "Ekirabo eky'omwoyo" kitegeeza ki?

.....
.....

16. Wandiika ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu.

.....
.....

17. Okusinziira ku Abeefeso 4:12-15, bigendererwa ki bisatu eby'Omwoyo Omutukuvu

.....
.....
.....

18. Okusinziira ku Abeefeso 4:12-15, bigendererwa ki ebitaano Omwoyo Omutukuvu by'alina?

.....
.....
.....

19. Waayo ebiwandiiko bibiri ebikakasa nti buli mukkiriza alina waakiri ekirabo kimu eky'omwoyo.

.....
.....
.....
.....
.....

20. Wandiika ebitundu ebikulu ebiraga ebirabo eby'omwoyo.

.....
.....

21. Oyinza otya okusambaja ebyo abantu abamu bye bagamba nti ebirabo byonna eby'omwoyo
ebiwandiikkidwa mu Baibuli si bya Kkanisa leero?

.....
.....
.....

22. "Ekibala ky'Omwovo Omutukuvu" kitegeeza ki? Engeri zino zigeraageranyizibwa zitya n'ebirabo
eby'omwoyo?

.....
.....

23. Ng'okozesa Abaggalatiya 5:22-23, wandiika ebibala by'Omwovo Omutukuvu.

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yongera okusoma ku kwenyigira kw'Omwoyo Omutukuvu mu kubikkulirwa n'okulungamya ekyawandiikibwa:

2 Timoseewo 3:16, 17

2 Peetero 1:19-21

1 Abakkolinso 2:9-13; 14:37

Yokaana 14:26; 16:14

Abaefeso 2:20

1 Timoseewo 5:18

2 Peetero 3:16

Abaruumi 16:26

2. Mu biseera by'Endagaano Enkadde, Omwoyo Omutukuvu teyabeera mu bakkiriza lubeerera, wabula yajja ku basajja n'abakazi ba Katonda okumala ekiseera olw'ebigendererwa ebitongole. Soma bino ebyokulabirako:

Yusufu: Olubereberye 41:38

Yoswa: Okubala 27:18

Danyeri: Danyeri 4:8; 5:11-14; 6:3

Ssamson: Abalamuzi 14:6

Dawudi: 1 Samwiri 16:13

Bezaleeri: Okuva 31:3; 35:31

3. Mu biseera by'Endagaano Empya, Omwoyo Omutukuvu yajja okubeera mu bakkiriza enkalakkalira. Okubeera "okujjula Omwoyo Omutukuvu" oba "okubeera mu" kitegeeza okufugibwa Omwoyo. Soma ennyiriri zino wammanga:

Lukka 4:28; 5:26; 6:11

Ebikolwa by'Abatume essuula 2; 3:10; 5:17; 6:3,5; 7:55; 11:24; 13:45, 52; 19:29

Abaruumi 15:13, 14

2 Abakkolinso 7:4

Abafiripi 1:11

Abaefeso 5:18

4. Kozesa omusomo gwa Harvestime International Network ogutuumiddwa "Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu," okusoma amasomo gano wammanga mu bujjuvu n'okugaziya okumanya kwo ku Njigiriza ya Mwoyo Mutukuvu.

Obuntu w'Omwoyo Omutukuvu.

Amannya n'ebitiibwa by'Omwoyo Omutukuvu.

Obubonero obukiikirira Omwoyo Omutukuvu.

Obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu.

Okubatiza kw'Omwoyo Omutukuvu.

Ebirabo by'Omwoyo.

Ekibala ky'Omwoyo

ESSUULA EY'OKUNA

ENJIGIRIZA KU BAMALAYIKA

OKUNNYONNYOLA

Ekigambo "enjigiriza ku bamalayika" kiva mu bigambo bibiri eby'Oluyonaani, kwe kugamba, aggilos ekitegeeza "omubaka" oba "malayika" ne logos ekitegeeza "ekigambo oba ekintu." Mu njigiriza y'ebya Baibuli, ekigambo kino kitegeeza okusoma oba enjigiriza ya Baibuli ku bamalayika. Enjigiriza eno esomesa ensibuko, ensengeka, engeri, n'obuwereza bwa bamalayika. Abakugu mu by'eddiini abamu bagatta okusoma kwa bamalayika ba Sitaani ababi mu ssomo lino, naye kino tujja kikitunuulira mu ssuula ey'enjawulo eriko omutwe "Ziddymooni."

ENSIBUKO YA BAMALAYIKA

Bamalayika mwoyo egiweereza egitumibwa Katonda okukola ebyo by'ayagala:

Bamalayika bona, myoyo egitumibwa okuweereza abo abagenda okusikira obulokozi.
(Abaebbulaniya 1:14)

Ekitiibwa "malayika" kitegeeza omubaka. Bamalayika Katonda ye yabatonda:

Mumutendereze mmwe mwenna bamalayika be, mumutendereze mmwe mwenna eggye lye ery'omu ggulu. Leka byonna bitendereze erinnya lya Mukama Kubanga ye yalagira, ne bitondebwa. (Zabbuli 148:2 ne 5)

Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakkolosaayi 1:16)

Bamalayika bona baali batuukirivu era batukuvu bwe baasooka okutondebwa. Baasinza era nga bawereza Katonda omu ow'amazima. Oluvannyuma bamalayika abamu bajeemera Katonda ne

bafiirwa ekifo kyabwe nga bamalayika. Baafuuka ekitundu ku maanyi g'obubi agayitibwa "Ziddymooni."

ENSENGEKA YA BAMALAYIKA

Bamalayika balina ebika bibiri: Bamalayika abalungi--bamalayika ba Katonda abakwatibwako abagenda okusomebwako mu ssuula eno--ne bamalayika ababi (ddayimooni) ezigenda okuteesebwako wansi w'omutwe gwa "Ziddymooni." Katonda ategese bamalayika be mu nsengeka ey'enjawulo. Bayibuli teyogera ku nsongwa eyo, naye eraga ensengeka ng'eyo:

Mu ye ebintu byonna mu byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza: ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakkolosaayi 1:16; Laba n'Abaefeso 3:10)

Ensengeka y'ensi etalabika eyogerwako wano mu ngeri y'entebe, obufuzi, obwakabaka, n'obuyinza. Tetuweebwa bikwata ku nsengeka eno. Tukimanyi nti bo oluusi bakolera mu bitongole ebinene (Zabuli 68:17; Matayo 26:53) era nti bwe bali ebitabalika (Abaebbulaniya 12:22).

EBIBINJA BYA BAMALAYIKA

Waliwo ddala enkuyanja ya bamalayika (Lukka 2:13-15) abalabika nga basengekedwa okusinziira ku ku mirimu gye bakola. Zino ze nsengeka enkulu eza bamalayika:

Ababaka.

Ekibiina kino ekya bamalayika kirabika kye kisinga obunene mu muwendo. Bano be bamalayika abatabalika, abalabibwa Danyeri (Danyeri 7:10), abatuukiriza Katonda by'ayagala mu Ggulu n'ensi. Bavvuunula Katonda by'ayagala, bakuumma, bawa obulagirizi, baleeta eby'okuddamu mu kusaba, okulangirira, okulabula, okulagira, okukubiriza, okuyimirizaawo, okutuusa, n'okwegayirira ku lwa abakkiriza.

Bamalayika Abalone.

Bogerwako omulundi gumu gwokka mu 1 Timoseewo 5:21. Tewali kimanyiddwa kirala ku kibinja kino.

Bakerubi.

Ekibinja kino ekya bamalayika kisooka kwogerwako mu Olubereberye 3:24 ku bikwatagana n'okugobwa kwa Adamu ne Kaawa okuva e Adeni. Era boogerwako ng'ekitundu ku ssanduuko y'endagaano (Okuva 25:18-22). zeekyeri ayogera ku bitonde bino era n'abinnyonnyola ng'ebirina endabika nnya: Obwenyi bw'empologoma, obwenyi bw'ente, obwenyi bw'omuntu, n'obw'empungu (Ezeekyeri 1:3-28;10:22). Akabonero kano aka bakerubi kalaga nti bye bitonde ebiramu ebyetoolodde Nnamulondo ya Katonda mu Okubikkulirwa 4:6. Balabika nga be bamalayika ab'oku ntikko, abakuumi ba Katonda.

Bakerubi ababiri abaateekebwa ku ntebe y'okusaasira ey'essanduuko bayitibwa "kerubi ow'ekitiibwa." (Abaebbulaniya 9:5). Baateekebwa emu ku buli nkomerero y'entebe y'okusaasira, nga bagoloddwa

ebiwaawaatiro waggulu, n'amaaso gaabwe "nga buli omu atunuulidde munne n'okutunula mu ntebe y'okusaasira." Baafukibwako amafuta amatukuvu, nga bwe kyali ku ssanduuko n'ebintu ebitukuvu. Wano Katonda we yeeyoleka ku ensi mu biseera by'Endagaano Enkadde era ekitiibwa kye ekirabika wekyawummulira. (1 Samwiri 4:4; Zabbuli 80:1; Ezeekyeri 1:26, 28).

Serafimu.

Serafimu, erinnya lyabwe lye litegeeza "ab'omuliro", boogerwako mu Isaaya 6:2,3,6,7. B'ebayimirira waggulu wa Kabaka ng'atudde ku ntebe ye ey'obwakabaka, nga betegefu okumuweereza. Birabika ng'abantu mu ndabika naye nga balina ebiwawaatiro.

Ebitonde Ebiramu.

Ekinja kino ekya bamalayika kyogerwako mu Ezeekyeri 1-10 ne mu Okubikkulirwa 4:6,8; 5:6. Omutwe guno gweyanjula bamalayika bano nga abooleka obujjuvu bw'obulamu obw'obwakatonda n'obuweereza bwabwe obukulu kwe kusinza Katonda. Baawukana ku bamalayika abalala (Okubikkulirwa 15:7); beegatta ku bakadde mu "luyimba olupya" (Okubikkulirwa 5:8, 9); balabula ku bwenkanya obw'obwakatonda (Isaaya 6:3-5); era n'okutuusa omulimu eri abo abagutuukiriza (Ezeekyeri 10:2, 7). Era bali n'abakadde emitwalo kikumi mu ana mu ena abayimba oluyimba olupya (Okubikkulirwa 14:3), era n'Ekkanisa mu kusuula abalabe be (Okubikkulirwa 19:4).

Bamalayika ssekinnoomu.

Waliwo bamalayika babiri aboogerwako amannya mu Baibuli:

-Mikayiri: Mikayiri, malayika omukulu, ayogerwako mu Danyeri 10:13,21; 12:1; Yuda 9; n'Okubikkulirwa 12:7. Ye malayika yekka ayitibwa malayika omukulu. Akiikiriddwa ng'alina obuyinza obukulu ku ggye lya bamalayika mu Okubikkulirwa 12:7 era kigambibwa nti ye mulangira w'abantu ba Isirayiri mu Danyeri 10:13,21, era nga 10:13,21; 12:1.

-Gabulyeri: Amakulu g'erinnya lye ye "ow'amaanyi." Ayogerwako mu Danyeri 8:16; 9:21; ne mu Lukka 1:19,26. Bulijjo akozesebwa okutuusa obubaka obukulu obuva eri Katonda. Ye Gabulyeri eyavvuunula okwolesebwa ku lwa Danyeri mu 8:16; 9:21 era eyalangirira okuzaalibwa kwa Yokaana ne Yesu Lukka 1:19, 26.

-Malayika wa Yakuwa: Ono kirowoozebw nti ye Kristo eyayolesebwa mu ndagaano enkadde.

Ebibinja eby'enjawulo ebya Bamalayika.

Baibuli era eyogera ku bibinja bya bamalayika eby'enjawulo omuli:

-Bamalayika b'amakanisa omusanvu:

Okubikkulirwa 1:20

-Bamalayika bana abafuga empewo:	Okubikkulirwa 1:7
-Bamalayika musanvu abayimiridde mu maaso ga Katonda:	Okubikkulirwa 8:2
-Bamalayika musanvu abagaba ebibonyoobonyo omusanvu ebisembayo:	Okubikkulirwa 15:1,7
-Abakadde abiri mu bana--abayinza okuba nga bamalayika:	Okubikkulirwa 4 ne 5

EMBALA ZA BAMALAYIKA

Embala--oba engeri--eza bamalayika ba Katonda mulimu bino wammanga:

Myoyo: Abebbulaniya 1:14

Si bakazi oba basajja: Lukka 20:34-36

Tebazaala: Makko 12:25

Tebafa: Matayo 22:28-30

Babeere n'engeri ezirabika n'ezitalabika: Okubala 22:22-35

Balabikira mu kifaananyi ky'omuntu bwe kiba kyetaagisa: Olubereberye 19:1-22; 18:2,4,8

Baba n'enueewulira: Lukka 15:1-10

Bitonde ebigulumizibwa: Lukka 9:26

Balina amagezi: 2 Samwiri 14:20

Bawombeefu: Yuda 9

Ba maanyi: Zabbuli 103:20; 2 Peetero 2:11

Tebetaaga kuwummula: Okubikkulirwa 4:8

Batambulira ku sipiidi etasobola kupimibwa: Okubikkulirwa 8:13; 9:1

Bogera ennimi ez'enjawulo: 1 Abakkolinso 13:1

Tebabalika: Lukka 2:13; Abebbulaniya 12:22; Zabbuli 68:17; Makko 1:13; Okubikkulirwa 5:19

Tezifa: Lukka 20:34-36

Tebawasa wadde okuzaala: Lukka 20:34-36

Bawulize: Zabbuli 103:20

Bitukuvu: Okubikkulirwa 14:10; Makko 8:38

Basinza: Omulimu gwabwe omukulu kwe kusinza Katonda. Nekkemiya 9:6; Abafiripi 2:9-11; Abebbulaniya 1:6

Basinga omuntu amaanyi, ab'amaanyi naye nga tebalina maanyi gonna (bonna ba maanyi): Zabbuli 103:20 ne 2 Peetero 2:11

Basobola okulabika oba obutalabika: Okubala 22:22; Abebbulaniya 13:2

Basobola okulinnya n'okukka okugenda n'okudda mu Ggulu: Olubereberye 28:12; Yokaana 1:51

OBUWEEREZA BWA BAMALAYIKA

Bamalayika baali banyiikivu mu Ndagaano Enkadde n'Empya yonna--laba Okweyongera okusoma okw'ekitundu ky'essuula eno.

Bamalayika balina okutuuka ku kubeerawo kwa Katonda mu Ggulu:

Mwekuume obutanyoomanga n'omu ku baana bano abato. Kubanga mbagamba nti bamalayika baabwe ennaku zonna babeera mu maaso ga Kitange ali mu ggulu. (Matayo 18:10)

Era bakola nnyo ku nsi. Kino kiwandiikkidwa mu buweereza obw'enjawulo n'okulabika kwa bamalayika okwawandiikkibwa mu Baibuli.

Bamalayika baweereza mu ngeri nnyingi mu Ggulu ne mu nsi, omuli n'obuweereza obw'enjawulo eri abakkiriza. Soma bino wammanga ebijuliziddwa mu Baibuli.

Obuweereza bwa bamalayika mu Ggulu mulimu:

Okusinza: Okubikkulirwa 4:8; 5:11-12; Isaaya 6:3; Zabbuli 103:20; 148:1-2

Okubeera bulindaala okukola Katonda by'ayagala: Zabbuli 103:20-21

Okuveereza abatya Katonda abaafiiridde mu Kristo Yesu: Yuda 9; Lukka 16:22

Okukiikirira abaana mu ngeri ey'enjawulo: Matayo 18:10

Okusanyukira abo abakkiriza Enjiri: Lukka 15:10

Obuweereza bwa bamalayika ku nsi mulimu:

Okufuga amawanga: Danyeri 10

Okuweereza abakkiriza mu biseera eby'okugezesebwa: Matayo 4:11

Okunyweza abakkiriza: Lukka 22:43

Okuvvuunula Katonda by'ayagala eri abantu: Zekkaliya 1:9; Danyeri 7:16

Okukuma abakkiriza: Matayo 18:10

Okulungamya abakkiriza: Ebikolwa 8:26

Okuleeta omusango ku bantu ssekinnoomu n'amawanga: Ebikolwa 12:23; Olubereberye 19:3; 2 Samwiri 24:16; Okubikkulirwa 16:1

Okuleeta eby'okuddamu mu kusaba: Danyeri 9:21-22

Okulangirira: Lukka 1:11-20; Matayo 1:20, 21

Okulabula: Matayo 2:13

Okulagira: Matayo 28:2-6; Ebikolwa 10:3-6; Danyeri 4:13-17

Okuzzaamu amaanyi: Ebikolwa 27:23; Olubereberye 28:12

Okubikkula: Ebikolwa 7:53; Abaggalatiya 3:19; Abebbulaniya 2:2; Danyeri 9:21-27; Okubikkulirwa 1:1

Okuyimirizaawo: Matayo 4:11; Lukka 22:43

Okukuma: Olubereberye 16:7; 24:7; Okuva 23:20; Okubikkulirwa 7:1

Okukuma: Zabbuli 91:11; 34:5-7

Okununula: Okubala 20:16; Zabbuli 34:7; Isaaya 63:9; Danyeri 3:28; 6:22; Olubereberye 19:15; 48:16; Matayo 26:53; Ebikolwa 12:1-19

Okuzikiriza: Ebikolwa 12:20-23

Okwegayirira: Zekkaliya 1:12; Okubikkulirwa 8:3,4

Okukola entalo ku lw'abakkiriza: Okuva 33:2

Okubeera abanyiikivu mu kubuulira enjiri: Ebikolwa 10:1-3,5; 8:25

Okuwa amaanyi mu kusinza kwaffe: Zabbuli 148:2

Okutuwerekera mu kufa: Lukka 16:22; 1 Abakkoliso 15:26

Emirimu gya bamalayika mu biseera eby'omu maaso gjija kubaamu:

Okwetaba mu kudda kwa Yesu: 1 Abasessalonika 4:16

Okukunjaanya abalonde: Matayo 24:31

Okulabula n'okubuulira mu kiseera ky'ekibonyoobonyo: Okubikkulirwa 14:6-9

Okwawula ababi n'abatuukirivu: Matayo 13:39 ne 49

Okutuukiriza emisango: Okubikkulirwa 8,9 ne 16

Okusiba Sitaani: Okubikkulirwa 20

EBY'OKULABULA

Bamalayika bitonde bitukuvu ebirina obuwereza ku lw'abakkiriza, naye Baibuli erina okulabula okukulu okukwata ku bo:

Temusinza Bamalayika.

Tolina kusinza bamalayika:

Omuntu yenna tabalimbanganga n'abanyagako ekirabo kye mwaweebwa, nga yeesigama ku kwewombeeka okw'obulimba n'okuwa bamalayika ekitiibwa ekingi, ng'anywerera mu bintu bye yalaba, nga yeenyumiririza mu butaliimu obw'amagezi ag'omubiri gwe. (Abakkolosaayi 2:18)

Nze Yokaana nalaba era ne mpulira ebintu ebyo. Era bwe nabiraba ne mbiwulira ne ngwa wansi okusinza malayika oyo eyabindaga; kyokka ye n'aŋŋamba nti, "Tokola kintu ekyo kubanga nange ndi muddu nga ggwe era nga baganda bo bannabbi bwe bali, awamu n'abo bonna abakwata ebigambo ebiwandiiikiddwa mu kitabo kino. Ssinza Katonda. (Okubikkulirwa 22:8-9)

Gaana Bamalayika Nga Babuulira "Enjiri Endala".

abantu abamu bagamba nti balaba bamalayika babawa "okubikkulirwa okupya" okukontana n'Ekigambo kya Katonda ekyawandiikiddwa. Ebibiina by'eddiini byonna byesigamiziddwa ku kubikkulirwa ng'okwo okw'obulimba. Baibuli erabula nti:

Omuntu yenna, ne bwe tuba ffe, wadde malayika ava mu ggulu, bw'abuuliranga Enjiri okuggyako gye twababuulira, akolimirwenga. (Abaggalatiya 1:8)

Tolina kuwuliriza muntu, malayika, oba ekitonde ekirala kyonna ekikuwa okukulungamya okukontana n'Ekigambo kya Katonda. Bayibuli erabula nti:

**Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow'omusana. (2
Abakkolinso 11:14)**

Temunyiiza Bamalayika.

Soma emboozi ya Balamu mu Kubala 22, nnabbi eyali yeeyisa mu bujeemu eri Katonda. Ojja kwetegereza nga malayika wa Mukama yamuwakanya. Bwe mujeemera Katonda, bamalayika mu butuufu bayinza okukulemesa. Ojja kuba olwana olatalo, naye teruja kuba lutalo ku mulabe. Weegendereze obutanyiiza bamalayika ba Katonda (Omubuuilizi 5:1-6)

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola Enjigiriza ku Bamalayika.

.....
.....

2. Enjigiriza ku Bamalayika erimu miramwa ki?

.....
.....

3. Ekigambo "Malayika" kitegeeza ki?

.....
.....

4. Bamalayika baava wa?

.....
.....

.

5. Bamalayika batumibwa kuweereza b'ani?

.....
.....

.

6. Wa ebika ebibiri eby'Abamalayika

.....
.....

7. Bamalayika abalungi basengekeddwa batya?

.....
.....

8. Funza by'oyize ku bikwata ku nsengeka za bamalayika zino wammanga.

Ababaka.....

Bamalayika
balonde.....

Bakerubi.....

Serafimu.....

Ebitonde ebiramu.....

9. Bamalayika ki ababiri aboogerwako n'amannya gaabwe mu Baibuli era mirimu ki gye bakola?

.....
.....

10. Bibinja ki eby'enjawulo ebya bamalayika ebyogerwako mu bitundu bino wammanga?

-Okubikkulirwa 1:20
..... Okubikkulirwa 1:7
.....Okubikkulirwa 8:2
.....Okubikkulirwa 15:1,7
.....Okubikkulirwa 4 ne 5

11. Noonya ebitundu bino wammanga era owandiike bye biyigiriza ebikwata ku mbala za Bamalayika ba Katonda.

-Abebbulaniya 1:14
.....Lukka 20:34-36

-Makko 12:25
.....Matayo 22:28-30
.....Okubala 22:22-35
.....Olubereberye 19:1-22; 18:2,4,8
.....Lukka 15:1-10
.....Olubereberye 18:8
.....Lukka 9:26
.....2 Samwiri 14:20
.....Yuda 9

.....Zabbuli 103:20; 2 Peetero 2:11
.....Okubikkulirwa 4:8
.....Okubikkulirwa 8:13; 9:1
.....1 Abakkolinso 13:1
.....Lukka 2:13; Abebbulaniya 12:22; Zabbuli
68:17;
Makko 1:13; Okubikkulirwa 5:19
.....Lukka 20:34-36
.....Lukka 20:34-36
.....Zabbuli 103:20
.....Okubikkulirwa 14:10; Makko 8:38
.....Nekkemiya 9:6; Abafiripi 2:9-11; Abebbulaniya 1:6
.....Zabbuli 103:20; 2 Peetero 2:11.
.....Okubala 22:22; Abebbulaniya 13:2
.....Olubereberye 28:12; Yokaana 1:51

12. Ng'okozesa ennyiriri zino wammanga, funza obuweereza bwa bamalayika mu Ggulu.

.....Okubikkulirwa 4:8; 5:11-12; Isaaya 6:3;
Zabbuli 103:20; 148:1-2
.....Zabbuli 103:20-21
.....Yuda 9; Lukka 16:22
.....Matayo 18:10
.....Lukka 15:10

13. Kozesa ennyiriri zino wammanga okufunza obuweereza bwa bamalayika ku nsi.

.....Danyeri 10
.....Matayo 4:11
.....Lukka 22:43
.....Zekkaliya 1:9; Danyeri 7:16
.....Matayo 18:10
.....Ebikolwa 8:26.
.....Ebikolwa 12:23; Olubereberye 19:3; 2 Samwiri 24:16;
Okubikkulirwa 16:1
.....Danyeri 9:21-22
.....Lukka 1:11-20; Matayo 1:20, 21
.....Matayo 2:13
.....Matayo 28:2-6; Ebikolwa 10:3-6; Danyeri 4:13-17
.....Ebikolwa 27:23; Olubereberye 28:12
.....Ebikolwa 7:53; Abaggalatiya 3:19; Abebbulaniya 2:2; Danyeri
9:21-27; Okubikkulirwa 1:1

.....Matayo 4:11; Lukka 22:43

Olubereberye 16:7; 24:7; Okuva 23:20; Okubikkulirwa 7:1

.....Zabbuli 91:11

.....Okubala 20:16; Zabbuli 34:7; Isaaya 63:9; Danyeri
3:28; 6:22; Olubereberye 48:16; Matayo 26:53; Ebikolwa by'Abatume 12:1-19

.....Ebikolwa 12:20-23

.....Zekkaliya 1:12; Okubikkulirwa 8:3,4

.....Okuva 33:2

.....Ebikolwa 10:1-3,5; 8:25

.....Zabbuli 148:2

.....Lukka 16:22; 1 Abakkolinso 15:26

14. Ng'okozesa ennyiriri zino wammanga, funza emirimu gya bamalayika mu biseera eby'omu maaso.

.....1 Abasessalonika 4:16

.....Matayo 24:31

.....Okubikkulirwa 14:6-9

.....Matayo 13:39 ne 49

.....Okubikkulirwa 8, 9 ne 16

.....Okubikkulirwa 20

15. Kulabula ki okukulu okwemirundi esatu okuweereddwa mu ssuula eno okukwata ku bamalayika?

.....
.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Kozesa enteekateeka eno wammanga okwongera okuyiga ebikwata ku bamalayika:

Bamalayika Mu Ndagaano Enkadde:

Agali yanunulibwa: Olubereberye 16:7-12

Yalangirira okuzaalibwa kwa Isaaka: Olubereberye 18:1-15

Yalangirira okuzikirizibwa kwa Sodomu: Olubereberye 18:16-33

Yazikiriza Sodomu n'ataasa Lutti: Olubereberye 19:1-29

Yalemesa okutta Isaaka: Olubereberye 22:11-2

Yakobo eyakuumibwa: Olubereberye 28:12; 31:11; 32:1; 48:16

Musa eyalagirwa: Okuva 3:2

Yakulembera Isiraeri: Okuva 14:19; 23:20-23; 32:34

Yategeka obufumbo bwa Isaaka ne Lebbeeka: Olubereberye 24:7

Yawa amateeka: Ebikolwa 7:38; Abaggalatiya 3:19; Abebbulaniya 2:2

Yanenya Balamu: Okubala 22:31-35

Yalabikira Yoswa: Yoswa 5:13-15

Yanenya Isirayiri olw'okusinza ebifaananyi: Abalamuzi 2:1-5

Gidyoni eyalagirwa: Abalamuzi 6:11-40

Yalangirira okuzaalibwa kwa Samusooni: Abalamuzi 13

Isiraeri eyabonerezewba: 2 Samwiri 24:16-17

Eriya yanunulibwa: 1 Bassekabaka 19:5-8

Erisa yeetoloolwa: 2 Bassekabaka 6:14-17

Yawonya Danyeri okuva mu mpologoma: Danyeri 6:22

Yawangula eggwe lya Bwasuli: 2 Bassekabaka 19:35 ne Isaaya 37:36

Basiisira okwetooloola abantu ba Katonda: Zabbuli 34:7; 91:11

Ayogerwako nnyo ng'ababaka eri bannabbi okuva eri Katonda: Danyeri 9

Bamalayika Mu Bulamu Bwa Yesu:

Yalangirira okuzaalibwa kw'omukulembeze we, Yokaana: Lukka 1:11-17

Erinnya lya Yokaana: Lukka 1:13

Yalangirira okuzaalibwa kwa Yesu eri Maliyamu: Lukka 1:26-37

Yalangirira okuzaalibwa kwa Yesu eri Yusufu: Matayo 1:20-21

Yatuumma Erinnya lya Yesu: Matayo 1:21

Yalangirira abasumba okuzaalibwa kwa Yesu: Lukka 2:8-15

Yayimba: Lukka 2:13-14

Yalambika okudduka kw'amaka ga Kristo okugenda e Misiri: Matayo 2:13,20

Yaweereza Yesu mu kukemebwa kwe: Matayo 4:11

Yajja eri Yesu e Gesusemane: Lukka 22:43

Yayiringisiza ejinja ku ntaana Ye: Matayo 28:2

Yalangirira okuzuukira kwe: Matayo 28:5-7

Yamukwasa Maliyamu Magudaleene: Yokaana 20:11-14

Yalinnya ku Ye: Yokaana 1:51

Zaaliwo Kristo okusobola okuyita ba legyoni kkumi na babiri: Matayo 26:53

Yesu yayogera ku bamalayika ng'agamba nti...

-Ajja kujja naye mu kukomawo kwe: Matayo 25:31; 16:27; Makko 8:38; Lukka 9:26

-Bajja kuba bakunguzi: Matayo 13:39

-Ajja kukungaanya abalonde: Matayo 24:31

-Ajja kwawula ababi n'abatuukirivu: Matayo 13:41,49

-Yasitula omusabiriza eri Ibulayimu: Lukka 16:22

-Basanyukira aboonoonyi abenenya: Lukka 15:10

-Basanyukira abaana abato: Matayo 18:10

-Ajja kwatula abantu be mu maaso ga bamalayika: Lukka 12:8

-Si basajja era si bakazi era tesobola kufa: Lukka 20:35-36

Bamalayika Mu Kitabo Ky'Ebikolwa:

Enzigi z'amakomera zaggulwawo: 5:19

Yalambika Firipo eri Omuwesiyoziya: 8:26

Yalagira Koluneeriyo okutuma Peetero: Essuula 10

Yanunula Peetero mu kkomera: 12:7-19

Yakuba Kerode n'afa: 12:23

Yayimirira kumpi ne Pawulo mu kiseera ky'omuyaga: 27:23

Era kyogerwako mu: 6:15; 7:30,35,38,53 nga zino; 11:13; 23:8-9

Bamalayika Mu Ebbaluwa:

Bamalayika abalonde bamanyiddwa: 1 Timoseewo 5:21

Bamalayika tebabalibwa: Abebbulaniya 12:22

Bamalayika baweereza abasika b'obulokozi: Abebbulaniya 1:13-14

Bamalayika bajja kudda ne Yesu: 2 Abasesalonika 1:7

Tulabulwa obutasinza bamalayika: Abakkolosaayi 2:18

Bamalayika Mu Kitabo Ky'okubikkulirwa:

Yalagira ekitabo eri Yokaana: 1:1-2; 22:16

Yakubiriza amakanisa omusanvu: Essuula I-2

Baali baagala nnyo ekitabo ekissiddwako akabonero: 5:2

Yayimba okutendereza Omwana gw'endiga: 5:11-12

Baweebwa amaanyi ag'enjawulo ku nsi: 7:1-4

Yassaako akabonero ku balonde: 7:1-4

Yagwa wansi mu maaso ga Katonda: 7:11

Zaakozesebwa okuddamu essaala z'abatukuvu: 8:3-5

Yafuuwa amakondeere omusanvu: 8:6

Yafuga eggye ly'enzige: 9:11

Abavuzi b'embalaasi 200,000,000 abasumululwa: 9:15-16

Yalangirira enkomerero y'ebiseera: 10:1,2,6

Yalwana n'ekisota ne bamalayika be: 12:7

Yalangirira Enjiri eri amawanga: 14:6

Yalangirira okugwa kwa Babulooni: 14:8; 18:2

Okuzikirizibwa okwalangirirwa kw'abagoberezi b'ensolo: 14:9-10

Yalangirira amakungula g'ensi: 14:15-18

Yalina ebibonyoobonyo omusanvu ebisembayo: 15:1

Omusango ogwalangirirwa ku Babulooni: 17:1,5

Yetaba mu kuzikirizibwa kwa Babulooni: 18:21

Yaggulawo ekinnya: 20:1

Yalaga Yokaana Yerusaalemi Omuggya: 21:9

Yagaana Yokaana okubasinza: 22:8-9

2. Ekigambo "Malayika wa Mukama" kirabika emirundi 50 ate ekigambo "malayika wa Katonda" kilabika emirundi etaano. Ebigambo bino biteeberezebwa okuba nga bikwata ku ndabika ya Yesu mu biseera by'Endagaano Enkadde. Malayika wa Mukama yalabikira:

Agali: Olubereberye 16:7-13; 21:17-20

Ibulayimu: Olubereberye 22:11, 15-18

Musa: Okuva 3:1-6; 14:19

Balamu: Okubala 22:20-35

Isiraeri: Abalamuzi 2:1-5

Gidooni: Abalamuzi 6:11-24 -

Manawo ne mukyala we: Abalamuzi 13:2-3, 6-9, 15-2

ESSUULA EY'OKUTANO

ENJIGIRIZA KU SITAANI NE ZIDDAYIMOONI

OKUNNYONNYOLA

Mu nsoma y'eba Baibuli, "Demonology" kwe kusoma Sitaani ne badayimooni. Mulimu emitwe ng'ensibuko ya Sitaani, ekifo kye kyeyalina edda, okugwa kwe, ebyava mu kibi kye, waali kati, emirimu gye n'engeri ze, n'amannya ge. Era mulimu ekifo ekyasooka n'okugwa kwa badayimooni, engeri zaabwe, amannya gaabwe, entegeka y'amaanyi g'emisambwa, emirimu gyagyo, n'ekifo saako enkomerero ya Sitaani ne badayimooni.

ENSIBUKO YA SITANI

Mu kusooka Sitaani yatondebwa Katonda:

Ebintu byonna byatondebwa ku lulwe, era tewaaliwo kintu na kimu ekyatondebwa nga taliiwo. (Yokaana 1:3)

Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakkolosaayi 1:16)

Katonda tatonda kibi. Sitaani yali atuukiridde bwe yatondebwa Katonda mu kusooka, naye yali aweereddwa eddembe ly'okwesalirawo okulonda ekirungi oba ekibi:

Tewaliiko kya kunenyezebwa kyonna okuva ku lunaku lwe watondebwa, okutuusa obutali butuukirivu bwe bwalabika mu ggwe. (Ezeekyeri 28:15)

EKIFO EKYA SITANI EKYASOOKA

Baibuli eyogera ku kifo Sitaani kye yasooka okubeera mu Ezeekyeri 28:12-17. Soma ekitundu kino mu Bayibuli nga tonnagenda mu maaso na ssomo lino. Sitaani bwe yatondebwa mu kusooka, yali malayika wa Katonda. Yali omu ku bamalayika ab'ekibiina kya Bakerubi era yali mutukuvu, mugezi, mulungi, era atuukiridde. Yali mukulembeze mu bakerubi era ayitibwa "omukuumi" oba "abikka." Erinnya lye lyali mu kusooka Lusifa ekitegeeza "ow'ekitangaala" (Isaaya 14:12). Yaweebwa ekifo ku kya Katonda olusozi olutukuvu era nga kirabika lwakulemberwa mu kusinza (Ezeekyeri 28:13).

Ekifaananyi ekimasamasa, ekirabika obulungi ekya Sitaani mu kifo kye ekyasooka ngabwekiweereddwa mu Kigambo kya Katonda. Yayoooyotebwa n'amayinja ag'omuwendo agateekeddwa mu zaabu (Ezeekyeri 28:13; Okuva 28:15-21). Ayogerwako ng'ejinja ery'omuwendo ery'amayinja ag'omuwendo, naye ejinja teririna kitangaala kyalyo. Obulungi bwayo buli mu busobozi bwayo okulaga ekitangaala okuva ebweru. Katonda bwe yatonda Lusifa Yamukola ng'alina obusobozi okwoleka ekitiibwa kya Katonda ku ddaala erisingako okusinga ekitonde kyonna. Katonda ye yali ekitangaala ekyaleetera

Lusiferi okumasamasa obulungi.

OKUGWA KWA SITANI

Kyokka, Sitaani teyasigala mu kifo kino eky'ekitiibwa. Bayibuli eyogera ku bujeemu bwe n'okugwa kwe:

Ng'ogudde okuva mu ggulu, ggwe emunyeenyey e'y'enkyo, omwana w'emambya!
Ng'otemeddwa n'ogwa ku ttaka, ggwe eyamegganga amawanga. Wayogera mu mutima gwo nti, "Ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emunyeenyey za Katonda; era nditeeka entebe yange waggulu ntuule ku lusozi olw'okukunjyaanirako ku njuyi ez'enkomerero ez'obukiikkakkono; ndyambuka okusinga ebire we bikoma, ndyoke nfuuke ng'oyo ali waggulu ennyo." Naye ossibbwaa wansi emagombe, ku ntobo y'obunnya.(Isaaya 14:12-15)

Omutima gwo gwalina amalala olw'obulungi bwo, ne weelimbalmiba olw'ekitiibwa kyo.
Kyennava nkukanyuga ku nsi ne nkufuula eky'okusekererwa mu maaso ga bakabaka.(Ezeekyeri 28:17)

Okugwa kwa Sitaani okuva mu kifo kye ekya malayika kwalivo olw'amalala n'obujeemu ebyayolesebwa mu endowooza ettaano enkyamu. Sitaani yagamba nti:

-Nja kulinnya mu Ggulu: Yayagala okutuula mu kifo kya Katonda--Eggulu--ng'ayagala okwenkanankano naye.

-Nja kugulumiza entebe yange ey'obwakabaka okusinga bamalayika ba Katonda: Teyakoma ku kwagala kubeera mu maka ga Katonda, naye era yeegomba n'obufuzi bwe ku ggye lya bamalayika.

-Nja kutuula ne ku lusozi lw'ekibiina: Okusinziira ku Isaaya 2:2 ne Zabbuli 48:2, kino kye kifo ekikulu eky'obufuzi bwa Katonda ku nsi. Sitaani yali ayagala nnyo okufuga ensi awamu ne bamalayika.

-Nja kulinnya waggulu w'obugulumivu bw'ebire: Ebire byogera ku kitibwa kya Katonda. Sitaani yali ayagala ekitiibwa kya Katonda ku lulwe. (Ennyiriri zino wammanga ziwandiika ebire mu nkolagana n'ekitiibwa kya Katonda: Okuva 13:21; 40:28-34; Yobu 37:15-16; Matayo 26:64; Okubikkulirwa 14:14-16.)

-Nja kuba ng'Oyo Ali Waggulu Ennyo: Katonda alina amannya mangi g'amanyiddwa. Lwaki Sitaani yalonda erinnya lino lyennyini? Yalonda ekitiibwa kino kubanga kyoleka Katonda nga "nannyini" ggulu n'ensi era Sitaani yeegomba ekifo ekyo.

EBYAVA MU KIBI KYA SITAANI

Bino bye byava mu kibi kya Sitaani eby'entiisa:

Okugobwa Mu Ggulu.

**Olw'obujeemu bwe, Sitaani Katonda yamugoba mu Ggulu. Mu bikolwa byo ebingi, wajjula
empisa embi, era n'okola ebibi. Kyennava nkugoba ku lusozi lwa Katonda, mu buswawu obungi
ne nkugoba ggwe kerubi eyakuumangaokuva mu mayinja ag'omuliro. Omutima gwo gwalina
amalala olw'obulungi bwo, ne weelimbalmiba olw'ekitiibwa kyo. Kyennava nkukanyuga ku nsi
ne nkufuula eky'okusekererwa mu maaso ga bakabaka. (Ezeekyeri 28:16-17)**

Embala yayonoonebwa

Lusifa, yatondebwba olw'ekitiibwa kya Katonda, yafuuka Sitaani ng'alina empisa ezaawakanya byonna
Katonda by'ali ne byakola.

Okukyusakyusa Amaanyi.

Edda amaanyi ga Sitaani gaali gakozesebeba okuweesa Katonda ekitiibwa, naye kat i gataataaganya era
gazikiriza. Okusinzira okutuuka ku Isaaya 14 anafuya amawanga (olunyiriri 12), aleetera ensi ne
gavumenti okukankana (olunyiriri 16), era alemesa abo abatwalibwa ng'omusibe we okufuna
obuweerero bwonna (olunyiriri 17).

Amagenda ge nnyanja Y'amuliro.

Sitaani ategekeddwa okuggweera mu nnyanja ey'omuliro (Isaaya 14:15).

Okwewaggula kwa Bamalayika Ba Katonda Abalala.

Sitaani bwe yagwa okuva mu Ggulu teyagwa yekka. Yagenda n'ekitundu kya bamalayika b'eggye
ly'Eggulu eryetaba mu kujeemera Katonda. Ekinja kino ekya bamalayika kati kitundu ku maanyi amabi
aga badayimooni.

Okuyingira kw'ekibi mu nsi.

Sitaani bwe yajeema, ekibi kyayingira mu nsi. N'ekyavaamu, waaliwo ebikolwa bibiri Katonda
byeyandikoze:

-Yandibadde asobola okukuba sitaani n'amutta, naye singa Katonda yassa wansi omulabe eyasooka mu
ngeri eno, wandibaddewo wasobola okuvaamu okujeema okulala. Eggulu lyandibadde lirimu
obutyabaga obufaananco bwe butyo.

-Ekikolwa ekirala kyalibeki Baibuli ky'eraga nti Katonda yakikola. Ebyo Sitaani by'agamba nti amaanyi
ag'oku ntikko galina okuba n'okugezesebeba kwago okujjuvu ku nsi mu bbanga ery'emirembe gyonna
gye tuyita ekiseera.

Katonda bwe yatonda omusajja n'omukazi abaasooka, okugezesebwa ku nsi kwatandika. Embooz i'yokukemebwa kwa Adamu ne Kaawa okwakolebwa Sitaani n'okugwa kwabwe mu kibi biwandiikkidwa mu Olubereberye essuula ey'okusatu. Olutalo lukyagenda mu maaso ku nsi. Ekyo kye kitegeeza entalo ez'eb'yomwoyo. Sitaani akyaliwo okunoonya obuyinza, ekifo, n'okusinza. Naye yafuuka dda omulabe eyawanguddwa. Yesu yawangula amaanyi ga Sitaani okuyita mu kufa kwe n'okuzuukira kwe, era enkomerero ya Sitaani esembayo yakakasibwa dda mu Baibuli.

EKIFO SITANI KATI

Sitaani aliwo mu nsi mu ngeri y'omwoyo:

Mukama n'abuuza Setaani nti, "Ova wa?" Setaani n'addamu Mukama nti, "Nva kutalaaga nsi yonna okulaba ebintu nga bwe biri. (Yobu 1:7)

Mutunulenga, mwekuume omulabe wammwe Setaani, atambulatambula ng'empologoma enjala gy'eruma egenda ng'ewuluguma ng'enoonya gw'eneerya. (1 Peetero 5:8)

Newankubadde Sitaani aliwo mu nsi, tabeera buli wamu, ekitegeeza nti tayinza kuba buli mu kifo mu nsi mu kiseera ekimu nga Katonda bw'asobola. Eno y'ensonga Iwaki akozesza enkuyanja ya ddayimooni okutuukiriza enteekateeka ze.

EMIRIMU GYA SITAANI

Sitaani alina okutuuka ku kubeerawo kwa Katonda era akolera ku nsi, omuli "empewo" oba ekitundu waggulu w'ensi:

Olunaku lumu, bamalayika ne bajja mu maaso ga Mukama, ne Setaani naye n'ajjiramu.

Mukama n'abuuza Setaani nti, "Ova wa?" Setaani n'addamu Mukama nti, "Nva kutalaaga nsi yonna okulaba ebintu nga bwe biri. (Yobu 1:6-7) .

Ebyo bye mwatambulirangamu ng'emirembe egy'ensi bwe giri, nga mufugibwa omwoyo ogw'omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogwa Setaani, ogufuga abajeemu bona. (Abaefeso 2:2)

Sitaani mutemu (Yokaana 8:44); omulabe (1 Peetero 5:8); omulimba (Yokaana 8:44); era omulumiriza w'abakkiriza (Okubikkulirwa 12:10). Akema abakkiriza (Ebikolwa 5:3); asimba ebicupuli mu abakkiriza (Matayo 13:38-39); agezaako okuwangula abakkiriza ng'ayita mu mirimu gya badayimooni (Abaefeso 6:12); era akuma omuliro mu bantu okuyigganyiziba ku bakkiriza (Okubikkulirwa 2:10). Tuyinza okufunza emirimu gya Sitaani nga yeetegereza nti bulijjo gitunuulidde Katonda, enteekateeka ye, n'abantu be. Ajja kukulumba mu bitundu by'okusinza kwo Katonda, Ekigambo kya Katonda, okutambula kwo okw'Ekikristaayo, n'omulimu gwammwe eri Katonda.

Sitaani akola mu bulamu bw'abatakkiriza ng'aziba amaaso g'ebirowoozo byabwe okulaba amazima g'Ekigambo kya Katonda (1 Abakkolinso 4:4); okunyaga ekigambo mu mitima gyabwe (Lukka 8:12); nga

bakikozesa okuwakanya omulimu gwa Katonda (Okubikkulirwa 2:13); n'okubalimbalimba (Okubikkulirwa 20:3).

EMBALA ZA SITAANI

Okwawukanako ne Katonda, Sitaani tamanyi byonna. Singa Sitaani yali asobola okulaba ebiseera eby'omu maaso teyandikkirizza Yesu kufiira ku musaalaba. Yandibadde amanyi nti okufa kwa Yesu kyandimuvireddeko okugyibwako amaanyi ge amaanyi ge n'okununulibwa kw'abantu bonna okuva mu kibi.

Sitaani si muyinza wa bintu byonna. Yesu yagamba nti amaanyi ga Katonda agali munda mu ggwe gasinga amaanyi ga Sitaani. Ku abo abakkiriza mu Yesu, Sitaani yafuuka dda omulabe eyawangulwa (Yokaana 12:31), Abeera wa maanyi eri abo bokka abeewewaayo gy'ali. Amaanyi ge gakoma olw'amaanyi ga Katonda (Yob 1:10-12) era asobola okuwangula omukkiriza yekka nga bwe bamuwaayo obuyinza. Sitaani mwoyo, naye era alina engeri eziraga omuntu ow'amazima. Bayibuli eyigiriza nti ye:

Omugezi Era mukalabakalaba.

kyokka neeraliikirira nnyo nga ntua nti si kulwa nga mulimbibwa nga Kaawa bwe yalimbibwa omusota ne muwaba mu birowoozo byammwe okuva mu bwetoowaze n'obutukuvu obuli mu Kristo. (2 Abakkolinso 11:3)

Wabusungu.

Awo ogusota, nga gwonna gujjudde obusungu bungi, ne gugenda okulumba abaana b'omukazi abalala, abo bona abaali bakwata amateeka ga Katonda era nga bajulira Yesu.
(Okubikkulirwa 12:17)

Yeesalirawo.

Ne bava mu mutego gwa Setaani gwe baguddemu abakozese by'ayagala, ne badda engulu mu kutegeera kwabwe. (2 Timoseewo 2:26)

Wa maanyi.

Ebyo bye mwatambulirangamu ng'emirembe eg'yensi bwe giri, nga mufugibwa omwoyo ogw'omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogwa Setaani, ogufuga abajeemu bona. (Abaefeso 2:2)

Mulimba.

Mwambale ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke musobole okwolekera enkwe za Setaani. (Abaefeso 6:11)

Mukambwe.

**Mutunulenga, mwekuume omulabe wammwe Setaani, atambulatambula ng'empologoma
enjala gy'eruma egenda ng'ewuluguma ng'enoonya gw'eneerya. (1 Peetero 5:8)**

Mulimba.

**Naye ekyo tekyewuunyisa, kubanga Setaani yeefuula nga malayika ow'omusana. (2 Abakkolinso
11:14)**

AMANNYA GA SITAANI

Baibuli ewa amannya mangi aga Sitaani agalaga ebisingawo ku butonde bwe n'emirimu gye. Sitaani mu kusooka yali ayitibwa "kerubi eyafukibwako amafuta" ne "Lusifa" nga tannajeema. Amannya amalala ag Sitaani ge:

Katonda ow'ensi: 2 Abakolinso 4:4

Malayika ey'ekitangaala: 2 Abakolinso 11:14

Omubi: 1 Peetero 5:8, Matayo 4:1

Sitaani: Yokaana 13:27

Lusifa: Isaaya 14:12

Ogusota: Okubikkulirwa 12:3

Omusota: Okubikkulirwa 12:9, 20:2, 2 Abakolinso 11:3, Oluberyeberye 3:4, 14

Omulabe: 1 Peetero 5:8

Beriyaali: 2 Abakolinso 6:15

Beeruzebuli: Matayo 12:24, Lukka 11:15, Makko 3:22

Omutemu: Yokaana 8:44

Omukemi: Matayo Matayo 4:3, 1 Abasesolaniika 3:5

Kerubi omukemi: Ezeekyeri 28:14

Omwonoonyi: Okubikkulirwa 9:11

Omulimba: Okubikkulirwa 12:9, 20:3

Apolwoni (Ekitegeeza omwonoonyi mu Luyonaani): Okubikkulirwa 9:11

Abadooni: (Mu lw'ebbulaniya ekitegeeza malayika ennyoonyi); Okubikkulirwa 9:11

Omufuzi w'ekizikiza: Abaefeso 6:12

Malayika w'obunnya: Okubikkulirwa 9:11

Mulabe: Matayo 13:39

Omulangira w'ababi: Matayo 12:24

Omulimba, taata w'abalimba: Yokaana 8:44

Kabaka w'e Ttuulo: Ezeekyeri 28:12-15

Omulangira w'ensi eno: Yokaana 12:31, 14:30, 16:11

Omulangira w'obuyinza bw'omu bbanga: Abaefeso 2:2

Omwoyo ogukolera mu baana b'obutagonda: Abaefeso 2:2

Omubi: 1 Yokaana 5:9

Empologoma ewuluguma: 1 Peetero 5:8

Omuloopi w'aboluganda: Okubikkulirwa 12:10

Osobola okutegeera amaanyi ga Sitaani okusinziira ku mpisa ze n'amannya ge. Kubanga mulimba, mulabe ow'amaanyi Baibuli gwerabulako:

Mutunulenga, mwekuume omulabe wammwe Setaani, atambulatambula ng'empologoma enjala gy'eruma egenda ng'ewuluguma ng'enoonya gw'eneerya. (1 Peetero 5:8)

Temuwanga Setaani bbanga. (Abaefeso 4:27)

EKIFO KYA SITAANI EKYASOOKA N'OKUGGWAWA KWA DDAYIMOONI

Mu kusooka Katonda yatonda bamalayika bona, abamu ku bo oluvannyuma ne bafuuka badayimooni:

Ebantu byonna byatondebwa ku lulwe, era tewaliwo kintu na kimu ekyatondebwa nga taliwo. (Yokaana 1:3)

Mu ye ebantu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebantu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakkolosaayi 1:16)

Mu kusooka badayimooni baali bamalayika ba Katonda nga balina embala engeri n'ebifo bye bimu nga bamalayika abalungi. Sitaani bwe yajeemera Katonda, ekitundu ku bamalayika kyenyigira mu bujeemu, kale Katonda n'abagoba okuva mu Ggulu, wamu ne Sitaani. Baali tebakyali balungi mu ng'ebitonde eby'omwoyo (malayika), naye nga bitonde bibi eby'omwoyo (Ddayimooni):

Ne wabaawo olutalo mu ggulu. Mikayiri ne bamalayika ab'omu kibinja kye ne balwanyisa ogusota n'eggye lya bamalayika baagwo. Ogusota ne guwangulwa era ne gusindiikirizibwa okuva mu ggulu. Ogusota ogwo ogw'amaanyi, era gwe gusota ogw'edda oguyitibwa Setaani Omulimba, alimba ensi yonna, ne gusuulibwa wansi ku nsi n'eggye lyagwo lyonna.
(Okubikkulirwa 12:7-9)

Bwe kiba nti badayimooni si bamalayika "abaagwa", olwo tetulina nnyonyola ndala ya Baibuli ku kuberawo kwazo. Sitaani tayinza kutonda maanyi ge, kubanga ebantu byonna Katonda ye yabitonda. Waliwo ebibinja bibiri ebya bamalayika bano abaagwa. Ekibinja ekimu kiwakanya nnyo Katonda n'abantu be ku nsi. Ekirala kisibiddwa mu njegere:

Katonda teysaasira bamalayika abaayonoona, wabula yabasuula mu lukonko oluwanvu olujjudde ekizikiza, gye bali, nga basibiddwa mu njegere nga balindirira olunaku olw'okusalirwako omusango. (2 Peetero 2:4)

ne bamalayika abataakuma kitiiwbwa kyabwe ne badda mu kukola bye baayagala ne balekulira n'ebifo byabwe, abo Katonda yabasiba mu njegere n'abassa mu kkomera ery'ekizikiza ekikutte gye balindiririra okusalirwa omusango.(Yuda 6) .

Omukulembeze w'ebibinja byombi ebya badayimooni ye Sitaani, ayitibwa "omulangira" wasitaani (Matayo 12:24).

EMBALA YA BADDAYIMOONI

Mu mbeera yaabwe eyasooka nga tebalina kibi, badayimooni baalina engeri ze zimu nga bamalayika abalungi abaaliwo aboogeddwako mu ssuula eno. Mu mbeera embi gye balimu Ddayimooni zino:

Myoyo:	Matayo 8:16; Lukka 10:17, 20
Zisobola okulabika mu ngeri erabika:	Olbereberye 3:1; Zekkaliya 3:1; Matayo 4:9-10
Zisobola okwogera:	Makko 5:9, 12; Lukka 8:28; Matayo 8:31
Zikkiriza:	Yakobo 2:19
Zikozesa okusalawo kwazo:	Lukka 11:24; 8:32
Okulaga amagezi:	Makko 1:24
Zirina enneewulira:	Lukka 8:28; Yakobo 2:19
Okubeera n'okusiimibwa:	Ebikolwa 19:15
Zirina amaanyi agasukkulume ku g'obutonde:	Ebikolwa 19:16; Makko 5:3
Okubeera n'okubeerawo okusukkulume ku butonde:	Danyeri 9:21-23
Za lubeerera:	Matayo 25:41
Balina enjigiriza yaabwe:	1 Timoseewo 4:1-3
Mbi:	Matayo 10:1; Makko 1:27; 3:11; 1 Timoseewo 4:1-3
Zimanyi enkomerero yaazo:	Matayo 8:29
Zisobola okumanya Kristo:	Makko 1:24

AMANNYA GA ZI DDAYIMOONI

Emisambwa giyitibwa emyoyo emibi emirundi mukaaga n'emyoyo emibi emirundi 23 mu ndagaano empya. Era bayitibwa sitaani (Makko 1:32) ne bamalayika ba sitaani (Matayo 25:41).

ENSEGEKA Y'AMAANYI GA DDAYIMOONI

Ka twekenneenyenye engeri Katonda gye yategekamu egghe lye erya bamalayika...

Mu ye ebintu byonna mwe byatondebwa mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika oba ntebe za bwakabaka oba bwami, oba bafuzi oba ab'obuyinza; ebintu byonna byatondebwa

nga biyita mu ye era ku lulwe. (Abakkolosaayi 1:16)

Sitaani akkopereza, so si mutandisi. Asengese zi ddayimooni ze mu nsengekaefaananako ng'eya Katonda:

Kubanga tetumeggana na mubiri wadde musaayi, wabula tulwanyisa abafuzi, n'ab'obuyinza, n'amaanyi ag'ensi ag'ekizikiza, n'emyoyo emibi egypt omu bifo ebya waggulu. (Abaefeso 6:12)

Sitaani ategese amagye ge mu:

Abafuzi: Sitaani ayawuddemu ensi mungeri y'obufuzi. Obufuzi kiba kitundu oba obuyinza bw'omulangira. Sitaani ataddewo omulangira ku buli bufuzi. Omulangira ow'amaanyi ga Buperusi ayogerwako mu Danyeri 10. Eno y'engeri Sitaani gy'akola ku mutendera gw'eggwanga okufuga gavumenti n'amawanga.

Ab'obuyinza n'amaanyi g'ensi ag'ekizikiza: Ebika bino ebibiri ebya badayimooni bikola mu mbeera z'abantu, ebyobufuzi, n'obuwangwa bw'ensi.

Emyoyo emibi mu bifo ebya waggulu: Ebifo ebya waggulu mu ndagaano enkadde byebyo okusinza we kwaberanga. Eno y'engeri Sitaani gy'akola mu nsengeka z'eddiini z'ensi

Ebibinja bino ebitegekeddwa byawukana mu bunene. Eky'okulabirako, Maliyamu Magudaleene yalina badayimooni musanvu mu ye nga tannasumululwa. Lukka 8:30 kyogera ku "eggye" lya badayimooni. Ekibinja ky'amagye mu ggye ly'Abaruumi eyafuga mu kiseera kya Yesu yali etegeeza abaserikale abaali batambula n'ebigere 6,100 n'abeebagala embalaasi 726

Amaanyi gano agategekeddwa aga badayimooni...

Bali bumu: Mu nsonga y'omusajja eyalina ddayimooni ewandiikkidwa mu Lukka 8:30. Badayimooni baali bumu mu kigendererwa, nga mu kyokulabirako kino kyal kya kubeera kya musajja. Bwe kityo bwe kiri ne mu Matayo 12:45 ne mu nsonga ya Maliyamu Magudaleene eyalina badayimooni musanvu (Lukka 16:9). Yesu yayogera ku obumu bw'amaanyi ga ddayimooni bwe yagamba nti:

Ne Setaani bw'agoba Setaani munne ku muntu aba yeyawuddemu. Obwakabaka bwe bunaayimirira butya? (Matayo 12:26)

Bali kuddala ly'anjawulo mu kukola obubi: Kino kiragibwa dayimooni bwneyagamba nti ajja kudda n'emyoyo emibi emirala:

Omwovo ogutali mulongoofu bwe guva mu muntu guyita mu malungu nga gunoonya aw'okuwumulirako, ne gutafuna wa kuwummulira. Kyeguva gugamba nti, 'Leka nzireyo mu nnyumba mwe nava.' Bwe guddayo gusanga nkalu, nga eyereddwa era nga ntegeke. Kyeguva gugenda ne guleeta emyoyo emirala musanvu egigusingako obwonoonefu, ne giyingira mu nnyumba omwo ne gibeera omwo. Olwo omuntu oyo n'abeera bubi nnyo okusinga bwe yali

okusooka. Bwe kityo bwe kiriba n'omulembe guno omwonoonefu.(Matayo 12:43-45)

Zisobola okukyusa emirimu gyabwe: Dayimooni mu 1 Bassekabaka 22:21-23 yalangirira nti ajja kuba mwoyo omulimba. Kino kiraga nti teyali omu emabegako kubanga yagamba nti "Nja kuba...".

Bika bya njawulo: Bayibuli eyigiriza nti omuntu alina omubiri, emmeeme, n'omwoyo. Waliwo ebika bisatu ebya badayimooni ebikulu ebilumba omubiri, emmeeme, n'omwoyo gw'omuntu:

-Emizimu emibi oba emikyamu: Byebevunanyizibwa ku bikolwa eby'obugwenyufu, ebirowoozo ebitali birongoofu, okunyigirizibwa, okubeera n'ebintu, okwennyamira, n'obukodyo obulala Sitaani bwakozesa. Zibonyaabonya ebirowoozo n'obutonde bw'omuntu obw'omwoyo (Matayo 10:1; 12:43; Makko 1:23-26).

-Emwoyo gy'obunafu: Emyoyo gino gibonyaabonya omubiri ogw'omubiri (Lukka 13:11).

-Emizimu eg'yokusendasenda: Emyoyo eg'yokusendasenda gibonyaabonya ebirowoozo, emmeeme, n'omwoyo gw'omuntu, nga gifuga okukkiriza enjigiriza ez'obulimba nga bwe kiragibwa mu 1 Timoseewo 4:1. Emyoyo gino gisendasenda abantu okukkiriza obulimba n'okusalirwa ekibonerezo ekitaggwaawo. Myoyo gyanjigiriza ya bulimba, eddiini, Kristo ab'obulimba, n'abasomesa ab'obulimba

EMIRIMU GYA BA DDAYIMOONI

Mu Baibuli yonna, badayimooni balagibwa ng'abakola ku nsi. Olw'okuba Sitaani tali buli wamu (abeerawo buli wamu), akozes a badayimooni okukola by'ayagala n'okutuukiriza ebigendererwa bye mu nsi yonna. Badayimooni be bakola "amaanyi g'empewo" (Abaefeso 2:2) n' "amaanyi g'ekizikiza" (Abakkolosaayi 1:13) era gonna gali wansi w'obuyinza bwa Sitaani.

Ddayimooni gigoberera ebiragiro ebiweebwa omulangira waabwe, Sitaani. Tusobola okufunza emirimu gya badayimooni nga tugamba nti bulijo batunuulidde Katonda, enteekateeka ye, n'abantu be. Dayimooni zongerayo Amaanyi ga Sitaani nga gatumbula obulimba n'obubi. Zikozesa abantu ssekinnoomu, gavumenti, amawanga, n'encola y'ensi. Batumbula obujeemu era bavuma Katonda n'abantu. Bitumbula okusinza ebifaananyi, enjigiriza ez'obulimba, n'abasajja n'abakazi abazibe b'amaaso eri amazima g'Enjiri.

Zilumba abatakkiriza nga gibavuga okukola ebikolwa ebibi eby'entiisa, okutta, okulumya, okwetta, n'ebirala Zikosa ebirowoozo n'ebizibu by'enueewulira n'endwadde z'omubiri. Zikosa abantu nga zibeera munda mu muntu, nga zifuga obutereevu ebirowoozo by'omuntu n'ebikolwa bye. Okufugibwa zi ddayimooni kimanyiddwa olw'emyoyo emibi (Makko 5:2); ebikolwa by'obusungu (Makko 5:4); amaanyi g'omubiri agatali ga bulijo (Makko 5:3); okuziyiza ebintu eby'omwoyo (Makko 5:7); n'okukyusa eddoboozi n'embeera z'obuntu (Makko 5:9).

Badayimooni balumba abakkiriza nga bakemebwa, nga balimbibwa, nga bawuubaala, n'okunyigirizibwa. Bakukuumira mu buddu bw'emize n'okutya. Bakulumiriza n'okukuvuma, baleeta enjawukana mu abantu ba Katonda. Ddayimooni sitaani z'akozesa okulumba Ekigambo kya Katonda, okusinza kwo eri

Katonda, okutambula kwo ne Katonda, n'emirimu gyo eri Katonda.

Abatakkiriza tebalina bukumi ku kulumba kw'amaanyi ga Ddayimooni, naye abakkiriza balina amaanyi obukodyo obw'omwoyo obw'okukola ku maanyi gano ag'amaanyi ag'omwoyo ag'obubi. Abakkiriza basobola okwekuuma bo bennyini okuva mu mirimu gya badayimooni, okununulibwa nga bakosebwa badayimooni, era balina obuyinza okuleeta okununulibwa eri abalala okuyita mu Yesu Kristo. Okusobola okunoonyereza mu bujjuvu ku ntalo ez'ebi'omwoyo, emirimu gya Ddayimooni, n'okununulibwa laba omusomo gwa Harvestime International Network ogutuumiddwa "Enkola z'Omwoyo: Ekitabo Ky'olutalo Iw'Omwoyo" kifune ku: <http://www.harvestime.org>

EKIFO EKISEMBAYO OBA AMAGENDA GA SITAANI NE DDAYIMOONI

Geyena etegekeddwaa Sitaani ne bamalayika be. Kijja kuba nkomerero yaabwe esembayo:

Bw'atyo aligamba abo abali ku mukono gwe ogwa kkono nti, 'Muveewo, mmwe abakolimire, mulage mu muliro ogutazikira ogwateekerwateekerwa Setaani ne bamalayika be.(Matayo 25:41)

Awo Setaani eyabalimbalimba n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro eyaka ne salufa, omuli ekisolo ne nnabbi ow'obulimba era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe. (Okubikkulirwa 20:10)

Yesu bwe yayolekagana n'abasajja babiri abaali bawambiddwa dayimooni, baddamu nti:

Ne bawowoggana nnyo nti, "Ot wagaza ki, ggwe Omwana wa Katonda! Ojjidde ki okutubonyaabonya ng'ekiseera kyaffe tekinnaba kutuuka? (Matayo 8:29)

Ddayimooni mu basajja gyamanya nti enkomerero yaabwe esembayo kyali kifo kya kubonyaabonyezebwa emirembe gyonna era nti waaliwo ekiseera ekigere eky'okugobwa kwabwe eyo.

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola enjigiriza ku ba Ddayimooni.

.....
.....

2. Ani yatonda Sitaani?

.....
.....

3. Mu kusooka Sitaani yatondebwa nga mulungi oba nga mubi?

.....
.....

4. Kitundu ki ekiraga ekifo Sitaani gye yali amaze okutondebwa? Nnyonnyola embeera gye yalimu.

.....
.....

5. Laga ebitundu bibiri ebinnyonnyola okugwa kwa Sitaani.

..... ne

6. Kiki ekyaviirako Sitaani okugwa?

.....
.....

7. Wandiika ebigambo ebitaano "Nja ku" ebyayogerwa Sitaani

.....
.....

8. Biki Setaani bye yali ayagala nga bwe byeyolekera mu bigambo bino?

.....
.....

9. Wandiika ebintu mukaaga ebyava mu kibi kya Sitaani ebyogeddwako mu ssomo lino.

.....
.....

10. Sitaani ali mu kifo ki? Sitaani ali buli wamu?

.....

11. Wandiika ekiwandiiko ekifunze ekikwata ku mirimu Sitaani gy'akola mu kiseera kino.

.....

12. Funza engeri za Sitaani ezoogeddwako mu ssuula eno.

.....

13. Kulabula ki okuweebwa ku bikwata ku Sitaani mu 1 Peetero 5:8 ne Abeefeso 4:27

.....
.....
.....

14. Ani yatonda bamalayika abaafuuka badayimooni?

¹See also the discussion in the following section.

15. Nnyonnyola embeera dayimooni gye zaali mu kusooka.

.....

16. Kiki ekyaleetera bamalayika bano okugobwa mu ggulu ne bafuuka emyoyo emibi?

.....

17. Bibinja ki ebibiri ebya bamalayika abaagwa?

.....

18. Omukulembeze wa bamalayika ba ddayimooni y'ani?

.....

19. Funza embala za badayimooni eziwandiikibwa mu ssuula eno.

.....

20. Amannya amalala agayitibwa badayimooni ge garuwa?

.....

21. Funza emitendera gino wammanga egypt ensengeka ya Sitaani mu ba badayimooni.

Abafuzi.....

Ab'obuyinza n'amaanyi g'ekizikiza.....

-Emwoyo emibi mu bifo ebya waggulu.....

22. Funza by'oyize ku badayimooni ku bikwata ku nsong zino wammanga:

Bali bumu.....

Bali ku ddaala ly'anjawulo mu kukola obubi

Basobola okukyusa emirimu gyabwe.....

Zi za bika bya njawulo.....

23 Funza by'oyize ku mirimu nya badayimooni nga bwe kyayogerwako mu ssuula eno.

.....
.....
.....

24. Kifo ki ekisembayo Sitaani ne bamalayika be we bagenda okuba lubeerera?

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Harvestime International Network etuwa okunoonyereza kwa mirundi ebiri okw'obwegendereza ku ngeri y'okukolaganamu ne Sitaani ne badayimooni: "Enkola z'Omwoyo: Ekitabo ky'Olutalo Iw'Omwoyo" ne "Olutalo Iw'omwoyo" obifuna ku bwereere ku: <http://www.harvestime.org>
2. Weekenneeny amannya ga Sitaani agali mu ssuula eno. Zija kwongera okutegeera kwo ku mbala ze, emirimu gye, n'enkwe ze.

ESSUULA EY'OMUKAAGA

ENJIGIRIZA KU BAIBULI

OKUNNYONNYOLA

Ekigambo "Bibliology" kiva mu kigambo ky'Oluyonaani "biblo"s ekitegeeza "ebitabo." Kitegeeza okuyiga Baibuli ng'Ekigambo ekiwandiikkidwa ekya Katonda omu ow'amazima era omulamu. Ekigambo "Ebyawandiikibwa" era ekozesebwa okujuliza Ekigambo kya Katonda. Ekigambo kino kiva mu kigambo ky'Olulattini ekitegeeza "Okuwandiika." Emitwe egysomesebwa mu njigiriza ku Baibuli mulimu okubikkulirwa, okulungamizibwa, obutaba na nsobi, okukkiriza kw'ebitabo, okutaputa, okumulisibwa, okuteeka mu nkola, n'ensengeka y'Ekigambo kya Katonda. Obumu n'obugazi bw'Ekigambo bisomesebwa, nga bwe kiri ku bigendererwa, ebika, enkyusa, n'okutaputa.

OKUBIKULIRWA KW'EKIGAMBO

Ekigambo "Okubikkulirwa" kitegeeza okubikkula oba okujjawo. Okubikkulirwa y'encola Katonda mw'ayita okwebikkulira abantu okuyita mu byawandiikibwa, Yesu Kristo, ebyamagero, okwolesebwa, ebirooto, okutonda, n'ebirala.

Ng'oggyeeko Ekigambo kya Katonda ekiwandiikkidwa, obutonde bwennyini bubikkula Katonda:

Olw'okukkiriza tumanyi ng'ensi yatondebwa na kigambo kya Katonda, ebirabika kyebyava bikolebwa nga biggibwa mu bitalabika. (Abaabbulaniya 11:3)

Katonda yatonda eggulu ne kigambo kye: "Eggulu lyakolebwa mu kigambo kya Mukama". (Zabuli 33:6). Katonda era ayimirizaawo, oba agenda mu maaso n'okuwanirira ensi n'ebintu byonna n'amaanyi g'eKigambo kye:

Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala bw'ali, eraabeezaawo buli kintu olw'ekigambo kye eky'amaanyi. Bwe yamala okukola ekikolwa eky'okututukuza okuva mu bibi, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda mu Bwakabaka obw'omu ggulu. (Abaabbulaniya 1:3)

Ekigambo kya Katonda era kibikkulwa okuyita mu muntu ow'omunda (Abaruumi 2:14-15) n'obussukulumu bwa Katonda okuyita mu byafaayo (Olubereberye 50:20; 1 Samwiri 2:6-10).

OKULUNGAMIZIBWA KWE KIGAMBO

Okulungamizibwa y'encola Katonda gye yakozesaamu abawandiisi okuwandiika Ebigambo bye nga bayita mu kuwandiika olw'okulunyamizibwa Omwoyo. Okulungamizibwa mu bigambo kitegeeza buli

kigambo kilunjjamizibwa. Okulunjjamizibwa mu bujuvu kitegeeza Baibuli yonna yalunjjamizibwa, so si bitundu ebyo byokka ebyogera ku nsong za okukkiriza n'okukola (2 Timoseewo 3:16; 2 Peetero 1:20-21).

Katonda y'ensibuko y'okulungamizibwa kwa Baibuli. Abamu ku bawandiisi baawandiika ebyo byennyini Katonda bye yayogera nga bwe yabalagira nti:

Twala omuzingo gw'empapula oguwandiikeko ebigambo byonna bye njogedde naawe ebikwata ku Isirayiri, ne Yuda n'amawanga gonna okuva mu biseera bye natandika okwogera naawe okuva mu bufuzi bwa Yosiya okutuusa kaakano. (Yeremiya 36:2)

Abawandiisi abalala baawandiika ebyo bye baayitamu oba Katonda bye yabikkula:

Kale wandiika ebyo by'olabye ebiriwo n'ebyo ebinaatera okubaawo oluvannyuma lw'ebyo ebiriwo. (Okubikkulirwa 1:19)

Katonda yalunjjamya ebigambo ebiri mu Baibuli era n'akozesa abasajja nga 40 ab'enjawulo okuwandiika ebyawandiikibwa. Abasajja bano baawandiika obubaka bwe mu bbanga ery'emyaka 1500. Okukkaanya okutuukiridde okw'abawandiisi bano bwe bumu ku bukakafu obulungi ennyo obulaga nti bona baali balung'amibwa omuwandiisi omu. Omuwandiisi oyo yali Katonda.

EKIGAMBO EKITALINA NSOBI

"Obutali nsobi mu Kigambo" kitegeeza nti ebyawandiikibwa tebirina nsobi, newebiba nga bijuliza ensonga z'eb'y'eddiini, ez'obutonde oba ez'ebafaayo. Olw'ensonga eno, ebyawandiikibwa bwe buyinza obusembayo mu nsong za'okukkiriza, enjigiriza, n'enkola. Ekigambo kikulembeza ennono, obuwangwa, n'enjigiriza ezikoleddwa abantu. Ebizibu byonna ebitegeerwa mu butuufu bw'ekiwandiiko bibaawo olw'ensobi mu kutaputa kwaffe oba obutategeera bwaffe.

OKUKKIRIZA KW'EKIGAMBO

Enkola y'okukkiriza etegeeza okukkirizibwa kw'ebitabo enkaaga mu omukaaga okw'Ekkansa nti ensibuko n'obuyinza n'obuyinza y'ebitabo bino ya bwakatonda. Ekkansa teyasalawo bitabo ki eby'obwakatonda ensibuko, naye yakitegeera okusinziira ku kitabo kyennyini. Ebirimu mu bitabo bino bikakasa nti kye Kigambo kya Katonda ekituufu.

Emitendera eg'y'akozesebwa mwalimu:

-Obuyinza bw'omuwandiisi. Ekitabo kirina okuwandiikibwa omuntu omutuufu era amanyiddwa ng'omutume, nnabbi, n'ebirala.

-Ebirimu: Ekitabo kiteekwa okubaamu obujulizi obw'omunda nti kyalunjjamizibwa ng'era kiraga obuyinza.

-Okukkirizibwa: Tewali kitabo ekibuuusibwabuusibwa obutuufu bwakyo amakanisa amangi eky'akkirizibwa.

Ebirimu mu Ndagaano Enkadde ebiriwo kati byesigika nga byesigamiziddwa ku biwandiiko by'ebafaayo ng'ebyo ebyazuulibwa mu Mizingo gy'Ennyanja Enfu mu 1947. Baawa ekiwandiiko eky'Olwebbulaniya okuva mu kyasa eky'okubiri okutuuka mu kyasa ekyasooka B.C ku byonna okuggyako ekimu ku bitabo kya (Eseza) ey'Endagaano Enkadde. Engeri endala ez'okukebera obutuufu mwalimu "Septuagint" enkyusa enzijuvi ey'Endagaano Enkadde ey'Oluyonaani eyawandiikibwa mu mwaka gwa 200 nga Kristo tannajja ne Vulgate ey'Olulattini eya Jerome eyawandiikibwa mu mwaka gwa A.D. 400.

Ebiwandiiko by'Endagaano Empya ebrisoba mu 5000 byebiriwo, ekigifuula esinga okukakasibwa ekiwandiiko mu biwandiiko byonna eby'edda. Bingi ku kkopi zino za mulembe, okuva mu mwaka gwa A.D. 135 okutuuka mu Ekyasa eky'omunaana. Codex Sinaiticus (ekyasa eky'okuna), Codex Vaticanus (ekyasa eky'okuna), ne Codex Alexandrius (ekyasa eky'okutaano) biwandiiko ebijjuvu eby'Endagaano Empya.

OKUVVUUNULA EKIGAMBO

Okuvvuunula y'engeri Ekigambo kya Katonda gye kitegeerwamu. Olina okusemberera Ekigambo awatali kuteebereza kwonna, ennono, oba akakwate ku buwangwa. Olina okutegeera kiki omuwandiisi kyeyali ategéeza n'engeri gye kikwata ku bulamu bwo. Okuvvuunula obulungi Ekigambo olina okukisoma okutwaliza awamu, geraageranya ebyawandiikibwa ku byawandiikibwa, soma embeera y'ebafaayo n'obuwangwa, okusoma ebirimu byonna, okusoma bitabo, essuula, obutundu, n'ebigambo. Hermeneutics kigambo ekikozesewba ku lwa ssaayansi esomesa emisingi gy'okutaputa. Hermeneutics abuuza ebibuuzo bino ebibiri: Kiki Bayibuli ky'eyogera ne kiki kyetegeeza.

OKUMULISIBWA KW'EKIGAMBO

Okumulisibwa kitegeeeza omulimu gw'Omwoyo ogusobozesa omukkiriza eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri okutegeera n'okuvvuunula amazima:

Naye nga bwe kyawandiikibwa nti, "Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawulirangako, n'omutima gw'omuntu kye gutalowoozangako Katonda bye yategekera abo abamwagala." Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga Omwoyo anoonyereza ebantu byonna, n'ebi'omunda ennyo eby Katonda. Kubanga muntu ki ategēera eby'omuntu omulala okuggyako omwoyo w'omuntu oyo ali mu ffe? Noolwekyo n'ebantu bya Katonda tewali abimanyi okuggyako Omwoyo wa Katonda. Era kaakano ffe tetwafuna mwoyo wa ku nsi, wabula Omwoyo eyava eri Katonda, tulyoke tumanye ebantu Katonda bye yatuwa obuwa, era ne mu bigambo bye twogera so si mu kuyigirizibwa okw'amagezi g'abantu, naye mu bigambo Omwoyo by'ayigiriza, ebantu eby'Omwoyo nga bikwatagana n'ebi'Omwoyo. Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya, kubanga bikeberwa Mwoyo. (1 Abakkolinso 2:9-14)

Abakkiriza balagirwa oku:

Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, ng'oli mukozi akola ebitakuswaza, era nga weekuumira mu kkubo ery'obubaka obw'amazima. (2 Timoseewo 2:15)

Katonda awadde Omusomesa ow'enjawulo akuyambe ng'oyiga Ekigambo kye. Yesu bwe yali ali ku nsi Ye kennyini yayigiriza abagoberezi be amazima ga Katonda. Naye Yesu yakimanya oluvannyuma Okufa kwe n'okuzuukira kwe agenda kuddayo mu Ggulu, kale yagamba abagoberezi be nti Omusomesa ow'enjawulo agenda kusindikibwa okabayamba okutegeera Ekigambo kya Katonda. Omusomesa oyo ye Mwoyo Mutukuvu:

Naye Omubeezi, Mwoyo Mutukuvu, Kitange gw'alituma mu linnya lyange, bw'alija alibayigiriza ebintu byonna era alibajjukiza byonna bye nabagamba. (Yokaana 14:26)

Naye Omwoyo ow'amazima, bw'alija alibalunjamya mu mazima gonna, kubanga, taliyogera ku bubwe, wabula anaabategeezanga ebyo by'awulira. Anaababuuliranga ebigenda okubaawo. (Yokaana 16:13)

Okujja kw'Omwoyo Omutukuvu kuwandiikkidwa mu Bikolwa by'Abatume essuula 2. Okuyita mu Mwoyo Omutukuvu ojja okufuna obusobozi obw'enjawulo, obusukkulomye ku butonde obw'okutegeera Ekigambo kya Katonda:

Kyokka okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kwali mu mmwe, noolwekyo temwetaaga muntu kubayigiriza. Wabula Mwoyo Mutukuvu y'abayigiriza buli kimu, era w'amazima si wa bulimba, kale mubeerenga mu ye nga bwe yabayigiriza. (1 Yokaana 2:27)

OKUSSA MU NKOLA EKIGAMBO

Okussa mu nkola Ekigambo kitegeeza okukkiriza Baibuli kyeyogera naawe omuntu kinnoomu--okuyigiriza, okukuzzaamu amaanyi, n'okulungamya obulamu bwo. Okussa mu nkola Baibuli kitegeeza nti oklera ku Kigambo kya Katonda, so si kukiyigako buyizi. Okubikkulirwa kulina okuvaamu enkyukakyuka--enkyukakyuka eya nnamaddala--mu bulamu bwo:

Mubeerenga bakozi ba kigambo, so si abakiwulira ne batakikola, nga mwerimbarimba. Kubanga omuntu awuliriza ekigambo naye n'atakigondera, afaanana ng'omuntu eyeeraba mu ndabirwamu; bw'ava mu ndabirwamu, amangwago ne yeerabira nga bw'afaananye. Naye oyo atunula enkaliriza mu tteeka ettuufu erituukiridde erireetera abantu eddembe, n'alinyikiriramu tajja kukoma ku kulijukiranga kyokka, naye ajjanga kukola bye ligamba, era anaaweebwanga omukisa mu buli ky'akola. (Yakobo 1:22-25)

Okumanya enkola z'okuyiga Baibuli omuli okuyigiriza ku kussa mu nkola Ekigambo, laba Omusomo gwa Harvestime International Network ogutuumiddwa "Obuyiiya mu nsoma ya Baibuli Okuyiiya." Laba ne ennono z'okutaputa egyaweerreddwa mu "Okweyongera Okusoma," ey'essuula eno

EBITUNDU EBIKULU.

Baibuli egabanyizibwamu ebintu ebikulu bibiri: Endagaano enkadde n'endagaano Empya.

Ekigambo "endagaano" kitegeesa "akalagaane." Akalagaane ebeera ndagaano. Endagaano enkadde eraga okulagaana kwa Katonda n'omuntu okwasooka. Endagaano Empya eraga okulagaana kwa Katonda okuyita mu mwana we, Yesu Kristo.

Kintu ki okwetooloolera endagaano zino zombi? Zombi zagenderera kuzzaawo nkolagana ennungi wakati w'omuntu omwonoonyi ne Katonda. Katonda yateekawo etteeka nti ekibi kijja kusonyiyibwa lwa kuyiwa musaayi;

...era awatali kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa. (Abaebbulaniya 9:22)

Mu ndagaano ya Katonda eragibwa mu ndagaano enkadde, saddaaka z'omusaayi gw'ensolo zaaweebwayo omuntu okufuna okusonyiyibwa ebibi. Kano kaali kabonero akaali kalaga ssaddaaka y'omusaayi gwa Yesu Kristo akaali ak'endagaano ya Katonda empya. Okuyita mu bulamu, okufa n'okuzuukira kwa Yesu, ssaddaaka y'ekibi esembayo yakolebwa;

Kristo yajja nga Kabona asinga obukulu ow'ebintu ebirungi ebyali bigenda okujja. Yayingira mu weema esinga obukulu n'okutuukirira, etaakolebwa na mikono gya bantu, etali ya mu nsi muno.

Teyayingira na musaayi gwa mbuzi wadde ogw'ente ennume, naye yayingira mu Watukuvu w'Awatukuvu omulundi gumu gwokka n'omusaayi gwe; bw'atyo ye yennyini n'atufunira obulokozi obutaggwaawo.

Obanga omusaayi gw'embuzi, n'ente ennume, n'evvu ly'ente enduusi, bimansirwa ku abo abalina ebibi, ne bibatukuza mu mubiri;

Omusaayi gwa Kristo ataliiko kamogo, eyewaaayo ye yennyini eri Katonda olw'Omwoyo ataggwaawo, tegulisinga nnyo okutukuza emyoyo gyaffe okuva mu bikolwa ebifu tulyoke tuweereze Katonda omulamu?

Noolwekyo Kristo ye mutabaganya mu ndagaano empya, okufa bwe kwabaawo olw'okununulibwa okuva mu byonoono eby'omu ndagaano eyasooka, abo abaayitibwa ab'obusika obutaggwaawo balyoke baweebwe ekisuubizo. (Abaebbulaniya 9:11-15)

Endagaano zombi Kigambo kya Katonda era tulina kuzisoma zombi okusobola okutegeera obubaka bwa Katonda. Ebigambo endagaano “Empya n'enkadde” bikozesebwa okulaga enjawulo wakati w'endagaano ya Katonda n'omuntu nga Yesu Kristo tannafa n'oluvannyuma ng'amaze okufa. Tetulina kwesamba ndagaano enkadde lwakuba nti eyitibwa “nkadde”

EBITUNDU EBIRALA.

Baibuli eyongera n'egabanyizibwamu ebitabo nkaaga mu mukaaga (66). Endagaano enkadde erinamu ebitabo amakumi asatu mu mwenda (39). Endagaano empya yo n'ebaamu n'ebitabo amakumi abiri mu musanvu (27). Buli kitabo kigabanyiziddwamu essuula n'ennyirri. Newaakubadde buli ekiri mu bitabo ebyo kigambo kya Katonda, okwawulamu kw'essuula n'ennyiriri kwakolebwa omuntu okwanguyiza omulimu gw'okulamba ebitundu. Kyandibadde kizibu nnyo okuzuula ebitundu ebimu singa ebitabo byonna byali kiba kimu.

E BYAWULIBWA MU NDAGAANO ENKADDE.

Ebitabo eby'endagaano enkadde byawulibwamu ebibinja ebikulu bina; amateeka, ebyafaayo, ebitontome, n'obunnabbi.

EBITABO BY'AMATEEKA:

Ebitabo by'amateeka biri bitaano. Era gano g'emannya gaabyo;

- Oluberyeberye
- Okuva
- Ebyabaleevi
- Okubala
- Ekyamateeka.

Ebitabo bino byoleka okutondebwa kw'omuntu n'ensi nga Katonda ye yabitonda n'ebafaayo by'omuntu eyasooka. Biraga engeri Katonda gye yayimusa eggwanga lya Isirayiri ng'abantu be yalina okukozesa okweraga eri amawanga g'ensi.

Ebitabo bino biraga amateeka ga Katonda. Agasinga okumanyibwa g'emateeeka Ekkumi (Okuva 20:3-17), etteeka ekkulu mu gonna (Ekyamateeka 6:5), ate eriddako ne liba mu (Ebyabaleevi 19:18)

Bikkula Baibuli yo olambe ebitabo by'amateeka ebiri mu ndagaano enkadde. Lamba ennyiriri ssati ezikulagiddwa mu kiba kiwedde era ozisome. Bino by'eb yokulabirako by'amateeka ga Katonda agalagibwa mu bitabo bino.

EBITABO BY'E BYAFAAYO:

Mu ndagaano enkadde, mulimu ebitabo kkumi na bibiri ebiraga ebyafaayo, amanya gaabyo ge;

- Yoswa

- Ekyabalamuzi
- Luusi.
- 1 ne 2 Samwiri
- 1 ne 2 Bassekabaka
- 1 ne 2 Eby'omumirembe
- Ezera
- Nekemiya
- Eseza.

Lamba ebitabo bino mu Baibuli yo. Bisangibwa oluvannyuma lw'ekitabo ky'amateeka. Ebitabo by'ebafaayo biraga ebyafaayo by'abantu ba Katonda aba Isirayiri okumalira ddala emyaka Lukumi. Mu buntu, tebiraga buli kyaliwo, naye biraga ebyaliwo ebikulu era biraga n'ebiva mu kugoberera oba obutagoberera mateeka ga Katonda.

EBITABO BY'EBITONTOME.

Waliyo ebitabo omuli ebitontome bitaano, bino bye;

- Yobu
- Zabuli
- Engero
- Omubuuilizi
- Oluyimba.

Bino by'ebitabo by'okusinza kw'abantu ba Katonda aba Isirayiri. Bikyakozebwa mu kusinza kw'abakkiriza n'olwaleero. Gendako mu zabuli 23 ogisome. Kino ky'ekimu kuky'okulabirako ky'ekitontome ky'okusinza ekirungi ekiri mu bitabo bino.

EBITABO BY'OBUNNABBI.

Ebitabo by'obunnabbi mu ndagaano enkadde, byawulwamu ebibinja bibiri ebiytibwa Ebitabo by'obunnabbi obwamaanyi n'obutono. Kino tekitegeeza nti bannabbi ab'amaanyi nti bamuwendo munene nnyo ku bannabbi abatono. Emitwe gino giraga bulazi nti bannabbi ab'amaanyi baawandiika ebitabo ebiwanvu ku bya bannabbi abatono. Mu ndagaano enkadde mulimu ebitabo by'obwannabbi kkumi na musanvu. Amannya g'ebitabo bino eby'obwannabbi ge;

Bannabbi ab'amaanyi:

- Isaaya
- Yeremiya
- Okukungubaga
- Ezeekyeri.
- Danyeri

Bannabbi abatono:

- Koseya

- Yoweeri
- Amosi
- Obadiya
- Yona
- Mikka
- Nakkumu
- Kaabakuuku
- Zefaniya
- Kagayi
- Zaakaliya
- Malaki.

Ebitabo bino birimu obubaka bw'obwannabbi bwa Katonda eri abantu be ku ebyo ebiribaawo. Obwannabbi obusinga bumaze okutuukirira, naye obumu bwakutuukirizibwa gye bujja. Ebitabo bino eby'obwannabi bisange mu Baibuli yo. By'ebitabo ebisembayo mu ndagaano enkadde.

ENGABANYA Y'ENDAGAANO EMPYA.

Endagaano empya nayo eyawuliddwamu ebintu bina: Enjiri, Ebyafaayo, Ebbaluwa, obunnabbi.

EBY'ENJIRI:

Ebitabo by'enjiri biri bina, era bye:

- Matayo
- Makko
- Lukka
- Yokaana.

Ebitabo bino bitubuulira ku bulamu, okufa n'okuzuukira kwa Yesu. Obukulu bwabyo kwe kukulembera osobole okukkiriza nti Yesu ye Kristo, omwana wa Katonda. Laba mu njiri nga bw'eri mu Baibuli, osome ekitabo kya Yokaana 20:31, ekiraga kino.

EKITABO KY'EBYAFAAYO.

Mu ndagaano empya mulimu ekitabo ky'ebafaayo kimu kyokka, Ekitabo kya Ebikolwa by'abatume. Ekitabo kino kitubuulira ku ngeri ekkanisa eyasooka bwe yatandika n'engeri omulimu gwa Kristo ogw'okubuulira enjiri eri ensi yonna gye gwatuukirizibwamu. Ekitabo kino kirambe mu Baibuli yo.

EBBALUWA:

Mu ndagaano empya mulimu ebbaluwa amakumi abiri mu emu. Era gano ge mannya gaazo;

- Abaruumi
- 1 ne 2 Abakolinso

- Abaggalatiya
- Abasefeeso
- Abafiripi
- Abakolosaayi
- 1 ne 2 Abasesaloniika
- 1 ne 2 Timoseewo
- Tito
- Filemoon
- Abaebbulaniya
- Yakobo
- 1 ne 2 Peetero
- 1, 2, ne 3 Yokaana
- Yuda.

Ebbaluwa zino zaawandiikibwa eri abakkiriza, era obukulu bwazo kwali kubaluhjamya mu bulamu bwabwe era n'okubayamba okukola ebiragiro bya Yesu. Abaruumi 12, kyakulabirako kirungi ku byeziyigiriza, genda awali essuula eno mu Baibuli yo era ogisome. Ebbaluwa era oluusi ziyyitibwa "Obubaka obuwandiike" ekitegeeza ebbaluwa.

OBUNNABBI:

Okubikkulirwa ky'ekitabo kyokka eky'obunnabbi ekiri mu ndagaano empya. Kyogera ku buwanguzi bwa Yesu n'abantu be obw'okunkomerero. Obukulu bwakyo kwe kukuzzaamu amaanyi ng'omukristaayo okusigala nga weekumidde mu bulamu buno okutuusa essaawa envannyuma. Obubaka bwamwo bufunziddwa mu okubikkulirwa 2:10

Okwawula mu by'oMwoyo.

Waliwo enjawulo bbiri enkulu ez'ebi'omwoyo mu Kigambo kya Katonda: Amata g'Ekigambo n'ennyama y'Ekigambo. Amata g'Ekigambo g'emazima agategeerekeka amangu. Ennyama y'ekigambo y'enjigiriza egenda ebuziba ereeta okukula mu by'omwoyo. Soma ku njawukana zino mu Abebbulaniya 5:13-14 ne 1 Peetero 2:2.

Okwawula wakati wa "Rhema" Ne "Logos:"

Waliwo ebigambo by'Oluyonaani bibiri eby'enjawulo ebikozesebwu mu Baibuli okutegeeza Ekigambo kya Katonda. Ekimu ku kigambo ekyo kye "logos" ekitegeeza okwogera kwa Katonda kwonna. Kwe kubikkulirwa okujjuvu kw'ebyo Katonda byayogedde.

Ekigambo ekyokubiri, "rhema," kitegeeza olunyiriri oba ekitundu ekikwata ku mbeera ey'enjawulo. Okubikkulirwa kwa "logos" kwonna okw'Ekigambo kya Katonda kwa maanyi, naye Katonda bw'ayanguyiza "rhema." Ekigambo okuva mu Kigambo kye ekyawandiikibwa, kiba kyamaanyi nnyo. Olunyiriri lw'osomye emirundi mingi emabega, osobola olufunamu amakulu amapya agakwata ku mbeera gy'oyitamu mu kaseera ako. Ekigambo kya "rhema" kikuwa eky'okuddamu, okubikkulirwa, oba okubudaabudibwa okwetaagisa mu kiseera eky'enjawulo.

Yesu yakozesa ekigambo "rhema" okusobola okuwangula obulungi ebikemo bya Sitaani. Soma ku nsonga eno mu Matayo 4:1-11; Makko 1:12-13; ne Lukka 4:1-13. Okusooka, Sitaani yagezaako akeme Yesu afuule amayinja omugaati. Ekiddako, Sitaani yagezaako okuleetera Yesu okwesuula wansi okuva waggulu ku yeekaalu okulaga amaanyi ge. Mu nsisinkano ey'okusatu, Sitaani yagamba nti agenda kuwaayo obwakabaka bw'ensi singa Yesu amusinza. Mu buli kimu ku bikemo bino, Yesu yasisinkana okusoomoozebw n'Ekigambo kya Katonda. Yesu yajuliza Ebyawandiikibwa ebikwata ku mbeera eyaliwo amangu ddala nga bwakozesa Ekigambo kya Katonda "rhema".

Okwawula wakati W'amata N'ennyama:

"Amata" g'Ekigambo kya Katonda gategeeza amazima amangu n'omwana g'asobola okutegeera, gamba ng'enteekateeka y'obulokozi. "Ennyama" y'Ekigambo kya Katonda kitegeeza amazima ag'omwoyo amazito agatali mangu kutegeera.

Mu nsi ey'obutonde tewali kikyamu ku mata eri omwana eyaakazaalibwa. Bwe kityo bwe kiri ne mu ensi ey'ebi'omwoyo. Bw'osooka okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri olina okwegomba amata g'Ekigambo kya Katonda:

**Ng'abaana abaakazaalibwa bwe beegomba amata, nammwe mwegombenga amata
ag'omwoyo, muganywenga mukule era mulokolebwe. (1 Peetero 2:2)**

Naye mu nsi ey'obutonde watuuka ekiseera ng'omwana alina okutandika okulya emmere enkalu bw'aba ayagala okukula mu mubiri. Kino kituufu ne mu nsi ey'ebi'omwoyo. Waliwo ekiseera ky'olina okusenguka okuva ku mata g'Ekigambo kya Katonda okutuuka ku nnyama:

**Kubanga omuntu bw'aba ng'akyanywa mata, aba akyali mwana muto. Aba tannategeera
kigambo kikwata ku by'obutuukirivu. 14 Naye emmere enkalubo ya bakulu, abeeyigirizza
okwawulanga ekirungi n'ekibi. (Abaebbulaniya 5:13-14)**

Gino gy'emitendera esatu eg'yokuva mu mata g'Ekigambo okudda ku nnyama y'Ekigambo

Okusooka, olina okufuna amata. Olina okufuna okutegeera ku misigi emikulu eg'y'Ekigambo kya Katonda: "Ng'abaana abaakazaalibwa, mwegombe amata amalungi ag'ekigambo mulyoke mukule mu ngeri eyo" (1 Peetero 2:2). Tosobola kutandika na nnyama ya mwoyo.

Ekyokubiri, olina okuba omuwulize eri Ekigambo kya Katonda. Abakristaayo ab'omubiri tebagondera bye bayiga mu mata g'Ekigambo kya Katonda, n'olwekyo tebasobola kukula eri ennyama. Bayibuli eyigiriza nti tekimala kuwulira Kigambo kye, era olina okukikola mu buwulize.

Ekyokusatu, olina okunoonya ennyama. Mu nsi ey'obutonde, okugaaya ennyama kyetaagisa nnyo okufuba kw'omubiri okusinga okunywa amata. Bwe kityo bwe kiri ne mu nsi ey'ebi'omwoyo. Okuzuula ennyama ya Katonda, kyetaagisa okufuba okw'omwoyo okusinga okubeera ku mata g'Ekigambo. Engero essuula 2 egamba engeri y'okunoonya ebintu ebizito--ebi'obugagga n'ennyama--ebi'Ekigambo kya Katonda.

OBUMU BWA BAIBULI.

Bwe twogera ku bumu bwa Baibuli, tuba tutegeeza ebintu bibiri:

BAIBULI ERI BUMU MU BIGIRIMU.

Wadde nga Baibuli yawandiikibwa abawandiisi amakumi ana (40) okumala emyaka 1500, temuli bubaka bukontana. Omuwandiisi omu takontana na mulala. Baibuli erimu ebintu ebikulu ebinnyonnyolwako bikumi na bikumi (Ebintu ebikulu ebinnyonnyolwako by'ebyo ebiwa omwagaanya gw'endowooza ez'enjawulo singa byogerwa). Kyokka ng'abawandiisi baba baabyogerako mu Baibuli mu ngeri enzikkakkamu okuva mu kitabo ky'oluberyeberye n'okutuukira ddala ku kisembayo eky'okubikkulirwa. Kino kyali kisoboka bulungi kubanga waaliwo omuwandiisi omu nga ye Katonda. Abawandiisi baawandiikanga ebyo bye yabalungamyangako. N'olwensonga eno, ebiri mu Baibuli biri bumu.

OMULAMWA GWA BAIBULI YONNA GULI GUMU.

Abantu abamu balowooza nti Baibuli gwe mugatte gw'ebitabo enkaaga mu omukaaga eby'obubaka obw'enjawulo. Tukimanyi nti Baibuli etambulira ku mulamwa omukulu gumu. Okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero, Baibuli eraga ekigendererwa kya Katonda ekikulu ekifunziddwa mu kitabo kya Abaefeeso:

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.

Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi.

Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeeso 1:9-11)

Baibuli eraga ekyama ky'enteekateeka ya Katonda ng'omulamwa omukulu ogugatta Baibuli. Kwe kulaga Yesu Kristo ng'omulokozi w'omuntu omwonoonyi. Yesu yannyonnyola engeri endagaano enkadde gye yali emwogerako.

N'abagamba nti, "Nabategeeza nga nkyali nammwe nti ebintu byonna ebyampandiikibwako mu mateeka ga Musa, ne mu bya bannabbi, ne mu Zabbuli, byali biteekwa okutuukirira. (Lukka 24:44)

Olw'enjawulo eno, Yesu yeeyongerayo;

N'alyoka asumulula emitima gyabwe, ne bategeera ebyawandiikibwa. (Lukka 24:45)

Kisumuluzo ki Yesu kye yabawa okutegeera ebyawandiikibwa? Ekituufu kiri nti Ye gwe bitunuulidde;

N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu.

Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. Muli bajulirwa b'ebyo. (Lukka 24:46-48)

Endagaano zombi empya n'enkadde zoogera ku Yesu. Endagaano enkadde erangirira okujja kwe atte yo empya eyogera ku byaliwo ng'azze. Kino kigattira Baibuli ku mulamwa omukulu gumu. Abantu abaalindirira Yesu ab'endagaano enkadde baalokolebwa mu bibi byabwe olw'okukkiriza kwe baalina mu kisuubizo kya Katonda. Buli addayo n'akitunuulira nga kyatuukirizibwa mu Yesu Kristo naye alokolebwa mu ngeri y'emu. Olw'okukkiriza, kyatuukirizibwa nga Katonda bwe yasuubiza.

OBUGAZI BWA BAIBULI.

Bwe twogera ku "bugazi" bwa Baibuli tuba tutegeeza nti Baibuli ejjudde ebintu bingi nnyo. Eraga engeri ez'enjawulo Katonda zeyakwatangamu abantu n'engeri ez'enjawulo abantu zebaddangamu gy'ali.

Baibuli ewandiikibwa mu mbeera ez'enjawulo. Ebintu ebimu biraga essanyu atte ebirala n'ebiraga ennakku. Baibuli erimu ebika by'ebiwandiiko bingi. Mulimu ebyafaayo, ebitontome, obunnabbi, ebbaluwa, okuzuula engero, ebyamagero n'embooz ez'omukwano.

ENZIVVUUNULA, ENKYUSA N'OKUTAPUTA

Baibuli yasooka kuwandiikibwa mu nnimi ssatu. Ebisinga obungi mu Ndagaano Enkadde byawandiikibwa mu Olwebbulaniya okuggyako ebitundu by'ebitabo bya Danyeri ne Nekkemiya ebyawandiikibwa mu Aramaika. Endagaano Empya yawandiikibwa mu Luyonaani. Tewali n'emu ku biwandiiko bya Baibuli eby'olubereberye ebiriwo kati. Ebiwandiiko ebimu ebirungi webiriwo nga kkoppi z'ebyasooka.

Enzivvuunula ze nzivvuunula z'ebiwandiiko eby'olubereberye. Okuva mu biseera eby'edda abasajja baalaba obwetaavu bw'okuvvuunula Baibuli buli omu asobole okugisoma mu lulimi lwe. Waliwo enkyusa nnyingi ez'enjawulo eza Baibuli. Ekigambo "enzivvuunula" kitegeeza nti Baibuli ewandiikkidwa mu lulimi eyawukana ku ebyo Ekigambo kya Katonda mwe kyawandiikibwa mu kusooka. Waliwo ebika bibiri ebikulu eby'enzivvuunula ya Baibuli: Enkyusa n'okutaputa.

Enkyusa kwe kufuba okulaga ekkyo ebigambo by'Oluyonaani, Olwebbulaniya, n'Olulamayiki bye byogerera ddala. Kiwa kumpi kikyusa kigambo ku kigambo. Ebigambo eby'enjawulo biyingizibwamu bwe kiba kyetaagisa omusomi asobole okutegeera amakulu

Okutaputa tekigezaako kuvvuunula kigambo ku kigambo. Kivvuunula ndowooza ku ndowooza. Okutaputa kuba kuddamu okulaga amakulu g'ekitundu. Enkyusa y'okutaputa nnyangu okusoma n'okutegeere kubanga ziwandiikkidwa mu bigambo n'ennukuta ez'omulembe, naye si nkyusa ntuufu ey'Ekigambo kya Katonda.

EBIRUUBIRIRWA BY'EKIGAMBO KYA KATONDA

Ekigambo kya Katonda:

-Kigasa mu kuyigiriza, okunenya, okutereeza, n'okuyigiriza: 2 Timoseewo 3:16-17

- Kireeta okukkiriza mu bubaka bw'Enjiri: Ebikolwa 4:4
- Kitukuza: Yokaana 15:3; Abeefeso 5:26
- Kireeta obulamu obutaggwaawo, bwe tuwulira ne tubukkiriza: Yokaana 5:24
- Gwe musingi gw'omusango ogw'olubeerera: Yokaana 12:48
- Kikozesebwa okugoba emyoyo emibi: Matayo 8:16; Lukka 4:36
- Kigobererwa obubonero obw'ekyamagero era kimatiza abantu n'amazima g'Enjiri: Makko 16:20
- Kiwa okukakasa obulokozi: 1 Yokaana 1:2-6
- Kireeta obumanyirivu bw'abazaalibwa omulundi ogw'okubiri: 1 Peetero 1:23; Zabbuli 119:41
- Kiwa obujulizi ku mazima g'Enjiri: 1 Yokaana 5:7
- Kitukuza omukkiriza: 1 Timoseewo 4:5
- Kiwa essuubi: Zabbuli 130:5; 119:49, 81
- Kireeta okuwona: Zabbuli 107:20
- Kikukuma okuva mu kkubo ly'omubi: Zabbuli 17:4
- Gwe mwoyo n'obulamu: Yokaana 6:63
- Kireeta essanyu n'okusanyuka: Yeremiya 15:16
- kyongera okukkiriza: Abarumi 10:17
- Kibudaabuda: 1 Abasesalonika 4:18, Zabbuli 119:50,52
- Mmere ey'omwoyo: 1 Timoseewo 4:6
- Kireeta essaala okuddibwamu: Yokaana 15:7
- Kye kisumuluzo ky'obuwangizi: Yoswa 1:8
- Kituwa emikisa, bwe tukiwlira ne tukukuma: Lukka 11:28
- Kye kyakulwanyisa mu kiseera ky'okukemebwa: Matayo 4
- Kikyusa emmeeme: Zabbuli 19:7
- Kifuwa amagezi: Zabbuli 19:7

- Kitangaaza: Zabbuli 19:8
- Kirabula: Zabbuli 19:11
- Kireeta empeera nnene: Zabbuli 19:11
- Kireetera okutuuka mu Ggulu: Okubikkulirwa 22:14
- Kireetera omukisa gw'okutambulira mu butuukirivu: Zabbuli 119:1-3
- Akufuula ow'amagezi okusinga abalabe bo, abasomesa, n'ab'edda: Zabbuli 119:98-104
- Kizuukusa: Zabbuli 119:25
- Kinyweza: Zabbuli 119:28
- Gwe musingi gw'okusaasira kwe: Zabbuli 119:58
- Kireeta essanyu: Zabbuli 119:92
- Kiwa okutegeera okwangu: Zabbuli 119:130,104,169
- Kinunula: Zabbuli 119:170

OBUVUNANYIZIBWA ERI EKIGAMBO

Kubanga ekigambo kya Katonda kikulu nnyo eri amagenda g'abantu bona ey'olubeerera era kubanga Yesu yakiragira, abakkiriza balina obuvunaanyizibwa okukimanyisa ensi.

Ekkanisa eyasooka yatwala obuvunaanyizibwa buno era n'egenda buli wamu ng'ebuulira Ekigambo (Ebikolwa 8:4; 12:24; 13:49). Baasaba Katonda obuvumu okwogera ekigambo kye (Ebikolwa 4:29,31). Enjiri yasaasaana mu nsi yonna olw'obwesigwa bwabwe (Ebikolwa 6:7; 19:20).

Tolina obuvunaanyizibwa obw'okubunyisa Ekigambo kino eky'amaanyi mu nsi. Soma ku buvunaanyizibwa buno mu byawandiikibwa bino wammanga:

- Katonda ateeka ekigambo kye mu ggwe osobole okukyogera eri abalala: Ekyamateeka 18:18-19; Isaaya 51:16; Yeremiya 1:9; 3:12; 5:14; 26:12; Ezeekyeri 2:7-8.
- Bw'oba osomesebwa mu kigambo kya Katonda, olwo olina obuvunaanyizibwa okuyigiriza abalala: Abaggalatiya 6:6.
- Olina okubuulira Ekigambo mu nsi yonna: Lukka 24:47; Makko 16:15; 2 Timoseewo 4:2.
- Tolina kwogera bigambo byo, wabula ebigambo bye: Isaaya 58:13.
- Tolina kuswala olw'e kigambo: Makko 8:38.
- Mulina okuyigiriza abaana bammwe Ekigambo: Ekyamateeka 6:6-9.

OKWEGEZAAMU

1. Enjigiriza ku bya Baibuli kitegeeza ki?

.....
.....

2. Ekigambo "ekyawandiikibwa" kitegeeza ki?

.....
.....

3. Miramwa ki egitera okusomesebwa mu Njigiriza eno?

.....
.....

4. Nnyonnyola ekigambo "Okubikkulirwa" nga bwe kikozesebwa mu Njigiriza eno.

.....
.....

5. Nnyonnyola ekigambo "Okulungamizibwa" nga bwe kikozesebwa mu njigiriza eno.

.....
.....

6. "Ekigambo ekitaliimu nsobi" kitegeeza ki?

.....
.....

7. "Okukkiriza" kw'Ekigambo kya Katonda kitegeeza ki?

.....
.....

8. Okuvvuunula Ekigambo kya Katonda kitegeeza ki?

.....
.....

9. Ndowooza ki omuntu gy'alina okusemberera Ekigambo okusobola okukivvuunula obulungi?

.....
.....

10. Nnyonnyola "Okumulisibwa" nga bwe kikozesebwa mu njigiriza eno.

.....

.....
.....
.....

11. Kitegeeza ki okussa mu nkola Ekigambo kya Katonda?

.....
.....

12. Engabanya ki ebbiri ez'endagaano eziri mu Bayibuli?

.....
.....

13. Engabanya ki ebbiri enkulu eziri mu Baibuli?

.....
.....

14. Bayibuli egabanyizibwamu bitabo bimeka?

.....
.....

15. Engabanya ki ennya ez'ebitabo mu Ndagaano Enkadde?

.....
.....

16. Engabanya ki ennya ez'ebitabo mu Ndagaano Empya?

.....
.....

17. Engabanya ki ebbiri eziri mu Bayibuli mu by'omwoyo? Zinnyonnyole.

.....
.....

18. Ekigambo "logos" kitegeeza ki?

.....
.....

19. Ekigambo "rhema" kitegeeza ki?

.....
.....
.....

.....
.....
.....

20. Mu ngeri ki ebbiri Baibuli gy'eri obumu?

.....
.....

21. Kiki kyekitegeeza "Obugazi" bwa Baibuli?

.....
.....

22. Mu kusooka Bayibuli yawandiikibwa mu nnimi ki essatu?

.....
.....

23. Enzivvuunula ya Baibuli kye ki?

.....
.....

24. Enkyusa ya Baibuli kitegeeza ki?

.....
.....

25. Okutaputa Bayibuli kitegeeza ki?

.....
.....

26. Ng'okozesa ebiwandiiko bino wammanga, wandiika ebimu ku bigendererwa by'Ekigambo kya Katonda.

2 Timoseewo 3:16-17.....

Ebikolwa 4:4.....

Yokaana 15:3; Abeefeso 5:2.....

Yokaana 5:24.....

Yokaana 12:48.....

Matayo 8:16; Lukka 4:36.....

Makko 16:20.....

1 Yokaana 1:2-6.....

1 Peetero 1:23; Zabbuli 119:4.....
1 Yokaana 5:7.....
1 Timoseewo 4:5.....
Zabbuli 130:5; 119:49,81.....
Zabbuli 107:20.....
Zabbuli 17:4.....
Yokaana 6:63.....
Yeremiya 15:16.....
Abaruumi 10:17.....
1 Abasessaloniika 4:18; Zabbuli 119:50,52.....
1 Timoseewo 4:6.....
Yokaana 15:7.....
Yoswa 1:8.....
Lukka 11:28.....
Ekyamateeka
28.....
Matayo 4.....
Zabbuli 19:7.....
Zabbuli 19:8.....
Zabbuli 19:11.....
Okubikkulirwa 22:14.....
Zabbuli 119:1-3.....
Zabbuli 119:98-104.....
Zabbuli 119:25.....
Zabbuli 119:28.....
Zabbuli 119:58.....

Zabbuli 119:92.....

Zabbuli 119:130,104,169.....

Zabbuli 119:170.....

27. Lwaki era batya abakkiriza bavunaanyizibwa ku kigambo kya Katonda?

.....

.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma omusomo gwa Harvestime International Network ogutuumiddwa "Obuyiiya mu kusoma Baibuli "kiwa ebiragiro ebikwata ku ngeri y'okuyiga Bayibuli. Kija kukusobozesa okukola:
 - Nnyonnyola ensibuko ya Baibuli.
 - Nnyonnyola enteekateeka ya Baibuli mu ndagaano, enjawulo, n'ebitabo.
 - Mu bufunze ebyafaayo ebikulu n'ensengeka y'ebiseera ebya Baibuli.
 - Nnyonnyola obumu n'obugazi bwa Baibuli.
 - Nnyonnyola engeri enkyusa za Baibuli ez'enjawulo gye zaakulaakulanizibwa.
 - Kozesa amateeka okutaputa obulungi Baibuli.
 - Okufunza Baibuli ky'eyigiriza.
 - Laba ebyetaagisa okusooka okuyiga Baibuli.
 - Tonda ensengeka, ebipande, ebifunze, n'obubonero bw'ebiwandiiko okukuyamba okukuumma ebirimu.
 - Kozesa enkola ez'obuyiiya mu kusoma kwo ekigambo kya Katonda.
 - Kozesa ebikozesebwa mu kuyiga Baibuli.
2. Kozesa emisomo gya Harvestime International Network egituumiddwa "Kw'osinziira okuzuula ebiri mu Baibuli Ekitundi 1 ne "Kw'osinziira okuzuula ebiri mu Baibuli Ekitundi 2" okufuna okulambika kwa Baibuli yonna.
3. Kozesa Harvestime International Network Legacy Bible Outlines okusoma buli kitabo kya Bayibuli mu bujuvu.
4. Bino by'ebigobererwa mu kuvvuunula Baibuli.

Etteeka ly'obuyinza obw'obwakatonda. Etteeka ly'obuyinza obw'obwakatonda litegeeza nti tukkiriza Baibuli ng'obuyinza obusembayo. Tukkiriza nti Baibuli yonna yalunjamizibwa Katonda, okuva mu Olubereberye okutuuka Okubikkulirwa (2 Timoseewo 3:16; 2 Peetero 1:19-21). Waliwo ebika bibiri eby'enjawulo eby'okulungamizibwa: Okulungamizibwa mu bigambo n'okulungamizibwa mu bujuvu. Okulungamizibwa mu bigambo tutegeeza nti buli kigambo mu byawandiikibwa byalunjamizibwa Katonda. Okulungamizibwa mu bujuvu tutegeeza okulungamizibwa mubujuvu okw'Ebyawandiikibwa

okuwukana ku kuluŋjamizibwa okw'ekitundu. Buli kitundu kya Baibuli kyaluŋjamizibwa. Bwetukkiriza enfuga y'obuyinza obw'obwakatonda, olwo tewali kukontana wakati wa Baibuli n'ebafaayo oba sayansi. Bwe wabaawo okusika omuguwa okulabika kiba kiva ku kuba nti tulemeddwa okutegeera ssaayansi oba

ebafaayo oba si ekky okumanya kwa ssaayansi okuliwo kati si kutuufu. Enkaayana bwe zirabika, Bayibuli etwalibwa ng'obuyinza obusembayo kubanga kye Kigambo kya Katonda ekyalunŋjamizibwa Katonda. Edda, bwe wabaawo enkaayana ezirabika wakati wa Baibuli n'ebafaayo oba ssaayansi, okunoonyereza okwakolebwa oluvannyuma kwakakasa nti Bayibuli ntuufu. Ebintu by'ayitamu oba endowooza z'omuntu ku bubwe zirina okutunuulirwa mu biragiro by'obuyinza bw'Ekgambo. Singa omuntu agamba ekintu ekikontana ku Baibuli, Ekgambo kilina okuba n'obuyinza obujjuvu.

Etteeka ly'okutaputa obutereevu. Okuvvuunula Baibuli obutereevu kitegeeza okukkiriza nti etegeeza kyennyini kye kyogera. Baibuli bulijo jivuunule butereevu okuggyako ng'ensonga eziri mu kitundu ekky zitegeeza kirala. Bayibuli bw'egamba nti Isirayiri yasomoka omugga Yoludaani ku ttaka ekikal, kikkirize butereevu. Baibuli bw'eyogera ku bbugwe wa Yeriko okugwa, kikkirize nga bwe kiwandiikkidwa Omwoyo Omutukuvu. Baibuli erimu "ebika" eby'enjawulo. Abantu, ebifo oba ebibaddewo, .ate nga byo ku byabyo bikiikirira ebyo ebigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso. Obubonero nabwo bukozesebwa mu Baibuli, ngabukiikirira amakulu agagatta ku makulu aga bulijo. Okugeza, mu Makko 14:22 omwenge gukozebwa ng'akabonero k'omusaayi gwa Mukama waffe Yesu Kristo. Yesu yateranga okukozesa engero bwe yayigiriza. Olugero ye mboozi eyogerwa n'ekigendererwa eky'okulaga a amazima ag'omwoyo. Buli Yesu lwe yakozesa olugero Iwateekebwanga mu Baibuli. Bwe kiba nga tekigamba nti Iwali lugero olwo emboozi erina okukkirizibwa butereevu.

Etteeka ly'okulowooza kubuli kirimu. Buli lunyiriri lwa Baibuli lulina okusomebwa mu nsong zaalwo, ekitegeeza nti lusaana okusomebwa nga lukwatagana n'ennyiriri ezilukulembera n'ezigoberera, awamu ne mu nkologana ya Baibuli yonna. Enjigiriza n'ebibiina bingi eby'obulimba bitondeddwawo kubanga ennyiriri oba ebitundu by'ennyiriri byaggyibwa mu nsong zaabyo. Okusobola okuyiga olunyiriri mu mbeera yalwo, noonya eby'okuddamu ku bibuuzo bino wammanga:

-Ani ayogera oba awandiika? Wadde nga Baibuli yonna Kigambo kya Katonda, abasajja ab'enjawulo baali ekozesebwa mu kugiwandiika n'okukyogera.

-Kiki ekigambibwa? Funza ensonga enkulu ez'ebyo ebyogerwa omwogezi oba omuwandiisi.

-Kyogerwa eri ani? Isiraeri? Amawanga g'Abamawanga? Ekkansa? Omuntu yennyini oba omuntu ssekinnoomu?

-Lwaki kyayogera? Kigendererwa ki ekiri mu kitundu? Bayibuli yennyini eraga ebigendererwa ku bitabo ebimu n'ebitundu ebimu (Yokaana 20:30-31). Ku bitundu ebirala eby'Ebyawandiikibwa ensonga y'okuwandiika tekirambikiddwa bulungi nnyo. Olina okwekenneenyenya ennyo ensonga eziriwo okusobola okuzuula Iwaki obubaka obwo bwakwatibwa.

-Kyogerwa ddi? Ebiseera n'embeera z'ebyawandiikibwa ebimu bijja kukuyamba okutegeera amakulu.

Okuvvuunula Ekyawandiikibwa mu mbeera yaakyo kiyamba okunnyonnyola amakulu g'ekitundu ekyo. Okutwala olunyiriri olutali mu nsonga luyinza okuvaamu okutegeera okutali kutuufu. Ebiseera ebisinga embeera y'Ekyawandiikibwa mu

Baibuli etuwa enzivuunula. Ekyokulabirako ekirungi ku kino ye lugero lw'omusizi mu Matayo 13:1-9. Bw'ogenda mu maaso n'okusoma ensonga eziriwo, olugero luno lutaputibwa mu nnyiriri 18-23. Ebiseera ebisinga Baibuli eba y'evvuunula. Eno y'ensonga lwaki okulowooza ku buli kirimu kikulu nnyo. Ebitundu ebizibu ennyo bitera okutaputibwa okusinziira ku bitundu ebirala.

Etteeka ly'okusooka okwogera. Etteeka ly'okusooka okwogera liri bwe lit: Omulundi ogusooka ekigambo, ekisoko, ekintu, oba ekintu ekyaliwo bwekyogerwako mu Baibuli, kiwa ekisumuluzo ky'amakulu gaakyo awalala wonna okutuukawo. Okugeza, mu Olubereberye 3 waliwo okusooka okwogerwako ku bikoola by'ettiini. Wano, Adamu yakozesa ettiini okugezaako okubikka ekibi kye n'obwerefere bwe ng'akozesa okufuba kwe. Ebikoola by'omutiini byogera ku kwefuula omutuukirivu, okugaana eddagala lya Katonda eriwonya ekibi, n'okugezaako okwewa obutuukirivu mu maaso ga Katonda. Gano ge makulu g'ebikoola by'ettiini buli we byogewako oluvannyuma mu Baibuli. okugeza, omulundi ogusembayo ebikoola by'ettiini lwe byogewako Yesu mu Matayo 21 ne Makko 11 ne 13. Wano tusangayo omutiini nga guliko ebikoola naye nga tegulina bibala. Yesu yakikolimira ne kikala. Okutegeera ekikolwa kino twetaaga okujukira etteeka ly'okusooka okwogerwako tuddeyo mu Olubereberye 3. Ebikoola bikiikirira omuntu okugaana eddagala lya Katonda n'okugezaako okwefuula omutuukirivu okwewa obutuukirivu. Omutiini era gwali gukiikirira eggwanga lya Isiraeri eryeyita abatuukirivu eryali ligaanye Yesu.

Etteeka ly'okuddinjana. Ekintu bwe kiddibwamu mu Byawandiikibwa, kitegeesa nti amazima ago makulu era getaaga okuddibwamu. Yokaana 3 eraga etteeka lino ery'okuddinjana. Yesu ategeeza Nikodemo obwetaavu bw'okuzaalibwa obuggyera n'abiddinjana emirundi esatu mu nnyiriri 3,5, ne 7. Buli Baibuli lw'eddinjana, Omwoyo Omutukuvu aba agamba nti "Sooka wekeneeny kino."

Etteeka ly'okubikkulirwa okukunjaanyizibwa. Etteeka lino mu butuufu lyogerwako mu Baibuli:

**Okusooka mukimanye nga buli bunnabbi obuli mu byawandiikibwa, tewali ayinza
kubunnyonnyola ku bubwe yekka. Kubanga bannabbi tebaayogeranga byabwe ku bwabwe,
wabula baategeezanga ebyo Katonda bye yabalagiranga nga Mwoyo Mutukuvu bwe
yabibawanga. (2 Peetero 1:20- 21)**

Baibuli ya Schofield ewa enkyusa eno: "Tewali bunnabbi bwa byawandiikibwa butaputaku bwabwo; Kwe kugamba, tebwawuddwa ku byonna Ekigambo kya Katonda kye buwadde awalala."

Etteeka ly'okubikkulirwa okukunjaanyizibwa lye lino: Amazima amajjuvu ag'Ekigambo kya Katonda ku nsonga yonna tegalina kuba kunjaanyiziddwa okuva mu kitundu ekyesudde. Okubikkulirwa okw'okukunjaanyizibwa (okw'omugatte) okwa Baibuli kwonna kutegeesa ebikwata ku mazima agalina okulowoozebwako. Eno y'ensonga lwaki eyitibwa etteeka "Ly'okukungaanya" okubikkulirwa. Tosobola

kwesigama ku njigiriza yo, ky'okikkiriza, oba enzikiriza yo ku nnyiriri entono ezeetongodde ezikwata ku ssomo. Olina okusigala ng'osoma okutuusa ng'okutaputa kwo kukwatagana n'ekintu kyonna eky'Ebyawandiikibwa. Ebantu bibiri bwe birabika ng'ebikontana, byombi bikkirize ng'ebyawandiikibwa era genda mu maaso n'okunoonya okubikkulirwa ku ngeri y'okukwataganyaamu ebibiri bino.

5. Kozesa mu bufunze buno wammanga okusobola okulambika ebirimu mu buli kitabo kya Baibuli.

EBITABO BY'ENDAGAANO ENKADDE

(EBITABO 39)

EBITABO BY'AMATEEKA:

Oluberyeberye: Kitulaga entandikwa y'ensi, omuntu, Ssabbiiti, obufumbo, ekibi, Ssaddaaka, amawanga, obufuzi, n'abasajja ba Katonda abakulu nga Ibulayimu, Isaaka, Yakobo, ne Yosefu.

Okuva: Kitulaga engeri Isirayiri gye yafuuka eggwanga erikulemberwa Musa. Isirayiri eggibwa mu buddu bw'Emissiri era ne bagenda ku lusozi Sinaayi Katonda gye yaweera amateeka.

Ebyabaleevi: Kino kyali kitabo kya kusinza kw'aba Yisirayiri. Kitulaga ebiragiro ebidda eri abakulembeze b'eddiini era kinnyonnyola engeri omuntu omwonoonyi gy'atuukiriramu Katonda omuntuukirivu.

Kyefaaanaanyiriza n'okudda kwa Yesu Kristo ng'omwana gw'endiga ya Katonda oguggyawo ebibi by'ensi yonna.

Okubala: Kiraga emyaka gya Isirayiri amakumi ana (40), gye baamala mu ddungu oluvannyuma lw'obutagondera Katonda. Omutwe gw'ekitabo guva mu bulambe bwa mirundi ebiri (Okubala abantu) okwaliwo nga bali mu lugendo.

Ekyamateeka: Kiraga ennaku za Musa envannyuma ne kyongera n'okwekenneenya amateeka agali mu Okuva ne Ebyabaleevi.

EBITABO BY'EBYAFAAAYO:

Yoswa: Kirambulula engeri Yoswa eyadda mu bigere bya Musa, bwe yakulembera abantu ba Isirayiri eri ensi ensuubize ey'e Kanaani. Kiraga entalo ezaaliwo n'engeri ettaka gye lyagabanyizibwa eri abantu.

Ekyabalamuzi: Yisirayiri yeefulira Katonda oluvannyuma lw'okufa kwa Yoswa. Ekitabo kiraga emboozie ennakuwaza eyookudihjana ensobi zaabwe era n'abalamuzi Katonda be yabateerawo okusobola okubanunula mu mikono gy'abalabe baabwe.

Luusi: Emboozie ya Luusi eyali omukazi eyava mu bannamawanga b'eggwanga lya Mowaabu, asalawo okuweereza Katonda wa Isirayiri. Yafuuka jjajja wa Daudi omukyaka eyasooka.

1 Samwiri: Ekitabo kino kyetooloolera ku bantu basatu, Samwiri eyali omulamuzi wa Isirayiri eyasembayo, Saulo Kabaka wa Isirayiri eyasooka, ne Daudi eyasikira Saulo nga Kabaka.

2 Samwiri: Emyaka 40 egy'obufuzi bwa Kabaka Daudi bw'ekitiibwa bulagibwa mu kitabo kino.

1 Bassekabaka: Obufuzi bwa Kabaka Sulemaani ne bakabaka abaali mu bwakabaka obweyawuddemu okuyita ku mulembe gwa Akabu mu mambuka, ne Yekosofaati mu maserengeta be bantu abakulu mu kitabo kino

2 Bassekabaka: Okugwira ddala okwa Isirayiri ate Yuda najjukirwa by'ebiri mu kitabo kino. Abantu ba Katonda baagwa mu kibi eky'amaanyi.

1 Ebyomumirembe: Obufuzi bwa Daudi n'enteekateeka ey'okuzimba Yeekaalu biragibwa wano. Ebiro by'ekitabo kino by'ebimu n'eba 2 Samwiri.

2 Ebyomumirembe: Ekitabo kyongera ku byafaayo bya Yisirayiri okuyita mu bufuzi bwa Sulemaani nga kitunuulidde nnyo obwakabaka obw'ekyemmanga. Kikomekkereza n'ekiragiyo kya Siira ekyawa omugagga okudda kw'abantu okuva e Babulooni eri Yeerusaleemi.

Ezera: Okudda kw'Abayudaaya okuva mu buwambe bw'eBabulooni kulambululwa.

Yeremiya: Okuddamu okuzimba ebisenge bya Yerusalem wansi w'okuluhħamizibwa kwa Nekemiya, kujjukirwa mu kitabo kino. Omulimu guno gwali gwatandikibwa emyaka nga kkumi n'ena olvannyuma lwa Ezera okudda n'abantu.

Eseza: Katonda okununula Abayudaaya ng'ayita mu Eseza ne Moluddekaayi ky'ekiragibwa ekikulu mu kitabo kino.

EBITABO BY'EBITONTOME:

Yobu: Ekitabo kino kirimu mboozi ya Yobu, omusajja eyaliwo mu biro bya Ibulayimu. Omulamwa omukulu guli mu kibuuzo ekigamba nti, "Iwaki abantu abatuukirivu babonaabona?"

Zabuli: Kitabo kya ssaala wamu n'okutendereza okwa Baibuli.

Omubuulizi: Kinnyonnyola obutaliimu bw'obulamu obutaliimu Katonda.

Oluyimba: Okwemoola kwa Sulemaani ne mukyala we omugole Omusulamu. Embooz ikiikiridde okwagala kwa Katonda eri Isirayiri n'okwa Kristo eri Ekkanisa.

EBITABO BY'OBUNNABBI.

Ebitabo ebisinga ku bino byawandiikibwa ng'eggwanga lya Isirayiri lyeyawuddemu obwakabaka bwa mirundi ebiri, Isirayiri ne Yuda.

Isaaya: Alabula ku kulamulwa okujja eri Yuda olw'ekibi kyabwe eri Katonda.

Yeremiya: Kyawandiikibwa mu biseera by'okuggwa kwa Yuda. Yabagamba ku kulamulwa okujja era n'abakuutira okuwaayo obuyinza eri Nebukadduneesa.

Okukungubaga: Yeremiya okukungubaga (Embeera y'okulaga ennaku), olw'okwonoonebwa kwa Yerusalem abo ab'e Babulooni.

Ezeekyeri: Asooka kulabula ku kwonoonebwa kwa Yerusalem era n'alagula nti eriddizibwawo mu dda.

Danyeri: Nabbi Danyeri yawambibwa n'atwalibwa e Babulooni mu biro by'okuzingibwa kwa Yuda. Ekitabo kino kituwa okusomesebwa ku byafaayo wamu n'obunnabbi ebituyamba okutegeera obunnabbi bwa Baibuli.

Koseya: Omulamwa gw'ekitabo kino bwe butakkiriza bwa Isirayiri, ebibonerezo byabwe, n'okuzzibwawo okuva eri Katonda.

Yoweeri: Ayogera ku bizibu ebyali birangirira okulamulwa okulijja.

Amosi: Mu kiseera ky'okugaggawala mu bintu ebikalu naye ng'empisa zisiwuuka, Amosi yalabula Isirayiri n'amawanga agagiriraanye ku kulamulwa kwa Katonda olw'ebibi byabwe.

Obadiya: Kulamulwa kwa Katonda eri Edomu, eggwanga eryonoonyi eryali mu maserengeta g'ennyanja.

Yona: Emboozi ya nnabbi Yonna eyabuulira ku kwenenya mu Nineva, ekibuga ky'ettwale lya Bwasuuli. Ekitabo kiraga okwagala kwa Katonda n'enteekateeka y'okwenenya eri bannamawanga.

Mikka: Obwannabbi obulala ku lw'ekibi kya Isirayiri. Yalagula ku kifo Yesu mw'alizaalirwa emyaka Iusanvu (700) nga tekinnabaawo.

Nakkumu: Ayogera ku kusaanyawo kwa Nineva ekyali kirekeddwa emyaka nga kikumi mu ataano nga Yona kyajje abuulire.

Kaabakuuku: Alaga enteekateeka ya Katonda ey'okubonereza eggwanga eryonoonyi nga kikolebwa eggwanga erisingako okuba eryonoonyi. Asomesa nti, "Abatukuvu bajja kuba balamu olw'okukkiriza."

Zefaniya: Okulamulwa n'okuddizibwawo kwa Yuda.

Kaggayi: Akuutira AbaYudaaya okuddamu okuzimba Yeekaalu oluvannyuma lw'okulwawo okwamala emyaka ekikumi n'etaano okwaleetebwa olutalo lw'omulabe waabwe.

Zaakaliya: Ayongera kubakuutira kuzimba Yeekaalu era n'okuddamu okusalawo okwewaayo mu mwoyo. Alagula ne ku kujja kwa Yesu Kristo okusooka n'okwokubiri.

Malaki: Abalabula ku bufunda bw'omwoyo n'alagula ne kukujja kwa Yokaana Omubatiza wamu n'okwa Yesu.

EBITABO BY'ENDAGAANO EMPYA:

(Ebitabo 27)

EBITABO EBY'ENJIRI:

Ebitabo ebina ebiyitibwa eby'enjiri biraga okuzaalibwa, obulamu, obuweereza, okusomesa, okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo. Ennambika ya buli kitabo ya njawulo.

Matayo: Kikakasa nti Yesu Kristo ye Mukama era yasindikibwa eri Abayudaaya.

Makko: Kikakasa nti Yesu Kristo yali muweereza wa Katonda era yali yasindikibwa eri ab'e Rooma.

Lukka: Kiraga Yesu Kristo ng'omwana w'omuntu, omuntu atuukiridde era omulokozi w'abantu abataatuukiridde.

Yokaana: Kiraga Yesu mu kifo kye nga omwana wa Katonda.

EKITABO KY'EBYAFAAYO:

Ebikolwa by'Abatume: Ekitabo kyokka eky'endagaano empya ekiraga engeri obukristaayo gye bwasooka okukulamu okuva mu biseera Kristo bye yaddiramu mu ggulu, okuyita mu kusibibwa kwa Paulo e Rooma. Ekitabo kiraga emyaka nga amakumi asatu mu asatu (33) era essira kiritadde ku mulimu ogwa Mwoyo Mutukuvu.

EBBALUWA:

Abaruumi: Kiraga enjiri ekwata ku kulokoka olw'okukkiriza kyokka.

1 Abakolinso: Kyawandiikibwa kutereeza nsobi ezaali mu Kkanisa y'abakristaayo.

2 Abakolino: Kyogera ku buweereza bw'enjiri obutuufu, obuwanika n'obuyinza bwa Paulo ng'omutume.

Abaggalatiya: Kikwata ku nsobi y'okugattika amateeka n'okukkiriza. Omulamwa guli kutuukirizibwa lwa kukkiriza kwokka.

Abaefeeso: Kizzaamu abakkiriza amaanyi okusinziira ku bifo bye balimu mu Kristo.

Abafiripi: Essira liteereddwa ku ssanyu eriri mu bulamu bw'obukristaayo.

Abakolosaayi: Kifuddeyo nnyo k njigiriza enkyamu eraga nti Yesu teyali mwana wa Katonda. Ekitabo era kyogera nti Yesu ye mutwe gw'ekkanisa.

1 Abasesalonika: Okubuulira ku bulamu bw'ekikristaayo n'okudda kwa Yesu.

2 Abasesalonika: Ebiragiro ebiralala ku kudda kwa Mukama waffe Yesu n'engeri okumanya kino gye kiyinza okukyusa obulamu bw'omuntu obw'abulijjo.

1 Timoseewo: Kiraga enjigiriza ey'omuggundu, obukulembeze bw'ekkanisa obutegekeddwa obulungi, n'ennono z'okulungamya ekkanisa mu myaka egirija.

2 Timoseewo: Kinnyonnyola ku muweereza wa Yesu Kristo omutuufu. Era kirabula ne kukeewa kw'omwoyo okwali kumaze okutandika. Kiraga nti ekigambo y'engeri y'okutereezaamu ensobi zonna.

Tito: Ebbaluwa ya Paulo eri Tito omuweereza wa Katonda eyali omuto ku bizinga bye Kuleete. Enjigiriza n'obulamu obw'obwa Katonda bulagibwa.

Filemoon: Paulo yeegayirira olw'okudda kw'omuddu w'omukristaayo omugagga. Kiraga okwegayirira kwa Yesu ku lw'abakkiriza abaaliko mu buddu olw'ekibi.

Abaebbulaniya: Kinnyonnyola ku bussukulumu bw'obukristaayo ku Buyudaaya. Kiraga Yesu nga Kabona asingira ddala era omutabaganya wa Katonda n'omuntu.

Yakobo; Kisomesa nti okukkiriza okutuufu kulagibwa na bikolwa, wadde ng'obulokozi bwa kukkiriza kwokka.

1 Peetero: Ebbaluwa y'okugumya n'okuzzaamu abakkiriza amaanyi, n'okusinga abo abafuna okutulugunyizibwa abo abali ebweru w'ekkanisa abatali bakkiriza.

2 Peetero: Kirabula kukulumbibwa kw'omwoyo okw'omunda. Okugeza, abasomesa abakyamu abaali bayingidde ekkanisa.

1 Yokaana: Kyawandiikibwa kumalawo ebigambibwa nti Kristo si mwana wa Katonda n'omuntu. Ekitabo kinogaanya ku kukuhjaana n'okwagalana ng'abakkiriza era kikakasa abakkiriza abatuufu nti baliba n'obulamu obtaggwaa wo.

2 Yokaana: Kirabula ku kubikirira enjigiriza enkyamu era nekiraga nti amazima galina kukuumibwa na Kwagala.

3 Yokaana: Kirabula ku kibi ky'okugaana okukuħħaana n'abo ababa bakkiriza amazima.

Yuda: Kulabula okulala ku njigiriza enkyamu. Omulamwa gwe gumu n'oguli mu 2 Peetero.

EKITABO KY'OBUNNABBI.

Okubikkulirwa: Ekitabo kino kyogera ku biribaawo ku nkomerero y'ensi. Kyogera ku bintu ebyaliwo, ebiriwo, n'ebiribaawo nga bwe biri mu nteekateeka ya Katonda (Okubikkulirwa 1:19)

ESSUULA EY'OMUSANVU

ENJIGIRIZA KU KIBI

OKUNNYONNYOLA

Harmartiology kiva mu kigambo ky'Oluyonaani hamartos ekitegeeza "Ekibi." Harmartiology, mu nsoma y'ebya Baibuli, kwe kusoma ekibi okusinziira ku ndowooza ya Baibuli. Okunoonyereza kuno kulimu ennyonyola za Baibuli ku kibi, ensibuko y'ekibi, engeri ekibi gye kyayingizibwamu mu nsi, omuntu n'obutonde bw'ekibi obusookerwako, okugonjoola ekizibu ky'ekibi, okusalirwa omusango n'okubonereza ekibi, n'okuggyawo ekibi ku nkomerero y'ebiseera.

OKUNNYONNYOLA EKIBI

Ekibi kinnyonnyolwa nga "Okusubwa akabonero" k'obutuukirivu bwa Katonda okuyita mu kutyoboola amateeka ge oba okujeemera obufuzi bwe. Kiba ng'okukuba emmundu n'osubwa ekigendererwa. Kiba butasaanira ekyo ky'olina okuba n'enteekateeka ya Katonda etuukiridde eri obulamu bwo. Bayibuli eraga bulungi nti, ffenna twayonoona era tetusaanira kitibwa kya Katonda (Abarumi 3:23). Tewali mutuukirivu n'omu (Abarumi 3:10).

Bayibuli ekozesha ebiambo ebiwerako eby'enjawulo ku kibi:

Obubi.

Obubi kitegeeza okuba n'endowooza embi ey'okukola emivuyo. Kwe kulagajjalira mu birowoozo obutuukirivu, obwenkanya, amazima, n'empisa ennungi:

Bwe kiriba bwe kityo ne ku nkomerero y'ensi, bamalayika balija ne baawulamu abantu abatuukirivu n'ababi. (Matayo 13:49)

Okusobya.

Okusobya kitegeeza okumenya amateeka. Kiba ng'omuntu ayingira w'atalina kuyingira:

Kale Iwaki amateeka gaateekebwawo? Gaagattibwa ku kisuubizo olw'aboonoonyi okutuusa ezzadde eryasuubizibwa lwe lirikomawo, nga lyawulibbwa mu bamalayika olw'omukono gw'omutabaganya. (Abaggalatiya 3:19)

Obutali butuukirivu.

Ekigambo kino kitegeeza obutali bwenkanya, obubi, obutali butuukirivu, bulimba, n'obulimba:

Buli ekitali kya butuukirivu kibi, naye waliwo ekibi ekitaleetera muntu kufa. (1 Yokaana 5:17)

Obutatya Katonda.

Obutatya Katonda kitegeeza obutali bwesimbu, obubi, n'obutafaayo nnyo ku Katonda. Kwe kuyisa Katonda ng'alinga ataliwo. Obutatya Katonda si kye kimu n'obutakkiriza mu Katonda, obukkiriza nti tewali Katonda. Obutatya Katonda kwe kumanya nti waliwo Katonda, naye nga tumubuusa amaaso ddala n'amateeka ge:

**Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibba okuva mu ggulu ku abo abataty Katonda
bonna n'abakaafiiri bonna ku bye bakola okuziyiza amazima okuvaayo. (Abaruumi 1:18)**

Obutali butuukirivu.

Obutali butuukirivu kitegeeza obutaba na mateeka, oba nga tolina mateeka oba okumenya amateeka:

Ndibaddamu nti, 'Sibamanyi, muve mu maaso gange, kubanga ebikolwa byammwe byali bibi.'
(Matayo 7:23)

Obujeemu.

Obujeemu kikontana n'obuwulize. Kitegeeza okubuusa amaaso Katonda n'etteeka lye:

**Obujeemu bw'omuntu omu bwafuula abangi okuba aboonoonyi. Bwe butyo n'obuwulize
bw'omuntu omu Yesu, bulifuula bangi okuba abatuukirivu. (Abaruumi 5:19)**

Okumenya amateeka.

Okusobya kitegeeza okuva mu kkubo ettuufu n'osala ensalo okuva ku kituufu okudda mu kikyamu. Kiba nga okubeera ku ttaka ly'omuntu omulala gy'otali;

Edda mwali mufiiridde mu byonoono byammwe ne mu bibi byammwe. (Abaefeso 2:1)

ENSIBUKO Y'EKIBI

Obubi bwaliwo nga omuntu tannatondebwa. Ekibi kyatandikibwawo Lusifa era amanyiddwa nga Sitaani. Baibuli ewandiika nti Lusifa yali malayika ow'enjawulo eyatondebwa mu kusooka Katonda ng'atuukiridde. Lusifa yayonoona bwe yagezaako okujeemera Katonda. Olw'ekibi kino, Lusifa yasuulibwa okuva mu Ggulu ku nsi:

**Ng'ogudde okuva mu ggulu, ggwe emunyeenyey ey'enkyo, omwana w'emambya!
Ng'otemeddwa n'ogwa ku ttaka, ggwe eyamegganga amawanga. Wayogera mu mutima gwo
nti, "Ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emunyeenyey za Katonda; era
nditeeka entebe yange waggulu ntuule ku lusozi olw'okukunjaaanirako ku njuyi**

ez'enkomerero ez'obukiikkono; ndyambuka okusinga ebire we bikoma, ndyoke nfuuke ng'oyo ali waggulu ennyo. (Isaaya 14:12-14)

Wali kerubi omukuumi eyafukibwako amafuta, nakwawula lwa nsonga eyo. Wabeeranga ku lusozi olutukuvu olwa Katonda, n'otambulira wakati mu mayinja ag'omuliro. Tewaliiko kya kunenyezebwा kyonna okuva ku lunaku lwe watondebwa, okutuusa obutali butuukirivu bwe bwalabika mu ggwe. Mu bikolwa byo ebingi, wajjula empisa embi, era n'okola ebibi.

Kyennava nkugoba ku lusozi lwa Katonda, mu buswavu obungi ne nkugoba ggwe kerubi eyakuumanga okuva mu mayinja ag'omuliro. (Ezeekyeri 28:14-16)

ENGERI EKIBI GYE KYAYINGIRA MU NSI

Ku nsi, Lusifa (eyamanyibwa nga Sitaani) yagenda mu maaso n'okujeemera Katonda. Nga Katonda yatonda omusajja n'omukazi abaasooka (Adamu ne Kaawa), Sitaani yabaleetera okwonoona eri Katonda. Obujeemu oluusi buyitibwa "okugwa kw'omuntu", ekitegeesa nti omuntu yagwa okuva mu butuukirivu.

Sitaani ayingira nsi mu Olubereberye essuula 3 ng'alabika ng'omusota, nga lino ly'erinnya lye eddala (Okubikkulirwa 12:9). Mu butuufu yalabikira mu kifaananyi n'engeri y'omusota oba omusota.

Okusobola okutegeera obulungi ekikemo, tulina okwetegereza ebiragiro Katonda bye yasooka okuwa omuntu:

Mukama Katonda n'alagira omuntu nti, "Emiti gyonna egypt'omu nnimiro olyangako. Naye omuti ogw'okumanya ekirungi n'ekibi ogwo togulyangako, kubanga lw'oligulyako tolirema kufa. (Olubereberye 2:16-17)

Omutendera ogwasooka mu kugwa kwa Kaawa mu kibi kwe kubeera mu kifo ekikyamu. Mu Olubereberye 3 tumusanga okumpi n'omuti ogwagaanibwa. Engero zigamba ku kkubo ly'obubi:

Lyewalenga, tolitambulirangamu, liveeko okwate ekkubo lyo. (Engero 4:15)

Ekyokubiri, Kaawa teyalina kuyingira mu mboozi ne Sitaani ebigambo bye ebyasooka yabuuusabuusa ebiragiro Katonda bye yawa:

Kale nno omusota gwali mukalabakalaba okukira ensolo zonna ez'omu nsiko, Mukama Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi nti, "Kazzi Katonda yagamba nti, 'Temulyanga ku muti gwonna ogw'omu nnimiro (Olubereberye 3:1)

Okubuuusabuusa amazima g'ekigambo kya Katonda emirundi mingi y'engeri Sitaani gy'atandikawo enkola y'okukemebwa. Mukwanukula Sitaani, Kaawa yajuliza Kigambo kya Katonda mu bukyamu. Yayongera ku biragiro bya Katonda nabyo, era yakendeeza ku kibonerezko ky'ekibi:

kyokka Katonda yatulagira nti, 'Temulyanga ku kibala ky'omuti oguli wakati mu nnimiro, wadde okugukwatako, muleme okufa. (Olubereberye 3:3)

Geraageranya olunyiriri luno n'Olubereberye 2:16-17. Katonda teyagamba nti "era temugukwatako." Kino Kaawa yeyakyongerako. Okuva ku ntandikwa, omuntu yatandika okwongerako ebirowoozo bye, ebiragiro bye, n'okugoberera amateeka ge okuva ku kigambo kya Katonda. Katonda era yagamba nti "Dala tolirema kufa." Kino kye kyali ekibonerezko ky'okulya ku muti. Kaawa kino yakikyusa n'agamba nti "tolirema kufa," ekitegeeza "Oyinza okufa."

Leero, waliwo omuze gwe gumu ogw'okukendeeza ku kibonerezko ky'ekibi. Abantu bagamba nti, "Mazima Katonda omutuukirivu teyasobola kusindika muntu yenna mu Ggeyeena!" Mu butuufu, Katonda tasindika muntu yenna mu Ggeyeena. Omuntu asalawo okugendayo olw'ebikolwa bye eby'ekibi. Ekibonerezko ky'ekibi kisigala nga kya lubeerera okwawukana n'okubeerawo kwa Katonda mu Ggeyeena. Emirundi mingi abantu tebamanyi kibi olw'ekyo kye kiri. Okuggyamu embuto kiyitibwa enkola "Yakizaala ggumba" mu kifo ky'okutta. Omukwano ogw'obwenzi oluusi kiyitibwa "nkolagana."

Mu kuddamu Kaawa, Sitaani yakontana n'Ekipambo kya Katonda:

Naye omusota ne gugamba omukazi nti, "Temugenda kufa. Kubanga Katonda amanyi nga lwe muligulyako amaaso gammwe lwe galizibuka, era mulifaanana nga ye, okumanyanga ekirungi n'ekibi. (Olubereberye 3:4-5)

Sitaani yali ayagala kwawula Kaawa okuva ku Katonda. Sitaani yagamba nti Katonda yali akimanyi nti ajja kufuna emigaso mingi gy'okulya omuti guno. Yandibadde afuna okumanya ennyo n'okufuuka nga katonda. Mu kyo yali agamba nti, "Katonda tateekwa kukulowooza nnyo. Kaawa yandibadde addamu nti, "Nze nnafaanana dda Katonda," kubanga yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda.

Olubereberye 3:6 lunnyonnyola ekiseera ekisinga okuba eky'ekizikiza mu byafaayo by'omuntu:

**Awo omukazi bwe yalaba ng'omuti mulungi nga gusanyusa okutunulako era gwegombewa okuleeta amagezi, n'anoga ekibala kyagwo n'alya; n'awaako ne bba naye n'alya.
(Olubereberye 3:6)**

Mu bufunze: Kaawa yali mu kifo kikyamu. Yeeteeka mu kifo we yali ayinza okukemebwa. Oluvannyuma yawuliriza omulabe, Sitaani. Ekiddako yatunuulira n'okwegomba ekyo Katonda kyeyali agaanyi. Awo Kaawa n'agenda n'aggya ku muti n'alya. Yalya ku ekyo Katonda kyeyali ataddeko akabonero k'ekibi. Ekyasembayo ekyavaamu kwe kuba nti ekibi kye kyakosa Adamu bwe yawa ekibala ekyo ye n'alya. Bw'oyonoona, ebiseera ebisinga kikwata ku abo abakwetoolodde era bwe boonoona, bayingira munkulungo y'emu ey'ekibi.

EBYAAVA MU KIBI

Ebyavaamu embagirawo:

-Okumanya ekirungi n'ekibi: Amangu ddala nga bamaze okugwa, Adamu ne Kaawa baali tebakyal mu mbeera ey'obutamanya. Baategeera enjawulo wakati w'ekirungi n'ekibi era ne bategeera nga bwe baali obwereere era nga bakola kibi (Olubereberye 3:7).

-Okwefuula omuntuukirivu: Adamu ne Kaawa baagezaako okukola engoye mu bikoola by'ettiini nga kino (kyekyokulabirako eky'okungulu) eky'ebyo omuntu by'agezaako okukola mu by'omwoyo. Nga tukitegedde nti tuli boonoonyi, tulowooza nti okwetereeza kijja kulongoosa ekibi kyaffe (Olubereberye 3:7), naye okwefuula abatuukirivu tekumala nga ebikoola by'ettiini eby'abikka ku Adamu ne Kaawa: Ffenna twafuuka batali balongoofu era obutuukirivu bwaffe buli nga nziina ezijjudde obukyafu (Isaaya 64:6).

-Okutya n'okuswala: Katonda bwe yajja okwogera ne Adam ne Kaawa, beekwekamu olw'okuswala n'okutya (Olubereberye 3:10). Ensonyi n'okutya nneewulira enkulu endala zonna mwe ziva.

-Okwawukana ne Katonda: Katonda si yeeyava mu maaso g'omuntu, wabula, omuntu ye yali yeeggya ku Katonda. Adamu ne Kaawa baagezaako okwekweka Katonda.

Omusota gusalirwa omusango: Mu bino mwalimu:

-Enkula y'omubiri eyakyuka: Enkula y'omubiri Sitaani gye yakozesa okukemebwa yakolimirwa. Omusota mu kusooka gwatambula nga gwegolodde, naye okuva mu kiseera kino ne gutambulira ku lubuto lwe nga guyita mu nfuufu.

-Obulabe wakati wa Sitaani n'omuntu: Eno ye yali entandikwa y'ekyo kye tuyita "olutalo olw'omwoyo," nga Sitaani alwanirira emmeeme y'omuntu. Olutalo luno lukyagenda mu maaso n'okutuusa leero. Harvestime International Institute egaba omusomo ogutuumiddwa "Enkola z'omwoyo; Ekitabo ky'olutalo lw'omwoyo" nga essira litekeebwa ku lutalo luno olw'omwoyo era nga kiwa obukodyo bw'okuwangula omulabe.

-Omutwe ogubetenteddwa: Ekibonerezo ekyokusatu ku musota mu butuufu kisuubizo eri omuntu omwonoonyi. Newankubadde Sitaani yandimenye ekisinziiro" ky'omuntu mu by'omwoyo ng'ayita mu kibi, ensigo (ezzadde) eyandibadde okuva mu mukazi yandibetenta omutwe gwa Sitaani (Olubereberye 3:15). Kino kye kyali ekisuubizo ekyasooka eky'a Omulokozi olw'ekibi ky'abantu. Newankubadde Sitaani yandikosezza omuntu okuyita mu kibi, Omulokozi yandibadde asindikibwa Katonda ng'ayita mu mukazi era amaanyi g'ekibi gandimeneysese. Elikangabwa ky'ekibi kyajja okuyita mu kugwa kw'omukazi. Okununulibwa era kwandizze nga kuyita mu mukazi eyandizadde Mukama waffe Yesu Kristo.

Ensala y'omusango Entongole Ku Adamu: Zino zaali:

-Okukola ennyo: Nga tannakola kibi Adamu yalabirira ettaka mu ssanyu, naye kati alina okukola ennyo. Embeera y'ensi yakyuka. Ettaka eryali eggimu era nga teririna biwuka oba omuddo ne lijula amaggwa n'amatovu.

-Okufa: Ekibonerezo ky'okufa mu butonde kyassibwa ku Adamu. Katonda yagamba nti omulambo gwe gugenda kudda ku mu ttaka, kubanga "oli nfuufu, era mu nfuufu mw'olidda." Okufa mu by'omwoyo nakyo kyali kibonerezo kya kibi. Katonda yagamba nti "emmeeme eyonoona, ejja kufa" (Ezeekyeri 18:20). Awatali kusonyiwa musajja yandifudde okufa okw'omwoyo okw'okwawukana ne Katonda emirembe gyonna.

Ensala y'omusango Entongole Ku Kaawa: Zino zaali:

-Ennaku mu kuzaala: Ekikolimo ky'obulumi n'ennaku kyateekebwa ku kuzaala.

-Okugondera: Kaawa yalina okugondera bba.

Ebibonerezo Ku Adamu Ne Kaawa: Katonda yagga Adamu ne Kaawa mu mbeera ennungi ey'Olusuku Adeni eri ensi ejjudde ennaku, obulumi, amaggwa, n'okufa.

Katonda yalabula Adamu ne Kaawa nti ebibonerezo eby'ekibi byandibaddemu okufa mu mubiri ne mu by'omwoyo. Okufa mu by'omwoyo kwali kufiirwa enkolagana yaabwe ne Katonda. Okufa okw'omubiri kwali kufa kwabwe okw'omubiri. Ekifo kyokka ekisanyusa mu ssuula yonna ey'Olubereberye 3 kye kisuubizo ky'Omununuizi eyali agenda okumenya amaanyi ga Sitaani (Olubereberye 3:15)

OMUNTU N'EMBALA Y'EKIBI

Mu kusooka, omuntu yatondebwa mu kifaananyi kya Katonda. Yali talina musango era nga mutuukirivu. Ng'omuntu eyasooka, yali abeera mu mbeera etuukiridde kale n'olwekyo ekibi kye tekyava mu mbeera ye oba lwa bajajajaabe--ensonga ezitera okunenyebwa mu bukyamu olw'ekibi.

Kyokka olw'ekibi kya Adamu ne Kaawa, ekibi n'okufa byajja eri abantu bonna:

Ekibi kyajja mu nsi olw'omuntu omu, ne kireeta okufa mu nsi. Mu ngeri y'emu olw'okuba nga bonna baayonoona, bonna balifa. (Abaruumi 5:12)

Buli muntu azaalibwa asikira embala y'ekibi. Omuntu we ow'omunda (1 Timoseewo 4:2); by'ayagala (Abaruumi 1:28); omutima gwe (Abaefeso 4:18); amagezi ge (2 Abakkolinso 4:4; Abaruumi 1:28); ne obulamu bwe bwonna bwonna bwonooneka (Abaruumi 1:18-3:29).

Nga engeri z'omubiri bwe zisikirwa, n'engeri ez'omwoyo ez'ekibi zisikirwa. Buli muntu ayonoona era ayolekera ebibonerezo eby'okufa mu mubiri ne mu mwoyo. Buli muntu asikira embala y'ekibi era buli muntu ayonoona kinnoomu bw'asendebwasendebwa obutonde buno obw'ekibi okujeemera Katonda:

**Naye buli muntu akemebwaa ng'okwegomba kwe okubi, bwe kuli, n'asendebwasendebwa.
Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, ne kuzaala ekibi, n'ekibi bwe kikula ne kizaala okufa. (Yakobo 1:14-15)**

Bonna boonoonye, naye Katonda yawaddeyo ekkubo ery'okuwona ebibonerezo by'ekibi. Okuyita mu kwenenya okuva mu bikolwa ebifu n'okukkiriza Yesu Kristo ng'Omulokozi ow'obuntu osobola "okulokolebwa" okuva mu ebibonerezo by'ekibi. (Laba enjigiriza y'obulokoz mu kitabo kino.)

EKYOKUDDAMU ERI EKIZIBU KY'EKIBI

Yesu yagamba nti, "Nze kkubo n'amazima n'obulamu. Tewali ajja eri Kitaffe okuggyako okuyita mu Nze" (Yokaana 14:6). Ebikolwa 4:12 bikakasa nti, "Obulokozi tebusangibwa mu muntu mulala, kubanga tewali Linnya wansi w'eggulu eryaweebwa abantu lye tulina okulokolebwa." Yesu Kristo y'addamu eri ekizibu

ky'ekibi. Ye kkubo lyokka erigenda eri Katonda era y'engeri yokka ey'okusonyiyibwa. Abaruumi 10:9 erangirira nti, "Bw'oyatula n'akamwa ko nti Yesu ye Mukama waffe: era okkirize mu mutima gwo nga Katonda yamu zuukiza okuva mu bafu, ojja kulokolebwa."

Mu butuufu, ekibi kyawula abantu ku Katonda, naye ate Katonda awaddeyo okutabagana n'okusonyiyibwa ekibi okuyita mu Mwana we Yesu Kristo. Ekigonjoola ekizibu ky'ekibi kwe kwenenya n'okununulibwa okuyita mu Kristo (Abaruumi 5:12-21; Abaruumi 7:21-25; Abakkolosaayi 2:13-15)

OKUSALIRWA OMUSANGO N'EKIBONEREZO OLW'EKIBI

Abantu bona okusalirwa omusango olw'ekibi, naye Kristo alokola abo abamwesiga olw'obulamu obutaggwaawo era okusonyiyibwa ebibi (Yokaana 3:16). Abakkiriza aboonoona bayinza okusalirwa omusango Mukama olw'okutereeza ebigendererwa, naye tebafiirwa bulokozi bwabwe buli lwe boonoona (Abaruumi 8:37-39; Abeefeso 2:8-9). Abo abatesiga Kristo bafuna ekibonerezo ekitaggwaawo ng'omusango gwabwe (Matayo 25:46).

Okufa okw'omwoyo, okufa okw'omubiri, n'okufa okw'olubeerera byonna bibonerezo bya kibi, ng'okubonaabona mu bulamu buno. Naye awatali kubuusabuusa, okufa emirembe gyonna kye kibonerezo ekisinga obubi olw'ekibi ekiyinza okulowoozebwako kubanga tewali mukisa mulala gwa kutabagana ne Katonda nga bwe kivaamu okweyawula emirembe gyonna ne Katonda (2 Abasessaloniika 1:8-9).

Ekibi bulijjo kiba n'ebivaamu eri obulamu obuliwo kati n'obuddako. Omukkiriza tayinza kudduka ebivaamu ebimu ne/oba okukangavvulwa olw'ekibi kye ky'atayatudde, naye omusango guno tegukola okusazaamu obulokozi bwe okuggyako ng'akyusizza ddala Katonda omugongo. Waliwo ebibonerezo ebiyungiddwa n'ekibi ky'omukkiriza ekitannaba kwatula, naye. Mu bino mulimu:

- Okufiirwa essanyu n'emirembe gye: Abaggalatiya 5:22.
- Okufuuka ekizibu eky'omwoyo eri abalala: 1 Yokaana 2:10.
- Okulemesa okusaba kwabwe: 1 Yokaana 3:19-22.
- Okunakuwaza Omwoyo Omutukuvu: Abeefeso 4:30.
- Okuwulira ensonyi nga Mukama akomyewo: 1 Yokaana 2:28.
- Okufiirwa okussa ekimu ne Katonda n'abakkiriza abalala: 1 Yokaana 1:6.
- Okukangavvulwa okuva eri Katonda olw'ekibi ekitaggwaawo: Abebbulaniya 12:6.
- Ekkanisa okukangavvula ebibi ebimu: 1 Abakkolinso 5:4-5.
- Okufa mu mubiri olw'ebibi ebimu: 1 Abakkolinso 11:30.

Eddagala eriwonya ekibi ky'omukkiriza kwe kwatula n'okukireka (1 Yokaana 1:8-9).

ENKOMERERO Y'EKIBI

Ekibi kijja kusigala nga weekiri okutuusa ku nkomerero y'ebiseera nga bwe tukimanyi, mu kiseera ekyo omusango n'ekikolimo ky'ekibi bijja kuggyibwawo ng'abaana ba Katonda bafuna essanyu eritaggwaawo mu maaso ga Mukama (Okubikkulirwa 21). Ekibi tekija kuddamu kubaawo. Okubikkulirwa 22:3 eraga nti; tewajja kubaawo ekintu kyonna ekikolimiddwa, naye entebe ya Katonda n'ey'Omwana gw'Endiga eriba mu yo, era abaddu be bajja kumusinza."

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola Enjigiriza ku kibi.

.....
.....
.....

2. Masomo ki agali mu njigiriza y'e Kibi

.....
.....

3. Nnyonnyola ebigambo bino wammanga:

- Ekibi.....
- Obubi.....
- Okumenya amateeka.....
- Obutali butuukirivu.....
- Obutatya Katonda.....
- Obutali butali bwenkanya.....
- Obujeemu.....
- Okumenya amateeka.....

4. Ekibi kyasibuka wa era mw'ani?

.....
.....

5. Ekibi kyayingizibwa kitya mu nsi?

.....
.....

6. Funza enkulaakulana y'okugwa kw'omuntu mu kibi nga bwe kyawandiikibwa mu Olubereberye 3.

.....
.....

.....
.....
.....
7. Nnyonnyola ebyembagirawo ebyava mu kibi ekyasooka.

-Okumanya ekirungi n'ekibi.....

-Okwefuala omuntuukirivu.....

-Okutya n'okuswala.....

-Okwawukana ne Katonda.....

8. Wandiika emisango esatu egy'enjawulo ku musota.

.....
.....
.....

9. Wandiika ebyasalirwa omusango ku muntu.

.....
.....

10. Wandiika emisango ebiri egy'enjawulo ku Kaawa.

.....
.....

11. Adamu ne Kaawa baagobererwa wa oluvannyuma lw'okwonoona?

.....
.....
.....

12. Funza Baibuli ky'eyigiriza ku "Mbala y'ekibi eyasooka."

.....
.....

13. Kiki ekyagonjoola ekizibu ky'ekibi mu Baibuli?

.....
.....

14. Baibuli eyigiriza ki ku bikwata ku musango n'ebibonerezo ebrisembayo olw'ekibi?

.....
.....
.....

15. Ebijuliziddwa bino biyigiriza ki ku bikwata ku bibonerezo by'ekibi ekitali kyatule?

Abaggalatiya 5:22.....

1 Yokaana 2:10.....

1 Yokaana 3:19-22.....

Abeefeso 4:30.....

Yokaana 2:28

Yokaana 1:6.....

Abebbulaniya 12:6.....

1 Abakkolinso 5:4-5.....

16. Ekibi kinaakoma ddi?

.....
.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ebijuliziddwa bino wammanga bikunjaanyiziddwa ebibi ebiwandiikiddwa mu Baibuli. Ebimu biddibwamu mu lukalala olusukka mu lumu. Bye.....

-Musanvu ebiva mu mutima ne byonoona: Matayo 15:18-20

-Kkumi na ssatu eziva mu mutima ne ziyoona: Makko 7:21-23

-Abiri mu ssatu ebireeta omusango gwa Katonda: Abaruumi 1:29-32

-Musanvu abakkiriza bye batasobola kukola: Abaruumi 13:13,14

-Mukaaga abakkiriza bye batalina kukwatagana nabyo: 1 Abakkolinso 5:9-11

-Ekkumi ebiremesa okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda: 1 Abakkolinso 6:9,10

-Kkumi na musanvu ebiremesa okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda: Abaggalatiya 5:19-21

-Ebina ebireeta obusungu n'okulemesa okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda: Abeefeso 5:5-6

-Ekkumi n'emu abakkiriza mwe balina okweresa: 2 Abakkolinso 12:20-21

-Omwenda abakkiriza mwe batasaanidde kubeeramu: Abeefeso 4:17-19

-Mukaaga ebitateekwa kubeerawo mu bakkiriza: Abeefeso 5:3,4

-Mwenda abakkiriza bye balina okuggyawo: Abeefeso 4:25,28,29,31

-Mukaaga abakkiriza bye balina okuggyawo: Abakkolosaayi 3:8,9

-Mukaaga abakkiriza bye balina okutta era ebireeta obusungu bwa Katonda: Abakkolosaayi 3:5-6

-Kkumi na nnya ebyaleetesha amateeka: 1 Timoseewo 1:9-10

-Kkumi na mwenda abakkiriza mwe balina okuva: 2 Timoseewo 3:1-5

-Mmwenda abakkiriza mwebalokolebwa: Tito 3:3-5

-Ebitaano abakkiriza bye balina okuteeka ku bbali: 1 Peetero 2:1

-Ebibi musanvu eby'omubiri abakkiriza mwe batakyabeera: 1 Peetero 4:2-4

-Munaana ebisalira omusango gw'okugenda mu nnyanja ey'omuliro: Okubikkulirwa 21:8

-Mukaaga ebiremesa okutuuka ku muti gw'obulamu n'ekibuga ekitukuvu: Okubikkulirwa 22:14

2. Soma enteekateeka eno wammanga ey'enjigiriza ya Yesu ekwata ku kibi:

Sitaani N'ekibi:

Matayo 4:10; 12:26,27, 12:26,27; 13:19; 16:23; 25:41

Makko 3:23,26; 4:15; 8:33

Lukka 4:8; 10:18; 11:18,19; 22:31

Yokaana 8:34-36; 14:30

Okuvvoola Katonda:

Matayo 12:31,32; 15:19

Makko 3:28,29; 7:21,22

Lukka 12:10

Okubuuusabuusa:

Matayo 14:31; 17:17,20

Makko 2:8; 9:19; 16:16

Lukka 9:41

Yokaana 3:11,12,18; 4:48; 5:38,40,43-47, 6:64; 8:24,45-47 12:47,48 12:47,48; 15:22,24

Obunnanfuuisi:

Matayo 6:2,16; 15:7,8; 23:13-15,25,27-29

Makko 7:6; 12:40

Lukka 11:44; 12:1; 20:47

Amalala:

Matayo 23:5-7,12

Makko 7:21,22; 12:38,39

Lukka 11:43; 14:11; 20:46

Obusungu:

Matayo 5:22

Ettemu:

Matayo 5:21; 15:19; 19:17,18

Makko 7:21; 10:19

Lukka 18:20

Yokaana 8:44

Obwenzi, Obwenzi, Okwegomba:

Matayo 5:27,28,32; 15:19; 19:9,11,12,17,18

Makko 7:21,22; 10:11,12,19

Lukka 16:18; 18:20

Okugattululwa mu bufumbo:

Matayo 5:31,32; 19:8,9

Makko 10:3,5,11,12

Lukka 16:18

Obubbi:

Matayo 15:19; 19:17,18

Makko 7:21,22; 10:19

Lukka 18:20

Omujulizi ow'obulimba, Obulimba, Obufere:

Matayo 15:19; 19:17,18

Makko 7:21,22; 10:19

Lukka 18:20

Yokaana 8:44

Ebirowoozo Ebibi, Eriiso Ebibi, Obubi, Obusirusiru:

Matayo 6:23; 9:4; 15:19; 20:15

Makko 7:21,22

Lukka 11:34

Okwegomba:

Makko 7:21,22

Lukka 12:15-21

Okwegomba Ebintu N'ensi:

Matayo 6:19-21,24; 12:39; 13:3,22; 16:4; 24:38,39

Makko 4:3,7,18,19; 8:12

Lukka 8:14; 9:60; 10:41,42 era nga; 11:29; 14:16-24; 16:1-9,13,15; 17:26-29; 21:34

Yokaana 4:48; 6:27

Okulwawo okukola:

Okulwawo kitegeeza okulwawo okukola ekintu buli kiseera.

Matayo 24:45-51

Lukka 12:42-47; 13:25-28; 14:16-20

Okusalawo:

Matayo 7:1-5; 12:7

Makko 4:24

Lukka 6:37,41,42

Yokaana 8:7,10,11,15

Okuziba Omutima:

Matayo 13:13-15; 15:14; 16:2,3

Makko 4:12; 8:18,21

Lukka 8:10; 12:54-56

Okudda emabega:

Okudda emabega kitegeeza okukyuka okuva ku kugoberera Yesu.

Matayo 12:43-45

Lukka 11:24-26

Okusaddaaka:

Okusaddaaka kwe kutyoboola ekyo ekitukuvu: Matayo 7:6.

Okuvumirira Ekibi:

Matayo 10:14,15; 11:22,23; 12:34,41,42, 13:13-15; 16:4; 18:7; 21:19; 23:13-15,25,27,29,33-36

Makko 6:11; 8:12; 11:14

Lukka 6:24-26; 9:5; 10:10-15; 11:29,32,42,44,46,47,49-52

ESSUULA EY'OMUNAANA

ENJIGIRIZA KU BULOKOZI

OKUNNYONNYOLA

Soteriology kye kitundu ky'Enjiriza ya Baibuli ekyekenneanya ensonga y'obulokozi. Enkola y'okunoonyereza ku mbeera z'abantu ekwata ku mulimu gwonna ogw'obulokozi bwa Baibuli--ebyayita, ebiriwo kati, n'ebi'omu maaso.

Ebimu ku bibuuzo ebikulu ebyekenenyezeddwa mu kunoonyereza kwa Soteriology mulimu bino wammanga:

- Obulokozi kye ki?
- Lwaki obulokozi bwetaagisa?
- Obulokozi bunnyonnyolwa butya mu byawandiikibwa?
- Makulu ki ag'ebigambo bya Baibuli ebikwatagana n'obulokozi?
- Omuntu alokoka atya?
- Abantu baalokolebwa batya mu biseera by'endagaano enkadde?
- Okubatizibwa kyetaagisa okusobola okufuna obulokozi?
- Ate abo abatawulira Njiri?
- Omuntu asobola okufiirwa obulokozi bwe?

OBULOKOZI

Obulokozi, nga bwe bukwatagana n'enzikiriza y'Elikristaayo, kwe kusonyiwa n'okununulibwa okuva mu kibi n'ebivaamu okuyita mu Yesu Kristo. Mu njigiriza y'Elikristaayo ey'obulokozi, tulokoka okuva "obusungu," --Omusango gwa Katonda ogw'ekibi (Abaruumi 5:9; 1 Abasessalonika 5:9) n'okuva mu bivaamu eky'ekibi nga kino kwe kwawukana emirembe gyonna ne Katonda--era okuyitibwa okufa okw'omwoyo(Abaruumi 6:23).

Waliwo ekitundu ky'obulokozi obw'emabega, obw'omu kiseera kino, n'obw'omu maaso. Bw'owenena n'okkiriza Yesu Kristo nga Omulokozi, ollokoka okuva mu bibonerezo by'ebibi eby'edda. Nga bw'ogenda

mu maaso n'okutambula mu Kristo, mulokoka okuva mu bibi mu kiseera kino. Mu maaso, ojja kutuusibwa okuva mu okubeerawo kw'ekibi nga oyingira emirembe n'emirembe okubeera ne Mukama emirembe gyonna.

LWAKI OBULOKOZI BWETAAGISA

Obulokozi bwetaagibwa olw'okugwa kw'omuntu mu kibi, ebyavaamu eby'entiisa eby'ekibi, era eky'okuba nti obutonde bw'ekibi obusookerwako bwayisibwa mu bantu bona okuva mu kiseera ekyo (Olubereberye 3; Abaruumi 5; 1 Abakkolinso 15). Bayibuli eyigiriza nti bona boonoonye era ne balemererwa okutuuka ku kigera kya Katonda eky'ekitiibwa kye kibikkule mu ffe. Mu butonde, tuli "abaana b'obusungu" era nga twafirwa mu by'onoono n'ekibi (Abaefeso 2:1-3).

Ebintu eby'omwoyo ebyava mu kugwa kw'omuntu mu kibi mwalimu okwawukana ne Katonda; okwesalira omusango; okuvumirira; obugwenyufu; n'okufa okw'omubiri n'omwoyo (Olubereberye 3). Tuli baweereza ba kibi (Abaruumi 6:17). era nga tetusobola kwetaasa (Isaaya 64:6; Abaruumi 3:20).

Obulokozi bwetaagibwa okusobola okusonyiyibwa ekibi n'okutuuka mu maaso ga Katonda kati n'emirembe gyonna. Katonda awadde obulokozi n'okusonyiyibwa okuyita mu Yesu Kristo, era kwe kwagalaka kwe bona balokolebwe era tewali n'omu alina kuzikirizibwa (1 Peetero 3:9). Kyokka Katonda by'ayagala, tebigaana ddembe ly'omuntu ery'okwesalirawo okukkiriza oba okugaana Kristo ng'Omulokozi. Obussukulumu bwa Katonda n'obuvunaanyizibwa bw'omuntu, wadde nga mu buntu buzibu okutegeera, mazima agakontana--amakulu ebigambo bibiri ebirabika ng'ebikontana, naye nga byombi bituufu era nga bifunibwa mu butuufu okukubaganya ebirowoozo. Enzikiriziganya ya Baibuli wakati w'ebintu bino byombi ebeera mu kubikkulirwa okw'omwoyo, so si mu kubikkulirwa okw'omubiri.

OKUBULA MU KIBI

Bino byebimu bye twafirwa eby'amaanyi olw'ekibi:

Okufiirwa endowooza etalina musango. Amangu ddala nga bamaze okugwa, Adamu ne Kaawa baali tebakyalina musango. Bategeera enjawulo wakati w'ekirungi n'ekibi era n'ebategeera nti baali bagudde mu kibi. (Olubereberye 3:7).

Okufiirwa enkolagana ne Katonda. Katonda teyeggyawo mu maaso g'omuntu, wabula, ekyo yali muntu eyeeggya ku Katonda. Katonda bwe yajja okutambula n'okwogera ne Adamu ne Kaawa nga bwe yakolanga bulijjo, beekweka gy'ali.

Okufiirwa obulamu obulungi mu nneewulira entuufu. Adamu ne Kaawa baafuna ensonyi n'okutya (Olubereberye 3:10). Okutya ebiseera eby'omu maaso n'okuswala olw'ebyo eby'emabega nneewulira za mirandira egg'eda.

Okufiirwa obutuukirivu obw'okutya Katonda. Adamu ne Kaawa baagezaako okukola engoye mu bikoola by'ettiini nga kino ekika (eky'akabonero) eky'ekyo omuntu ky'agezaako okukola mu by'omwoyo. Nga tukitegedde nti tuli boonoonyi, tufuba okukola obulungi ffe kennyini. Tulowooza nti okwetereeza

kijja kumalawo ekibi kyaffe (Olubereberye 3:7), naye okwetuukiriza kwaffe tekumala nga ebikoola by'ettiini bwe byali bibikka Adamu ne Kaawa: Ffenna twafuuka batali balongoofu era obutuukirivu bwaffe buli nga nziina ezijjudde obukyafua . (Isaaya 64:6)

Okufiirwa enkolagana ennungi n'abalala. Adamu bwe yaggwa mu kibi, yanenya Kaawa n'anenya omusota. Bwetutyo bwetulaba enkolagana mu family eyasooka ng'effa. Tekyatwala banga ggwanvu nnyo mu biwandiiko bya Baibuli ng'ettemu eryasooka terinnabaawo mutabani waabwe Kayini bwe yatta ow'oluganda lwe Abbeeri.

Okufiirwa obulamu obutaggwaawo. Adamu ne Kaawa tebandifudde singa ekibi tekyayingira mu nsi. Obulamu obutaggwaawo bwasaanawo olw'ekibi, ekyavaamu okufa okw'omubiri okujja mu nsi. Bayibuli egamba nti bona bajja kufa mu mubiri, naye ekisinga obukulu, eraga nti ekiva mu kibi kwe kufa okw'omwoyo okuyita mu kweyawula emirembe gyonna ne Katonda.

EBYAFIIRIZIBWA BIZZIBWAWO

Amawulire amalungi gali nti okufiirizibwa kuno kwonna--n'okufiirwa okulala kwonna kw'ofunye kusobola okuzzibwawo okuyita mu nkolagana ey'obuntu ne Yesu Kristo eyajja okunoonya n'okulokola byonna ebyabula (Lukka 19:10).

Endowooza etalina musango ezzibwawo. Omutume Pawulo, eyali amanyiddwa nga Sawulo, yali ayigganya era ng'atta abakkiriza nga tannakyuka mu Kristo. Naye Ebikolwa 20:26 eraga nti, "...Nkulangirira leero nti sirina musango ku musaayi gw'abantu bona". Yandisobodde atya okwogera bw'atyo? Kubanga Pawulo yali afunye obulokozi okuyita mu Yesu Kristo. Nga bamaze okusaba okusonyiyibwa era yakkiriza ssaddaaka ya Kristo olw'ebibi bye, Pawulo yali talina musango mu maaso ga Katonda.

Enkolagana ne Katonda ekomezebwawo. *Naye kaakano mu Kristo Yesu, mmwe abaali ewala mwasembezebwawo olw'omusaayi gwa Kristo. (Abaefeso 2:13)*

Obulamu obulungi mu nneewulira buddamu. Yesu yakola ku kutya n'okuswala ebyava mu kibi. Yalandirira nti; *Mbalekera emirembe, era mbawa emirembe gyange. Emirembe gye mbawa tegiringa eg'yensi. Noolwekyo temutyanga era temweraliikiriranga. (Yokaana 14:27)*

Obutuukirivu obwa Katonda bukomezebwawo: *Kuba abawulira obuwulizi amateeka, si be bejeeerera eri Katonda, wabula abo abakola bye galagira, be baliweebwa obutuukirivu. (Abaruumi 2:13).*

Enkolagana ennungi n'abalala eddawo. *Kubanga ffe tumanyi nga twava mu kufa, ne tuyingira mu bulamu, kubanga twagala abooluganda, naye buli muntu atalina kwagala akyali mu kufa.(1 Yokaana 3:14)*

Obulamu obutaggwaawo bukomezebwawo. Okuyitira mu Yesu, osobola okufuna obulamu obutaggwaawo. Omubiri gwo ogw'omubiri olunaku lumu aija kufa, naye ojja kubeera mulamu emirembe gyonna ne Katonda: *Kubanga Katonda yayagala nnyo ensi, kyeyava awaayo omwana omu yekka, buli amukkiriza aleme okubula wabula abeere n'obulamu obutaggwaawo. Kubanga Katonda teyatuma*

Mwana we mu nsi agisalire omusango, wabula yamutuma ensi eryoke erokolebwe mu ye. (Yokaana 3:16-17)

ENGERI OBUKOLOZI GYE BUNNYONYOLWA MU BYAWANDIIKBWA

Obulokozi bwogerwako ng'ekyama kya Katonda kati ekibikkuliddwa (Abaefeso 3:9 ; 6:19) era ng'enteekateeka eyafunibwa ng'emisingi gy'ensi teginabaawo (Abaefeso 1:3-14). Kye kitangaala (Lukka 2:30-32) era kiwa enkyukakyuka okuva mu kufa okw'omwoyo okudda mu bulamu (Yokaana 5:24). Bwe bubaka eri aboonoonyi (Makko 2:17); ekirabo eky'ekisa okuyita mu kukkiriza so si bikolwa (Abaefeso 2:8-9); n'ekyo ebitonde byonna kye bisiindira (Abaruumi 8:22).

Era kyogerwako ng'okubikkulirwa kw'obutuukirivu bwa Katonda (Abaruumi 1:16-17); obutuufu bw'ensonga ekijja okuyita mu kukkiriza (Abaruumi 4:22-25); okutabagana (2 Abakkolino 5:18-19); okununulibwa (Abaruumi 8:23); era ng'okuzaalibwa okw'omwoyo omuntu kw'atayinza kuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda(Yokaana 3:1-11).

Obulokozi era kwogerwako ng'eddemebe okuva mu kibi (Abaruumi 6); okubeera ekitonde ekiggya (Abaruumi 5:16-17); okubeera n'emirembe ne Katonda (Abaruumi 5:1); okubeera abaana ba Katonda abakuzibwa (Abaggalatiya 4:4); okubatizibwa mu kufa kwa Kristo (Abaruumi 6:4); n'okubeera mu Mwoyo Omutukuvu (Abaruumi 5, 8).

EBIGAMBO EBYA BAYIBULI EBIKWATAGANA N'OBULOKOZI

Olukalala luno luwandiikiddwa mu nnyiriri okusobola okwanguirwa okusoma ebigambo ebikwatagana n'obulokozi:

Okutufuula abaana.

Okutufuula abaana kitegeesa Katonda okusalawo okutufuula ab'omu maka ge. Ye waffe ow'omu Ggulu Kitaffe tuyitibwa abaana ba Katonda, era tuli baganda ne bannyinaffe mu mwoyo ne bona abakkiriza abalala ab'amazima.

Okutangirira.

Ekigambo kino kitegeesa okufa kwa Yesu ku musaalaba okwatangirira--oba okwatereeza--olw'ebibi by'abantu.

Okukyuka.

Okukyuka kitegeesa "okudda." Bwe kikozesebwa nga kikwatagana n'okwenenya okuva mu Baibuli, kitegeesa oku "kyuka okuva mu kkubo ekkyamu okudda mu kkubo ettuufu."

Era alireetera abaana ba Isirayiri bangi okudda eri Mukama Katonda waabwe. (Lukka 1:16)

Awo abantu bona abaabeeranga mu Luda ne mu Saloni ne bakyukira Mukama, bwe baalaba nga Ayineya atambula.(Ebikolwa 9:35)

Awo omukono gwa Mukama ne gubeera wamu nabo, Abaamawanga bangi ne bakkiriza ne bakyuka okudda eri Mukama. (Ebikolwa 11:21)

Okukyuka kwe kukyuka okuva mu kizikiza ky'ekibi okudda mu musana gw'obutuukirivu bwa Katonda:

Okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza. (Ebikolwa 26:18)

Kwe kukyuka okuva mu maanyi ga Sitaani okudda ku Katonda:

Okuzibula amaaso gaabwe bakyuke bave mu kizikiza badde eri omusana, n'okuva mu buyinza bwa Setaani, badde eri Katonda balyoke basonyiyibwe ebibi bafunire wamu omugabo gwa Katonda n'abo abatukuzibwa olw'okunzikiriza. (Ebikolwa 26:18)

Kwe kukyuka okuva mu bintu eby'ensi okudda mu by'omwoyo:

Abasajja! Kiki ekipakozesa ebintu bino? Naffe tuli bantu buntu nga mmwe! Twazze tubabuulire mukyuke okuva ku bintu bino ebitaliimu mudde eri Katonda omulamu eyakola eggulu n'ensi, n'enyanja n'ebintu byonna ebirimu. (Ebikolwa 14:15)

Kwe kukyuka okuva ku bakatonda ab'obulimba okudda ku Katonda ow'amazima era omulamu:

Kubanga bo bennyini batubuulira engeri gye mwatwanirizaamu, ne bwe mwakyuka okuleka bakatonda abalala ne mudda eri Katonda omulamu era ow'amazima. (1 Abasesalonika 1:9)

Okukkiriza Eri Katonda.

Okukkiriza eri Katonda kuwandiikiddwa mu Abebbulaniya 6 ng'omusingi ogw'okubiri ogw'Omukristaayo. Okwenenya okuva mu bikolwa ebifu kulina okugattibwa wamu n'okukkiriza eri Katonda okusobola okulokolebwa:

Nga ntegeeza Abayudaaya n'Abayonaani okwenenya badde eri Katonda, n'okuba n'okukkiriza mu Mukama waffe Yesu. (Ebikolwa 20:21)

Okugulumizibwa.

Okugulumizibwa kujja kubaawo ng'ofunye omubiri gwo ogwazuukizibwa n'oyingira obutaggwaawo. Wajja kubaawo okufaanagana okumu wakati w'omubiri gwo ogufa n'ogwo ogwagulumizibwa, ng'ogwa Yesu Kristo ng'azuukidde (Yokaana 21:4), naye wajja kubaawo enjawulo nnene wakati w'ogwo ogw'ekitiibwa n'ogwo ogutali gwa kitiiibwa (1 Abakkolinso 15:35-49).

Obutuukirivu.

Bw'oba obeera mu kibi, osalirwa omusango mu maaso ga Katonda era n'oyawukana naye:

Amukkiriza tasalibwa musango, naye atakkiriza gumaze okumusinga kubanga takkiririza mu linnya ly'Omwana oyo omu yekka owa Katonda. Era guno gwe musango nti: Omusana guzze mu nsi, kyokka abantu ne baagala ekizikiza okusinga omusana, kubanga ebikolwa byabwe bibi. (Yokaana 3:18-19)

Bw'okwenenya okuva mu kibi n'osalawo okuva mu makubo go ag'ekibi, kino kiteekawo enkolagana entuufu ne Katonda. Enkolagana eno entuufu oba okuyimirira okutuufu mu maaso ga Katonda kye kiyitibwa "Okutuukirizibwa:"

Harvestime International Network Legacy Bible Outlines ziwa ebiwandiiko ebikwata ku byonna eby'obunnabbi mu bitabo bya Baibuli. Ensengeka zino zija kukusobozesa okwongera okusoma ku Njigiriza eno. Ebitabo bya Danyeri n'Okubikkulirwa bikwatagana nnyo n'Enjigiriza eno, n'ensengeka z'ebitabo bino muteekebwamu n'okunnyonnyola. Soma ebitabo bino ebibiri okugaziya okumanya kwo ku njigiriza eno.

Wammanga bye bitabo by'obunnabbi ebiri mu Baibuli mu bufunze. Enteekateeka zonna ez'ebitabo bino ziri mu *Old Testament Legacy Bible Outlines* okuggyako ekitabo ky'Okubikkulirwa, ky'ogenda okusanga mu New Testament Legacy Bible Outlines. Okusoma kwonna kwa ku bwereere ku: <http://www.obuddebw'amakungula.org>

Isaaya: Alabula ku musango ogujja ku Yuda olw'ekibi kyabwe eri Katonda.

Yeremiya: Yawandiikibwa mu kiseera ky'okugwa kwa Yuda eky'oluvannyuma. Kitegeesa ku musango ogujja era yasaba okwewaayo eri Nebukadduneesa

Okukungubaga: Okukungubaga kwa Yeremiya (okwolesa ennaku) olwa Babulooni okuzikiriza kwa Yerusaalemi.

Ezeekyeri: Asooka kulabula ku kugwa kwa Yerusaalemi okwali kuseembedde n'oluvannyuma n'alagula okuddamu kwakyo mu biseera eby'omu maaso.

Danyeri: Nnabbi Danyeri yawambibwa mu kuzingiza Yuda okwasooka n'atwalibwa e Babulooni. Ekitabo kino kiwa enjigiriza ey'ebafaayo n'ey'obunnabbi ekikulu mu kutegeera obunnabbi bwa Baibuli.

Koseya: Omulamwa gw'ekitabo kino kwe butali bwsigwa bwa Isiraeri, okubonerezebwa kwabwe, n'okuzzibwawo Katonda.

Yoweri: Anyumya ku bibonyoobonyo ebyalaga omusango mu biseera eby'omu maaso.

Amosi: Mu kiseera eky'okugaggawala mu by'obugagga naye ng'empisa ziserebye, Amosi yalabula Isirayiri era amawanga ageetoolodde omusango gwa Katonda mu biseera eby'omu maaso ku kibi kyabwe.

Obadiya: Omusango Katonda gwe yasalira Edomu, eggwanga ebbi erisangibwa mu bukiikaddyo bw'Ennyanja Emyufu.

Yona: Emboozi ya nnabbi Yona eyabuulira okwenenya mu Nineva, ekibuga ekikulu eky'Obwakabaka bwa Bwasuli. Ekitabo kiraga okwagala kwa Katonda n'enteekateeka y'okwenenya eri ab'amawanga.

Mikka: Obunnabbi obulala obuwakanya ekibi kya Isiraeri. Kiragula ekifo Yesu we yazaalibwa emyaka 700 nga tannazaalibwa.

Nakumu: Ayogera ku kuzikirizibwa okwali kugenda okubaawo mu Nineeva eyali ewonye emyaka nga 150 emabegako ng'ayita mu kubuulira kwa Yona.

Kaabakuuku: Kibikkula enteekateeka ya Katonda ey'okubonereza eggwanga eryonoonyi, ng'eggwanga eryonoonyi okusingawo Iyerikikola. Asomesa nti "omutuukirivu aliba mulamu olw'okukkiriza."

Zeffaniya: Okusalirwa omusango n'okizzaawo Yuda.

Kaggai: Akubiriza Abayudaaya okuddamu okuzimba yeekalu oluvannyuma lw'okulwawo okumala emyaka 15 olw'okuziyiza omulabe.

Zekkaliya: Okwongera okukubiriza okumaliriza yeekalu n'okorra obuggyaa okwewaaayo okw'omwoyo. Alagula Okuja kwa Kristo okusooka n'okw'okubiri.

Malaki: Yawandiikibwa oluvannyuma lw'okudda kw'abantu ba Katonda okuva mu buwanjanguse, ekigendererwa ky'ekitabo kino kwe kukakasa nti emitima gy'Abayudaaya gyali mituufu era nti baali bakulembeza Katonda mu bulamu bwabwe.

Okubikkulirwa: Okubikkulirwa kw'ebintu ebibaawo mu kiseera eky'enkomerero

ENJIGIRIZA YA KRISTO EY'OBUNNABBI

Soma enjigiriza za Yesu ez'obunnabbi ng'okozesa ensengeka eno wammanga etegekeddwa okusinziira ku mulamwa.

Okuja kwa Yesu Kristo okw'Okubiri:

Matayo 24:6-47; 25:1-13; 26:64

Makko 2:20; 8:38; 13:7-36; 14:62

Yerusaalemi:

Matayo 5:34,35; 23:37-39; 24:2

Makko 13:2

Lukka 13:34,35; 19:42-44; 21:20-24; 23:28-31

Yokaana 4:21

Abayudaaya:

Matayo 8:11,12; 10:6; 11:16-19; 15:24,26; 21:31,32, 21:31,32; 22:2-7

Makko 7:27

Lukka 7:31-35; 21:24; 22:67,68

Yokaana 4:22; 7:19,21; 8:37-47,49, 9:41; 10:26,32, 10:26,32; 18:20,36

Abawandiisi, Abafalisaayo, N'Abasaddukaayo:

Matayo 12:34; 15:7-9,14; 16:6; 23:2-7,13-15,25-27,29-36

Makko 7:6; 8:15; 12:38-40

Lukka 11:39,40-44,46-52; 12:1; 20:46,47

Yokaana 5:42

Bannamawanga:

Matayo 8:11; 21:43; 22:8-10; 24:14; 28:19

Makko 13:10; 16:15

Lukka 13:29; 24:46,47

Yokaana 10:16

Bannabbi ab'obulimba N'enjigiriza ez'obulimba:

Matayo 7:15-18,20; 24:4,5,11,23,24,26

Makko 13:5,6,21,22

Lukka 6:39,43,44; 17:1,2,22,23; 21:8

Yokaana 10:1,8

OKWEGEZAAMU

1. Nnyonnyola Enjigiriza ku bunnabbi bwa Baibuli, ebiseera eby'enkomerero, n'emirembe n'emirembe.

.....
.....

2. Lwaki okusoma Enjigiriza eno kikulu?

.....
.....

3. Okusoma Enjigiriza eno kuzingiramu ki?

.....
.....

4. Kiki ekivaako okutaputa okusinga obungi okw'enjawulo okw'obunnabbi bwa Baibuli?

.....
.....

5. Funza by'oyize ku kukwakulibwa.

.....
.....

6. Funza by'oyize ku kiseera ky'okukwakulibwa.

.....
.....

7. Funza by'oyize ku Kibonyoobonyo.

.....
.....

8. Funza by'oyize ku kujja okw'okubiri n'Emyaka Olukumi.

.....
.....

9. Funza by'oyize ku kusala omusango okusembayo n'emirembe n'emirembe.

.....
.....

10. Bitabo ki ebibiri ebya Baibuli ebikwatagana ennyo Njigiriza eno?

.....
.....

11. Wa w'onoosanga ensengeka ku bitabo by'obunnabbi okwongera okusoma ku njigiriza eno?

.....
.....

12. Wandiika ennyonyola ennyimpimpi ku bitabo bino wammanga eby'obunnabbi.

Isaaya.....

Yeremiya:.....

Okukungubaga:.....

Ezekyeri.....

Danyeri.....

Koseya.....

Yoweri.....

Amosi.....

Obadiya.....

Yona.....

Mikka.....

Nakkumu.....

Kabakuuku.....

Zefaniya.....

Kaggayi.....

Zekkaliya.....

Malaki.....

13. Nga tukozesa emitwe emitono n'ebijuliziddwa ebiwandiikkidwa wansi wa "Enjigiriza za Kristo ez'obunnabbi," funza by'oyize ku miramwa gino wammanga Yesu gye yayigiriza.

Okujja kwa Yesu Kristo okw'Okubiri:.....

Yerusaalemi:.....

Abayudaaya:.....

Abawandiisi, Abafalisaayo, N'Abasaddukaayo.....

Abamawanga.....

Bannabbi ab'obulimba N'enjigiriza ez'obulimba.....

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ensengeka za Harvestime n'okunnyonnyola ku bitabo bya Daniel n'Okubikkulirwa, bifunibwa ku bwereere ku <http://www.harvestime.org>
2. Soma ebisingawo ku kuzuukira n'omusango ogw'olubeerera mu ssuula 8-10, ez'ekitabo kya Harvestime International Institute ogutuumiddwa "Emisingi gy'okukkiriza" gfunibwa ku bwereere ku <http://www.harvestime.org>
3. Kozesa ebiragiro bino wammanga eby'okuyiga obunnabbi bwa Baibuli:

-Soma obunnabbi "mu Mwoyo," so si n'endowooza zo ez'omubiri kubanga, "...*Omuntu obuntu tasobola kufuna bintu bya Mwoyo wa Katonda, kubanga busirusiru gy'ali, era tasobola kubimanya kubanga bikeberwa Mwoyo.*" (1 Abakkolinso 2:14).

-Kkiriza nti obunnabbi busobola okutegeerwa nga bwe bwawandiikibwa awatali kubukyusakyusa, kubwongerako, oba okuteebereza. Katonda yawa obunnabbi kubanga ayagala omanyé ku bigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso, kale tandika n'endowooza nti ojja kusobola okubutegeera. Bwe wabaawo ebantu by'ototegeera, toggwaamu maanyi n'olekera awo. Wandiika ebibuuzo byo osobole okufumiitiriza mu biseera eby'omu maaso era ogende mu maaso n'okukola okusoma kwo.

-Tokyusa makulu g'ebyo ebiwandiikkidwa obutereevu okuggyako ng'ekyawandiikibwa kiraga bulala.

-Kuuma mu birowoozo ebiseera n'embeera nnabbi mwe yawandiikira obubaka bwa Katonda. Awatali kumanya byafaayo, ebigambo eby'omu kiseera ekkyo biyinza okulabika ng'eb'y'enjawulo oba nga bizibu okutegeera.

-Jjukira nti oluusi bannabbi bannyonnyola ebigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso nga balinga abagenda mu maaso era ebiddirijnjana, naye mu butuufu wayinza okubaawo enkumi n'enkumi z'emyaka wakati. Kino kiyitibwa "etteeka lya endowooza ey'obunnabbi," ekitegeeza nti obunnabbi busobola okutuukirira mu mitendera egyptenjawulo. Noonya eby'okuddamu ku ebibuuzo bino:

-Obunnabbi butuukiridde oba tebunnatuukirira?

-Obunnabbi bulina obukwakkulizo bwesigamiziddwa ku ngeri abantu gye baddamu oba tebulina bukwakkulizo?

-Obunnabbi bulina okutuukirizibwa okw'amangu, okutuukirizibwa okw'omu maaso, oba byombi eby'amangu n'eb'yomu maaso?

-Lowooza "etteeka ly'okujuliza emirundi ebiri." Mu bitundu ebimu, amakulu abiri ag'enjawulo galagibwa. Okugeza, mu Okubikkulirwa 4:1 Yokaana atwalibwa mu ggulu mu Mwoyo okuweebwa okubikkulirwa. Ebijuliziddwa emirundi ebiri mu lunyiriri luno biraga okukwakulibwa kw'Ekklesia.

-Soma ebitundu mu mbeera yaabyo, emirundi mingi ekyawandiikibwa kyennyini bwe kitaputa okwolesebwa oba okubikkulirwa. Ekyokulabirako, Okubikkulirwa 1:12-13 ekinnyonnyolwa mu 1:20. Era soma buli kitundu mu nsonga y'okubikkulirwa kwonna okw'Ekigambo kya Katonda. Jjukira nti obunnabbi bwa kuvvuunula okusinziira ku ndowooza yo (2 Peetero 1:20), ekitegeesa nti tebulina kuvvuunulwa kwawukana ku kubikkulirwa kwonna okw'Ekigambo kya Katonda.

-Jjukira nti, "*Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋjamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunanya, mu kulunŋjamya ne mu kubuuliranga omuntu abe omutuukirivu, omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi.*" (2 Timoseewo 3:16-17). "Ebyawandiikibwa byonna" bizingiramu ebitundu ebizibu ennyo, ng'obunnabbi.

-Mutegeere nti Yesu Kristo ye mulamwa mu bunnabbi bwonna (Okubikkulirwa 19:10 ne Lukka 24:27).

-Kimanye nti obunnabbi bungi bwa kabonero. Obubonero obumu bunnyonnyolwa, gamba nga mu Okubikkulirwa 1:20; 4:5; ne 5:8. Obubonero obulala, gamba ng'obwo obukozesebwa mu Okubikkulirwa 2:7 ne 4:7, busobola okutegeerwa okuyita mu bunnabbi bw'Endagaano Enkadde. Obubonero obulala tebunnyonnyolwa—nga Okubikkulirwa 2:17.

4. Soma ebitabo bino wammanga eby'obunnabbi ng'okozesa Harvestime Legacy Bible Outlines efunibwa ku bwereere ku <http://www.harvestime.org>

____Isaaya

____Yeremiya

____Okukungubaga

____Ezeekyeri

____Danyeri

____Koseya

____Yoweri

____Amosi

____Obadiya

___Yona

___Mikka

___Nakkumu

___Kaabakuuku

___Zefaniya

___Kaggayi

___Zakaliya

___Malaki

___Okubikkulirwa

OKUWUMBAWUMBA

Okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero, Baibuli eraga ekigendererwa kya Katonda eky'enjawulo eri ensi. Ekigendererwa ekyo, edda ekyayitbwanga ekyama, kibikkuliddwa mu kitabo ky'Abaefeso:

Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. Era mu ye mwe twaweerwa obusika ne twawulibwa ng'enteekateeka bw'eri ey'oyo akola ebintu byonna okusinziira ku magezi ag'okwagala kwe. (Abaefeso 1:9-11)

Ekyama ky'enteekateeka ya Katonda, nga gwe mulamwa ogugatta Baibuli, kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo ng'Omulokozi w'abantu aboonoonyi. Yesu yannyonnyola engeri yonna endagaano enkadde okubikkulirwa kwasigamiziddwa ku Ye:

N'abagamba nti, "Nabategeeza nga nkyali nammwe nti ebintu byonna ebyampandiikibwako mu mateeka ga Musa, ne mu bya bannabbi, ne mu Zabbuli, byali biteekwa okutuukirira. (Lukka 24:44)

N'enyanjula eno, Yesu yagenda mu maaso era "...Yaggulawo emitima gyabwe basobole okutegeera ebyawandiikibwa" (Lukka 24:45). Ekisumuluzo Yesu kye yawa okubasobozesa okutegeera ebyawandiikibwa kyali nti omulamwa gwabyo gwonna gwali gutunuulidde Ye:

N'abagamba nti, "Kyawandiikibwa dda nnyo nti Kristo kimugwanira okubonaabona, n'okufa era ku lunaku olwokusatu azuukire mu bafu. Era mu linnya lye Enjiri ey'okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi eribuulirwa amawanga gonna okutandikira mu Yerusaalemi. (Lukka 24:46-47)

Endagaano enkadde n'empya zombi zinyumya emboozи ya Yesu. Endagaano Enkadde etuteekateeka olw'ebyo ebigenda okujja era endagaano empya eraga engeri gye byaliwo. Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo gwe mulamwa omukulu mu Baibuli yonna era gukwatagana n'amasomo gonna agasomesebwa mu Enjigiriza y'eba Baibuli.

Abamu ku bannaddiini n'abafirosoofo ab'omulembe gwaffe balowooza nti bakwatagana n'amagezi Katonda. Basoomooza era ne bagaana Baibuli era ne balaga enzikiriza ezaabwe. Abasomi ba Baibuli abatuufu bakkiriza Ewigambo kya Katonda era ne bakinywererako ng'okubikkulirwa okw'obwakatonda. Tebatiisibwatisibwa nabakugu b'ensi, empisa embi ez'obuwangwa, okusomesebwa okutaliimu Katonda, oba emikutu gy'amawulire egypt'ekiriranya.

Abakugu mu by'eddiini abatuufu mu Baibuli bafunye ensisinkano ekisukkulumye ne Katonda--Kitaffe, Omwana, ne Omwoyo Omutukuvu--era omuntu alina ensisinkano eno tasobola kuba ng'oyo awakana obuwakanyi

EBY'OKUDDAMU KU BIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU

ENNYANJULA:

1. Ekigambo "theology" kiva mu bigambo bibiri eby'Oluyonaani, *theos* ekitegeeza "Katonda" ne logos ekitegeeza "ekigambo ekikwata ku" oba "okusoma" ku Katonda nga bwabikkulwa mu Byawandiikibwa. Mu ngeri ennyangu, kitegeeza okusoma Baibuli Entukuvu mu bujuvu okuzuula Katonda byeyeyogeddeko, ebigendererwa bye, enteekateeka ze, n'ebisuubizo bye.
2. Enjigiriza ku Katonda, Taata.
3. Enjigiriza ku Mwana, Yesu Kristo.
4. Enjigiriza ku Mwoyo Omutukuvu.
5. Enjigiriza ku bamalayika.
6. Enjigiriza ku sitaani ne badayimooni.
7. Enjigiriza Bayibuli Entukuvu, ng'eno kwekubikkulirwa kwa Katonda.
8. Enjigiriza ku kibi.
9. Enjigiriza obulokozi nga eno ye nteekateeka ya Katonda eri ekibi.
10. Enjigiriza ku Kkanisa.
11. Enjigiriza obunnabbi bwa Baibuli, ebiseera eby'enkomerero, n'emirembe n'emirembe.
12. Yesu Kristo gwe mulamwa omukulu ogwa Baibuli n'obunnabbi
13. Ensonga z'okusoma Enjigiriza y'ebya Baibuli:
 - Olw'okukula n'okukulaakulana okw'omwoyo okw'obuntu.
 - Okwewala ensobi mu njigiriza nga tutegeera amazima.
 - Okusobozesa okunnyonnyola amazima ga Baibuli eri abatakkiriza.
 - Okussa mu nkola by'oyiga mu ntambula yo ey'omwoyo n'obuwereza bwo

ESSUULA ESOOKA: ENJIGIRIZA KU KATONDA TAATA

1. Paterology kiva mu bigambo bibiri eby'Oluyonaani ebitegeeza "Taata" ne "ekigambo". Bwe bigattiddwa ne bikozesebwa mu ngeri y'eb'y'eddiini, bitegeeza "okusoma ku Kitaffe".

2. Amasomo agasomesebwa mulimu okubeerawo kwa Katonda, Obusatu bwa Katonda, engeri za Katonda, amannya ga Katonda, obufuzi bwe, n'ebigendererwa bye n'enteekateeka ze.
3. Geraageranya by'ofunziza n'okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno ku bikakasibwa bino wammanga:
 - Okuva mu Butonde.
 - Okuva mu byafaayo.
 - Okuva mu Nnono.
 - Okuva mu Bumanyirivu.
 - Okuva mu Kubikkulirwa.
4. Obusatu bwa Katonda kitegeeza nti Katonda omu ow'amazima abikkulwa mu bantu basatu ab'enjawulo, Katonda Kitaffe, Omwana Yesu Kristo, n'Omwoyo Omutukuvu. Bali muntu omu mu bukulu. Waliwo Katonda omu alina engeri ssatu ez'enjawulo. Abantu abasatu mu busatu bwa Katonda ye Katonda Kitaffe, Yesu Kristo Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu.
5. Matayo 3:16-17; Yokaana 15:26; 1 Peetero 4:14; Abaruumi 8:2-3; 2 Abakkolinso 13:14; Abeefeso 2:18; Ebikolwa 2:33.
6. Engeri za Katonda ezoogeddwako mu ssuula eno ze zino wammanga. Katonda ye:
 - Wa lubeeerera: Amakulu agatalina ntandikwa na nkomerero.
 - Mwoyo: Talina nnyama na musaayi, talabika eri amaaso g'omuntu ag'obutonde.
 - Mussukulumu: Amaanyi agasinga obunene mu bwengula bwonna.
 - Abeera buli wamu: Aliwo buli wamu.
 - Amanyi byonna: Amanyi ebintu byonna.
 - Muyinza wa bintu byonna: wa maanyi.
 - Takyuka: Katonda takyusa buntu we, butonde bwe, kigendererwa kye, oba enteekateeka ze.
 - Mutukuvu/omutuukirivu: Katonda talina kibi, mulongoofu ddala.
 - Mwenkanya: Katonda wa mwenkanya era talina kyekubiira mu kusalawo.
 - Mwesigwa: Katonda atuukiriza ebisuubizo bye era mwesigwa ddala.
 - Muzira kisa: Katonda mulungi, wa kisa, era ayagala obeere bulungi

Musaasizi: Katonda alaga okusaasira okutasalako eri abantu aboonoonyi.

Wakisa: Katonda alaga ekisa ekitasaana eri omuntu omwonoonyi.

Kwagala: Katonda kwagala.

Mugumiikiriza: Tasalira kibi musango mangu, wabula yeegayirira abantu bona okwenenya era abalinze n'obugumiikiriza okukkiriza ebibi byabwe n'okudda gy'ali.

Mugezi: Katonda alaga okutegeera okw'amaanyi n'okutegeera okulungi.

Taliiko kkomo: Katonda tafugibwa bukwakkulizo bwa butonde na bantu.

7. Yakuwa: Kitegeeza Mukama.

Yakuwa-Lafa: "Mukama awonya".

Yakuwa-Nissi: "Mukama bendera yaffe".

Yakuwa-Salomu: "Mukama emirembe gyaffe".

Yakuwa-Ra'ah: "Mukama omusumba wange".

Yakuwa-Tsidkenu: "Mukama obutuukirivu bwaffe".

Yakuwa-Yireh: "Mukama Omugabirizi".

Yakuwa-Shammah: "Mukama ali awo".

Elohim: Kitegeeza Katonda era kikozesebwawa awali amaanyi ga Katonda ag'obutonzi

Taata: Kitaffe ow'omwoyo.

Adonai: Kitegeeza Mukama oba Mukama.

El: Kino kitera okukozesebwawa awamu n'ebigambo ebirala ebitegeeza Katonda.

El Shaddai: "Katonda amala ebyetaago by'abantu be".

Elolam: "Katonda ataggwaawo".

El Elyon: "Katonda Ali waggulu ennyo, agulumiziddwa okusinga bakatonda abalala bona."

8. Ekigambo ekisinga obussukulumu eky'"enteekateeka" ya Katonda ey'obufuzi bwe kyafunzibwa mu Westminster Katekisimu: "Ebiragiro bya Katonda kye kigendererwa kye eky'olubeerera, okusinziira ku kubuulirira kw'ebyo by'ayagala, olw'ekitiibwa kye ye, yategeka dda ebyo ebigena okubaawo."

9. Yee, Katonda amanyi ebiseera eby'omu maaso, naye kino tekiggyawo ddembe lya muntu ery'okwesalirawo.
10. Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola. Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo. 10 Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi. (Abaefeso 3:11; 1:9-10)
11. Okwagala kwa Katonda kwe kuba nti abantu bona bafune okusonyiyibwa ebibi okuyita mu Yesu Kristo, okuleetebwa mu nkolagana entuufu naye, n'okufuuka ekitundu ky'Obwakabaka bwa Katonda.
12. Mukama Katonda ow'Eggye alayidde n'ayogera nti, "Ddala nga bwe nalowooza, bwe kirituukirira bwe kityo era nga bwe nateesa, bwe kirinywera bwe kityo. (Isaaya 14:24)

Eno y'entegeka eyategekerwa ensi yonna: era guno gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna. Kubanga Mukama Katonda ow'Eggye ye yateesa, kale ani ayinza okukijjulula? Omukono gwe gugoloddwa, kale ani ayinza okuguzzaayo? (Isaaya 14:26-27)

13. Laba okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno ku nteekateeka ya Katonda eri abantu ssekkinnoomu.
14. Laba okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno ku nteekateeka ya Katonda eri amawanga
15. Laba okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno ku nteekateeka ya Katonda eri Yesu.
16. Laba okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno ku nteekateeka ya Katonda eri Omwoyo Omutukuvu.
17. Laba okukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno ku nteekateeka ya Katonda eri Ekkanisa.

ESSUULA EY'OKUBIRI: ENJIGIRIZA KU KRISTO

1. Christology ekolebwa ebigambo Kristo, nga bitegeeza Yesu Kristo ne ology ekitegeeza "okusoma ku." Bwe kityo, ekigambo "Christology" kikwata ku kusoma kwa Yesu Kristo. Ky'ekimu ku bitundu ebisatu ebikwatagana n'okusoma ku obusatu bwa Katonda nga muzingiramu, Enjigiriza ku Katonda Taata, ne Enjigiriza ku Mwoyo Mutukuvu
2. Emitwe egysomesebwa mu Christology mulimu okubaawo kwa Kristo nga tannabaawo; obunnabbi obukwata ku Ye; Obuntu bwe n'obwakatonda bwe; Engeri ze, amannya ge, n'ebitiibwa bye; Okuzaalibwa kwe, obulamu bwe obw'obuto, obuweereza, okufa, okuzuukira, okulinnya mu ggulu, n'okudda; ne wofisi essatu z'alina.
3. Okusoma Christology kikulu kubanga Yesu gwe mulamwa ogugatta ebyawandiikibwa byonna, nga bwe kyabikkulwa, "...N'atandikira ku Musa n'ayitaayita mu bannabbi bona ng'agenda

abannyonnyola Ebyawandiikibwa bye bimwogerako." (Lukka 24:27).

4. Geraageranya eky'okuddamu kyo ku kukubaganya ebirowoozo mu ssuula eno ku "Okubeerawo kwa Kristo nga tannabaawo".

5. Obunnabbi bw'Endagaano Enkadde bulaga engeri, ddi, ne wa Yesu gye yali agenda okuzaalibwa n'ebikwata ku bulamu bwe, obuweereza bwe, okufa kwe, n'okuzuukira kwe.

6. -Masiya yandizaalibwa mu Besirekemu: Mikka 5:2; Matayo 2:1; Lukka 2:4-6

-Masiya yandizaalibwa omukazi: Olubereberye 3:15; Matayo 1:20; Abaggalatiya 4:4.

-Masiya yandizaalibwa omuwala embeerera: Isaaya 7:14; Matayo 1:22-23; Lukka 1:26-31.

-Masiya yandivudde mu lunyiriri lwa Ibulayimu: Olubereberye 12:3; 22:18; Matayo 1:1; Abaruumi 9:5.

-Masiya yandibadde muzzukulu wa Isaaka: Olubereberye 17:19; 21:12; Lukka 3:34.

-Masiya yandibadde muzzukulu wa Yakobo: Okubala 24:17; Matayo 1:2.

-Masiya yandivudde mu kika kya Yuda: Olubereberye 49:10; Lukka 3:33; Abebbulaniya 7:14.

-Masiya yandibadde musika wa ntebe ya Kabaka Dawudi: 2 Samwiri 7:12-13; Isaaya 9:7; Lukka 1:32-33; Abaruumi 1:3.

-Entebe ya Masiya ejja kuba ya lubeerera: Zabbuli 45:6-7; Danyeri 2:44; Lukka 1:33; Abebbulaniya 1:8-12.

-Yandiyitibwa Imanuweri: Isaaya 7:14; Matayo 1:23.

-Yandibadde Mwana wa Katonda: Zabbuli 2:7; Abebbulaniya 1:5; 5:5.

-Yandimaze ebiseera mu Misiri: Koseya 11:1; Matayo 2:14-15.

-Okuttibwa kw'abaana kwandibaddewo mu kifo we yazaalibwa: Yeremiya 31:15; Matayo 2:16-18.

-Omubaka yandimutegekera ekkubo: Isaaya 40:3-5; Malaki 3:1; Matayo 11:10-13; Lukka 3:3-6.

-Yandikuleembeddwamu obuweereza bwa Eriya: Malaki 4:5-6; Matayo 11:13-14.

-Yandigaaniddwa abantu be bennyini: Zabbuli 69:8; Isaaya 53:3; Yokaana 1:11; 7:5.

-Yandibadde nnabbi: Ekyamateeka 18:15; Ebikolwa 3:20-22.

-Yandirangiriddwa okuba Omwana wa Katonda: Zabbuli 2:7; Matayo 3:16-17.

-Yandiyitibwa Omunazaaleesi: Isaaya 11:1; Matayo 2:23.

- Yandiyitibwa Kabaka: Zabbuli 2:6; Zekkaliya 9:9; Matayo 27:37; Makko 11:7-11.
- Yandireese ekitangaala: Isaaya 9:1-2; Matayo 4:13-16.
- Yandisomesezza ng'akozesa engero: Zabbuli 78:2-4; Isaaya 6:9-10; Matayo 13:10-15, 34-35.
- Yandiwonyezza abamenyese emitima: Isaaya 61:1-2; Lukka 4:18-19.
- Yandibadde kabona ng'agoberera ensengekera ya Merukizeddeeki: Zabbuli 110:4; Abebbulaniya 5:5-6.
- Yandifunye ettendo okuva mu baana: Zabbuli 8:2; Matayo 21:16.
- Yandiyigidde Yerusaalemi mu buwanguzi: Zekkaliya 9:9; Matayo 21:4-5; Yokaana 12:14-15.
- Yandikayibwa awatali nsong: Zabbuli 35:19.
- Yali waakulibwamu olukwe: Zabbuli 41:9; Zekkaliya 11:12-13; Lukka 22:47-48; Matayo 26:14-16.
- Abayigirizwa be baali basaasaana: Zekkaliya 13:7; Matayo 26:31,56; Makko 14:27,50.
- Ensimbi z'okulya mu nsi olukwe zandikozesewa okugula ennimiro y'omubumbi: Zekkaliya 11:12-13; Matayo 27:9-10.
- Yandivunaanibwa mu bukyamu: Zabbuli 35:11; Makko 14:57-58.
- Yandisirise mu maaso g'abamulumiriza: Isaaya 53:7; Makko 15:4-5.
- Yanditulugunyiziddwa: Isaaya 50:6; Matayo 26:67; Zabbuli 69:4; Yokaana 15:24-25.
- Yandikomererwa n'abamenyi b'amateeka: Isaaya 53:12; Matayo 27:38; Makko 15:27-28.
- Emikono gye n'ebigere byandifumitiddwa: Zabbuli 22:16; Zekkaliya 12:10; Yokaana 20:25-27.
- Yandiweereddwa omwenge okunyuwa: Zabbuli 69:21; Matayo 27:34; Yokaana 19:28-30.
- Yandisekereddwa: Zabbuli 22:7-8; Lukka 23:35.
- Yandigumidde ensonyi zaffe: Zabbuli 69:19; Matayo 27:28.
- Abaserikale baali bazanya zzaala olw'ebiyambalo bye: Zabbuli 22:18; Lukka 23:34; Matayo 27:35-36.
- Yandirekeddwa Katonda: Zabbuli 22:1; Matayo 27:46.
- Yandisabidde abalabe be: Isaaya 53:12; Lukka 23:34.
- Yandibaliddwa n'abamenyi b'amateeka: Isaaya 53:12; Lukka 23:33.
- Yandifudde nga akomererwa ku musaalaba: Isaaya 53:5-6;10; Yokaana 19:16.
- Yandibadde alumwa ennyonta: Zabbuli 69:3; Yokaana 19:28.

- Yanditunuuliddwa: Zabbuli 22:17; Matayo 27:36.
- Yandisiimye Omwoyo we eri Katonda: Zabbuli 31:5; Lukka 23:46.
- Yandibadde ssaddaaka ey'enkomerero olw'ekibi: Isaaya 53:5-12; Abaruumi 5:6-8.
- Okufa kwe kwandikuumye "ab'oluganda bangi": Abebulaniya 2:12.
- Yandi "kuleembeddemu abali mu buwambe": Zabbuli 68:18; Abeefeso 4:8-10.
- Amagumba ge tegandimenyese: Okuva 12:46; Zabbuli 34:20; Yokaana 19:33-36.
- Oludda lwe lwandifumitiddwa: Zekkaliya 12:10; Yokaana 19:34.
- Omusaayi n'amazzi byandikulukuta okuva mu mubiri gwe: Zabbuli 22:14; Yokaana 19:34.
- Yandiziikiddwa n'abagagga: Isaaya 53:9; Matayo 27:57-60.
- Yandizuukidde mu bafu: Zabbuli 16:10; 49:15; Matayo 28:2-7; Ebikolwa 2:22-32.
- Yandirinnye mu ggulu: Zabbuli 24:7-10; Makko 16:19; Lukka 24:51.
- Yanditudde ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo: Zabbuli 68:18; 110:1; Makko 16:19; Matayo 22:44.

7. Mu ndagaano empya, Yesu yalagula okufa kwe n'okuzuukira kwe (Matayo 20:17-19; 1 Abakkolinso 15) n'okulinnya kwe (Lukka 24:46-53). 1 Abasessaloniika 4:13-18 ayogera mu ngeri ey'enjawulo ku kiseera ekitamanyiddwa, eky'omu maaso, abafu mu Kristo mwe okuzuukira okusooka, okugobererwa abakkiriza bona abalamu amangu ago nga balinnya mu bbanga okubeera ne Yesu lubeerera. Ekitabo ky'Okubikkulirwa kiraga nti emyaka musanvu egy'omusango gjija kubaawo oluvannyuma lw'okukwakulibwa, okugobererwa okudda kwa Yesu ku nsi n'abagoberezi be okuwangula omulabe. Mu kiseera ekyo, Yesu ajja kutuukiriza omulimu gwe nga Masiya era afuge okuva ku ntebe ye ey'obwakabaka mu Yerusaalemi okumala emyaka 1,000. Kino kimanyiddwa nga obwakabaka bw'emyaka lukumi (Okubikkulirwa 20:1-6). Ku nkomerero y'ekiseera kino, obujeemu bumu obw'enkomerero bujja kubaawo Sitaani ne buddirira obujeemu obw'enkomerero okusalawo. (Okusobola okunoonyereza okugaziyiziddwa, laba essuula ekwata ku Bunnabbi n'ebiseera ebisembayo ku kitabo kino.)

8. Geraageranya eky'okuddamu kyo ku kukubaganya ebirowoozo mu kitundu ky'essuula eno ekiyitibwa "Omuntu N'Obwakatonda Bwa Yesu Kristo".

9. Omuyinza w'ebintu byonna:

Byonna abimanyi.

Abeera wonna:

Amanyi buli kimu.

Wa lubeerera

Takyukakyuka

Mutuukirivi.

10. Yesu yafuna erinnya lye:

-Okuzaalibwa: Yesu yafuna erinnya lye mu kuzaalibwa, okuyita mu busika okuva eri Kitaawe.

-Olw'ebyo byeyafuna: Yesu yafuna erinnya olw'ebyo byeyatuukako kubanga, yawangulaamaanyi gonna ag'omulabe.

-Lyamuweebwa: Yesu yafuna erinnya lye nga limuweebwa.

11. Erinnya "Yesu" litegeeza "Omulokozi oba omununuzi" (Matayo 1:21).

12. Erinnya Kristo litegeeza "oyo eyafukibwako amafuta" (Yokaana 3:34).

13. Yesu Kristo yafunibwa Iwa Mwoyo Omutukuvu mu ngeri esukkulumye ku butonde era n'azaalibwa Maliyamu embeerera (Matayo 1:23; Abaggalatiya 4:4) mu kutuukiriza okulagula kwa Isaaya (Isaaya 7:14). Yokaana egamba nti Ekigambo--Yesu Kristo--yafuuka omubiri era nti Katonda bw'atyo "yakola weema" wakati ffe (Yokaana 1:1, 14). Katonda yafuuka omuntu asobole okununula ebitonde bye okuva mu kibi n'okutuukiriza endagaano ya Dawudi nga Kabaka eyasuubizibwa (Lukka 1:31-33). Mu kifo kye nga Mukama era Kabaka Abikkulira abantu Katonda (Yokaana 1:18); awonya aboonoonyi (Abaggalatiya 1:4); asaanyaawo emirimu gya sitaani (1 Yokaana 3:8); asalira abantu omusango (Ebikolwa 17:31); aleeta ebintu byonna mu kugondera Katonda (1 Abakkolinso 15:20-28; Abeefeso 1:10-11); era yeegayiririra abakkiriza (Abaruumi 8:34).

14. Yesu yakomolebwa okusinziira ku mateeka g'Abayudaaya era n'ayanjulwa mu yeekaalu (Lukka 2:21-22). Yabeera mu Besirekemu ng'akyali mwana muto, Misiri okumala omwaka mulamba, era yakuzibwa mu Nazaaleesi. Obuto bwe bwamanyibwa olw'okukula kwe mu magezi, obuwanvu bwe, n'okusiimibwa ne Katonda n'omuntu (Lukka 2:4-52). Yali agondera bazadde be (Lukka 2:49-51), era yali ng'amany emirimu gya Kitaawe ow'omu Ggulu (Lukka 2:49). Omulimu gwe ng'akyali muvubuka gwali mubazzi.

15. Obuweereza bwa Yesu mulimu:

-Okubikkula Katonda eri abantu.

-Okununula omuntu okuva mu kibi.

-Okusaanyaawo emirimu gya Sitaani.

-Okusalira abantu omusango.

-Okuleeta ebintu byonna mu kugondera Katonda.

-Okwegayirira abakkiriza.

16. Matayo 26-27; Makko 14-15; Lukka 22-23; ne Yokaana 18-19.

-Yesu yalibwamu olukwe mukwano gwe: Zabbuli 41:9.

-Yalibwamu olukwe olw'ebitundu bya ffeeza 30: Zekkaliya 11:12-13.

-Yesu yatulugunyizibwa: Isaaya 50:6.

-Yesu yasirika mu maaso g'abamulumiriza: Isaaya 53:7.

-Yesu yandikomererwa olw'ebibi byaffe: Isaaya 53:4-6.

-Okukomererwa kwe kwayogerwako Zekkaliya: Zekkaliya 12:10.

-Yesu yandibaliddwa wamu n'abasobia: Isaaya 53:12.

-Yesu yandiziikkidwa mu ntaana y'omugagga: Isaaya 53:9.

18. Matayo 26-27; Makko 14-15; Lukka 22-23; Yokaana 18-19.

19. -Okutabaganyaabantu ne Katonda: Abaruumi 5:9-11; 2 Abakkolinso 5:18-19; Abeefeso 2:14-16; Abakkolosaayi 1:20-22

-Okwetikka ebibi byaffe: Abebbulaniya 9:28; 1 Peetero 2:24

-Okuggyawo ebibi: Yokaana 1:29; Abebbulaniya 9:26; 10:4,10-12; 1 Yokaana 3:5

-Okutusonyiwa ebibi: Abeefeso 1:7; Abakkolosaayi 1:14; 2:13-14; 1 Yokaana 1:9

-Okutuwa obulamu obutaggwaawo: Yokaana 3:14-16; 10:10, 27-29, ne 10:10, 27-29; 1 Yokaana 5:6-13

-Okukola Katonda by'ayagala: Abebbulaniya 10:7-14

-Okulokola aboonoonyi: Matayo 9:13; Lukka 19:10; 1 Timoseewo 1: 15

-Okutuukiriza amateeka: Matayo 5:17; Abaruumi 10:4

-Okununula abo abali wansi w'amateeka: Abaggalatiya 3:13-14, 24; 4:4-5; 1 Peetero 1:18-19

-Okulaga obutuukirivu bwa Katonda: Abaruumi 3:24-26; 2 Abakkolinso 5:21

Okwoleka okwagala kwa Katonda: Yokaana 3:16; Abaruumi 5:8; 1 Yokaana 3:16; 4:9-18

-Okuleeta abantu ababuze eri Katonda: Abebbulaniya 2:9-10; 1 Peetero 3:18

-Okusaanyaawo amaanyi ga sitaani: Abebbulaniya 2:14-15

-Okutuukiriza emirimu gya kabona omukulu omwesigwa: Abebbulaniya 2:17-18; 4:14-16

-Okuwaayo obulamu bwe ng'ekinunulo: Matayo 28:28; 1 Timoseewo 2:5-6

20. Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, ne Yokaana 20.

21. Okuyitira mu kuzuukira kwe okuva mu bafu, Yesu yafuna obuwanguzi ku kufa okw'omubiri.
Abafuuka ekitundu ky'Obwakabaka bwa Katonda bayinza okufa mu mubiri, naye bajja kufuna okuzuukira
okuva mu bafu nga bwe yakola. Olw'okuba Kabaka waffe wa lubeerera, naffe tuli kitundu
ky'Obwakabaka obutaggwaawo era abalina obulamu obutaggwaawo.

22. Geraageranya by'ozzeemu n'ebitundu ebiwandiikkidwa:

-Koseya 6:1-2.

-Zabuli16:10.

-Matayo 28, Makko 16, Lukka 24, Yokaana 20.

-Matayo 28:5-7; Makko 16:5-7; Lukka 24:4-7; Yokaana 20:12.

-1 Abakkolinso 15.

23. -Okulabika kwe okwasooka kwali eri Maliyamu Magudaleene, ku makya g'okuzuukira: Makko16:9;
Yokaana 20:10-18.

-Yalabikira abakazi nga bakomawo okuva mu ntaana: Matayo 28:9-10.

-Yalabikira abayigirizwa babiri mu kkubo erigenda e Emawo: Lukka 24:13-32; Makko 16:12-13.

-Yalabikira Peetero mu Yerusaalemi: Lukka 24:34; 1 Abakkolinso 15:5.

-Yalabikira abayigirizwa be (Tomasi nga taliiwo): Lukka 24:36-43; Yokaana 20:19-23.

-Yesu yaddamu okulabika eri abayigirizwa be nga Tomasi waali: Yokaana 20:24-29.

-Yalabikira abayigirizwa musanvu ku lubalama lw'enyanja y'e Ggaliraaya: Yokaana 21:1-24.

-Yesu yalabibwa abakkiriza 500 mu kiseera kimu: 1 Abakkolinso 15:5-7.

-Yalabikira Yakobo: 1 Abakkolinso 15:7.

-Yalabikira ku lusozi lw'emizeyituuni, n'oluvannyuma n'alinnya mu Ggulu: Matayo 28:18-20; Lukka
24:50-53.

-Yalabibwa Pawulo mu kkubo erigenda e Ddamasiko: Ebikolwa 9:3-6; 1 Abakkolinso 15:8.

-Yalabibwa ng'alinnya mu Ggulu: Ebikolwa 1:3-11.

24. Okulinnya kwa Yesu mu Ggulu kwawandiikibwa mu Matayo 28:16-20, Makko 16:19-20, Lukka 24:50-53, ne Ebikolwa 1:1-11.
25. Yesu yagulumizibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda (Zabuli 110:1; Ebikolwa 2:34-35) era mu kiseera kino afuga obutonde bwonna (Abaefeso 1:20-22a). Ye mutwe ku bintu byonna ebikwata ku Ekkanisa (Abaefeso 1:22-23; 1 Peetero 3:22) era yasindika Omwoyo Omutukuvu nga bwe yasuubiza (Ebikolwa 2:33). Agulumizibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda gy'asaba byonna eby'amazima abakkiriza (Abaebbulaniya 7:25).
26. Abo abeebaka ne Yesu bajja kujja naye.

-Mukama alikka okuva mu ggulu n'okuleekaana, n'eddoboozi lya malayika omukulu, era n'ekkondeere lya Katonda.

-Abafu mu Kristo be balisooka okuzuukira.

-Awo ffe abalamu era abasigaddewo tulikwatibwa wamu nabo mu bire, okusisinkana Mukama mu bbanga.

-Bwe tutyo bwe tunaabeera ne Mukama.

27. w'Ofiisi za Kristo essatu ze zino:

-Nabbi: Mu Ekyamateeka 18:18 Musa yalagula nti Katonda agenda kusindika nnabbi omulala nga ye eri abantu ba Isiraeri. Yokaana ne Peetero bombi bajulirwa nti Yesu ye nnabbi oyo (Yokaana 6:14; 7:40; Ebikolwa 3:22-24). Kristo yakola nga nnabbi okuyita mu kubikkulirwa okuva Katonda era yali, mu kifaananyi ky'omuntu, okubikkulirwa okuva eri Katonda (Yokaana 1:18).

-Kabona: Yesu Kristo naye yakolera mu ofiisi ya kabona. Nnabbi oyo yali wa Katonda omukiise eri abantu. Kabona ye yali omukiise w'amawanga mu maaso ga Katonda. Mu kifo ky'okuwaayo ssaddaaka z'Abaleevi olw'ekibi, Yesu yeewaayo nga ssaddaaka ey'enkomerero, omulundi gumu n'emirembe gyonna, olw'ebibi byonna eby'abantu. Nga kabona, ayingidde mu kifo ekitukuvu eky'ebitukuvu mu Ggulu era n'atuggulirawo ekkubo okutuuka mu maaso ga Katonda. Abarumi 8:34 ne Abebbulaniya 7:25 ziraga omulimu gwe ogw'obwakabona nga bw'atuwolerezza.

-Kabaka: Yesu Kristo yatuukiriza ofiisi ya Kabaka. Okwawukana ku bakabaka ba Isirayiri, Yesu afuga ensi yonna (Abaefeso 1:20-23). Bw'akomawo ku nsi Ye aija kutwala ekifo kye ekituufu nga "Kabaka wa Bakabaka" (Okubikkulirwa 19:16).

ESSUULA EY'OKUSATU: ENJIGIRIZA KU MWYO OMUTUKUVU

1. Ekigambo "Pneumatology" kiva mu bigambo pneuma (ekitegeeza empewo oba omwoyo) ne "ology" (okusoma ku). Mu by'eddiini, Pneumatology kwe kusoma ebyo Baibuli by'eyigiriza ku Mwyo Omukuvu.
2. Pneumatology mulimu okusomesa ku buntu bwa Omwoyo Omukuvu; okufuna Omukuvu Omwoyo; Okubatizibwa kw'Omwoyo Omukuvu; obuwereza bw'Omwoyo Omukuvu; n'ebirabo n'ebibala wa Mwyo Mutukuvu.
3. Okusoma Pneumatology kwa mugaso nnyo eri Abakristaayo kubanga Omwoyo Omukuvu akola kinene nnyo mu bulamu bwa buli mukkiriza. Okusoma omulimu n'emirimu gy'Omwoyo Omukuvu era akuma abakkiriza okuva ku njigiriza ezitali ntuufu.
4. Laba okukubaganya ebirowoozo wansi wa "Obwakatonda Bw'Omwoyo Omukuvu" mu ssuula eno
5. Omwoyo Omukuvu ye:

Ali buli wamu.

Amanyi ebantu byonna.

Omuyinza wa byonna.

Wa lubeerera: Talina ntandikwa wadde enkomerero

Mutukuvu: Mutuukirivu.

Wamazima: Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo bona bawa obujulizi ku mazima.

6. Omwoyo Omukuvu:

-Alina endowooza

-Anoonya ebirowoozo by'omuntu.

-Alina byayagala.

-Ayogera.

-Ayagala.

-Yeegayirira

-Alina enneewulira.

7. Ebitiibwa ebiraga ekifo n'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu mulimu:

-Omwoyo Wa Katonda.

-Omwoyo Wa Kristo.

-Omwoyo ataggwaawo.

-Omwoyo wa Mazima.

-Omwoyo w'ekisa.

-Omwoyo w'Obulamu.

-Omwoyo w'eKitiibwa.

-Omwoyo w'amagezi N'okubikkulirwa.

-Abudaabuda.

-Omwoyo eyasuubizibwa.

-Omwoyo w'obutukuvu.

-Omwoyo w'okukkiriza.

-Omwoyo atufuula abaana.

8. Obubonero obukiikirira Omwoyo Omutukuvu mulimu:

-Ejjiba: Kikiikirira okusiimibwa, emirembe, n'obulongoofu.

-Amafuta: Amafuta galaga ekitangaala, okuwona, n'okufukibwako amafuta olw'obuweereza. Bino byonna biweereddwaa eri omukkiriza okuyita mu Mwoyo Omutukuvu.

-Amazzi: Amazzi gategeeza obulamu obuggyaa n'okutukuzibwa okuva mu kibi nti Omwoyo Omutukuvu byaleeta eri omukkiriza.

-Envumbo: Envumbo kabonero ak'enjawulo akalaga obwannannyini. Omwoyo Omutukuvu assa akabonero ku bakkiriza nga ba Katonda. Kiraga nti obulokozi mulimu ogwaggwa.

Empewo: Empewo ekiikirira amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu. Kivaamu obulamu, eyawula enjaano ku bisusunku

-Omuliro: Omuliro gulaga okubeerawo n'okusiimibwa kwa Mukama. Guwa obukuumi n'obulagirizi, gutukuza, era bukiikirira okusalawo.

-Obweyamo: Omwoyo Omutukuvu ye "ekitundu ekisooka"--nga okusasula kw'omu maaso--eky'
ekitiibwa eky'omu maaso.

9. Obuwereza bw'Omwoyo Omutukuvu mulimu:

-Obutonde: Omwoyo yaliwo era nga akola mu kiseera ky'okutondebwa.

-Ebyawandiikiba: Omwoyo Omutukuvu aweereza ku bikwata ku Kigambo okuyita mu kubikkulirwa, okulungamizibwa, n'okumulisisibwa.

-Isiraeri: Omwoyo yajja ku bakulembeze ba Isirayiri; yajja ku bifo byabwe eby'okusinza; yabalung'amyia okutuuka mu nsi ensuubize; era aija kubatuukako mu kiseera ky'Ebibonyoobonyo n'Emyaka Olukumi.

-Sitaani: Omwoyo Omutukuvu ge maanyi ag'omwoyo agaziyiza oba agakoma ku maanyi ga Sitaani.

-Yesu: Yesu yafunibwa, yafukibwako amafuta, yassibwako akabonero, yakulemberwa, yaweebwa amaanyi, era n'ajjuzibwa Omwooyo. Yesu naye yakwatibwa ensonyi mu Mwoyo, n'asanyuka mu Mwoyo, n'aweebwayo olw'Omwoyo n'azuukizibwa mu maanyi g'okuzuukira olw'Omwoyo. Era yalagira abayigirizwa be okuyitira mu Mwoyo.

-Aboonoonyi: Omwoyo ananya ensi ku kibi, obutuukirivu, n'omusango, era asikiriza abantu okutuuka mu bulokozi.

-Ekkanisa: Omwoyo Omutukuvu ye yatonda Ekkanisa; akubiriza okusinza kwayo; alungamya emirimugayo egypt'obuminsani; alonda abaweereza baayo; afuka amafuta ku babuulizi baayo; alungamya okusalawo kwayo; era agibatiza n'amaanyi.

-Abakkiriza: Omwoyo Omutukuvu asingisa omusango, azza obuggyaa, atukuza, abatiza, abeera munda, anyweza, agatta, era asaba, alungamya, alaga okwagala kwe okuyita mu mukkiriza. Akwataganya abakkiriza ekifaananyi kya Kristo, abikkula amazima, ayigiriza, akakasa obulokozi n'eddeme;

abudaabuda, ayanguyiza, ayogera eri n'okuyita mu mukkiriza. Era ayoleka amaanyi ga Katonda ng'ayita mu bo. Abakubiriza okusinza kwayo, abawa amaanyi olw'okujulira. era n'abawa ebirabo by'omwoyo n'ebibala

10. Matayo 3:11; Makko 1:8; Lukka 3:16; Yokaana 1:33; Ebikolwa 1:5; 11:16; 1 Abakkolinso 12:13.

11. Omusaja n'omukazi, abato n'abakulu baali ba kuyingizibwa mu kuyiwa kuno okw'Omwoyo Omutukuvu. Baali balina okulagula, okuloota ebirooto, n'okulaba okwolesebwa. Omwoyo wa Katonda yali wa kuwa maanyi abaweereza (abasajja) n'abazaana (abakazi).

12. Ekitundu kino kiraga nti ekisuubizo ky'Omwoyo Omutukuvu kyali:

-Ekisuubizo ky'eggwanga: "Eri mmwe" (abantu b'Abayudaaya).

-Ekisuubizo ky'emirembe n'emirembe: "Abaana bammwe."

-Ekisuubizo eky'ensi yonna: "Eri bona abali ewala."

13. Okwolesebwa okwa bulijo mu byonna ebisatu kwe kuba nti abo abaafuna okubatizibwa kw'Omwoyo baayogera n'ennimi endala.

-Olunaku Iwa Pentekooti: Ebikolwa 2:2-4.

-Mu nnyumba ya Koluneeriy: Ebikolwa 10:44-46.

-Abakyufu e Efeso: Ebikolwa 19:6.

14. Akabonero ka "ennimi" kayinza okuba ennimi ezimanyiddwa omuntu (Ebikolwa 2:7-8) n'ezitamanyiddwa (1 Abakkolinso 14:2).

15. Ekirabo eky'omwoyo bwe busobozi obusukkulume ku butonde obuweebwa Omwoyo Omutukuvu eri omukkiriza okusobozesa okuweereza ng'ekitundu ky'Omubiri gwa Kristo.

16. Ebirabo by'obukulembeze eby'Omwoyo Omutukuvu mulimu abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, abasumba, n'abasomesa. Ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu eby'okwogera mulimu obunnabbi, okuyigiriza, okubuulirira, ekigambo eky'amagezi, n'ekigambo eky'okumanya. Okuweereza ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu mulimu okuweereza, okuyamba, obukulembeze, okuddukanya, okugaba, okulaga ekisa, emyoyo egry'okutegeera, kukkiriza, n'okusembeza abagenyi. Ebirabo by'obubonero eby'Omwoyo Omutukuvu mulimu ennimi, okuvvuunula, ebyamagero, n'okuwonya.

17. Okusinziira ku Abeefeso 4:12-15, ebigendererwa by'ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu bye bino:

-Okutuukiriza abatukuvu.

-Okutumbula emirimu gy'obuweereza.

-Kuzimba Kristo n'Ekkanisa.

18. Ebigendererwa oba ebiruubirirwa by'ebirabo eby'omwoyo bye bino:

-Tufuuke obumu mu kukkiriza.

-Tukulakulanya okumanya kwaffe ku Kristo.

-Kkulakulana mu butuukirivu, nga Kristo ye kyakulabirako kyaffe.

-Tufuuke banywevu, obutalimbibwalimbibwa na njigiriza za bulimba.

-Okukula mu mwoyo mu Kristo.

19. 1 Peetero 4:10 ne 1 Abakkolinso 12:7,11
20. Ebitundu ebikulu ebiraga ebirabo eby'omwoyo bye bino Abaruumi 12:1-8; 1 Abakkolinso 12:1-31; Abeefeso 4:1-16; ne 1 Peetero 4:7-11.
21. Ebigendererwa n'ebiruubirirwa by'Omwovo Omutukuvu mu Abeefeso 4:12-15 kutuukirizibwa. Abatukuvu bakyetaaga okutuukirizibwa, Enjiri ekyalina okugaziyizibwa enkomerero z'ensi, ne Kristo n'Ekkanaisa byetaaga okuzimbibwa. Katonda teyandiwaddeyo birabo eby'omwoyo olw'ebigendererwa bino n'oluvannyuma n'abiggyawo nga tebinatuukirizibwa.
22. Ekibala ky'Omwovo Omutukuvu kitegeeza embala y'Omwovo ezeyolekera mu bulamu bw'omukkiriza, engeri ez'omwoyo ezirina okweyleka mu bulamu bw'Abakristaayo bonna. Ebirabo by'Omwovo Omutukuvu bya maanyi. Ebibala by'Omwovo Omutukuvu bya mpisa mu bulamu bw'omukkiriza.
23. Naye ekibala by'Omwovo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza, obukkakkamu, obulungi, okukkiriza, obuwombeefu, okwefuga: eri abo tewali mateeka (Abaggalatiya 5:22-23).
- ESSUULA EY'OKUNA: ENJIGIRIZA KU BAMALAYIKA**
1. Ekigambo Angelology kiva mu bigambo bibiri eby'Oluyonaani--aggelos, ekitegeeza "omubaka" oba "malayika" ne logos ebitegeeza "ekigambo," "ekintu." Mu njigiriza y'eba Baibuli ekigambo kitegeeza okusoma enjigiriza ya Baibuli eya bamalayika.
 2. Kuzingiramu ensibuko yaabwe, ensengeka, engeri zaabwe n'obuweereza.
 3. Ekigambo "malayika" kitegeeza omubaka.
 4. Bamalayika Katonda ye yabatonda (Zabuli 148:2, 5; Abakkolosaayi 1:16).
 5. Abakkiriza (Abaebbulaniya 1:14).
 6. Bamalayika abalungi--bamalayika ba Katonda. Bamalayika ababi--bamalayika ba Sitaani era abamanyiddwa nga badayimooni.
 7. EnSegeka y'ensi etalabika eyogerwako mu ngeri y'entebe, obufuzi, n'obuyinza (Abakkolosaayi 1:16 n'Abeefeso 3:10). Tetuweebwa ebikwata ku nsengeka eno. Tukimanyi nti oluusi zikola mu bibinja ebinene (Zabuli 68:17; Matayo 26:53) era nti tezibalika (Abaebbulaniya 12:22).
 8. Ababaka: Ekibinja kya bamalayika kino kisinga kusinga kuba kinene mu muwendo. Bano b'e bamalayika abanji abayolesebwa Danyeri (Danyeri 7:10), abakola okwagala kwa Katonda mu Ggulu ne mu nsi. Bavvuunula Katonda by'ayagala, bakooma, bagaba okulungamya, okuleeta eby'okuddamu mu kusaba, okulangirira, okulabula, okulagirira, okuleeta omusango, okuzzaamu amaanyi, .okuyimirizaawo, okununula, n'okwegayirira ku lw'abakkiriza

Bamalayika Abalonde: Boogerwako omulundi gumu gwokka mu 1 Timoseewo 5:21. Tewali ebisingawo biweereddwa ku kibiina kino.

Bakerubi: Bamalayika kusooka kwogerwako mu Olubereberye 3:24 ku bikwatagana n'okugobwa kwa Adamu ne Kaawa mu Adeni. Era boogerwako ng'ekitundu ky'essanduuko ya endagaano (Okuva 25:18-22). Ezeekyeri ayogera ku bitonde bino era n'abinnyonnyola nga nga balina endabika nnya: Obwenyi bw'empologoma, obwenyi bw'ente, obwenyi bw'omuntu, n'obwe empungu (Ezeekyeri 1:3-28; 10:22). Akabonero kano aka bakerubi kalaga nti bye bitonde ebiramu ebyetoolodde entebe ya Katonda mu Okubikkulirwa 4:6. Balabika nga mutendera gwa bamalayika ogw'oku ntikko, abakuumi ba Katonda. Bakerubi ababiri abaateekebwa ku entebe y'okusaasira ey'essanduuko bayitibwa "kerubi ow'ekitiibwa" (Abaebbulaniya 9:5). Baateekebwa ku emu ku buli nkomerero y'entebe y'okusaasira, ng'ebiwaawaatiro bigoloddwa waggulu, n'amaaso gaabwe nga gatunuuliganye Baafukibwako amafuta amatukuvu, ng'essanduuko yennyini n'ebintu ebirala ebitukuvu. Wano Katonda we yeeyoleka ku ensi mu biseera by'Endagaano Enkadde (1 Samwiri 4:4; Zabbuli 80:1; Ezeekyeri 1:26, 28).

Serafimu: Ekinja kino kyogerwako mu Isaaya 6:2,6. Ekifo kyabwe kiri waggulu w'entebe ya Katonda okwawukana ku kifo kya bakerubi abeetoolodde entebe ye ey'obwakabaka. Omulimu gwa bamalayika bano balabika be bakulembera Eggulu mu kusinza Katonda. Zikiikirira nga ng'azimiridde waggulu wa Kabaka ng'atudde ku ntebe ye, nga neetegefu okumuweereza. Zifaananira ddala nga kwogasse n'ebiwaawaatiro.

Ebitonde Ebiramu: Ekinja kino ekya bamalayika kyogerwako mu Ezeekyeri 1-10 ne Yokaana mu Okubikkulirwa 4:6,8; 5:6. Omutwe guno gulaga bamalayika bano nga abooleka obujjuvu bwa obulamu obw'obwakatonda n'obuweereza bwabwe obukulu birabika nga kwe kusinza Katonda. Baawuddwamu okuva ku bamalayika abalala (Okubikkulirwa 15:7); beegatta ku bakadde mu "luyimba olupya" (Okubikkulirwa 5:8, 9); balabula ku bwenkanya obw'obwakatonda (Isaaya 6:3-5); era n'okutuusa ekiragiro eri abo abakituukiriza (Ezeekyeri 10:2, 7). Era bali n'abakadde emitwalo kikumi mu ana mu ena abayimba oluyimba olupya (Okubikkulirwa 14:3), era n'Ekkanisa mu kusuula abalabe be (Okubikkulirwa 19:4).

9. Mikayiri: Mikayiri malayika omukulu ayogerwako mu Danyeri 10:13,21; 12:1; Yuda 9; ne Okubikkulirwa 12:7. Ye malayika yekka ayitibwa malayika omukulu. Akiikiriddwa nga alina obuvunaanyizibwa ku ggye lya bamalayika mu Okubikkulirwa 12:7 era kigambibwa nti ye mulangira wa abantu ba Isiraeri mu Danyeri 10:13,21; 12:1.

-Gabriel: Amakulu g'erinnya lye "ow'amaanyi." Ayogerwako mu Danyeri 8:16; 9:21; ne mu Lukka 1:19,26. Bulijjo akozesebwu okutuusa obubaka obukulu obuva eri Katonda.

Gabulyeri ye yavvuunula okwolesebwu ku lwa Danyeri mu 8:16; 9:21 yalangirira okuzaalibwa kwa Yokaana ne Yesu Lukka 1:19,26.

10. Bamalayika b'amakanisa omusanvu:

Okubikkulirwa 1:20

- Bamalayika abana abafuga empewo: Okubikkulirwa 1:7
- Bamalayika musanvu abayimiridde mu maaso ga Katonda Okubikkulirwa 8:2
- Bamalayika musanvu abagaba ebibonyoobonyo omusanvu ebisembayo: Okubikkulirwa 15:1,7
- Abakadde 24 (bano bayinza okuba nga bamalayika): Okubikkulirwa 4 ne 5
- 11.Myoyo: Abebbulaniya 1:14
- Tezirina butonde bwa basajja oba obakazo: Lukka 20:34-36
- Tezizaala: Makko 12:25
- Tezifa: Matayo 22:28-30
- Babeere n'engeri ezirabika n'ezitalabika: Okubala 22:22-35
- Zirabikira mu kifaananyi ky'omuntu bwe kiba kyetaagisa: Olubereberye 19:1-22; 18:2,4,8
- Zirina enneewulira: Lukka 15:1-10
- Bitonde ebigulumizibwa: Lukka 9:26
- Zirina amagezi: 2 Samwiri 14:20
- Bawombeefu: Yuda 9
- Bya maanyi: Zabbuli 103:20; 2 Peetero 2:11
- Tezetaaga kuwummula: Okubikkulirwa 4:8
- Zitambulira ku pipiidi etapimibwa: Okubikkulirwa 8:13; 9:1
- Zogera ennimi ez'enjawulo: 1 Abakkolinso 13:1
- Tezibalika: Lukka 2:13; Abebbulaniya 12:22; Zabbuli 68:17; Makko 1:13; Okubikkulirwa 5:19
- Tezifa: Lukka 20:34-36
- Teziwass wadde okuzaala: Lukka 20:34-36
- Bawulize: Zabbuli 103:20
- Bitukuvu: Okubikkulirwa 14:10; Makko 8:38
- Bassa ekitiibwa: Omulimu gwabwe ogw'oku ntikko kwe kusinza Katonda. Nekkemiya 9:6; Abafiripi 2:9-11; Abebbulaniya 1:6
- Basinga omuntu amaanyi, b'amaanyi naye nga tebalina maanyi gonna: Zabbuli 103:20; 2 Peetero 2:11

-Asobola okulabika oba obutalabika: Okubala 22:22; Abebbulaniya 13:2

-Basobola okulinnya n'okukka okugenda n'okudda mu Ggulu: Olubereberye 28:12; Yokaana 1:51

12. Obuweereza bwa bamalayika mu Ggulu mulimu:

-Okusinza: Okubikkulirwa 4:8; 5:11-12; Isaaya 6:3; Zabbuli 103:20; 148:1-2

-Okubeera bulindaala okukola Katonda by'ayagala: Zabbuli 103:20-21

-Okuweereza abatya Katonda abaafiiridde mu Kristo Yesu: Yuda 9; Lukka 16:22

-Okukiikirira abaana mu ngeri ey'enjawulo: Matayo 18:10

